
LUGANDA VERSION • 1921

THE HISTORY OF BUSOGA

By Y.K. Lubogo



THE HISTORY OF BUSOGA

By Y.K. Lubogo

COPYRIGHT

© 2026 Isaac Christopher Lubogo, Israel Y.K. Lubogo and Jireh Isaac Lubogo.
All rights reserved.
No part of this publication may be reproduced or transmitted
in any form or by any means without prior written permission.

SUIGENERIS PUBLISHERS

Preservation and publication edition

ABSTRACT

History of Busoga: Luganda Version, 1921, by Owekitibwa Omulangila Y.K. Lubogo, is an exceptional indigenous record of the origins, development, institutions, peoples, traditions and political history of Busoga. Written in Luganda in 1921, the manuscript represents an important early effort by a Musoga intellectual, royal prince, political leader and public servant to commit the historical memory of his people to writing at a critical period in the formation of modern Uganda. The work is therefore significant not only for the historical information it preserves, but also as an early example of African authorship and indigenous historical documentation in the colonial period.

The use of Luganda in recording the history of Busoga requires particular historical understanding. Luganda was not, and is not, the principal indigenous language of Busoga. The author's choice of Luganda must instead be understood within the linguistic and political circumstances of the early twentieth century. During this period, Buganda exercised considerable political, administrative and cultural influence within the emerging Uganda Protectorate, while Luganda had become an important medium of wider communication, particularly in administration, education, religious work and written African communication. English, although increasingly important under British colonial rule, remained a relatively restricted written and administrative language in the early decades of the twentieth century. For an African intellectual seeking to record an extensive historical account for circulation beyond exclusively oral settings, Luganda consequently provided a practical and established written medium. The fact that a Musoga from the Bulamogi royal tradition chose Luganda to preserve the history of Busoga is therefore itself an important historical fact and should not be interpreted as evidence that Luganda was the indigenous language of Busoga.

The manuscript encompasses the historical traditions of Busoga from its origins and early development through the formation and histories of its constituent chiefdoms and royal institutions, the genealogies and succession of rulers, systems of authority and governance, customary institutions, land and territorial organisation, social relations, culture, religion, economic life and political development. It preserves historical knowledge that had traditionally been transmitted through oral memory and through custodians of family, clan, royal and political traditions, while recording the transformations that accompanied the establishment and consolidation of British colonial administration. It consequently provides an important primary source for studying not only the history of Busoga but also the transition from predominantly oral historical transmission to written indigenous historiography.

The author, Owekitibwa Omulangila Y.K. Lubogo, occupied an extraordinary position within the history he documented. He was an original prince of the Bulamogi royal family, served as Chief of Bulamogi and Zibondo of Bulamogi, and was Treasurer of the Busoga Lukiko. He also served as a Court Translator, placing him at a significant intersection between indigenous royal and customary institutions and the colonial administrative system. His position within the Bulamogi royal house, together with his experience in public administration and the institutions of the Busoga Lukiko, gave him an unusually intimate vantage point from which to record the political traditions, genealogies, institutions and social organisation of Busoga.

Y.K. Lubogo's historical significance extended beyond his traditional and administrative offices. He was a pioneering African intellectual, political organiser, traveller and entrepreneur. Among the distinctions and achievements associated with his remarkable life, he was decorated as a Commander of the Order of the British Empire (CBE); was the first Musoga to visit Europe and several European countries; was the first person to own a petrol station in Uganda; pioneered the establishment of a

political pressure group in Busoga and more broadly Uganda; and became the first African Black Mayor in East Africa. His career thus brought together indigenous royal authority, customary leadership, colonial public service, political organisation, international experience, enterprise and intellectual production in a manner exceptional for an African of his generation.

This provenance is particularly significant because the present edition is concerned with the original Luganda text, rather than merely with its subsequent English translation. The Luganda manuscript constitutes the primary linguistic form in which Y.K. Lubogo originally recorded his historical knowledge. Its preservation allows contemporary readers and scholars to engage directly with the language, terminology, names, genealogical traditions, concepts and historical categories employed by the author. The English edition serves the important purpose of extending accessibility, but it does not displace the independent historical and linguistic value of the original Luganda manuscript.

The work should consequently be understood as both a history of Busoga and an artefact of Busoga's own historical consciousness. It records the past while simultaneously revealing the perspective, intellectual agency and political circumstances of the person who undertook to preserve that past. Its royal genealogies, traditions, accounts of political authority and descriptions of social and cultural institutions provide valuable material for the study of Busoga, Bulamogi and the wider history of Uganda and East Africa. Its survival in the original Luganda is particularly important because translation, however faithful, cannot completely reproduce the linguistic, conceptual and cultural dimensions of the source in which the history was first recorded.

More than a century after its composition, *History of Busoga: Luganda Version, 1921* stands as an important document of Busoga, Uganda and African intellectual heritage. It is simultaneously a history of a people, a record of indigenous political and cultural memory, an example of early African written historiography, a document of the colonial-era transformation of Busoga, and a testament to the extraordinary life and intellectual legacy of Owekitibwa Omulangila Y.K. Lubogo. Its preservation safeguards not merely information about the past, but an indigenous attempt to remember, interpret and transmit that past to future generations.

Keywords: *Y.K. Lubogo; History of Busoga; Luganda Version; 1921; Busoga; Basoga; Bulamogi; Zibondo; Busoga Lukiko; David William Cohen; indigenous historiography; African historiography; royal history; oral tradition; colonial Uganda; customary institutions; African intellectual history; cultural heritage; Luganda; historical preservation.*

PROVENANCE AND PRESERVATION NOTE

An important dimension of the manuscript's provenance is its connection with the American anthropologist and historian Professor David William Cohen, renowned for his pioneering research into the pre-colonial history, historical traditions and social organisation of Busoga. Professor Cohen's fieldwork included direct engagement with historical actors and custodians of Busoga's past, including personal interviews with Y.K. Lubogo conducted during Lubogo's own lifetime. This connection gives the manuscript an especially important place within the wider documentary and scholarly history of Busoga: the author of the original historical account was himself subsequently encountered and interviewed by one of the major scholars whose work helped bring the historical traditions of Busoga to wider international academic attention.

The preservation of the manuscript also constitutes an important intergenerational act of historical stewardship. The manuscript was scanned and made available through Professor Cohen's preservation of, and scholarly engagement with, Busoga's historical materials, and was subsequently entrusted to the Lubogo family: first to Richard Yekonia Kaira, son of Y.K. Lubogo and a scholar in his own right, and thereafter to Isaac Christopher Lubogo, grandson of Y.K. Lubogo, lawyer, legal researcher and Doctor of Laws Fellow. Its preservation and present publication therefore connect three generations: the original author and royal historian, his son who continued the family's intellectual custodianship, and his grandson who is undertaking the contemporary preservation, scholarly presentation and wider dissemination of the work.

This chain of custody — from author, to interviewing scholar, to son, to grandson — gives the 1921 Luganda original an unusually well-documented archival provenance, distinguishing this edition as a manuscript whose transmission history is nearly as well attested as its content.

EDITORIAL / PRESERVATION NOTE

This edition presents the original Luganda manuscript in a cleaner publication format.

The manuscript text has not been silently rewritten or replaced with uncertain OCR.

The original pages are preserved as the textual source, while cropping, contrast and decorative framing have been refined for readability and archival dignity.

OKWANJULA EBIRI MUKITABO.

Ebyafayo eby'a Busoga ebyaliwo okuva kasokede Busoga eberawo, tebyawandikibwanga newankubade nga bikakasibwa nti byamazima, byaliwo emyaka nkumu naukumu egyakaitawo. Kyoka byali bimanyidwa bulungi buli muntu yena Omusoga, okutusa Abazungu bwebaja munsi yafe nga Bwana Speke eyasoka okuvumbula ensibuko ya Kiira yatuka e Jinja mumwaka 1862. Oluvanyuma enyanja eyo lyeryali ekubo okutuletera Abazungu, ebyeda nebigenda nga byerabirwa.

Ebigambo ebyeda byaja nga biita mumirembe,nebiingira mumulembe, bwebityo obutakoma nebibera kulujegere olutakutuka bulijo,byamanyibwa olwokunyumya okwabuli lunaku okwabasaja nabakyala abakulu, nga banyumya nabana babwe mumaka gabwe buli kisera. Era nokwogera okwaberangawo mukisera ekyokunywa,okukola emirimu,mubinyumu mumizanyo, muntabalo,mumpaka ezabuli ngeri ezabangawo,mukutekawo abasika, mukusinza ba Katonda oba Emizimu, mumpaka ezalabikanga olwokukayanira ebyalo,mumpaka ezalingawo obanga bagaba ebintu ebyomuntu afu'de era nebyobufumbo, nebigambo ebirala.

Tewali kigambo ekyamalibwa oba empaka ezasalibwanga awatali kusoka kunyonyola gana ebyeda enyo, nensonga ezisanyisa kikolebwe, oba obutakolebwa.Kale, nga abantu abakulu bamaze okunyonyolagana ebyeda awo ekyetagibwa nekiryoka nekikolebwa,mukisera ekyebigambo nga ebyo bwebiri nga byogerwa,abana babwe 'bo babanga bali mu School yabwe nga baigirizibwa ebyo ebiba byogerwa abakulu.Era kubanga ebyo ebyeda byayogerwanga emirundi mingi nyo,kyababeranga abo abainza okubiiga.Era nabakulu boka naboka okwejukanya, oyo abade yerabide yainzanga okuiga nate.Era kubanga tebyayogerwanga muntu omu yeka,naye era mukisera ekyokubyogereramu bwekyatukanga abantu ababuli ngeri nga bainza okwogera,ate olusi omulala akirizibwa bona byaba ayogera, ate olusi omulala awakanyizibwa,era mune naja namunyonyola okutusa bona bwebakiriza nti kyamazima gundi kyagamba.

Olwekyo kyetuva tukiriza nti ebyafayo ebyaita mungeri eyo byebategeezanga,awo kunjogera eyo kwetusinzira buli muwandisi nawandika Ebyafayo kukigambo kyona kyaba awandikako.

(a)

Mu Busoga mulimu ebika engeri 2 :-
Ebika ebisoka byebika ebiri mukibina ekyebika ebifu'zi,ebika ebyo ebifu'zi byafuna eda enyo ebitundu byabyo,nga okugabana okwebitundu okwe'da bwekwali nga Abasoga kyebaje baingire munsi eno eya Busoga.

Bwekityo ebika ebyo byefunira ebitundu byensi nebifuka,byekyetwala ekwefuganga byoka nga Obwakabaka,newankubade nga mubika ebyo mwalimu ebika ebimu ebyafuna obutundu bwensi obutono enyo obwandibade nga Square Miles 10-20 naye era bwakumanga obwakabaka bwabwo okubera obwolubeera. Era nga omufu'zi wekitundu ekyo abera nolulyo,era mululyo olwo mwemuva abafuga ekitundu ekyo,era abana bomu'fuzi oyo nga baitibwa Balangira oba Bambeja, nga abera nebyona ebyobufu'zi nga abalala abafu'zi(oba Bakabaka) bwebabirina, olwekyo kyetuva tugamba nti abafu'zi abo bafananange nga Bakabaka dala dala,nga bwekiri mubigambo ebiri mukitabo kino ebyabuli kitundu,kija kutulaga nga empisa nenfuga nensalo nga bwebiri ebyabuli kitundu ku Bakabaka abo.

Ate waliwo ebika ebyekibina ekyokubiri,ebyo byebika ebitalina kitundu kyebifuga, nga ebitundu ebifugibwa ebika ebisoka.Naye era mubika ebye ebyomukibina ekyokubiri byafunanga ebitundu byabyo okuva eri ekibina ekyebika ekisoka,nebitundu ebyo byafuka ebyabwe nga bwekinalabika mubyobutaka,mubika bino mwemwavanga Abakungu, abakyala,aba'du, abazira era nabantu abakozi bemirimu egya Bakabaka babwe. Naye abana babwe tebaitibwanga Balangira oba Bambeja,wabula nga baitibwa Bakopi.

Egwanga lya Busoga	Esula 1.
Amasaza agali gefuga goka era Abazungu gebasanga nga gefuga goka	Esula 2
Ebya Wakoli	Esula 3.
Ebya Muzaya oba Ngobi Mau	" 4.
" Unyi oba Nkono.	" 5.
" Zibondo	" 6.
Ebye Kigulu	" 7.
" Bugabula	" 8.
Ebda ya Tabingwa	" 9.
Ebye Bugweri	" 10.
" Busambira	" 11.
Embera ya Kisiki okuva e'da	" 12.
Lukalango	" 13.
Abaisekoba Mpindi	" 14.
Enda ya Wakaima owe Mpindi	" 15.
Ekika kye Njaza nga bwekyaja mu Busoga	" 16.
Ngundirire owe Njaza	" 17.
Enda ya Kibwika " "	" 18.
Enda ya Muluwe, omwana wa Kifunvu, Kibubuli, omwana wa Kintuka, omwana wa Kintu owe Njaza	Esula 19.
Enda ya Igombe, omwana wa Kibubuli, omwana wa Kitaka, omwana wa Kintu, e Igombe Butambala	Esula 20.
Enda ya Namabale, omwana wa Kibubuli, omwana wa Kitaka omwana wa Kintu owe Njaza	Esula 21.
Kayongo owe Njaza	" 22.
Enda ya Musagala owe Njaza	" 23.
" " Waguma " "	" 24.
" " Kaima " "	" 25.
Lubale Wairaka " "	" 26.
Kaluba " "	" 27.
Mubiko " Mpologoma	" 28.
Katambula " "	" 29.
Nalwebe " 'Ngo	" 30.
Mbaji " Igongolo	" 31.
Luba owe Nyonyi Enyange	" 32.

Bauba owo Lugave	Esula	33.
Kabalya Kaigwa owe Ngabi	"	34.
Kiki " "	"	35.
Lubandi " "	"	36.
Mulemu owo Lugave	"	37.
Kyemayema owo Lugave	"	38.
Kambato owe Jobyo.	"	39.
Mului owe Nkerewe	"	40.
Kyema abedira Wakaima	"	41.
Musubo owe Nyonyi Kasense oba Namusubo	"	42.
Ikoba owe Mpindi	"	43.
Mukama ne Kintu	"	44.
Okuzala omwana Mukama	"	45.
Abana ba Mukama mu Busoga	"	46.
Busoga obutaba na Kabaka	"	47.
Gavumenti eyeda mu Busoga	"	48.
Okuwawaba era ne Nsala ye Misango	"	49.
Okukuma Abafu'zi	"	50.
Olulimi olwe'da mu Busoga.	"	51.
Emere mu Busoga	"	52.
Okufuna Mtaka nokulitulako	"	53.
Enzimba ya Mayumba	"	54.
Empisa ey'okufumbiriganwa mu Busoga.	"	55.
Edini ya Basoga eye'da	"	56.
Obugaga bwa Basoga obwe'da	"	57.
Obusubuzi mu Busoga	"	58.
Amakubo mu- Nsi	"	59.
Ama'gye g'Abami	"	60.
Emirimu gy'Abasaja	"	61.
Ebyambalo	"	62.
Ebyokunywa	"	63.
Ebyokutulako ebye'da	"	64.
Ebikozesebwa mumaka ebibumbe	"	65.
Amaterekero	"	66.
Enaku enkulu mu Maka	"	67.
Emizimu oba Emisambwa	"	68.

Ensula 1

EBYAMU BY'AMUNDA

Busoga Gwanga lyoka okuva e'da lyonn.ere lyalina emmale amanyibwa

Empisa ez'okuzika mu Busoga Esula 69.
Okuzala abana ababiri abaitibwa Abalongo. " 70.
Ebinyumu oba Amazina ebya Basoga " 71.
Emizanyo gya Basoga " 72.
Ebika ebiri mu Busoga. " 73.

Amasaza 5 age Kimuria Samia gasaliibwa ku Busoga negaweebwa District ye Bukema ewatali mmanga mumyaka 1918. Gegano :- Ezeza lya Ubala, Igaga, neiya Ngang'o. Era Amazaza amalala agatwaliibwanga Owasaza Ye'mili age Bunyuli agu nago gatwaliibwa negaweebwayo mu District ye Bukema.

Era ebintandu bya Bukama, Busoga, Kaliisa, Bugonyo nebirala, ebyo byamaliibwa ku Busoga nebitwaliibwa mu District ye Lugwere nga mumyaka 1896-1900.Ebyo byafugibwanga Owasaza Zibondo, nga gemutwalogo.

Kakaro Busoga emmale nayo yona amaliibwa nemi'ga emmoso, era n'enyanja ebigyetolnda buli lui , nga oleka omuganya ogulu e Bukoli emmale ye Bulugu1.

Obuntu bw Busoga bali mukika kya Obantu ebaja eda mu Uganda, nga bbera mu Abagandanda nga myaka 600 egyakaitawo kasokede bajaja bo Busoga.baja emmi mano nokwefunira emmi ebbera obeteka bwabwe.

Busoga Olulimi bogera olulimi lwabantu olwogerwa Busoga, Buganda, Bugwere,Bukedi,Bugisu, n'Ennsi y'Ankole, Lwanda,Toro, era no Banyoro. Emmi ezo nnna nziri mukika kya Bantu, naye nga olulimi lwitibwa Lusoga olufunami nga Oluganda,naye mmaku nimo olulimi olugenda leeyongerwa mutanlu wano. Era mmirimu gya Kikko,mukuligirisa, ne mukyedimi Oluganda lwe lwasoseebwa.Olusoga lusinga okukozesebwa emmbe.Bakazi era bakemo abato babasinga okulikoneza ewyo.

Ebyamagya lyona orya Busoga terafugibwanga mmatu owi ali nga Bakoka era terafugibwanga kiso kiwe, wabula lyafugibwanga mukimuli ebyalinga Obwakabaka bwoka obwanala.Naye lyafugibwanga mukimuli-ollo oba emda: nga abamu bonda ezo emfu'zi balyoga ghitumbo lyabo mongeri ezimpisa ezigalaga, olulyo oba endaga yamunikirwagana nga bamli zi amaliato kino kubali lulyo.

Omutoma Obutu'zi bwa Baganda bwabinga'ta ayemu kmai yera ekitumu omufu'zi owo President 1919.

Esulo 1 3

EGWANGA LYA BUSOGA.

Busoga Gwanga lyoka okuva e'da lyona,era lyalina ensalo ezamanyibwa okuva e'da.Naye ensalo ezo British Government bweyamala okuingira mu Busoga negenda nga ekendeza ensi ya Busoga nga esalako ebitundu byayo nebiza ku District endala ezomu Uganda.

Busoga okusalibwako ebitundu byayo tewali musango gwona, newankubade Government okutesa n'Abasoga, wabula Abasoga balabiranga awo nga balagirwa Gvt,nti ebitundu Gundi bikyusibwa okuva ku Busoga okuda mu District ye Gindi, nga ebizinga munyanja Victoria,ekitundu ekisinga obunene ekyali ekya Busoga kyatwalibwa nekiwebwa mu Bwakabaka bwe Buganda mumyaka 1900-1906.

Amasaza 5 age Samia gasalibwa ku Busoga negawebwa District ye Budama awatali nsonga mumyaka 1918. Gegano :- Esaza lya Obala, Igaga, nerya Ngang'o. Era Amasaza amalala agatwalibwanga Owesaza Wakoli age Bunyuli ago nago gatwalibwa negawebwayo mu District ye Budama.

Era ebitundu bye Budama, Buseta,Palisa,Gogonyo nebirala, ebyo byasalibwa ku Busoga nebitwalibwa mu District ye Bugwere nga mumyaka 1896-1900.Ebyo byafugibwanga Owesaza Zibondo, nga gematwalege.

Kakano Busoga ensalo zayo zona zisalibwa nemi'ga eminene, era n'enyanja ebigyetolode buli lui , nga oleka omwaganya oguli e Bukoli munsalo ye Bulugui.

Abantu be Busoga bali mukika kya Bantu abaja eda mu Uganda, nga bava mu Abyssiania nga emyaka 600 egyakaitawo kasokede bajaja ba Busoga baja munsi muno nokwefunira ensi okubera obutaka bwabwe.

Abasoga Olulimi bogera olulimi lwa Bantu olwogerwa Busoga, Buganda, Bugwere,Budama,Bugishu, n'Ensi y'Ankole, Lwanda,Toro, era ne Bunyoro. Ensi ezo zona ziri mukika kya Bantu, naye nga olulimi luitibwa Lusoga olufanana nga Oluganda,naye munaku zino olulimi oluganda lwerwogerwa mubantu bona. Era mumirimu gye Nkiko,mukuigiriza, ne mubyedini Oluganda lwe lukozesebwa.Olusoga lusinga okukozesebwa mumaka.Nadala Abakazi era nabana abato bebasinga okulukozesa enyo.

Egwanga lyona erya Busoga teryafugibwanga muntu omu ali nga Kabaka era teryafugibwanga kika kimu, wabula lyafugibwanga mubitundutundu ebyalinga Obwakabaka bwoka obwemala.Naye lyafugibwanga mungeri eyendio oba enda; nga abana benda ezo enfu'zi bafuga ebitundu byabwe mungeri yempisa eyolulyo, olulyo oba endayo mukusikiragana nga bwekiri mukitabo kino kubuli Lulyo.

Okutusa Obufu'zi bwa Bangereza bwebwaga'ta awamu Ensi yona okufuna omufu'zi omu Fresident 1919.

Etuli 2. 41

AMASAZA AGALI GAKYETWALA ERA ABAZUNGU GEBASANGA NGA GEFUGA GOKA.

Mubiro Abazungu webatukira munsi ye Busoga okugifuga, ensi ya Busoga yagatibwa awamu mumwaka 1895 nga ekigo kikubidwa e Bukaleba ekya Bazungu.

1.	Gabula Budiope		Bugabula.
2.	Ngobi	Buzimba	(Kigulu Kakano.)
3.	Zibondo	Bulamogi.	
4.	Nkono	Bukono.	(Kakano Gombolola mu Busiki)
5.	Kisiginyi	Busiginyi	(Busiki Kakano.)
6.	Menya	Bugweri	
7.	Wakoli	Bukoli.	
8.	Kireri	Kaigombwa	(Kakano Gombolola mu Bugweri.
9.	Kalanga	Bulange	(Kakano Gombolola mu Busiki.)
10	Kalende	Bukyemanta	(Kakano Gombolola mu Bukoli.)
11.	Mbabani	Buyende	(Kakano Muluka Bugweri Bunya.)
12.	Igulu.	Bugulu.	(" " " "
13.	Kayanga	Igombe	" Gombolola mu Bunya.)
14.	Kasaja	Buyodi	" Muluka " "
15.	Kyebambe.	Kaima Buima	" Gombolola Butembe.
16.	Kaluba.	Buluba	" Mutala Butembe
17.	Insaiga	Bukasa	" " Luuka.
18.	Serwanga	Buserwanga	" " "
19	Musumba	Bau-ba Busumba oba Bugaya	Kakano Gombolola Luuka.
20.	Mukwanga	Bukwanga	(Kakano Muluka Luuka.)
21.	Idondo	Budondo	" " Butembe)
22.	Kamanya	Bumanya	" " Luuka
23.	Kisule	Kasoga Waguma	Kasoga (Kakano Mutala Luuka.)
24.	Kitinda	Tikalu	(Kakano Mutala Luuka.)
25.	Luba	Bunya	" Muluka Bunya.)
26.	Kajaya	Busakira	" " "
27.	Nanyumba	Bunyuli	" Gombolola "
28.	Lukalangalo	Bunyuli	" Muluka "
29.	Kisambira	Busambira	" Gombolola Kigulu)
30.	Nyago.	Buyala	" " "
31.	Dugo	Nsango	" " Bukoli.

32.	Kate-kalusi	Bugabula	Kakano	Muluka	Kigulu.
33.	Sobobi	Busobobi	"	"	"
34.	Nakabugo.	Bukona.	"	"	"
35.	Ntembe.	Kiranga	"	"	"
36.	Mpindi	Buumba	"	Gombolola	"
37.	Mudambada.	Buweira	"	"	
38.	Wambuzi	Naigobya.	"	Muluka.	Luuka.
39.	Tabingwa	Luuka	Bunyoro,	Saza	"
40.	Kisoma	Kauki.	"	Mutala	Bunya.
41.	Mutulu.	Nakalanga	"	"	"
42.	Mutyoli.	Ngulumo	"	"	"
43.	Nalugoda.	Ikoba.	Bukoba	"	"
44.	Nalwebe.	Busamo.		"	Muluka
45.	Naiwano Buwembe.			"	Mutala
46.	Mbanji	Kalyenzi	Bukalenzi	"	"
47.	Muzaya	Buzaya	Kakano	Muluka	Bugabula.

Naye waliwo Amasiga oba enda ezaingiranga mubanabwe abaluganda naye nga batwalibwa butwalibwa so sikufugibwa era nga obufuzi bwabwe bwansikirano mubitundu byabwe,nga tebukyusibwa kufugibwa muntu mulala mubitundu byabwe bebano :-

Mantamu.	Izinga.	Bulamogi.
Nankola	Buinda	"
Nantamu	Izinga	Bukono.
Lubale	Wairaka	Wairaka Butembe.
Waguma	Mafubira	"
Kyema	Bukyema	Bunya.
Mulemu	Busamo	Bugabula.

Era nabalala bangi abalina obutundu obutonotono nga bwaluberera naye nga bafugibwa base Kabaka bananyinibwaza, wazira nga bakuma Nsikirano yoka.

EBYE BUKOLI.

Esula 1. 3

Bukoli, Abakoli, abantu abasinga obutono bagamba nti, e'da enyo waliwo omusaja omukulu enyo, eyali semaka,yalina abantube nebintubye ye Mukama; Yafuluma munsozi zensozi ze Masaba(Elgon) naita mu Bugwere District,natuka Teso District,natuka Lang'o District, nga atuse e Lang'o nasinzira eyo nagenda e Bunyoro, yamalayo ebanga tonotono munsi ye Bunyoro navayo naja e Busoga,yasomokera Bugabula,ebanga deneko nga emyaka 3 nga alima, kigambibwa nti bweyava e Bugabula naingira wakati mu Busoga natuka e Bukoli nabera mukifo Kibanda, bweyava awo nagenda eKisimbiro e Magola, eyo gyeyava nalaga e Namakoko;Bagamba nti eyo gyeyazalira omwanawe owobulenzi namutuma erinyalye Mukwaya,oyo namuwa ekitundu ekyo.

Abakoli abasinga obungi bagamba nti waliwo omuntu eda erinyalye Mukama,omusaja oyo yalina abantube nebintubye, yafuluma mu Nsozi ze Masaba,bagamba nti yalina amanya abiri Mukama oba Kintu,bweyava eMasaba mu Bugeshu naita mu Budama District,nalyoka atuka mu Bukoli (Busoga) , yasokera kutuka mukifo ekiitibwa Wanyemera awali akasozi akali mumu'ga akaitibwa Kigali,bweyava awo nagenda mukifo ekiitibwa Kibanda, nga avude ekibanda yagenda Kisimbiro, awo neyeyongera wakati mu Busoga, nga ali awakati mu Busoga yatambula mbifo bingi, nalyoka avamu nasomoka nagenda e Bunyoro,e'da nga eitibwa Bukama, amakulu nti ekya Mukama.

Mukama nga ali e Bukama yazala abanabe bangi, nalyoka abasindika okuja munsi ye Busoga gyeyali amze okuitamu era nga yagiraba nga njerere. Omu kubanabe abaja mu Busoga ye Okali (Wakoli,) yeyali omu kubana abo owoluberyeberye kubana abo abaja mu Busoga, Okali nga ava e Bunyoro, yasomokera Bugabula naingira mu Busoga, naita wakati natuka munsi ye Bukoli,nabera mukifo kitawe Mukama weyatula eKibanda, bweyava eyo nagenda e Kisimbiro , nalyoka agenda kukaso'zi akaitibwa Bukoli e Namakoko.

Okali yasanga abantu batono nyo mukitundu ekyo, nga basinga kutula mukitundu kye Nsozi ze Namakoko okumpi ne Nyanja, abantu abo beyasanga mu Bukoli balina omusaja eyali abafuga nga aitibwa Naminya; yali musaja mulaguzi nga amanya ebija okuberawo.Okali yalina mukyalawe omu nga erinyalye aitibwa Kitimbo,era yalina embwa-ze 2 namafumu, nabantube bangi abatamanyidwa manya gabwe.

Tewali kintu kyona ekyandiziiziza Okali okufuna ensi yona eye Bukoli. Kubanga ensi yona lyali Dungu nga nsolo njere nga temu bantu bagimalawe. Olwekyo tewali eyainza okumulwanyisa, nafuna okui'ga enyo ensolo bulijo. Olwokui'ganga enyo ensolo yafunanga enyama yensolo nyingi, abantu abayagalanga enyama nebajanga gyali okukola emirimu alyoke abawe enyama, nayo Okali kyeyakola kwekubawanga omulimu ogwokulima emere-ye, nalyoka afuna emere nyingi okuva munyama. Awo abantu abomunsi ya Budama District nebajanga gyali okufuna ezere, era nabantu abe Kavirondo nebakola bwebatyo. Nekyavamu abantu bebitundu ebyo nebasenga mu Busoga, mukitundu ekyo ekya Wakoli, awo Okali nafuna abantu bangi amangu mukitundukye. Najuza ensiye, ekitundu kyensiye kyeyongerayongerananga okugaziwa oluvanyumalwe.

ABAFUGA OBWA WAKOLI :-

1. Okali, 2. Kibwe, 3. Odagadu, 4. Mukwaya, 5. Mwonja, 6. Mutumba, 7. Nku-tu, 8. Nkoye, 9. Serwanga, 10. Mukova, 11. Nanjubu, 12. Kisakirizi, 13. Megero, 14. Kiyemba, 15. Kibuka, 16. Kigoifo, 17. Ochwa, 18. Otakinyi, 19. Muluya, 20. Nanganyi, 21. Kasali, 22. Kaunye, 23. Mntanda, yaliwo mumwaka 1894-1899, yafira mukomera Katebbe, yasibibwa olwobujemu ya'fa mu November, 1899. 24 Mugoya I, yaliwo mumwaka 1900 okutusa 1902, 25. Musitwa yalya mumwaka 1905, okutusa mumwezi gwa May 1920.

26. Samiri Mugoya II, yalya mumwaka 1920 mumwezi gwa May. Oye yenwami Omukristayo eyasoka kung'oma yabenda ya Wakoli.

Abafu'zi abo 26 boma balulyo lwa Wakoli. Mubiro byabafu'zi be Bukoli abasoka okutuka ku Kisakirizi bafuga mirembe, era bafuga nga Bakabaka mukitundu kyabwe, buli omu bweyafanga era yasikirwanga mutabaniwe. Era abantu bona abensi nga kyebasima, era tewalingawo eyakiwakanyanga newankubade abatagondera matekaga, singa alabika nga anyomye ebiragiro oba amateka ga Wakoli oyo nga a'tiina bu'tibwa, oba okumugoba munsi eyo eye Bukoli.

Mukova yeyasoka okutandika okugenda eri Kabaka we Buganda okumusaba okumubera amuwe egye ajc alwanyise Kisakirizi. Mukova yali mwana wa Serwanga, era Serwanga oyo yali kitawe omuto owa Kisakirizi a kubanga Nanjubu azala Kisakirizi bali baluganda ne Serwanga.

Kabaka we Buganda yakiriza nawa Mukova e'gye dene, omugabe yali Kairu naja alwana ne Kisakirizi, naye balemwa, kubanga e'gye lya Kisakirizi lyali lwamanyi okusinga erya Mukova, awo Mukova bweyalaba nga eyewa liremedwa nga tegyenje liremedwa

EBYE BUKOLI.

Ate nadayo e Buganda eri Kabaka okusaba amwongere okumuwa e'gye edala.Era Kabaka we Buganda yakiriza namwongera e'gye erya basaja abalonde.Omugabe yali Kikoyo Kabaka gweyagaba.Era erinya lyomugabe eryokubiri yatumibwa Mutegerere,amakulu nti okulindirira,olwokubanga yalumya abantu ba Kisakirizi yabakola ebikawa, ate nalwawo okudayo kyebava bamutuma Mutegerere.

Yalwanyisa Kisakirizi namugoba kubwamibwe,nabuwa Mukova muganda-we,okuva olwo Abami be Bukoli nebatandika okugenda e Buganda okusabanga e'gye.Era nebafuka mikwano gya Kabaka we Buganda.

Nebatoneranga Kabaka ebintu bingi,Wakoli nafuka omuganzi eri Kabaka wa Buganda.Era awo Abami bona webasinzira okutegera ekubo erigenda eri Kabaka we Buganda okusaba e'gye okumubera okulwana n'Abami abalala,singa alaba nti ayagala okulwanyisa muliranwawe . Ekigambo kino ekyokugenda eri Kabaka we Buganda kyakolebwa abami abasinga obungi,nadala okusinga bebabo abali okumpi ne Nyanja oba n'Omu'ga Kiira, bagendanga nyo bulijo eri Kabaka we Buganda okusabayo e'gye, singa wabawo olutalo okulwana nemine.Era ate oyo gwebagobye nga naye agenda eri Kabaka we Buganda nanyonyola era naye nasaba e'gye,era Kabaka teyaganenga kumuwa egye,yamwanga e'gye eryokumuzayo mukitundukye.Kino kyakolebwanga bwekityo okutusa Abazungu webajira basanga nga Abasoga bakyakikola, kubanga okuva Mukova bweyakitanukiriza era Abasoga olwokubanga tebegatanga okulwanyisa Abaganda,kubanga Abaganda bajanga mu Busoga kulwabwe okulumba Abasoga boka ne'da,naye baitibwanga buitibwa,era Abasoga abokului lw'Omwami eyabaita baberanga awamu n'Abaganda nebalwanyisa oyo gwebalwana naye.

Abasomesa Abazungu Abedini ya Prostanti (C.M.S.) Abasoka okutumibwa mu Busoga,basokera munsi ya Wakoli nga Kaunye ye mufu'zi wensi eyo.Mumwaka 1891,bali Rev.E.C.Gordon ne Bwana F.G.Smith.Batumibwa Bishop Tacker owa C.M.S. Namirembe.

EBYA MUZAYA OBA NGOBI MAU.

Esula 4.

Kigambibwa nti yomu kubana ba Mukama , era abamu bagamba nti yeyali omwana omukulu ku bana ba Mukama beyawa Busoga,oba yali wakubi;Okuzalibwakwe tekutegerekeka,ebanga yaja muzale oba yazalirwa mu Busoga. Naye ekimanyidwa enyo kuye nti ye mwana wa Mukama owe Bunyoro,era nti kitawe Mukama yamuwa ekitundu ekyokumu'ga Kiira.Erinyalye yaitibwanga Ngobi Mau,noluvanyuma yaitibwa Muzaya olwokubera yeka munsi eyembwa ewala nafanana nga eyazawa,era erinya lya Muzaya lyelimanyidwa kakano.

Okuja kwa Mukama kitawe wa Ngobi Mau kiringa abalala byebagamba,naye okusinga bifanana nebya Kitimbe (Bugabula) nga bwebitegezebwa Ngobi Mau, yasokera Luzinga yeyali embugaye eyoluberyeberye,gyeyakuba nga kyaje amale okuwebwa ekitundukye natula mwekyo. Ngobi Mau yafira mumbugaye eye Luzinga nazikibwa eyo,mubirobye tewali bantu bangi mukitundukye,wabula ensolo enjerere,kubanga ensi yali nsiko eyebibira, naiganga nyo ensolo, abantu beyasanga mukitundu ekyo bali Baganda abava emitala nebaja batula eno e Busoga.Era bobabo aba-tuma Ngobi erinya erya Mau. Olwokubanga Ngobi yayambalanga maliba merere,era nabantube nga gebambala,kyebava nebamu-tuma Ngobi-Mau.

Nga Ngobi-Mau afude yasikirwa mutabaniwe erinyalye (2) Lufuka,eyo nga amaze okulya obwami, yajulula embuga nagikuba kumutala Mulagirire,eyo gyeyabera ebanga edene, olwokubanga mukisera kino ensi yali njerere tewali ntalo,wabula Abami batulanga nga balowoza ku kui'ga nsolo, nokusenza abantu abangi,era nokulima enyo.

Lufuka Muzaya nafira eMulagirire era gyeyazikibwa. (5) Kabega.Kabega nasikira kitawe Lufuka,naye nga alide obwami bwakitawe,yajulula embuga nagikuba kumutala oguitibwa Lwanyama eyo gyeyafira,mutabaniwe (4) Galya namusikira,naye yafira Lwanyama gyeyazikibwa.

(5). Kyangwa nasikira kitawe,era naye yafira Lwanyama nazikibwa eyo, mutabaniwe (6) Gwanotyo-Kakulu nga asikide kitawe Kyangwa yawangala nyo, naye yafira eLwanyama gyeyazikibwa, mugandawe (7) Nkofunkaire namusikira. Naye olwokubanga yali muka'de abantu nebatasima nagobebwa,obwami nebuwebwa mutabaniwe (8) Muzaya-Otini.Era Muzaya-Otini yeyakunganya e'gye okulwanyisa kitawe Nkofunkaire era namugoba.

Otini-Muzaya nga amze okugoba kitawe nalya obwami bwa kitawe,nabera mumbuga eye Lwanyama era eyo gyeyafira,nasikirwa mutabaniwe (9)Kaluba-Mulije.

EBYA UNYI OBA NKOMO.

Omulimu gwa Unyi gwali gwa kulima, yali agumanyi nyo, Enjovu, Embogo ezali zijude ensi yona mubiro obyo, olwokubanga abantu bali batono nyo,yalina okutegamyizibwa kunene nyo, kubanga bweya'tanga enjovu naleka amasanga kunsiko,naye abantu abavahga emitala wa Mpologoma Abakedi bajanga nebaga'ba nebagatwala, olusi nga baja nebaganyaga lwampaka nebagatwala.

Olwokubanga Unyi yalina abantu batono nga tasobola kulwana yamalanga galeka bulesi nga taja kusobola. Naye okui'ga enjovu teyakendezako, anti era teyalina kifo wainza kutwala Masangage okugatereka newankubade okugatunda.

Bagamba nti teyawangala bulungi mpozi yamala emyaka nga 72 nafira e Ungiro nasikibwa eyo,nasikirwa mutabaniwe Wako. Unyi yaleka bagandabe abana ba Mukama bano :-

1. Okali yali awereda e Bukoli ye Koli.
2. Ibanda " " Kigulu " Ngobi.
3. Ngambani " Bulamegi Zibondo.
4. Ngobi-Mau yali " Buzaya ye Muzaya
5. Kitimbo " " Bugabula" Gabula
6. Nyiro " " Luuka " Tabingwa

2. Wako nga asikide kitawe Unyi yasigala mumbuga ya kitawe, yasinganga okukola omulimu gwe yaiga, bweyali omuto ogwokui'ga ensole, yagwagalanga nyo,kigambibwa nti mubulamubwe kyali kumpi okugamba nti bali lunaku yaigirangamu aga ogyake ezobutobwe okutuka kumyaka nga 10-12. Ensi yali etanukiriza okujamu abantu abajanga nga bava e Bukedi ne Bunyoro. Naye ya'fa nga atuluda,wewawo taitibwa nti yawangala,yakowa nyo kubanga obulamubwe kwagwamu endasi olwokusiba munsiko buli kisera nga talina kasera kokubusanyusako. Kwatyo na'fa mangwago,awo mugandawe Kisozi namusikira.

3. Kisozi nga asikide mugandawe,ekisinga enyo okumanyibwa kuye, yali musaja amanyi okutesa,kubanga yalya obwami nga musaja mukulu, ensi teyasagasagana. Abantube bamukirizanga mubuli kigambo kyona kyeyatesanga. Era naye yakirizanga entesa yona, abantube gyebamuleteranga nga ategeda nti yakumugasa,naye kyali kyakusalirwa kunene eri abantube

EBYA MUZAYA OBA NGOBI→MAU.

Kaluba-Mulije yabera mumbuga yabwe e Lwanyama nawangala nyo, nga afude yazikibwa Lwanyama kubutaka bwabwe,nasikirwa (10) Gwanotyo II omwana wa Isabirye muganda wa Kaluba- Mulije, kubanga K.Mulije yali mugumba,omwana wamugandawe kyeyava alondebwa okumusikira.

Gwanotyo II yafugira ebanga tono nagobebwa ku Bwami nebuwebwa omuntu omulala atali wakika ekyo ye (11) Wandira gweyagya mu Saza lye Kigulu, mukisera kino byali biro ebya Abazungu nga bamaze okutuka munsi,era bebawayo Wandira.Era nekitundu ekyo nekigibwawo obutabera Saza lyakyetwa-la nekifulibwa Gombolola neingizibwa mu Saza lya Gabula e Bugabula, omukulu we kika ekyo ye Gwanotyo atula Lwanyama mu Buzaya.

EBYA UNYI OBA NKONO.

Esula 5

Yali mwana wa Mukama,bagamba nti omuntu oyo Mukama yafuluma munsozi zemasaba naja nga aita mubitundu byensi ebiriranye Masaba,nga alina mukyalawe omu nabanabe 5,era nabasajabe nembwaze 2 namafumige.Ente, embuzi, ne Nkoko nebirala.

Nga atuse mu Busoga mweyazalira abana abalala 2. Ibanda ne Kitimbo, naye ekifo kyeyavamu e Masaba tekitegerekeka.Bweyatuka mu Busoga yatambulatambula nabuna wona,era ensi yali teriko linya,yali nsiko njerere nga ejude ensolo ezabuli ngeri yona.Era Mukama yayagala nyo oku-i'ga awamu nabantube nebafuba nyo okui'ga ensolo.Bwatyo nga Mukama ali mukifo ekiitibwa Irera munsozi ze Kamigo kumpi ne Kiranga otunulira Jinja weyabera nalwawo,oluvanyuma nayagala okukyalira ebitundu ebyeto-lode kumu'ga Mpologoma obukika obwadyo obwa Busoga,bwatyo yasitula nage-nda nga aita mu Busoga wakati natuka mukitundu ekiitibwa Bukono,naye mu-biro ebyo nga tewali linya lyekitundu ekyo,natuka mukifo ekiitibwa Namakoko e Bukoko nabera awo, nga alina mutabaniwe Unyi.Awo nga Mukama ayagala okudayo gyeyava e Irera yabuza mutabaniwe Unyi obanga asima okusigala mukitundu ekyo.

Awo Unyi nadamu nti njagala, awo Mukama nawa Unyi ekitundu ekyo, nasitula nagenda. Awo Unyi nasigala e Namakoko nga alina mukyalawe omu nabadube kitawe beyamuwa. Awo Unyi nazimba enyumbaye mukifo ekiitibwa Ungiro,oluvanyuma amakulu gerinya eryo Ungiro nti ekya Unyi, nakakati kiitibwa Ungiro kiri mu Bukono.Era waliwo olwazi oluitibwa Wagezya.

Unyi nga amze okuzimba enyumbaye nabera awo Ungiro,mukyalawe erinyalye terimanyidwa,yazala omwana owobulenzi namutuma erinyalye Wako,ate nazala 2, namutuma Kisozi.

EBYA UNYI OBA NKONO.

okulaba nga omwami wabwe omwagalwa bwatyo nga a'fa mangu; wewawo ya'fa nga akadiye nyo, naye ekisera kyeyafugira kyali kitono,kubanga yalya obwami nga akadiye.

Bwatyo nafira wakati mukwagalibwa, ensi, abantube bali batandise okugirima, nasikirwa mutabaniwe Wakauli.

4. Wakauli yali mutabani wa Kisozi, nenyina erinyalye yali Nyanwa, Omukyala oyo yawasibwa Busiki,kitawe naleka empisa zakitawe nalyoka agoberera ekubolye lyayagala,kwekwefula omukambwe omwami owamalala amabi abantu gebatayagala nakatono.Kubanga omusai gwabantu yayagala gukulukute nga ana'zi bwegakulukuta,ya'tanga abantu olwekyejokye,songa tebalina musango.Olwekyo abantube nebamusalira olukwe nebatesa nabatemu nebamutemula nebamu'ta.

Naye abantu be Busiki bwebaulira nga omwana wamuwala wabwe atidwa abatemu,nebateberesa nti abantube bebamusalide olukwe okumu'ta,kubanga bona bamukyawa nyo.Awo Abasiki nebakunganya e'gye dene okugenda okuwolera ogwanga eryomujwa wabwe Wakauli;Abasaja be Bukono bwebaulira nti Abasiki baja ekubalwanyisa olwokubanga mwa'ta Wakauli omujwa wabwe.Awo Abakono nabo nebatekateka e'gye lyabwe dene nyo.Abasiki nebalumba. Basisinkana Abakono nga basisidde mukifo Vukula. Olutalo luno lwali lwamanyi nyo olwamalawo abazira abenjui zombi,naye olutalo okukya nga Abasiki beraba boka nga tebaja kusobola nebaduka,awo Abakono nebagoba olutalo olwo nerugwa.Awo Abakono nebadira obwami nebabuwa Ntumba mugandawe.

5. Ntumba yali mwana wa Kisozi nga muganda wa Wakauli,olwengerize enungi enyo sezamulonzesa,yali musaja mutufu nyo nga afanana nga kitawe Kisozi,yajulula embuga yajajawe Unyi nagigya e Ungiro nagireta e Vukula mukifo webalwanira olutalo na Basiki,nga agenderera okutukiriza ebyo ebyaliwo mulutalo okukola ekijukizo, olwabantu abangi abafirayo.Era nga amanyide dala nti olwomusai gwabantu ogwaiika e Vukula,era nolwobulamu obwawebwayo abazira,kyekyamufula okubera omufu'zi wa Bukono, naye kyeyava agenda atula mukifo ekyo Vukula nga ajukira abo abafira e Vukula kululwe.

EBYA UNYI OBA NKONO.

EKIFO EKYO KIKYALI nga kyekifo ekikulu ekyekitundu ekyo Bukono, nga kyekimyuka e Saza lye Kigulu. Era ye Gombolola eyoluberyeberye mu Busoga okufuna Office eyamatofali nokugiseresa amabati murwaka 1935. Nga Omwami Zadoki K.B.Gumba nga ye Wagombolola yeyagizimba.

Bwatyo Ntumba nafuga abantube nemirimbe nga kitawe bweyali, nawangala nyo. Naye embuga ye Ungiro nayo yagirekayo nagikuma bulungi era yali awasiza abakazi bangi, olwekyo embuga ezo zombi yasobola okuzikuma obulungi. Bwatyo nafira mukwagalibwa okungi. Nazikibwa Vukula mumbugaye gyeyakuba.

6. Najomi nasikira kitawe Ntumba, yalina emitawana mingi, kubanga yayagala okuziiza abalubale okuingiranga munsiye, olwokubanga baletanga okubatagaanya bulijo, nadala abantu abavanga e Bukedi nabasomokanga omu'ga Mpologoma nebaja emitala okunyaga abantu nebintu, nokutwala amasanga, kyeyava ayagala okuziba emyalo gyona egiva eBukedi okuja mukitundukye, yagyako ama-to gona nalagira okutema emiti egiriko amagwa nebateka mumyalo, era nebatakawo abakumi okugikumanga, era natekawo eteka obutakiriza muntu okugenda eBukedi, singa albibwa nga agenzeyo anyagibwa abantube nebintu nokumugoba oba okumu'ta. Era singa walabika omuntu akyaza omuntu we Bukedi oyo a'tibwa oba okunyagibwa ebintu. Era yaziba ne myalo egyali gifuluma ewe Zibondo okugenda e Bukono nga alowoza nti mpe'zi abantu be Bukedi bainza okufuluma eyo nebaja munsiye okumunyaga ebintubye.

Najomi yayagala okutambula newankubade yali omuntu eyasanyukira okuziba amakubo, yakyala emirundi mingi mu Saza Bulamogi. Era yatukako nemu Saza lya Gabula kumutala oguitibwa Nkone, naye siyagenda olwokusanyukira okukyala kwoka, naye yagendayo okwekanya ebya Bakedi abaliyo, era kigambibwa nti kumutala ogwo Nkone yagendayo kulwana na Bakedi abafulumanga kuluiu olwo, nga nayo ayagala abaziize okusomoka okuja mu Busoga, kubanga bamunakuwaza nyo dala okunyaganga amasanga nebatwala e Bukedi. Najomi yalina omwana omu yeka owobulenzi, naye kigambibwa nti yalina abana abalala abobuwala, naye nga empisa ya Basoga bweri tebabalanga bakazi, wabula basaja boka nga bebabalibwa nga Abayudaya bwebatabalanga bakazi, era na Basoga bwebatyo. Bwatyo na'fa nga alese mutabaniwe Mudola.

Yazikibwa Izirangobi Busiki.

EBYA UNYI OBA NKONO.

8. Mudola nasikira kitawe Najomi,eyo nga asikide kitawe yabera kumagombe gakitawe mukifo Izirangobi, taliko kyeyakola ,naye kigambibwa nti yawangala bulungi na'fira mumbuga ya kitawe e Izirangobi nasikibwa eyo. Mutabaniwe Nkenga namusikira.

8. Nkenga nga amaze okusikira kitawe Mudola yayagala okuzawo empisa eyajajawe Najomi eyokuziba emyalo nga olulala,naye teyasobola.Mubiro ebyo ekitundu ekisinga obunene ekyensi ye Busiki kyali nga kifugibwa Nkono.Era ekifo kino Izirangobi kiri mu Busiki,yali mbuga nkulu nyo dala eyaba Nkono.Era eyo Nkenga gyeyasikibwa bweya'fa, mutabaniwe Mutyaba namusikira.

9. Mutyaba I nga asikide kitawe Nkenga,yasisinkana obuzibu obwekitalo kubanga abantu bangi abali mukitundu kye Busiki bamujemera.Era Abasiki nebaleta e'gye okumulwanyisa,Abasiki balina e'gye dene nyo era bebagoba mulutalo olwo,era embuga ya Nkono eye Izirangobi nebagi-twala,awo nagenda akuba embuga endala kumutala eguitibwa Lwamba,era nagwo guli mukitundu kye Busiki kakano.Era yafirwa emitala mingi nyo Abasiki gyebamunyagako mukisera ekyo.

Nga Mutyaba ali e Lwamba,Abasiki abatemu bamulumba ekiro nebamwokerera enju gyeyali asuzemu,yali yebase,omu kubakyalabe naulira nga omuliro gufulumye mukisasi kyenyumba mwali, awo nafubutuka munju nama-nyi naita mumuliro nagenda ebweru,abantu abamu ba'fa omuliro kubanga enyumba zali nekulungirivu enkube netaka eryamanyi enyo. Era eziriko olukomera olwemiti okwetolola bali nju,olwekyo nga tekiinzika okukoma enyumba nofuluma,abantu abalala kyebava ba'fa. Era Mutyaba naye omulire gwamwokya nyo amabegage, bweyava awo nagenda mukifo kya bajajabe e Ungiro,eyo gyeyafira olwokwokebwa omuliro.Naye olwo Abasiki nebatwala ekitundu kyona ekisinga obunene okukoma kumu'ga Nawaibete.

10. Kabusera mutabaniwe namusikira.Era nga amaze okusikira kitawe yagenderera okuwalana egwanga olwakitawe,yakyawa nyo Abasiki. Era yakunganya e'gye dene nyo naluuba Abasiki,naye Kabusera olwokubanga yenyini yewaye okufukira dala omu kubantube abolekera olutalo kyamusoboza okuwangula Abasiki, nakomyawo embugaze zombi.Era nakomyawo emitala gyona egyali gitwalidwa Abasiki.Ekitanda kya Bukono nekifuna

ekitibwa kimene,

EBYA UNYI OBA MUKONO.

olwokugoba okwo, era ensiye nerimibwa nyo bulungi yona, nejula abantu nga entalo ziwede era nga akomezawo ebitundubye,ensiye yatula mirembe nesanyu,abantu nebalima nyo,ensi yona nejula abantu.Bwatyo na'fa nga ayagalibwa nyo abantube.

11. Mutabaniwe Musetya namusikira kitawe Kabusera,yali omufu'zi omunywi wenjaga kaingo.Bulijo nga omusanga nga amasoge gatwakade negamyuka nga oluyunju lwenkoko olwenjaga gyeyanywanga enyingi nga yemukola bwetyo.

Ekiserakye kyona ekyokunyumizamu oba ekyokusaliramu emisango gyabantu oba ekyokutesezamu, yakimalanga nga aseka nseko olwenjaye okumukwata kumutwe. Nga talina mulimu gwekola okubera abantube , wabula okunywa enjaye yoka.Okutusa enjaye bweyamuliriza mubwongo natainza kutula mukifo kimu . Era olusi nga enaku ziwera 3 oba 4 nga talide [illegible] mere ,wabula okunywa enjaye yoka.Olwekyo abantube nebamutamwa olwehikolwabye ebibi bwebityo; era naye yenyini yeyongeranga bweyongezi okwononeka mumpisaze,era natandika okuguba enyo bakazibe,era nakolanga ebyekyejo ekiitiride abantu byebatasima nakatono.Awo nagobebwa, obwami nebuwebwa mugandawe Pande-Kemba.

12. Pande-kemba nga alide obwami bwa mugandawe,omulimu omukulu gweyasanga gumulindiride kwekulwana na Basiki abali betegese nama'gye gabwe mungeri enungi.Abantu balina esubi muye nti aja kubayamba nyo okubawa amagezi mukulwana nabalabe babwe abo. Bamalirira, era emitima gyabwe nebagisa kuye,kubanga bamulonda nga bamanyi nti aja kubayamba nyo.Ekyenaku musu-bi lyabwe edeme bwerityo mwebafunaira ekintu ekirala nti tewali su-bi, kubanga Pande-Kemba yali mazaja muti nyo, nga tayagala kugenda eri abalwana.Era singa omuntu bamu'tira mumasoge oba kumugya mungaloze nebamu'ta omwami oyo tabako kyakola, wabula okusirika obusiriisi,olwokubanga yali musaja muti nyo naitirira mubantu aba'ti.

Abantube nebanakuwala nyo olwokulonda omwami gwebalowoza nti alibagasa naye nebalaba nga tabagasiza nakatono nebatamusima,era ekitundu kyensiye kinene nekitwalibwa natafayo nakamu.Bwatyo na'fa nga akyaidwa nyo dala eri abantube.Mutabaniwe Mugalya namusikira.

Mugalya I nga asikide kitawe Pande-kemba,yagenda mangwago nakuba embuga empya kulusozi Kiscuzi,gwali mwaka 1862 nga Abazungu baulikika nga bali e Buganda gyebasoka. Mugalya yamala emyezi esatu mumbugaye empya na'fa nazikibwa eyo.

EBYA UNYI OBA NKOKO.

14. Kyebambe Kitamwa yali mutabani wa Kabusera kitawe ya'fa nga kalenzi kato kyekaje kazalibwe,yeyali omwana we nkomerero owa Kabusera. Erinyalye yali Kyebambe,naye oluvanyuma yayongerwako erinya edala erya Kitamwa kubanga teyamwanga nvirize, yazireka kumutwe nezikula nyo era nezibunduka nezigwa kumatu,era nezirebetera mukyenyikye .Awo abantu kyebava bamutuma erinya eryo Kitamwa.Oluvanyuma erinya lya Kyebambe lya'fa,wabula erinya lya Kitamwa lye lyamanyibwa enyo nate mu Busoga, wona.

Kitamwa Nkono weyafugira,Abazungu bali bamaze okuzimba ekigo mu Busoga,nga bali mukifo Bukaleba,gyali myaka gya wakati wa 1872-86, egyokufugakwe,yali mu'fuzi mulungi eyayagalibwa enyo abantube,kubanga yamaliranga buli muntu yena ekigambokye kyaba yetaga nga takirwisa.Era nga alabika eri buli muntu yena, nafuga ensiye nadembe mubigambo byona.

Abazungu abafu'zi abali e Bukaleba ye Bwana Grant,natesa okuita Abami bona abafu'zi mu Busoga,ababuli kitundu okugenda gyali abalabe, era bazimbe embuga zabwe empya mukifo Bukaleba.Era batule eyo gyabera alyoke ainze okutegera engeri zona ezokufuga Busoga.Era mungeri nga eyo yagenderera okuziliza obujemu, era nokuigiriza Abasoga okufugibwa bona awamu okubagya mumpisa yabwe eyokwefuga mubutundutundu obutonotono obulina byona,era obwobuinza okufanana nga Obwakabaka,kyamazima nga buli mwami wekitundu kyafuga nga ye Kabaka mukitundu,kubanga nga wagulu teri mwami mulala amusinga obe amuwa ebiragiro, olwekyo buli mwami wakitundu yali His Majesty.Obwobuinza obwenala bwoka,Olwekyo Kitamwa yalaba nti ye taja kufugibwa Bazungu abo. Era taliwayo musologwe eri Abazungu.Era naganira dala okugenda gyebali okubakikira, newankubade mutabaniwe Kabusera yamulabula emirundi mingi nti kitange kitusanide tugende e Bukaleba eri Abazungu kubanga abami bona bona mu Busoga bagenze, laba Kisiki agenze, Mgobi agenze, Wakoli agenze, Zibondo munafe wano okumpi agenze, era nabalala bangi tuulide nti bagenze eri Abazungu eBukaleba,naye gwe kitange gwe onogana weka ? Nafe sebo kitange kisanide tugende nga bwetuitidwa emirundi emingi bwegiti tuleme okubera abajemu feka wano mu Busoga yona. Naye kitawe Kitamwa nadamu nti mwana wange leka kugwamu mwoyo bwotyo;Bera musaja, guma omwoyo,anti nze wendi, tunnlira oliraba ekiriberawo . Abo Abazungu tebaliko kyebalisobola kunze, bwebalyagala okuja okulwana kale balija nange balinsanga nabange,

EBYA NNYI OBA KO O.

gwe tomanyi abazira bafe bwebali ? Era emundu zafe obala meka,makumi oba bikumi ? Tekawo amaso abiri oliraba bwezivuga. Ekyamwogeza bwekityo kubanga yali musaja muzira nyo nga yesiga nyo dala kululwe yeka nga alina emunduze. Era nga okwo akwatirako efumulye nengabo,naye era empima biri nga tezibula kulukobalwe buli lui nga kuberako emu. Naye nga toinza kumwerabiza okukwata ekyumakye ekibaja ekiitibwa Iha (oba Biha) muluganda baliita Gya kubanga yali muba'zi mwatikirivu,nga tewali mubantube bafuga amusinga,yabajanga,enyendo,endeku,eryato,ebibya,emi'go, eng'oma,entebe,amato, amasogolero gomwenge,era nebintu ebirala ebyetagibwanga olwokubaja.

Kitamwa yayagalanga nyo abasaja abalwanyi; Lero nga omusaja omuzira tamwagala buzire.Olulala yagamba mutabaniwe Kabusera nga bogera ku bya Abazungu, yamugamba nti emundu zezirisalawo Abazungu bwekiribatanda nebesigula nti baja kunumba. Tulisisinkanira mumu'ga e awaibete oliraba Emundu nga zogera n'Abazungu abo. Kubanga yali nga alina emundu nyingi zeyagulanga kubantu abavanga e Bugenda nebaleta okuzitunda mu Busoga. Era zali zibunye wona mu Busoga nga buli mwami azirina,Kitamwa nagabira abasajabe abazira emundu kubanga olwokwagala bwatyo abazira yabafuna nebabera bangi dala.

Era yalina musajawe erinyalye Namalabe oyo yeyali General we'gyerye, omusaja oyo Namalabe alinga yali amaze okuigako ebya Drill.Kubanga yagunja ekibina kinene ekyabasaja abe Mundu nabaigirizangako. Awo Kitamwa nafuna abantu abamanyi Drill,oyo Namalabe bwebatwalanga mumasoge nabazinyisa.E.E.E.Omwami Kitamwa esanyu nerijula okumu'ta. Ekitibwakye nekyeyongera,era nga tamanyi nwana ya Baserikale baba Zungu nga abafananya olusi nti balinga abantube abamafumu nengabo.Omusaja Namalabe kiringa yaliko n'Abaserikale baba Zungu Abamubi oba Abaindi gyeyaigira ebyo, kubanga yayigirizanga abaserikale ba Kitamwa kyekimu nga abaserikale baba Zungu. Ng a kyaje atandike omulimugwe okufuga emundu za Kitamwa yafanayiziibwa nga Captain, oluvanyuma bweyafuka Omukulu w'eggye lya Nkono, nafuka nga General. Okwemala byona eby'entalo.

EBYA UNYI OBA NKONO.

Kitamwa yalina Katikirowe erinyalye nga yé Musota,era nabera nabakungu abalala bangi,abo nebongera okumususuta nategera nti ali bulungi, tewali nate omuntu ainza okulagira oba okumukozesa kyatasima.Era abazirabe na bamibe baweranga mumasoge,nga balowoza nti tekiriinsika omuzungu okuwangaaga ekugezako okulumba Nkono. olwemunduze eno enyingi,era nolwabalwanyibe n'Abami abamuwa amagezi,byamwerabisa yeka nti ye Kabaka atawangulikika.

Naye ebigambo ebyokuwera okunene bwekutyo okwa Kitamwa Nkono tekwalema okutuka eBukaleba,era nebibulirwa Bwana Grant,nga byona bwebiri Kitamwa byatesetese olwokulwanyisa Abazungu.Era nokumutegeza nti Kitamwa taja kuja gyoli,newankubade okutuma omubakawe oba okuwereza abantu okuzimba eBomayo.wabula akoze kimu kyoka ayagala kulwana nawe,bwolimugoba alikiriza byona byolimulagira okukola.Naye bwolimulemwa, kale alibererera awo nga bwali kakano, tasima kufugibwa wabula okwefuga yeka.

Awo Bwana Grant ebyo bwebyatuka mumatuge nadira emindiye nagitekako omuliro nagisa kumumwa nalowoleza edakika mbale bubazi, awo nakwata efirimbi nagifuwa namanyi. Awo Omuserikale yena eyali ali wali teyadira wabula okukwata emundu yoka,okutuka awali mukamawe,yabalagira badeyo mu laini (Line) basimbe bulungi,nagenda mu(Store) nagyayo ebyasi ebyali mu busanduko ebwaitibwanga Obulodo (oba Obudoido), naita abami mangu nebaleta abantu olwekwetika ebibye era ne byasi ebyo, era n'Omuzinga (Maxém-gun) negugibwayo, emundu nezirongosebwa nezikeberwa nezirabibwa nga zona nawasawa. Awo Bwana Grant ne'gyerye,era n'Abami bama Saza bano :- Miro- Ngobi,Tabingwa, Zibondo,Kisiki era ne Batabani ba Luba babiri, Mululu ne Mityabule, nebatabala Kabaka Nkono Kitamwa.Naye bagenda nga bamu'tide nyo. buli wa Saza yaleta e'gye dene kululwe. Gerageranya Amasaza 4 kugo Amasaza 5 gegatolede Kitamwa, baisa abalwanyi babwe bona ate na- Baserikale abomukigo,bwoga'ta awanu kirabika nga e'gye lyali dene nyo, bwogerageranya akatundu kensi akaitibwa Bukono akali mu Gombolola emu yoka.

Awo Bwana Grant ne'gyerye baita mu Bugweri nebagukira ewa Kisiki e Busiki gwali mwezi nga gwa February 1897.

Awo Bwana Grant nga atuse kumu'ga Nawaibete gwegugwo Kitamwa gweyagamba nti wetulisisinkanira n'Abazungu abo, awo ma'gye negatala negasasamira olusenyi lwona. Naye nga e'gye lya Kitamwa era naye yenyini bali, bamaze okumulira okulumbibwa okwekitalo okuja okuva e Bukaleba, era nga

EBYA UNYI OBA NKONO.

OMUZUNGU Grant yenyini nabama Saza 4 baja namagye gabwe.Kitamwa ne gyerye n'Abamibe kyebava baduka obudnsi awatali nakulwanako nakamu koka.

Awo Bwana Grant naiagira ne'gyerye mumbuga ya Kitamwa eye Nabitula kumu'ga e Nawaibete natasangamu muntu nomu.Awo nalagira egye okusasanira wona mukitundu ekyo okunonya Kitamwa n'okumukwata,abo abakungube n'abazirale abamusigula.Era Kabusera mutabani wakitamwa ye yagenda mangu eri Bwana Grant namutegeza byona era neyeyanjula nga ye bwatali mujemu,awo Bwana Grant natesa okumutuma agende anonye kitawe amulete, awo Kabusera nagenda, naye teyamulaba kubanga yali asomose omu'ga Naigombwa nagenda e Bulamogi ewa Zibondo gye yekweka.Awo Bwana Grant yalowoza nti adukide munyanja, olwokubanga abaserikale era negye eryabami babuganyiza ekitundu kyona ekye Bukono nebatalaba Kitamwa.

Mr.Grant kyeyava alagira abaserikalebe okukuba emundu eyomuzinga omutono mu nyanja nga basinzira kulusozi Kiseuzi,nebakuba amasasi gagwo nga gagwa munyanja Ntakwe eri wakati wa Bulamogi ne Bukono.Era nemunyanja eyawakati wa Bugwere District ne Busoga District. Enyanja ezo kakano ki'ga bu'ga. Naye mukisera ekyo nga nenyanja dala eziitibwako Nama-to,era nga zirimu ebizinga abantu Abakenye kwebazimbanga amaka gabwe nebabera eyo munyanja enaku zona okutusa Bwebajibwayo Gavumenti, nti mpo'zi Mongota aja kubakwata.

Naye Omuzinga tegwakola kubi kumuntu yena eyo amasasi gyegalaganga. Wabula kyali kyakutisa butisa, eranga kyekyali ekigambo ekigya eri abantu okuulira Omuzinga, abantu bakirowoza okubera e Ladu. Olwedobozi lyokuvuga kwagwo okwegyano.Omuzinga ogwo gwatisa nyo abantu abaguuliranga nga guvuga nebadukira wala nyo, abasinga obungi badukira mu Bulamogi nemitala eBugwere District.Awo Zibondo naulira nti Kitamwa adukide mu Sazalye kyeyava agenda mangu namukwata, namuwayo eri Mr. Grant.Awo nasalirwa omusango olwokujema okwo, nabera mukomera lya Gavumenti e Bukaleba. Mubiro ebyo nga Kitamwa ali mukomera e Bukaleba byebyali ebiro ebyokujema kwa Baserikale aba Nubi abajemera Bwana Macdonald eyali akuba Mairo mu (East Africa) Kenya nga ali kulugendolwe okukola omulimugwe.

EBYA UNGI O A NKONO.

Awo Abasudans Abaserikale bwebajemera mu Kenya,baja mangu namanyi nga Ba'ta abantu mukubo mwebaita,era nokunyaga ebintu, okusinga nga banyaga byakulya.Awo nebatuka e Bukaleba awatali kumanya nti baja, nebaingira ekigo kyabasibe e Bukaleba.Awo nga baingide ekigo nebalaganyisa abasibe bebasangamu nti,singa mukiriza okutubera mu sumululwa mwena,awo abasibe nebababera,bona nebasumululwa; Naye Bwana Macdonald ne Bwana Jachson era na Abapanjabi abasiba ebitambala kumitwe nga baminze ebirevu okwetolola oluba lwona, abo baja n'Abazungu babwe ababiri nga baja bagoberera Abaserikale Abasudans abajemye,okutusa bwebatuka mukigo e Bukaleba. Awo Kitamwa bweyamala okusumululwa Abasudans abo abajemu,teyakola nga bweyabasubiza,naye yaduka budusi nadayo ewe, eBukono. Yasanga Obwamibwe buweredwa mugandawe Kyiro Mutyaba II,awo ate Kitamwa nakungan,a abasajabe nalwanyisa Mutyaba II namugoba nakonyawo obwamibwe nate. Ate utyaba II nagenda e Bukaleba nayanjula nti Kitamwa amugobye kubwami obwamuwebwa.Naye olwokubanga byali biro byakulwana nabajemu Abanubi mumwaka gwali 1897 nga gunatera okugwako. Ebigambo byaimirirako okutusa mumwaka 1898,nga olutalo luwede;awo Bwana Grant nagaba Owesaza Miro-Ngobi okutwala Kyiro Mutyaba II mubwami. Naye Miro yenyini teyagenda naye yagaba musajawe Sulemani Kakuma omuganda eyaja,yomu ku Baganda abaja ne iro nga akomawo mu Busoga okuva mu Bunyage eBuganda.

Awo S.Kakuma negyerye ne Mutyaba II,nebatuka mu Bukono, basanga Kitamwa nga yetesetese nebalwana naye,e'gye lya S.Kakuma lyasinga amanyi nerigoba erya Kitamwa.Awo MutyabaII nawebwa obwami bwa Nkono nate, Kitamwa nagenda e Bukedi gyeyadukira.

Ate Kitamwa bweyaulira nti S.Kakuma azeyo ewabwe awo nuleta e'gye nalwanyisa Mutyaba II namugoba ku bwami nate, Kitamwa nabera Nkono omulundi ogwokusatu.Naye utyaba II nadayo e Bukaleba eri Abazungu nabategeza nti agobedwa nate,awo Bwana Grant nagaba Miro-Ngobi nate okuzayo Mutyaba II.Naye era kumulundi ogwo Miro teyagenda, naye yagaba mugabewe gweyagaba oluberyeberye S.Kakuma,nagenda okuzayo Mutyaba II mubwami.

Ate era basanga Kitamwa negyerye nga bali bulungi nebalwana nyo, era Kitamwa teyasobola nagobebwa omulundi guno ogwokusatu.

EBYA UNYI OBA NKONO.

Oluvanyuma Abami bona abebitundu byabwe nebetesa okukwata Kitamwa, nebatekawo abakesi nebamukwata nebamuwayo eri Abazungu ,nasaliriwa omusango nasibwa enyaka ebiri,gwali mwaka 1899-1900. Asumululwa nga ekigo kimaze okujulirwa okuva e Bukaleba okukireta e Iganga.

15. Nyiro- Mutyaba II Matya obwami bwamugandawe Kitamwa eyagobebwa olwobujemu.Era Kitamwa bweyawala okusumululwa yaziizibwa okudayo e Bukono naye Ibondo nakuwa ekifo kumutala Mutege gyeyali ebangalye lyona awamu nemubaaniwe Mabusera,okutusa bweyalabibwa nga akadiye nyo nalyoka azibwa yo e Bukono mumwaka 1910.

Nyiro Mutyaba II oluvanyuma yasoma Edini ya Protestant nabatizibwa erinya Isaya.Awo naitibwa Isaya Nkono.Nabera kubwami nemirembe,okutusa Gavumenti bweyalaba nti ekitundukye kitono tekituka kubera eSaza lyoka, awo nga mumwaka 1907 nekigatibwa ku Saza lya Ngobi e Kigulu.Isaya Mutyaba II nafuka Mumyuka we Saza lye Kigulu. Ekitundu ekyo kyaga'tibwa ku Saza lye Kigulu olwobulungi bwomulimu gw'Omwami Nikola Tega.Era nobuulizebwe,yagaziya e Saza Kigulu.Isaya Mutyaba nga kyaje atandike okufuga obwa Nkono mumwaka 1899,yadira emitala mingi mukitundukye nagigabira Abaganda olwokwagala okumukumanga,okuva awo nanyweza Obwamibwe okutusa mumwaka 1924 January 1, lweyaumula nga akadiye nyo. Yayagala mutabaniwe Tito Mugalya II eyali akola mu Medical Department Jinja atwale obwamibwe, naye olwokubanga engeri eyokugaba obwami empya eyekizungu yali eingide munsi okulonda omuntu asanira.Bwetyo Gavumenti Enkumi ne Gavumenti Enzaliranwa zasubiza okuwa omwanawe oyo obwami bwalirabika nti atuse. Era kubanga Gombolola eyo yali nkulu nyo yetaga muntu agisobola.Awo Omwami Zadoki Gumba eyali Omutaputa we Boma kyeyava alondebwa nawebwa Obwami bwa Nkono.Naye teyawebwa byabusika ebyolulyo lwa Nkono ebyo byali nga bikyali ne Isaya Nkono yenyini, kubanga nga tanaba ku'fa.Wabula ye yawebwa bwami bwoka obwa Gavumenti, Isaya Nkono yasigaza emitalagye egyobutaka mweyaumulira.Ebigambobye ebyenkomerero byamuletera omukisa,Omwami Isaya Nkono yawebwa Medal ya Kabaka we Bungereza eyiitibwa The King's Silver Medal eya Wadungavu, era ebirobye ebyoluvanyuma yazala abana bangi nyo okutuka kubana 42 baliwo okutuka kukufakwe nga balamu, mubo abasinga okubera wakati wemyaka 6-10 nga bebangi.Kwekugamba nti yasinga kuzala nga aumude mumirimugye egyokufuga.Okutusa lweya'fa mumwezi gwa March 26,1935,

EBYA UNYI OBA NKONO.

Nazikibwa ku March 30th.1935. Omwami Tito Mugalya II namusikira, eyali eyakamala emyaka 2. okufuna Obwami bwa Gombolola e Nawandala.

16. Tito Mugalya II nalya Obwa Nkono nga asikira kitawe Isaya Nkono, T.Mugalya yaigirizibwa nga muto mu Somero lya Balangira School e Kamuli lyeriryo eryafuka oluvanyuma Busoga High School, oluvanyuma lyerifulidwamu Busoga College Mwiri okumpi ne Jinja.

Mukuigakwe teyalekebwanga mabega, olwekyo mukubuzibwakwe yaita bulungi nagenda mu Kings School Budo mumwaka 1917 April lyeriryo eryafuka Kings College Budo. Tito Mugalya nga ali eyo yalaba nti Gavumenti yetaga abavubuka abato okwegata mulutalo okubera mukibina kya Africa Native Medical Corps (Name) Bwatyo Tito Mugalya yali omu kubalenzi bomu Somero lya Kings School Budo aberonda boka nebewayo okugenda mu German East Africa okujanjaba abalwanyi. mumwaka 1917, gwali mwezi gwa May mwebagendera.Omwami Tito Mugalya newankubade olutalo lwagwa ye yasigala mukibina kyabasawo be Uganda nakola nobwesigwa okuva mumwaka ogwo 1917 okutusa 1935, January nga akolera mukibina kyabasawo. Era nga yemudugavu omukulu mubane bona abakola mu Dwaliro lya Gavumenti e Jinja, era yawebwa Kings Silver Jubillee Medal mumwaka 1935 May 6th.

Oyo yemusika wolulyo lwa Nkono, sibwami nga bwekyalinga eda oluvanyuma yawebwa Gombolola yabwe mu 1937, January. nagatibwa Kabusera Jan 1938

Balubale abakulu mululyo lwa Nkono ye Mukama ne Unyi.Abo boka bebalubale bolulyo olwo abasibwamu enyo ekitibwa. kwekuganba nti basinza bajaja babwe abeda aboluberyeberye Mukama ne Unyi, omwanawe. Abo buli Mwaka bawebwa Ente emu buli omu, ebera Nte nkazi enungi esanira Balubale (oba Emisambwa Lusoga.)Abo kigambibwa nti entabala za Baganda 3, zatukako mu Bukono zezino :-

1. Olutalo lwa Kaira,lwafuluma Bukoli, Abaganda abo banyaga ebintu bingi nyo, lulinga lwaliro mubiro bya Kabusera oba ebya Muzetya, Abantu bangi abatibwa.
2. Olutalo oluitibwa Owe-mali, lwali mubiro bya Kemba, lwafuluma Busiki, era abaganda abo bebata Isiko Nagwere Omwami we Busiki, nga batuse mu Bukono banyaga ebintu bingi nyo era neba'ta nabantu.
3. Olutalo oluitibwa olwa Namutwe, olusi baluita nti olwa Mupere, lwaliwo mubiro bya Kemba, banyaga Ente, embuzi,Abakazi,abadu, era neba'ta abantu bangi nyo.

EBYA UNYI OB NKONO.

Era abaganda abo basomoka nebatuka emitala wa mukedi. Abantu abakopi abayatikirira mu Bukono olwobuzira bwabwe bebano :- 1. Kibande, 2. Ikabyo, 3. Kaluya, 4. Habe, 5. Mutagaya, 6. Itungulu, 7. Kamaigu, era nabalala bangi abatajukirwa manya gabwe, okuva kuwokutano okumalako bebaliwo nga bebazira kubiro bya Kemba okutusa ku Kitamwa.

Abazira abo balwanyisanga amafumu amanene amalungi amampimpi, nga libera fumu lya kitibwa mukulaba, liwagalwa neribera nobwogi bwakitalo era nga babera nengabo ezitekebwako ebikwizi bye mbuzi oba e'diba lye Nsolo e Ngeye edungi enyo, Engabo neyonjebwa bulungi dala era nebera ya kitibwa okulaba, omuntu aitibwa omuzira nga asanira okubera nebyo, nayambalirako ediba lye Igo oba erye gaye. Afumu eryengeri eyo nga omuntu wamanyi omuzira ainza okufumita engabo nagiisamu nefumu eryo.

Abantu abalala abalwanyi bakwatanga amafumu agengeri yona era nengabo nga gyayagala. Abamu nga bulwanyisa mumida mukiro kyefumu. Omuunda ogumu nga guweza futi nga 20 obuwanvu, nga gusongolebwa bulungi neguba nobwogi nga empiso omumwa ogwo negugatiwa negudugaziwa nenziro yokuntamu oba munyale gwomunju oba ekirala, olusi gwasigibwangako erangi emyufu, era nga gubera mugusu nyo nga gufumita Engabo neguitamu negukwata nomubiri. Amafumu agasinga obungi galinga magazigazi agaweza Inches 2 oba 3, obuga'zi, obuwanvu nga guweza futi 6½ okutuka ku feet 9, nga gawagalibwa nyo negabera nobwogi obwekitalo. Era nga gayonjebwe nyo.

Ebyempisa z'Obufumbo, nemere, nenzimba, nenfuga, era nebirala bbyafenananga ebyomu Busoga yona bwebiri, waliwo olugero olugamba nti wakati wa Unyi ne Kabusera waliwo abami abalala abafuga kubwa Nkono abawera 8 abatajukirwa bulungi manya gabwe.

Llubogo 870

24

EBYA ZIBONDO.

Esula 4. 6

1. Ngambani yali mwana wa Mukama, Mukama oyo yeuyo Kabaka we Bunyoro, Mukama okutuka mu Busoga yaja nabanabe bano nga bazale era nga bakulu :-

Okali eBukoli, Ibanda eKigulu, ne Ngambani e Bulamogi era ne Unyi eBukono. Naye Zibondo Ngambani yalekebwa ne Unyi eBukono. Kubanga kitabwe Mukama nga asomose omu'ga Mpologoma natuka eBusoga nabanabe abo, yatambulatambula wona mu Busoga nga ai'ga, naye yaleka Unyi ne Ngambani ekamakoko mu Bukono kumwalo oguva eBukedi, mubiro ebyo bali kyebaje bavubuke obulungi, nebabera abagasi bemizanyo bakaingo. Era nga okui'ga ensolo gwemulimu gwoka gwebakola, neba'tanga nyo Enjovu nyingi bulijo, abantu babwe nebalanga enyama eyensolo nga yemere. Naye bali bamanyi emirimu egyengalo bo benyini nga okuwesa, okubumba, okuluka, era n'okubaja, naye kyoka emirimu gyasinganga okukolebwa abantu babwe.

Oluvanyuma abantu abali emitala we Kiyanja Ntakwe gwemu'ga oguli nebauliranga/ wakati wa Bukono ne Bulamogi, ebigambo kubantu abagya abali Enamakoko abafuluma eMasaba, awo nebatumayo okutegera kyebakola, nebalaba nti balina ekitibwa kinene nyo, era bafu'zi. Awo Nantamu ne Musosa abali abakulu mubantu abatula emitala mu Bulamogi nebaita omu kubo, awo Ngambani ne Unyi nebatesa, naye Unyi nagamba Ngambani nti gwe oba ogenda eBulamogi, kubanga olaba wano wafunda tewatumala gwe nange, ganda tunalabagananga, kubanga siwala gyogenda. Naye tewerabira okujanga okunkyalira nange najanga, kubanga olaba tuulide nti Baganda bafe abalala bali wala nyo, naye ate kitafe yagenda wala gyatutamanyi, abo gyebali fe tetuulira ebibafako, olwekyo tekitugwanira okuleka okukkyaliragananga. Awo Ngambani nakiriza ebyamuganawe nagenda nababaka abaja okumuita nga alina bano abakungube :-

1. Muweya nga yemulunzi wenteze. 2 Tweli nga ya Katikiro, oyo namuwa namuwa mukifo Isalo namuwa nengoma zimukubirenga 3. Nyoro oyo namuwa mukifo Gadumire namuwako ekitunda, oluvanyuma kyaitibwa Panyoro amakulu nti ekya Bunyoro, kubanga bona abasoka baitanga nti Bunyoro. Naye kyali Bunyoro, oluvanyuma enukuta B. nefuka P. olwokulwawo nga ekozesebwa songa teri mubiwandike kyekiva kiitibwa Panyoro amakulu Bunyoro. Era ekitunda ekyo wekiri nekakano, oye Nyoro yeyali omukubi wengoma ya Ngambani. Naye Nanko-la yali musaja wa Ngambani nga kajawe, bwatyo naja naye namuwa ekifo Buinda, naye oluvanyuma abana bbe Ngambani olwokulaba nga kitawe teyafumbirwa bawala ba Nanko-la nabo nebatabafumbirwanga, okutuza mubazukulu babwe.

80000/1

EBYA ZIBONDO.

Oluvanyuma ekika kya Nanko-la nekibula neyefula Owengabi nekakati. Ngambani nga afunye Bulamogi yasokera okuberako Izinga ewa Kantamu eyamuit gyeyava nagenda mukifo Buguge nakuba ewo embugaye nafula Kantamu okubera omusaja omutaka,oyo Kantamu yali atula ku kazinga akatono akali kumu'ga apologoma akaitibwa Izinga,kuwanga Square Miles 2, zokaokukatukako oita mumato nekakati.Oluvanyuma akazinga ako kaitibwa erinya edala nti Kyabakaire, amakulu nti ekizinga ekyabantu abeda kwebasokera.Era kukazinga ako Ngambani kweyasoka okubera era nasembezebwa nyo nanyini kizinga, Kantamu.Oluvanyuma Kantamu yasomoka emitala kulukalu lwe Bulamogi nafunayo ekifo nakolayo amaka,naye nga obutakabwe buli ku Kyabakaire era Nantamu bwa'fa gyebamuzika mukabira,era nekakati kikyakolebwa bwekityo.

Ngambani yalina omukyala omu erinyalye ye Mangibasa,gweyawasa mubasaja bomunsi eyo Bulamogi,naye yaja nga alina nyina erinyalye Nanyango,oyo omukazi Mangibasa namuzalira omwana owobulenzi namutuma erinyalye Nyabong'o.Awo Ngambani natambula okwetolola ekitundukye nga agaziya obwakabakabwe . Bukisera ekyo Gabula yali agazia ekikye,era Tabingwa naye bwatyo,era ne Muzaya.

Kigambibwa nti ukama yafula Ngambani okubera omukulu,kubanga Wakoli ne Ngobi baletanga ebyamizizo okuwonga eri Zibondo, nga olusi baleta omuvala omuto owe Kundi edene, nefumu , ne Ngabo eyekikedi,awo Zibondo nabasabira omukisa.Olwekyo Ngambani nafuka omukulu kubane abo,kino kyakola ebanga dene okutuka ku Mukunya II. Mubiro kyn ebyo Abalamogi baitibwanga Banyama oba Banyamatoko.

Ngambani na'fa nga akadiye nyo,kyoka nga ensiye tenaba kukulamu bantu nga nsiko njerere,yazikibwa mumbugaye eye Buguge, Nyabongo nasikira Kitawe yasinga kwagala kulima nyabong'o 2 nga akera nyo okulima ensuku,era nga obude busiba ali eyo gyalima,nga gyalira emereye.Era abantube bwebajanga okumulaba bagendanga eyo gyali nga alima,era nga batuse eyo nabo yabakozesanga.Awo abantube baiga nyo okulima,ensi nebera nime abantu nebeyongera abavanga e Bunyoro era ne Bukedi.Naye ate yalina olutalo wakati wa Bakedi naye,abajanga okwenyagira abantube,nokutwala enyama gyebaiganga era Namasanga.

Omukazi gweyatuma erinyalye Wamwoyo-mweru,amakulu nti omuntu alina ememe eyekisa esasira omulala ali munaku(mulimu Olulamogi, (oba olupakoryo) Wamwoyo mweru gusugirya agairye.Owememe eyekisa alamusa akaba,obaalamusa ajude amaziga mumaso.

10/500/1

EBYA ZIBONDO.

omukazi, namuzalira omwana wobulenzi namutuma erinyalye Isoba. Amakulu galyo nti aja empola olusi akutwala wena. Isoba yazalirwa mumbuga ye Buguge, era Nyabong'o gyevafira nga akadiye nyo. Kutabaniwe Isoba namusikira.

5. Isoba nasikira kitawe Nyabong'o, nabera mumbuga eye Buguge, kyoka yalina emitawana mingi nyo, kubanga yalina omululu ogwokugazia ekitundukye nalwana entalo nyingi, era nalumba Nkono Ntumba namulwanyisa, olutalo lwali mukifo Kasokwe, kubanga Nkono yali asomose omu'ga Naigombwa natuka emitala wa Bulamogi natwala emitala gyona egiriranye omu'ga okutuka e Kasokwe okumpi ne Kaliro, nga atute ekitundu kyona okutuka ku Ngobi. Olutalo olwo okukya nga Isoba yemugobi, era nalwana nentalo endala nyingi, kigambibwa nti yalwanako n' Gabula e Kagulu. Era nalwana nyo n'Abakedi. Olwentalo ezo enyingi nakadiwa mangu, naye yakadiwa nga alina abanabe, omu kubo yeyamusikira eyazalibwa omukazi gweyawasa mukika kya Banyoro abe Banyoro, erinya ly'Omukyala terimanyidwa, omwana erinyalye yali ye Bwoye. Isoba na'fa omwanawe Bwoye Namusikira.

4. Bwoye nga asikide kitawe Isoba, yajulula embuga nagenda agikuba kumutala Lwamboga mumainja, natunuliza Buguge, ate nakuba endala kulusozi Lubulo, olwokwagala okusemberera okumpi nemyalo egyali ku Mpologoma nga agenderera okuziiza Abakedi abajanga okui'ga munsiye, kubanga Abakedi bajanga bulijo okui'ga Enjovu, era ate olusi nga baja ne'gye nebanyaga ebintu bya Basoga Abalamogi, kyeyava aja e Lubulo okumpi n'Omwalo, era nate nekyokusatu yayagala okulengera nayagala azimbe kulusozi olwo Lubulo ainzenga okulengera ensi endala mu Busoga ne nemitala wa Bukedi.

Kigambibwa nti okuva ku Bwoye, okutuka ku Mukunya I, waliwo abami abatajukirwa bulungi mubo, ye Kige, Lubogo, Isoba II, Wandira, Wako I, ~~nabo bo abatamanyidwa nanya.~~

Kwabo abogedwako amanya tebalina bigambo ebibogerwako ebyobulamu bwabwe era nabanabwe abatamanyibwa, abo Kige, Lubogo, Isoba II, Wandira & Wako I, babalibwa nga abalya kubwa Zibondo, ~~awamu nabalala abatamanyidwa manya~~, abo 5 abogerwako amanya gabwe tebatekedwa mulunyiriri lwabo abalya kubwa Zibondo, ~~naye abo abatajukirwa bulungi mu~~; nolwekyo omuwendo mukendevu okusinga bwebandibade.

12503/1

EBYA ZIBONDO.

5. Kige
6. Lubogo I
7. Isoba II
8. Mandira
9. Nako I

1002 Ensanga eyerabiza amanya agamu nobutajukira ebyaba'fako, kakavunkano akaliwo wakati awo akentalo enyingi nga mubiro bya Bwoye okutuka ku Mukamya I entalo zaliwo nyingi okulwana n'Abakedi,Gabula, Ngobi era ne Tabingwa.

5 ~~10~~. Mukunya I yeyasikira omu kubami abo abatamanyidwa,naye oluvanyuma kyakyusibwa naitibwa nti yemusika owa Bwoye.

Mukunya I mubiro ebyokufugakwe yateganyizibwa nyo okulwana,okusinga bebantu be Bukedi,basomokanga omu'ga Mpologoma nebaingira mukitundukye baletanga okuteganya okwabuli kisera,nga entalo tezisalawo.Era Nabanyoro abali kulubalama olwenyanja Kyoga ku Northe wa Bugabula bajanga bulijo okulumba Zibondo.Abanyoro abo baitibwa Bapakoyo. Bwatyo Mukunya I nafumbanga nyo okusala amagezi okuziiza abalabe abo.Era oluvanyuma yetuma erinya eryategeza abalabebe era nabantube nti tewali anamusobola,erinya lyeyetuma nti Nabwanda.Amakulu gerinya eryo Nabwanda nti newankubade abalabe bamanyi mangi okunsinga naye ye alina amagezi mangi okubasinga,tebaja kutwalâ nsiye. Bwanda gwemu'do obu'de,ogumera okusinga mubifo ebikalu oba mubifo awasinga okubera obuinjainja,oba olusi awalala wona, kale'no omu'do ogwo bwogutema nogusala kunsiko oba nogwanika mumusana omungi bwogalekawo okumala akasera ogenda okulaba nga gulose nga gulese emirandira gyagwo.Enkuba bwetonya nnyo negubera nga ogusimbidwa mukifo ekyo.Era ne Mukunya I bwatyo bweyalowoza okufanana nga omu'do ogwo,yamanya nti abalabebe bamala manyi gabwe okwagala okutwala ensiye nti naye tebaja kugisobola balikoma boka nebasirika.

Bwatyo Nabwanda yajulula embuga e Bubulo nagenda agikuba mukifo Mpambwa nawasa omukazi gweyagya mukika kyabe Nyonyi e Nyange abaitibwa Banyanga, era omukazi oyo erinyalye yaitibwanga Nanyanga amakulu nti nkuu owe kika kya Nyanga.Omukazi oyo nazala omwana naitibwa erinya nga eryakitawe, naye era Mukunya yalina abakazi bangi abalala abali bajude embuga 5, nga buli mbuga eri kumpi okuweza abakazi 450,kubanga buli mbuga emu nga ewena amayumba 20-35 ate enju emu eyomukyala omukulu einza okuberamu abakyala 15-20 nokusinga abo nga abakyala abaletebwa okuwongebwa oba okubagula ensuku zebitoke oba okubagula ebyalo oba abaletebwa olwemisango egyengeri nengeri,

1400/= 14700/=

EBYA ZIBONDO.

1700/=

olwekyo embuga zajulanga abakazi bangi nyo. Era olusi nga abakyala abo nabo bagenda ewabwe nebaleta abawala baganda babwe, Kubanga omuntu okufuna abakazi abangi kyekyalinga ekyobugaga munsi yona eya Busoga. Awo Mukunya I na'fa nazikibwa mumbugaye empya eye Kpambwa.

12.6 Mukunya I nasikira kitawe Mukunya I. Era yalina abakyala bona abali aba kitawe, era mubo mwemwali omukyala erinyalye Nairuba eyalina omwana owobulenzi erinyalye Wako. Era yalina abana abalala bangi, Luwe, Mukunya, era nabalala.

Yali muntu eyaingirwamu omwoyo gwa kitawe nga teyeralikirira kigambo kyona, era nga tatya newankubade nga waliwo olutalo, oba ekintu ekimutisa nga teyekanga, yali musaja omugumu mu mutimagwe, nga a'fude yazikibwa pambwa awamu ne kitawe.

2200/= 12.7 Wako I namusikira Mukunya I. Wako I yali ajude bedu omwoyo gwa
15 500 jajawe Mukunya I, era nga abuganye omusaigwe, amangwago neyetuma erinya nti "NABUGUZI BWA NTAMA" BAGULA NKIRA. amakulu galyo nti okugula endiga ogobererako bunene bwamukira gwayo. Kwekugamba nti omwami okumuita omwami asanira okubera owempisa enungi era agaba abantube. Naye nga siwamugaso eri abantube, ani awetaga okubera omwami nokufuga abalala?

Ate oluvanyuma yetuma erinya edala nti "FUDU" amakulu galyo nti, aina ebimala obulungi sija kutegana okulumba abalala kubyabwe, buli muntu asanira abere nekikye kyafunye so sikutwala kyamulala ekitamuweredwa.

Kubanga ensolo eyo efude (Enfudu) erina byeyebika ebigimala, wona webera eisirira awo nga eri mukiuwo kyayo. Enfudu singa omuntu agikaba (agikanga) eriko wekweka omubiri gwayo, oba enkuba etonya oba omuzira guja mungi, yo Enfudu eyimirira weyagala nga yekweka mubyayo. So teteganya era nensiye gyalina emumala, tewali nsonga eyandimuteganyiza okwongerwako, anti nga abakazi balina bajula kwenkana n'bakazi abalala abasigalayo mubyalo oba abasaja abalala.

Bwatyo yakuba embuga endala kumutala Gadumire awali ekisozi Wataka. Bwatyo Wako I neyebaka nga akadiye nyo, yafuga nemiremb dala, yayagalibwa nyo. Kubanga mugandawe Luwe yeyandisikide kitabwe Mukunya naye olwekyejokye nga abantu tabalowozako, nga aba'ta nyo nabatalina musango, Wako kyeyava alondebwa nga ayambibwa abakungu nawebwa obwami obwa Zibondo, newankubade yeyali omuto, naye okulondebwakwe kwali kutufu, kubanga yafuga bulungi nyo.

16600

BB A ZI GHDO.

aB.N BA MUKUUA I[illegible]E NO.

1.	Luwe	E	Kabwikwa
2.	Mugonyi	"	Namulungu
3.	Kyang'oli	"	Bupyana
5.	Musuga	"	Wampobo
6.	Dulu	"	Nampingwe
7.	Gwaka	"	Kakosi
8.	Kairima	"	Bulima
9.	Muleju	"	Buyonjo
10.	Kaseru	"	Isalo
11.	Dongo-Kampere		Buyuge
12.	Kako	E	Gadumire
13.	Katende	"	Kyani
14.	Mugaju	"	Nameje
15.	Kakolwa	"	Nakaboko
16.	Ntende	"	Nakwangala
17.	Ibanda	"	Busambeku.

aTE BENO B BAla Ba WAKO IE:-

1.	Buyodi Kige	E	Buyodi
2.	Ikona	"	Nabigwali
3.	Kaluya	"	Buluya
4.	Mukunya	"	Bulumba
5.	Bwoye	"	Bulumba
6.	Nadoi	"	Bulumba
7.	Muleju	"	Kisiki
8.	Nkolwa	"	Buluya
9.	Naita	"	Buwangala
10.	Galimu	"	Nawampiti
11.	Naluvulunguti	"	Kibuye
12.	Nyago	"	Kibuye
13.	Nsabagwa	"	Nawampiti
14.	Mpaule	"	Bupeni
15.	Ibanda	"	Nawaikoke
16.	Kamanya	"	Bufuganyonyi
17.	Mukunya	"	Kisinda
18.	Musiba	"	Busulumba
19.	Ikona Naigobya	"	Nabigwali
20.	Kunya	"	Nsamule
21.	Baga	"	Buyuge
22.	Bamutya	"	Panyoro
23.	Walifugani	"	Panyoro
24.	Tentebera	"	Buyuge.

20800

209007

EBYA ZIBONDO.

ABANA BA WAKO II ABAWALA BE BANO :-

1. Nyakana, 2. Buya, 3. Nadongo, 4. Nyakato nabalala.

ABANA BA KISIRA DEBANO :-

1.	Isakwa	E	Busanda
2.	Bwoye Wambuzi	"	Natwana
3.	Gonza Kitabanga		Kanankamba
4.	Yakobo Muloki	"	Nabitende
5.	Mutabanewani	"	Kanankamba
6.	Makere I Kunya	"	Namaleaba
7.	Makere II Mudola		"
8.	Mukunya wambuzi	E	Nabitende
9.	Yakobo Nkonte	"	Nabikoli
10.	Muzinge	"	Nangala
11.	Nabeta	"	Iwagalo
12.	Napera	"	Butege
13.	Napera II Wako	"	"
14.	Hesa	"	Buguge
15.	Wako	"	Kibwiza
16.	Kiganira	"	Bwayuya
17.	Pokino	"	Bwayuya
18.	Kagwabi	"	Nawaikoke
19.	Kezekiya Wako	"	Buluya
20.	Erisa Wako	"	Kaliro
21.	Manweri	"	Butesa
22.	Dongo	"	"
23.	Mupada	"	Nairika
24.	Kubonaku	"	Bwayuya
25.	Kisajaki	"	Nakwangala
26.	Polina Nyanzi	muwala	
27.	Mirieri Nyanzi	"	

EBYA ZIBONDO.

ABANA BA MUKUNYA W MAGUZI BEBANO :-

1.	Mukama		E	Bugonza
2.	Ezekieri	Tenywa	Wako III	Kaliro
3.	Saulo	Wako	"	Kanansaike
4.	Kosia	Mupada	"	Natwana
5.	Girada (Gerald)	Kisira	"	Gulamubiri
6.	Nekemiya	Kisira	"	Bulyakubi
7.	Malyamu	Nawango	"	Muwala
8.	Maliza	Balungi		Muwala
9.	Eseri	Kaboli		"
10.	Tabiza	Nyanzi		"
11.	Ana	Buya		"
12.	Buya			"

EBYA ZIBONDO.

Enda omuvava Y.K. Lubogo

Mukunya I Zibondo.

Mukunya-I Kige, Lubogo, Isoba I, Isoba II, Mugongo, nabalala.

Kige Kabinga, Wagwahansi, nyina ye Maiso owekika kya Namuhya-kala

" Mukunya (Kaira) Nyina " Maiso " " " "

" Wamulekeire

" Gumula

" Isoba Kinyonyi Gonzabato

" Tu-ta Muwala , Tibaga. Namuhyakala.

~~Mukunya"Kaira. Isoba Kinyonyi~~

	Mugulusi	Mwana	wa	Mr.	Kaira.
Y.K.	Lubogo	"	"	"	"
A.	Kige	"	"	"	"
B.	Isoba	"	"	"	"
Y.	Kunya	"	"	"	"
M.	Kunya	"	"	"	"
A.	Kisajaki. W.	"	"	"	"
	Wambi Wilkins	"	"	"	"
Eresi	Namuhyakala	"	"	"	"
	Nzala	"	"	"	"
	Nzala	"	"	"	"
	Ikesa	"	"	"	"
Doloka	Kaboye	"	"	"	"
	Tyobo	"	"	"	"

EBYA ZIBONDO.

Ensiye nebera mudembe eryekitalo neyeyongera nejula abantu. Bwatyo na'fa nga muwanguzi dala, mumwaka 1863 nazikibwa mumbugaye empia eye Gadumire.

Kisira mutabaniwe namusikira, eyazalibwa omukazi erinyalye Nanyanzi owomukika kya ba Nanyanzi. Kisira yasikira kitawe nga muvubuka muto nga wamyaka abiri mwetano, y ali alina ekifokye kitawe kyeyali amuwade kumutala Bwayuya. Nga asikide kitawe nakuba embuga mukifo Kumbya, kakano ye Kaliro. Era kye kifo ekyafuka ekikulu mu Saza Bulamogi, embuga eno yakubibwa yo lwansonga 2, (a) Waliwo omulangira Kige Muyodi mutabani wa Mukunya II yali atula kumutala Buyodi e'da ogwaitibwanga Bugodo, nafuga ekitandu kinene ekiweza emitala 20, okutusa kunsalo ye Luuka neye Kigulu, neye Bukono.

Naye Omulangira oyo yali yefude kye Twala yeka, awo nga Kisira asikide kitawe teyasima kusala mu Sazalye, awo awo newaberawo okulwana kunene bulijo. Naye Kige yali musaja mulwanyi mulungi nyo nga muzira, awo Kisira yalaba alemedwa nakwana abazira abalungi nabaleta, omu kubo ye Kanene eButege, Kidang'a e Kanankamba, nabalala nabagya e Luuka. Awo nebalwanyisa Kige Muyodi nebamugoba nebamugyako ebyalobye byona, wabula nalekerwa omutala gumu gwoka Bugodo ye Buyodi Kakano.

Awo Kisira kyeyava akuba embuga mumitala egyali egya Kige Muyodi e Kumbya or Ikumbya.

(b) Knsonga endala eyakubisa embuga eyo e Kaliro kubanga ekifo kiri kumpi ne Saza Kigulu erya Ngobi. Kisira kyeyava agikuba kunsalo olwokuinza okusinziranga mweyo ekukuma ensalo eye elwokutya nga ayagala okuziiza Ngobi aleme okusuka ensalo okuingira mu Bulamogi.

Kisira yasikira kitawe nga mumwaka 1863, yafugira emyaka 35, na'fa, mubirobye Abazungu webatukira mu Busoga. Era mumwaka 1890 Kisira yagenda n'Abami bangi okugenda e Bukaleba munsi ya Luba. Abazungu gyebali balonze okuzimbayo ekibuga kyabwe ekyobufu'zi bwe Busoga. Era yazimbayo embugaye, era buli mwaniwe yazimbayo embugaye. Era natwalayo abapakasi bangi nyo okuzimba ekibuga kya Bazungu abafu'zi, mubiro ebyo byona W. Grant nga kizimbibwa Abami bona abe Busoga. Bwatyo Kisira Natuliro dala eye e Bukaleba ebangalye lyona.

30200

30300

EBYA ZIBONDO.

Mubirobye waliwo okulwanagana kungi, era Busoga yali efunye Emundu nyingi,bwatyo abasirabe nabawa emundu; Nalumba nyo Tabingwa, nga basinga okulwanira kumutala Nantamali ne Balike,era ne Kyambaya.

Lwali luuu Tabingwa bweyagoba egye lya Zibondo,nayokya embuga ya Zibondo, eye Nawaikoke.Naye ate Zibondo nalwana nyo nagikomyawo, nalyoka azimbamu enyumba gyeyatumba erinya lyayo Kalegere. AMAKULU NTI OMUTEGO. Nti singa Tabingwa akwata kunyumba eyo aliba yekumide omuliro ogutazikira. Era enju eyo yawangala nyo okutuka kubiro bya Nambuzi nga ye Zibondo.Kubanga abalabebe bwebajanga ekiro okugyokya yabalemanga olusi yafukanga Kibira ne babulako nebatagiraba,olusi bagirabanga nebagitekako omuliro nete'gya songa yazimbibwa namiti egyabulijo,era neserekebwa nesubi.

Yali nekulungirivu nga enziuba eyeda bweyalinga , yagitekamu omukyala erinyalye Saba,oyo ye yazala Omulangira erinyalye Muzinge,yagizimba mumbuga ye Nawaikoke. Entalo zali nyingi nyo kului olwo olwe Nawaikoke,kubanga Gabula yayagalanga okutwala ekitundu ekyo,ate ne Tabingwa nga akyagala,bwekityo olui olwe nerubera olwentalo enjerere.Naye nalonda Abalangira abamanyi,abasira nabagabira ebitundu ebinene enyo buli omu, nga bano :- Nkolwa, Naluvulunguti,Kuto,Galimu, Muwangala ne Kabinga, nabalala abatonotono,abo bebanyweza ekitundu ekiitibwa Mwang'a obutatwalibwa Gabula newankubade Tabingwa.

Entalo zaliwo mu Buganda mubiro bya Kisira,zezali entalo za Abaisiramu nga balwana naba Protesitanti,olwentalo ezo eza Baisiramu okuba enyingi bwezityo, mu Buganda, Abaisiramu abamu baduka okuva munsi yabwe Buganda nebasasanira ebitundu byensi endala. Era n'Omuisiramu omu erinyalye Ali Lwanga yaduka okuva mu Buganda naja okwekweka mu Busoga,naja eri Kisira amukweke,bwatyo Kisira yamukweka mukyalokye eGadumire mukitundu ekiitibwa Isingo.Awo Ali Lwanga nga atuse eGadumire, eyagenderera okwekweka naigiriza Edini ye Kisiramu,gwali mwaka 1888. Edini ye Kiisiramu okutuka mu Bulamogi nekakati yeyongera bweyongezi.

Kisira yasima okufuna omusaja oyo Ali Lwanga,kubanga yaleta ebigambo ebigya ebyali tekimanyidwa mu Saza eryo, nga Edini ye Kisiramu,songa Edini endala zali tezinaingiramu.Okufumba Sabuni,ekyo kyeunyisa nyo abantu okulaba e'jovu nga eryo,nekibeunyisa, nyo,okwoza engoye ne Sabunieekyali tekimanyidwa.

32400

EBYA ZIBONDO.

Bwatyo Ali Lwanga nayozanga engoye za mukamawe ne Sabune gwafumba Era nokufumba enyama mungeri empia,okulabirira ebintu byona ebya Kisira.Naye kubyo kaingo wabyona kwekufuna omuntu amanyi oluswahiri ainza okulwogera, yeyali Ali Lwanga Omuisiramu,eyali amanyi okwogera eki Swahiri ekyendani ekyewala.

Bwatyo Kisira nga amaze okufuna omusaja owengeri nga eyo,yalaba nti afunye omuntuwe gwamatumanga eri Abazungu,kubanga ebiro ebyo tewaliwo mudugavu ainza okwogera olulimi olwomuzungu lwenyini wabula Oluswahiri.

Awo Kisira nafula Ali Lwanga omukulu munyumbaye mubuli kigambo, ate namufula omukulu we Bisolo oba ebintu byona byona ebyabanga byetagibwa eri Abazungu nga gwe mulimu gwa Lwanga okubitwalayo oba okuleta amaulire nategeza ekyetagibwa okukolebwa,naye olwokubanga okufuna omuntu owengeri eyo kyali kyamuwendo nyo,ebanga teryaita dene nekirabika nti A.Lwanga emirimu gye Bulamogi egye Saza erimu tegimumala,awo D.C. namutwala okumugya ku Zibondo namufula omutaputawe,era nampala omukulu webigambo byona ebyabadugavu. Okutuso Bweyafulibwa Owesaza eluvanyuma olwokukola ebanga edene,yawangala nyo,nafuna abakazi ebikumi nebikumi, nafuka nga Kabaka wa Busoga, buli kyeyalagiranga nga kikolebwa mangwago.Naye yazala abana naitirima oba benkanawa; Tewali eyabategera muwendo newankubade ye yenyini. Mukisaketekye enyama kyekyali ekyekuzanyisa,olunaku lwase ente 5 olwo Omuisiramu ali mukisakatekye ategera nti talina-ko nyama gyanalya,wabula oku'ta ente nga 6, oba 7, olwo enyama lwelabikawo,anti enyama eyo yali yabuli lunaku n'Omupunga nga bulinga ekyokulama ekyetagibwa okutukirizibwa.

Kisira yafuga bulungi ensiye,nebera nesanyu nejulira dala abantu nga tewali nsiko eteri nimo.Era yalina empisa,nga bwaulira awali ensiko, yenyini asituka nagendayo nagiraba,awo nagirima yona nalyoka agigabira omuntu omulala. Ekyo kyawalirizanga buli muntu alina ensiko okugirimira dala yona.Era ensiye nebera eyekyengera ekiitirivu mubirobye,nateka nateka,era erimu kumatekage tewali mwami oba omuntu omulala okutulanga kuntebe,eryo yalimyweza nyo wabula ye yeka, abantu abalala Abalangira Nabakungu nga batula ku maliba gabwe.

33907

340-0

EBYA ZIBONDO.

Yeyasinga ba Zibondo bona abamusoka okubera nabana abangi abalenzi n'Abawala, era yabagabira ebyalo okubabunya bona abalenzi. Bwatyo nakwatibwa endwade eyali eyakatuka munsi nga mpia, eyaletebwa abakyalabe nga bagigya mubasaja abagya abaja nga ali eBukaleba, yendwade eye Nzuku, endwade eyo nga kyeje etuke mu Busoga, abantu bagambanga nti efumbibwa bufumbibwa muntamu nebalyoka bawa abakazi okulya nga bwebalya enyama.

Awo omukazi oyo alide bwagenda eri omusaja yena neyega'ta naye endwade emukwata mubusaja obuko nemuzimbya obusaja, era tainza kufuka ma'zi, newankubade okugenda okweyabya, kasita alwala bwatyo nga bakiita nti Nzuku. Naye bagamba nti ekifumba okuvamu enzuku, nti omuntu ayagala okufumba Enziku, anonyereza obuuka bwona obulina obusagwa nga Enumba, Enjuki, Kabasa Ensolosozi, nobuntu obulala obwengeri nga eyo, awo bwamala okubukunganya naleta nedagala lyagya mu mirandira gyemiti namalagala gemiti, oba agomu'do oyo gamanyi yeka, nti mwemuli amanyi agaleta enziku, awo nabiga'ta nobuuka, natekamu nenyama ntonotono nafumba.

Ebyo bwebimala okugya nga afunye Enziku, buli mukazi alirya, oyo aba afunye eyali era ainza okukwasa omusaja agenda gyali neyega'ta naye. Naye edagala eryo nga teriribwa basaja wabula abakazi boka. Bino byakolebwanga abasaja bamu Saza lya Luba boka. Naye kyakoma kubanga bategera oluvanyuma nga endwade ye Nziku yaja bu zi nabantu abagenyi/Abaswahiri n'Abaindi era n'Abazungu nga tebabuzeko.7

Bwatyo Kisira bweyakwatibwa endwade eyo, nemuluma nyo, naye olwobutabawo dagala erimanyidwa olwendwade nga eyo, empya kyali kizibu okugiwona, bwatyo na'fira e Bukaleba mumwezi gwa September nga 18, 1898. Omulambogwe gwatwalibwa e Bulamogi. Negusikibwa mumbugaye e Kaliro.

24, 7 Mukunya II# naye oluvanyuma yamanyibwa nga ye Wambuzi olwerinya lya mugandawe Wambuzi gweyasikira, lyanyaga erinyalye erya Mukunya. Bwatyo nalondebwa okusikira kitawe Kisira, naye waliwo Abalangira n'Abakungu abatakisima, era kyaleta empaka nyingi nga tanaba kutekebwawo okubera omusika, abalala bali basima Namuyonjo asikire, abalala nga basima Musiba nabalala nga basima abalala. Naye Katikiro Nsembesa ne Kanene, ne Talenga bebasinga okusima Wambuzi, atc bebakungu abali abamanyi kubanabwe. Bwatyo Wambuzi nakakasibwa okubera omusika wa Kisira ku 5th. October 1898.

35600 Wambuzi nga asikide kitawe Kisira, yayagala okufuna ekibina kyabavubuka okumubera okujemula abami abo abalala abatamwagala, kyeyava ah akunganya

35700/2

EBYA ZIBONDO.

nyo okusinga ba Zibondo abali babadewo, nga ekisakatekye kyona kijude, yebesiga nyo, nabera wakinyumu ekiitirivu. Engeriye, yasinganga kwesiga bavubukabe, era nga kyebatesa kyakolerako,bwatyo nabawa obuinza obusukirivu okusinga obubwe, nga buli muvubuka ainza okunyaga, oba okugenda nasiba omulangira oba omuntu yena awatali nsonga nene. Era nga omuvubukawe ainza okunyaga abakazi babasaja abakopi oba ababamibe natafayo okumubonereza, bwatyo neyesigama kumpisa za bavubukabe boka. Ensi yona nebera mubuinza bwa bagalagala abo.

Naye yasinga okutula Bukaleba eyali e Boma, noluvanyuma e Iganga, ate oluvanyuma eJinja, nga okukyukakyuka kwe Boma za Gavumenti bwekwalinga. Mubirobye enjala enene eitibwa "Mugudya" weyajira mumwaka 1899- 1900 ya'ta nyo abantu bangi,era enzige zajira mukisera ekyo.

Wakuma embuga zona ezobwa Zibondo,era nabakyala bona nga bwebali, anti nga baitirivu, okubala nga empisa eyokuwasa kw'Abami bwekwalinga,mubirobye abantu batanula okutamwa e Saza Bulamogi, nebasenguka okugenda muna Saza amalala. Okusinga basenga mukitundu kye Bugabula ekya wansi, ne mukitundu kye Busiki,ne Bukono,batonotono nebagenda e Kigulu, olwokuisibwa obubi okwabagalagala, kubanga olwokubanga bavubuka abato nga tebamanyi kwaula mubantu abasanira okujogebwa nabatasanira. Anti okujoga kwatukira dala nekubataka abakulu,Embuzi nante nebirala ebyemizimu oba ebyaba Lubale byanyagibwanga. Abakyala abakulu nebatawebwa kitibwa,nga abavubuka abo abana abato nga tebamanyi muntu mulala mukulu mu Saza, wabula Wambuzi yeka.

Wambuzi yali mufu'zi wamanyi nga tatera kugwamu myoyo olwekigambo kyona. Lwali lumu nakwata Abaserikale ba Gavumenti nabasiba nabakuba nabanyaga nebyabwe,songa mukisera ekyo okukuba omuserikale wa Gavumenti olinga okubye Omuzungu yenyini nobwami tobusulamu, nemulujegere oingiramu, ebyo Wambuzi teyabityo,yabakuba nga ekigo kikyuse kiri Jinja. Naye oluvanyuma etutumo lyatuka eri Bwana Grant Collector we Busoga nti Zibondo ayemenye nyo ensiye anyaga buli muntu atalina musango,akyusakyusa abami mubifo byabwe ebyobutaka, awatali nsonga. Tasamu bamibe kitibwa,wabula yesiga abalenzibe abato bebononye ensi eyo,mubiro ebyo Gavumenti yali emaze okuwereza Omwami Serwano Twasenga okumubera nokwetegereza ebyo ebikolwabye,gwali mwaka 1906 April. Ate olwokutegera nti simu'fuzi mulungi awo Gavumenti nemugoba natwalibwa e Bukedi mukifo Kakolo mumwaka 1907 mumwezi gwa July,munsi ye Bugwere District nga Gavumenti etya okumuleka mu Busoga olwokukola obubi abantu.

EBYA ZIBONDO.

Ebyo gyeya'fira olwokuberayo omwaka ogumu,ya'fa mumwezi gwa August 1908. Endwade eyamu'ta yali ndwade ya Nsiku eya'ta kitawe.

Nga Wambuzi amaze okugobebwa Obwami bwe Saza nebusikirwa mutabaniwe Ezekiari Wako, eyali ali eMengo High School nga aigirizibwa.Naye E.Wako teyafuga Saza okutusa mumwaka 1914 mu April lweyakwasibwa eSaza nga amaze okuigirizibwakwe,kweyamalira mu Somero King's School Budo, kakano eriitibwa King's College Budo.

Nga E.Wako akyali mu kuigirizibwa, e Sazalye Gavumenti yatekamu omukumi Serwane Twasenga eyali amaze okuwerezebwayo e'da,omwami oyo S.Twasenga yali mutabani womusaja aitibwa Wakoli ,oyo S.Twasenga nemune aitibwa Nikola Tega bali Basoga naye munjogera yabwe nga tebakyagala wabula nga beita Baganda,N.Tega yeyasoka okuja mu Busoga n'Owesaza Miro-Ngobi bweyali akomawo okuva e Buganda,awo nga afuse Owesaza lye Kigulu, mugandawe S.Twasenga namugoberera. Naye olwokubanga ensi zona ezawansi wa Kigulu zawebwa Omwami oyo N.Tega okuzirabiriranga, kyeyava alonda eyo mugandawe S.Twasenga okumuwa e Bulamogi nga amujulula e Busiki gyeyali.

Bwatyo Serwane Twasenga natandika okukuma e Saza Bulamogi, nga alikumira E.Wako okuva mumwaka 1907,oyo nakola bulungi dala, okusinga enyo yasayo omwoyo okufula abantu bona abomu Saza eryo okubera Abasomi. Yazimba e Kamisa ne Kerezia nemisigiti negijula buli kyalo kyona,ekinene nga kiberako Ekanisa 2 oba 3 nekerezia bwezityo.Bwatyo abantu nebasoma nyo, Abaigiriza bangi nebatumibwa okuigiriza mu Bulamogi.

Omulundi gumu S.Twasenga yatanzibwako mu Gavumenti olwakuzimba enyo ebizimbe by'Edini,yatanzibwa Rs. 50 ze Shs 100/- yayagalibwa nyo abantu yali musaja we Dini wasu,era omunyikivu mukakola.Naye era kului olulala teyayagala kulya kubintubye, newankubade byajanga nga ama'zi, nga bisinga okutwalibwa Abaganda abajanga okuva eBuganda,anti yalina e'gye dambirira nga embuziye agitwala mukatale nagyako mutwe nasebusa, anti enva yasingaNga kulya Ntula. Naye mukukolakwe yali kaingo,yalina omugogwe Na'bambula gweyakubisanga Abami.

EBYA ZIBONDO.

Omulundi gumu nalaba nga akuba omuntu, yatekawo abakubi babiri omu nga aimirira erui nomulala erui, nabuli muntu nga alina omugo mumukonogwe oba ekiboko awo nalagira okukuba, bombi abo abaimiride nebakuba omuntu omu agalamizibwa,nga bakuba emigo oba kiboko bituka kumubiri mumpalo,songa tewali muwendo ogwemigo eginakubwa oyo azi'za omusango.

Kamalanga gakuba okutusa Omwami bwalagira nti balekere, nga amaze okutegera nti akubibwa ali bubi nyo, oba okutusa akubibwa bwazirika.Era abakubibwanga bona tewalingawo ainza okuimuka natambula mukisera ekyo, wabula okumwetika obwetisi okumutwala ewe.

Mubirobye waliwo enjala mumwaka 1908.Enjala eyo yabuna wona, Gavumenti yaleta emere y'Omupunga n'Omuwemba okugabira abantu bona.Era bangi nyo aba'fa abatainza kutuka eri emere ya Gavumenti mubifo ebyatekebwawo okugabiramu emere eyo, enjala eyo eyitibwa "EKYAUTAMA"

15.10 Ezekieri wako Ili yalondebwa okusikira kitawe Mukunya Wambuzi, nga agibwa mubana bane, lwakubanga yali aigirizibwa kubana bona aba Wambuzi, nga ali mumikono gya Missions, olwekyo kyeyava alondebwa kubanga ebiro byabafu'zi abawanyi okusoma n'okuwandika byali bituse.Era abalenzi abalala bangi abali bagidwa mu Busoga yona okuva mubuli Saza okubatwala okuigirizibwa muma Somero gazi Missions.Naye okusinga bali abana babami abakulu boka abasabibwa obusabibwa,era Gavumenti neragira buli mwami yena okuwayo omwanawe omu agende aigirizibwe. Bwatyo ne Wambuzi yalagirwa, yasoka okuwayo omwanawe omulala erinyalye ye Mukama,oluvanyuma yamugyayo kubanga yali amwagala nyo,nomwana oyo olwokubanga yayagalibwa nyo kitawe yalaba nga tasobole okubera ewala na kitawe, nokukonesebwa emirimu nebirala okufanana nga omu'du. Kyeyava Wambuzi alonda omwana omulala ye Wako Tenywa,omwana womukyala erinyalye Alikumusuta, owekika kya Bagweri wakuwa namutwala eri Rev. T.R. Burckley,oluvanyuma eyali Archdeacon Burchley.Bwatyo Wako nasoka okubera mu Somero erye Jinja,oluvanyuma yaingira Mengo High School,ate nagenda mu King's School Budo mumwaka 1911 nga gutandika,gyeyamala emyaka 5 nafuluma mu December 1915 nakomawo eBusoga.

Mumwezi gwa April 1914 nakwasibwa omulimu gwe Sazalye nga gugibwa mubukumi bw'Omwami S.Twasenga,ye, S.Twasenga nafulibwa Omumyuka wa E.Wako.

40

40109/2

EBYA ZIBONDO.

Awo E.Wako nga alide e Sazalye yagoberera ebigambo byona S.Twasenga nga bweyakolanga,newankubade nga yalina abavubuka bona abali abakitawe, naye teyabagoberera mumpisa zabwe, naye yabera nabo nga bebalenzibe abakulu mukisakatekye. Abamu kubo nabawa Obwami obwa Zigombolola n'obwami obulala.

Yasanga nga ensiye abantu abasinga obungi bamaze okusenguka, era nabalala beyongerayongeranga okusenguka,kubanga abalenzibe beyawanga obwami bali nga bakyalina empisa eye'da,olwekyo nebakolanga ebigambo bingiko mukyama okujoga abantu, nekyo kyasengusa nyo abantu mu bulamogi,naye abantu bali bafuse Abakristayo nga bafugibwa Omwami omu Kristayo.Ekitibwakye abantube kyebamuwa nga kya Kabaka. Abantu bamulira nyo,nakola bulungi ebyomugaso, bwatyo nazimba ama Somero,era ne Kanisa nyingi,era nalonda omuwala Yunia Nakibandi muwala w'Omwami Kateleiga eyali Kisiki owe Busiki okumuwasa, bwatyo nawasa mu October 1915. nga 30 za October

Oluvanyuma olwokukola obulungi bwatyo yalondebwa okuva mubami abama Saza Abasoga okubera President we Busoga mu January,1919. Bwana J.R.P. Postlethwaite bweyali nga ye D.C. we Busoga nga Bwana F.Spire ye P.C.E.P. oyo yemwami Omusoga yenyini eyasoka okufuga Busoga yona nga egatidwa wamu. Kubanga Semei Kakungulu omwami Omuganda yeyasoka okugifuga bweyagibwa eBukedi,ate okutusa Gavumenti bweyamutamwa nemuzayo eBukedi,awo Busoga nefugibwa Olukiko olwatulanga e Jinja,nga buli mwami Owesaza aja namala ebanga lya mwezi gumu nga alufuga,okusala emisango gyona gyona egiva muma Saza gona age Busoga,era nokuwa ebiragiro ebiva eri Gavumenti,nokumala empaka zona zona, naye nga Omwami oyo abera wansi wa D.C. wa Busoga nga yamuwa ebiragiro byona ebyetagibwa okukola mu Busoga.Awo omwami Owesaza oyo nanyini luwalo mumwezi ogwo nabiwereza muma Saza gona agomu Busoga nga agatako ne Saza erirye.Awo ebiragiro nebiryoka bibuna.

Okutusa E.Wako bweyafulibwa Zibondo okubera President,empisa eyabamu ba Busoga abama Saza okujanga okufuga Olukiko lwa Busoga mumpalo ne'fa, oyo E.Wako naitibwa President wa Busoga,noluvanyuma Gavumenti yakakasa nti aitibwe President Busoga Lukiko,naye abantu bona aba Busoga tebakisima okuitibwa bwatyo, wabula basima abere President Busoga.Naye nga era basinga okwagala erinyalye live mungeri eye Kizungu, naye nti lide mungeri ye Kisoga ayitibwe Kyabazinga nga erinya lwe Kisoga erimanyidwa obulungi nti omufu'si atwala bane bona.

KEYA ZIBONDO.

41803/2. Kyebava banyinkira okusaba enyo eri Gavumenti ekirize okukyusa ekigambo ekyo okuva mu Kisungu nokukiza mu Kisoga nti Kyabazinga,Naye Gavumenti ekyaganyi.

Mu.11. Yowasi Nyiro eyali omwana womulangira Wambuzi owe Natwana Mukunya II gweyasikira,awo Mukunya nga asikide mugandawe Wambuzi eNatwana,nabera mumbugaye eye Natwana,nakuna abana bona bona abamugandawe.Awo Mukunya Wambuzi ate bweyasikira kitawe Kisira abana bona bona aba Wambuzi Mukunya gweyasikira nebafuka abana ba Zibondo,bwetyo Yowasi Nyiro yali omu kubana abo,yawebwa Gombolola eNansololo mu Saza eryo,oluvanyuma E.Wako bweyafuna obwa P.B.L. awo nalonda oyo Y.Nyiro mugandawe okumuwa e Saza Bulamogi.Awo Y.Nyiro nalya obwa Zibondo mumwezi gwa June 1921.

Yoasi Nyiro enkulaye yali mumpi,era mutono mumubirigwe,mudugavu,yali wansonyi nyingi nga tayagala kutunulira muntu nga ayogera,era olwensonyi ezo ezamuninga obungi kyamufukire okubera ewempisa ezobutayagala kusunguwalira muntu,era nga atya nyo okusunguwaza omulala, olwebigambo ebyo okumufukira empisa byayonona enkolaye ,kubanga teyayagalanga kunenya oba okulabula oyo gwalaba nga asobya. Kyeyasinganga okwagala kwekuuliriza nga waliwo anyumya, se ye yenyini teyali mwogezi, wabula okuuliriza abo abaze gyali nga baliko byebanyumya.Olwempisa eyobusirisebwe yeyavamu akabi akamutukako okumugoba kubwamibwe obwe Saza. Kubanga yalina Kalani gwe yasangawo nga Kalani wamusolo owa E.Wako. Bwatyo Y.Nyiro namukonesa nga yemuwandisiwe ewomusolo. naye kalani yalina emageni okusinga mukamawe bwatyo oyo Kalaniwe erinyalye Yairo Bwoye natandika oku'banga kunsimbi Rebate somusolo mpolampola,era natandika n'oku'banga ensimbi z'Owesaza eza ~~Katale~~, era abantu nebatandika okwesiga Kalani okusinga Owesaza.Awo nebatoresanga Kalani ensimbi ezengeri nengeri olwokulowoza nti nwesigwa nyo,nayatikirira nyo nti yenagaga alabisewo mu Busoga, munjuye nga mujude ebintu ebyomuwendo,okulyakwe nga kwakibina ekisoka wagulu mu Busoga, neyerabisa nga bwasingira dala mukamawe Owesaza.

Ebintu byeyalina nga Owesaza tabirina,okulyakwe nga Owesaza takutukiriza naye olwamagezi amatono Owesaza geyalina teyategera nti kalaniwe gwawa empera entono Rs. 25/- (Shs 50/-) buli mwezi ainza okukozesa ebintu ebiweza Rs.50. olunaku olumu,newankubade era Owesaza yategezebwanga nti Kalaniwo a'ba nyo ensimbizo ozimusabe olabe,era nezomusolo gwa Gavumenti azirya,Omwami Y.Nyiro teyakiriza ebyo, kubanga yatyanga nyo Kalaniwe

EBYA ZIBONDO.

Nti nga gweyebuzako ebigambo ebikolebwa mu Saza,nga oyo bwatawa nagezi tewali kikolebwa,newankubade oku'ta embuziye,kalaniwe yeyalagiranga. Okutuza D.C.Bwana Sullivan bweyalagira abami bona abama Saza okukomyawo tikiti zomusolo zebawebwa awamu nensimbi ezisolozebwawo, gwali mwezi gwa May 1924.Owesaza Y.Nyiro bweyasa Kalaniwe ensimbi zomusolo ne tikiti teyamudamu,naye olwekiragiro kya D.C. wa Busoga kya muwaliriza okukwata Kalani,olwo nekivumbuka nga Omuwandisi yamala okulya Shillings eziwera 3500 emitwalo esatu nekitundu nezisobamu,songa tekuli ezowe Saza eziza eza Rebate, ne zabalala zebamuteresanga.

Okubuliriza okwoku'ba ensimbi bwezityo eza Gavumenti kwali mumikono gya Captain F.Roberts Supritendent of Police Jinja,ebigambo byona ebyokubuliriza okumalirisibwa kwalabika nti Kalani yeya'ba ensimbi ezo, sona se si Nasaza.Awo Kalani nasibwa omyaka(7). Ate Owesaza Y.Nyiro nagobwa olwobutasobola kulabirira mulimugwe ensimbi za Gavumenti enyingi bwezityo nezibibwa,yagobebwa mu October 5th 1924.

Oluvanyuma olwokugobebwa yamala enaku 5 na'fa nga October 9.1924, yafira Bugembe mukayumbake weyali asula nga awoza omusango gwensimbi zomusolo.Endwade eyamu'ta yali ya Nziku,eye'bwa eryali munda nga taimza kufuka ma'zi.Omulambogwe gwatwalibwa e Bulamogi neguzikibwa awamu ne kitawe Wambusi e Natwana.

Omwanawe Semu Bwoye namusikira nga agibwa mubanabe.Naye oyo omusika yasikira bintu byakitawe byoka,kubanga yali amaze okugobebwa nga obwami tebunaba kugabibwa,olwokubanga E.Wako akyanonyereza mubantu bekikakye okulaba asanira oku'da mukifo ekyo.Era kyamusanira yetegerese nyo, kubanga olwoku'ba ensimbi nga ezo kwaleta okukyuka kunene.Era nolwobunafu bw'Omwami eyaliwo kwali kuletede E.Wako okwetegereza enyo gwanalonda okulongosa ebyo ebyononese olwakabi ako.

12. Yekonia Kaira Lubogo ~~M~~ yeuye E.Wako gweyalonda nga amugya mu Balangira be Bulamogi.Y.K.Lubogo kitawe yali Mukunya,oluvanyuma yaitibwa Kaira olwekyejokye olwedaluke.Ate Kaira ye mwana wa Kige,Kige yemwana wa Mukunya Luwe, oyo Mukunya Luwe bali baluganda ne Wako Ki,era Mukunya Luwe yeyali owokusikira kitawe Mukunya Ki, naye olwokubanga yali musaja mulalulalu nyo omu'si wa bantu,abantu bamutya okumufula omufu'zi wabwe. kyebava balonda Wako Amuganda we nasikira obwa zibondo

4 3

4430

EBYA ZIBONDO.

Y.K.Lubogo yawebwa obwa Zibondo nga December 4th. 1924, yali omu kubalenzi Abasoga abaigirizibwa mu Normal School C.M.S.Namirembe,okuva 1912,okutusa 1913 .Nalyoka aigiriza mu Somero lya Day School Kamuli 1914.Oluvanyuma yagenda mu Somero lya Kings School Budo, gyeyamala emyaka 3, okuva 1915 okutusa 1917, mu May 1917 yega'ta mukibina kya kyabajanjabi ekyaitibwa Native African Medical Cops(N.A.M.C) kyeyamalamu emyaka ebiri nafuna obwami obwa Corpal 1917-1918. mu Feb.1919,yafuna omulimu mu Office ya D.C. Busoga Jinja Nabera Interpreter okumala emyaka 5.December nga 2nd. 1921, nawebwa Obwami bwa Gombolola Mutuba I. mu Saza lya Tabingwa Luuka, mweyamala emyaka 3, December nga 4th. 1934. nawebwa obwa Zibondo okuda mukifo kya mugandawe Yowasi Kyiro,eyagobebwa era mu March 1928, Y.K.Lubogo yakyala e Bungereza ne Italy,France, Switziland,Egypt ne English Sudan, yamala emyezi 6 ½ mulugendo olwo (Ampola) lwona nga akulemberwa Captain F. Roberts Superitendent of Uganda Police Jinja.

Y.K.Lubogo bweyafuna obwa Gombolola natandika okuletereza ekigambo ekigya okuwesa Abakopi obusulu, ate bweyalya e Saza naleta ekigambo ekigya Abami bona okukoleranga munju eitibwa Office, so sikukolera mu Bigango ebyomumbuga zabami nga bwebali bakola.

Mukusoka nga atandika,Abami bona nabantu mu Busoga bagana, nokubiita nebabita ebitali byamugaso okukolera mu Office wabula nti byakabi, oluvanyuma lwemyaka nga 3, byasimibwa buli muntu era bifuse ebikulembeze okukuza ensi mubigambo bingi nyo. Kubanga District Commissioner bweyamala okulaba nga Zibondo akoze Office, era nga emugasa, negasa nabantube, kyeyava alagira nti buli mwami wa Saza asanira okuzimba Office, mukifo ekyobufu'zi okumpi nenyumba y'Olukiko esalirwamu emisango. Bwekityo bwekyali enyumba zazimbibwa olwekiragiro.Era nezikozesebwa kubifo bya Masaza byoka, noluvanyuma Abami Bazigombolola balaba nti okuzimba Office kyekisinga obulungi kakuno Abami bona awali Obufu'zi bwabanansi bakolera mu Office's batandika okukyagala mu 1928 songa kyatandika mu 1925.

July 18 1939 Y.K.Lubogo Zibondo yawebwa obuwumbe obwa Busoga. Yemuwandika owoluberyeberye mu - Busoga. Kaye Abantube abe Bulamogi okuva ku - Basoga, Baganda, Banyoro abalibatula nuncaga bulamogi. Ekyandi nabamawanga amalala basabirwa nyo nyo okugobooko omufumi watwe. Bli mukitabazangusa, olwokukwebwa. Yfumbirwa Embogo 20. mumaku 15. Yabeera embogo 9. Yalina Bbanga kuzi - nya. Balwoze pimera 15. nabo mukama nabali.

45604/2

ERINYA BULAMOGI.

444 1

Abantu bomu Bulamogi olwokubanga bebasinga okukuma ebigambo enyobukulu obwensibuko yabekika kya Mukama,basobola okukuma erinya lyabwe "LAMOGGI" Nga bwebakuma olulimi lwabwe Olupakoyo (oba Olulamogi.)

Eda Abalamogi beitanga nti Bapakoye.Era nolulimi lwerupakoyo,nayenga lwaitibwa Olulamogi nga kisinzira kulinya lye Saza Bulamogi.

Abalamogi tebakyusakyusa linya lya Saza.Era amanya gabafuga Bulamogi gabera goka obutegata kulinya lyensi yabwe Bulamogi, nga bwekikolebwa e Bugabula ne Bukone,Bukoli, nawalala.

Lamogi lyerinya lyekika ekinene ekye Ngabi ekiri kubukika obwadyo obwa Bunyoro,ekikika ekyo kirabika nemukitundu kye Ceoli okumpi nekibuga Gulu, eriyo e Saza eriitibwa Lamegi, olwekyo kiRakafu nti Abalamogi bebantu abava e Bunyoro,era Acooli nemubitundu ebirala nga bwekinyonyolwa muntambula yabwe,

Kisanira okukikiriza nti Abana ba Mukama abaise Ngobi baja munsi muno nga bafuluma kului lwa North we Busoga, nebaja nga baingira mu Busoga.

Abasoga abamu bagamba nti Mukama okuja mu Busoga yafulumira Masaba naita mu Busoga nagenda e Bunyoro,abalala bagamba nti Mukama yafulumira Masaba,nti. Bweyatuka munsi ye Budama yalaga kubukika obwadyo, mu Bugwere District,Teso ne Lang'o,nti nga atuse e Lang'o yalinya ku lusozi (Kavari) eba Namutukula oluli mu Nyanja Kyoga nalyoka alengera Busoga ne Bunyoro, bwatyo yalaba nga ensozi ze Busoga eze Kasato, ne Kagulu nendala,kyeyava akyusa natambula nga aita kulubalama lwe Nyanja Kyoga nga adayo gyeyafuluma kubukika obwakono, natuka kumuga Mpologoma,Olwokubanga teyalina mato,era nga kunyanja Kyoga tekuli Mato yawalirizibwa ekutuka e Budama nga aise e Bunyuli, natuka e Samya,awo nafuna ekitundu kyensi ekyakwatagana olukalu okye Busoga ne Kavirondo mukitundu awaitibwa Bulugui.Awo Mukama naingira mu Busoga nalyoka atandika okugitambula yona nga bwekiri awalala.

Olwo Mukama lwagendera dala e Bunyoro nga alese abanabe mu Busoga. Naye kikakafu nti abantu abaitibwa Jo Lwoo. Bwebava mu Sudan munsi eitibwa Bahre el Ghazal, baja nga batambula munsi ye Ceoli, Lang'o,Teso,Bugwere, Bunyali,Budama, nekutuka e Kavirondo olwo abantu be Busoga lwebaita nti ye Mukama, kiinzika.

Ebya Zibwondo 44 45

Abantu abo bwebatuka e Samya, Kavirondo, abamu kubo nebaingira mu Busoga naye nga tebaitamu, so siyeyali Mukama yenyini. Mukama tavanga mu Bunyoro ekuja mu Busoga, Abantu abo basinga kutula mu South wa Busoga bebano:- Muluwe, owe Busemo, Isoba owe Bukoba ne Kasango Bukasango.

Abantu be Bugwere District bagamba nti Abalangira bewabwe bebava e Bugwere nebaja mu Busoga, okwefunira owokutula. Era nebakakasa nti erinya lye Sasa Bugweri lisinzira kukitundu kyabwe Bugwere, era ekika ekyabagwere abafu'zi bona bedira Ngabi, elulimi bogera Lupakoyo, nga Abalamogi na Bakone, na Badyebe (Badiepe) (Abapakoyo) bwebogera era nabo bwebogera. Empisa zabwe zona zona, Ezokuwasa, Kufuga, Emizizo, Emizimu, Balubale, nebirala babifananya bumu nga Abasoga. Era Empanga zabufuzi be Bugwere ekibira ekiri kumuga Mpologoma, obwo bwebutaka bwa Bazibondo.

Ekyo kikakasa nti Abantu be Bugwere District baluganda na Basoga. Era okuva eda lyona nga abazungu tebanaba kuingira munsi eno, abantu bemitala wa Mpologoma mukitundu kye Bugwere Bunyuli, ne Budama, ne Samya. Byafugibwanga bami be Busoga, kino kiraga nti Abemitala era zibebali abakulu nga Abagwere bwebagamba, wabula abe Busoga bebali abakulu, naye nga baluganda lumu. Era nga bamanyi erui nerui nti Abasoga bebakulu, kubanga tebandikiriza okufugibwanga abato, era nabate tebandyagadde okufuga abakulu, nadala nga bweri engeri ya Basoga eyeda obutayagala kugyawe obutaka bwabalala. Erinya Onyi, mu Busoga, Onyi mu Bunyoro. Owinyo mu Lang'o, Cooli, Kavirondo, nawalala erinya eryo likakasa bulungi ensibuko zabantu bomubitundu ebyo, kubanga lisangibwa munsi nyingi eziri kunyanja Kyoga, erui nerui, okutukira dala Kavirondo kunyanja Victoria era nokudayo e Sudan ensibuko yekika kya Mukama we Bunyoro esangaye erinya Owinyo gwebaita Owiny oba (Owinyo) Era eri Bito nti Ababito Abalangira nga bwekiri mu Bunyoro (Omubito) nemu Busoga. era nemunsi eze esangibwa Abalangira baye nga baitibwa Obito, obwo bubonero obutegeza Oluganda (Ekika.) Nga kyekyasibuka era negyekisasanide, olwekyo kikafu nti Abantu mu Busoga baingiramu emirundi 2. Abe abatula kunyanja nesubizinga kunyanja Balubale, ye Victoria Nyanza, bebasoka, noluvanyuma abatula kumuga Mpologoma nekunyanja Kyoga badirira, ensi eya wakati mu Busoga esinga obunene netwalibwa aboluvanyuma, kubanga bebasinga amanyi nokumanya okufuga.

Esula 8. 7

EBYE KIGULU.

NYIRO IBANDA NGOBI.

Abantu abe'da abekitundu kye Kigulu ekya Ibanda-Ngobi, abategeza kukuja kwa ukama baukana muntegeza yabwe.

Abasaja abakulu enyo,nga Nakoli Omulangira omukulu owe Kigulu nebane bagamba nti e'da enyo Busoga yali njerere wakati wayo wona, wabula abantu batono nyo abaliwo. Kumbalama se Nyanja Victoria Nyanza,neku mu'ga Mpologoma kwoka.Oluvanyuma omuntu jaja wa Basoga ye Mukama yaja nga afulumu ebubwanvuba,ekifo kyenyini kyeyafulumamu okuja mu Busoga tekimanyidwa,eba ensonga eyamuleta munsi muno.

Naye Mukama yaita mu Busoga nga alaga e Bunyoro,naye nga akyali mu Busoga yalwamu,era nawasa omukyala Omusoga gweyagya mukika kya Baisegaga abasambira,omukazi oyo yabera olubuto,naye Mukama yaleka mukasiwe oyo mu Busoga eKamige ye nagenda,oluvanyuma omukazi yazala omwana namutuma erinyalye Ibanda.

Awo omwana bweyamula nyina namutwala eri kitawe Mukama e Bunyoro okumala ebyomusizo nga empisa bweri.Nga batuse e Bunyoro ebyomusizo byakolebwa nebigwa,awo omukyala natayagala kukomawo eBusoga, naye Ibanda nayagala ; akomewo,awo kitawe Mukama namukiriza,naye mukisera ekyo waliwo mutabani wa Mukama omulala erinyalye ye Nyiro,oyo Nyiro nayagala agende nemugandawe Ibanda nasaba eri kitawe Mukama, namukiriza.Abalansi nebasitula bombi okuva e Bunyoro nebasibula banabwe nekitabwe,era kitabwe Mukama nabatekako amusajawe omukulu ye Nabala okubakomyawo abatuse eBusoga eri baganda babwe, kubanga Mukama bweyaita mu Busoga yalekamu ebifobye mu Busoga omwalekebwa abana abalala,era aga amanyi nebitundu byebawebwa webikoma ekya buli muntu,oyo Mukama gweyatekawo agende alage abo ababiri ebitundu byabwe byabawade, era nensalo yabyo.

Awe Nyiro ne Ibanda baungukira kumwale gwe Kasate Kunyanja Kyoga, omwalo ogwo kitabwe Mukama gweyasabaliramu nga agenda e Bunyoro,abavubuka Nyiro ne Ibanda ne Nabala omwami wabwe ne batuka eBugabula,nebamala okulaba kumuganda wabwe Kitimbo,bamala naye ebanga tono nebagenda e Bulamogi okulaba Ngambani,bamusanga nga ali munsiko yagenda kui'ga ensolo, nabo nebagendayo nebanyumya biagi ebi'fa eri kitabwe,ebanga bweryaitawo nebagenda e Bukono okulaba Umyi bamusanga mumbugaye eye Ungiro.

EBYE KIGULU.

Awo nga bamaze okumulabako nokumunyumiza ebyabwe nebagenda ewa Okali,bamusanga Nanakoko nebavayo nebetolola olusozi Nang'oma,eyo kitabwe gyeyaita,bamalayo olumaku lumu nebakyuka oku'da e Buyinde, nebaita mu Bugweri nebatuka e Busambira nebalinya kulusozi Nyenda eyo Ibanda gyeyaasanga bajajabe aba Isegaga, nebazimba,akaitibwa Izimba. Oluvanyuma bajulula nebagenda kulusozi eluli okumpi ne Iganga oluitibwa Kigulu,nga bali kulusozi olwo, abantu bebasanga munsi nebabera nolutalo olulwana boka naboka,naye Nyiro ne Ibanda bwebalaba olutalo lunyinyitide, nabo nebalwesamu nga bali kului lumu, olutalo oku'gwa nga tewali lui lugobye, batesa nolu-gwa nirembe.Nyiro ne Ibanda nebadayo kulusozi lwabwe Kigulu nebabera okwo okumala emyaka (3) ebiri, nebalyoka bagenda okuzimba ku Lusozi Kiroba olulie Luuka, Ibaita Bwanalira nebatuka e Kiroba, balusanyukira nyo kubanga bainzanga okulengera ebitundu byona ebyengulu newansi wa Busoga, olwokulengera ebitundu bino, Kamigo,Buluba Busiro,ne Jinja,awo batesa bagendeye balabe ensi eyo gyebalengera.

Bwebatyo basitula e Kiroba okugenda okulaba ebifo ebyo byebalengera engulu,nebatuka mukifo kitabwe Mukama mweyaleka nyina we Ibanda , era kyekifo Ibanda weyasalirwa awaitibwa Irera oba Kamigo,oluvanyuma nebatesa okugenda okulaba Ngobi- Mau, (Muzaya) eyali asigade omu yeka kubaganda babwe gwebali tebanaba kukyalira. Bwebamala okumulaba, nebatesa nga banyumya kulugendo lwebatambude,era nga baise munakuyo gona, kitabwe geyaitangamu bweyali mu Busoga, awo nebaleka Muzaya mukifo ekiitibwa Ka-to gyebamusanga,era wewali embugaye. Nyiro, Ibanda, Nabala nebadayo e Kamigo.

Nga Nyiro, Ibanda ne Nabala bali e Kamigo,abalangira bombi nebamusaba Nabala nti timase okutambula era ensi yona tugirabye nga bweri,kakano nafe twagala otuwe ebitundu byensi ebyafe wetulitula okufuga era kubanga twagala okulima ebitundu byafe.Awo Nabala nadamu nti mwogede bulungi bukama bange,naye ekyandwisawo okubawa ebitundu byamwe nalindiriranga kumala kutambula nokwetegereza ensi nga bweri nokumanya ensalo zabyo nga baganda bamwe bwebagabana,naye netezetese kakano okubagabira,kubanga ensi yona ngimanyi.

KEYE KIGULU.

Awo Nabala nadira Nyiro namuwa Kigulu,kwekumuwa emitala gyona egyawansi nga asinzira kukisozi Kigulu nokukirira emanga okutuka ku Ngambani, ne Unyi,ate kului olulala olwebuvanjuba nga atuka ku Kakaire eBugweri. Ate namugatirako ekitundu ekyengulu ekiitibwa Bunya, naye kyamuvako oluvanyuma abantu olwokweyongera.

Ate Ibanda namuwa ebitundu byensi ye Kamigo nokutuka kulusozi Mawembe, Kiroba, Buluba n'Okutuka e Jinja. Ibanda yasanyukira nyo ekitundukye, kubanga bwebutakabwe mweyazalirwa.

Abalangira ababiri bwebamala okuwebwa ebyalo byabwe buli omu, nebaukana, buli muntu nagenda mukitundukye kyaweredwa. Nyiro yasokera kuberako akabanga munsi ye Luuka mukifo ekitibwa Kantunda e Buserwanga,awo weyava nalaga ewe eKigulu.Naye Ibanda nabera e Kamigo nalwawo nyo nazalirawo abana nalyoka abagabira ebitundu munsiye, naye ye yenyini najulukuka naserengeta munsozi ze Mawembe eyo gyeyafira.

Naye abantu be Kigulu abalala bagamba nti omuntu eyasoka okuja mu Busoga erinyalye yali ye Kintu nga alina mukyalawe Nambi,oyo Kintu yava Mugulu na'ka nabera mukifo ekiitibwa Buswikira kiriranye okumpi ne Iganga nga Mairo 5 okutukawo, kiri mu Saza lya Luba. Bwatyo Kintu nga ali e Buswikira mukaziwe Nambi namusalira omwana owobulenzi gweyatuma erinyalye Mukama,oluvanyuma Kintu yava e Busoga nagenda e Buganda, naye yaleka omwanawe Mukasa e Busoga.

Mukama nga asigade mu Busoga e Buswikira,yaberayo okutusa bweyakula nawasa abakazi nazala abana bebano :- abaitibwa Abalangira,era abo bebaitibwa Abaisengobi,oba Abawongo.

Ekifo Buswikira Mukama nga amaze okukireka agenze e Bunyoro, kyafuka ekye kitibwa Nekisinzibwa buli muntu mu Busoga,olwokubanga Kintu weyatukira nga ava Bugulu.Era kiwebwa ebintu biagi ebiva wona mu Busoga, nga abakazi bawongebwa eri Lubale we Buswikira,Ente,Embuzi,Enkoko,Embugo Ensuwa,Entebe, nebintu ebirala.

Era Kintu bweyamala okuzala abanabe nga ali e Buganda yabalekayo nabula nakomawo mu Busoga, nabera mukifokye Buswikira nafira eyo.Era gyeyazikibwa.Ekifo eyo era kyekiva kisinzibwa enyo olwa Kintu okuzikibwaye. E ntana Kintu mweyazikibwa yafuka Lwasi nekakano lulubika, ekifo kyakitibwa nyo eri Abasoga. Mukama yazala abana bano era nabawa Busoga

EBYE KIGULU.

1. Nyiro, Ibanda, Ngabani, Unyi, Owali, Kitimbo, ne uzaya, abo bebana boka aba Mukama abawebwa Busoga, era abazukulu babwe bebaliwo kumasiga gabwe nga bebalangira batabani ba Mukama beyaleka mu Busoga, ye nagenda Ebunyoro, nga atuse e Bunyoro teyalwawo yakwatibwa mangu endwade ya Kawali na'fa. Awo abanabe bwebategera nga kitabwe a'fude era nga endwade emu'se ya Kawali nebagitya nyo nga bagisamu ekitibwa kinene, nga bwebaulira omuntu alwade Kawali wali bagenda nebakwata kumubirigwe awali amabwa ga Kawali nebatundula nebagyamu amasira, era Kawali nebatamuita linya lya Kawali naye naitibwa "Mulangira" nokutusa mubiro Abazungu ekuja munsi ye Busoga nga Abalangira batya Kawali.

Abantu be Kika kya Ngabi kwekuyamba nti abana aba Ababazukulu ba Mukama, singa afude entanaye bagitumaza Bunyoro, kubanga yeri jajawe, okyo kikolebwa nokutusa kakano.

1. Nyiro oyo yeyawebwa Kigulu nga ensi njerere, yasinga kutula Kukisozi Kigulu, talina bingi byeyakola mubulamubwe.

2. Ngobi ~~Lugwire~~ Lugwire Buko.
3. Obo Ngobi
4. Nyiro II
5. Lubongebonge Ngobi
6. Izimba "
7. Tambula "
8. Mawangwe "
9. Kabaka "
10. Maiso "
11. Kwalube "
12. Kiregeya "
13. Nkobe "
14. Kiwayo "
15. Nyiro III "
16. Walulumba "
17. Nsirakiindi "
18. Ibanda Ikoke "
19 Walusansa.

EBYE KIGULU.

Walusansa omo ya'tibwa Baganda,kubanga Wakoli yali mukwano gwa Kabaka we Buganda, bwatyo Kabaka we Buganda nasaba Wakoli amuwereze Mutere. Awo Wakoli naye natumira nugandawe Walusansa Ngobi amuyambe amuwe ku Mutere, awo Walusansa bweyafuna Mutere mungi namuwereza eri Wakoli,ne Wakoli naga'tako ouwe namuwereza eri Kabaka we Buganda, awo omutwalo gwa Mutere bwegwasumululwa negusangibwa nga Mpitambi, a.o Kabaka we Buganda nasunguwala nyo, naye Wakoli nagamba nti eyakola kino yo Walusansa Ngobi kubanga tanjagala.Awo Kabaka we Buganda nalyoka atuma egyerye nga atesemu omugabe erinyalye Balikumbuga Omusoga, azalibwa Luuka, nebaja basomokera e Jinja nebaita ewa Nsaiga eBukasa, nebatuka eButambogwe ewa Kyebambe, nga batuse awo nebaita Walusansa nagenda ne Katikirowe , bweyatuka gyebali nebamutegeza mangu kimwetaziso, oluvanyuma bamugamba nti tugenda emanga okutabala ono akiriza okuita ewuwo ? Awo nakiriza,awo Abaganda egye lyona nebazitula wamu ne Walusansa basula Iganga, bwebava awo nebatuka e Nasuti, bamalawo enaku 2 Omugabe we'gye lya Kabaka we Buganda naita Walusansa agende mulusizira gyali,awo Walusansa nagenda, bweyatuka gyali Omugabe nalagira omusajawe okumukuba emundu namukuba n'fa.

Embugaye nebaginyaga era nebagyokya omuliro yona,awo nebakwata omulenzi omuto mutabani wa Walusansa nebamukomba.a kumusai gwa Kitawe,okuva olwo mutabani wa Walusansa oyo nebamuita erinyalye Kanywamusai,naye erinyalye erye'da yali Nyiro, gwebakyusa nebamuita mululimi oluganda nti Miro.Awo omulenzi oyo Kanywamusai nebamutwala eBuganda nga munyage,era Abaganda abo nebanyaga ebintu bingi nyo, gwali mwaka 1879.

20. Gologolo nalya Obwami bwamugandawe Walusansa eya'tibwa Abaganda. Gologolo nafuga bulungi ensiye, ekisera ekyo Abazungu bali bali eBuganda era nga ne Busoga bamase okutukanu. Gologolo nagobebwako Abaganda abaleta Kanywamusai.

21. Nyiro IV yakomezebwawo nga ava e Buganda gyeyali okumala emyaka 13. Yali mulubiri lwa Kabaka we Buganda nabera mulangira.Naye Kabaka we Buganda bweyalaba nga Miro akuze atuse okutwala Obwami bwakitawe,awo natesa okumuwa e'gye okugenda okugoba Gologolo balyoke bawe Kanywamusai,gwali mwezi gwa April 8th.1892. Kanywamusai lweyasitula ne'gyerye okumuzaya eBusoga okulya obwami bwa kitawe Walusansa.Yatusibwa mu Sazalye,awo Gologolo nagobebwa, Nyiro nawebwa.

57

EBYE KIGULU.

Naye yalina abaganda bangi nyo abasâgala naye nga bebamubera era nabawa obwami bungi munsiye. Era empisaze zali zifuse nga akozesa za Kiganda ajerere nolulimi nga ayogera luganda, era nga anyoma Abasoga bane nga afuze ensiye yoka eye Kigulu, yerowoza okubera owobuinza ku lusoga yona nayagala abafuge. Naye bazungu abali batuse e Bukaleba nga banimbyeyo ekigo, era naye nazimbayo embugayo nga abami abalala bwebakola, nga bali eyo e Bukaleba Olutalo lwa anuBbi abaserikale abajema nerutandika, Omwami oyo yayamba nyo Abazungu mukulwana. wo nga olutalo luwede yalondebwa awaau n'abami abalala nabapakasi bangi okuzayo ebintu bya Baindi baserikale abaja okudukirira mukulwana, bagenda nabapakasi nga 5000, batwala okutuka e Mombasa, mubiro ebyo nga tewali lugudo okuva e ombasa okutuka e Uganda, Nairobi nga gwe lugini awasula abatambuze abagenda e ombasa oba abavayo, nga tewali kubonero okategeza nti kirifuka e ibuga ekyatikirivu nga bwekiri kakano. Owali mwaka 1898, nga gugwako.

Kyiro IV bweyakomawo muluge.do olwo yali mukou, nga omubirigwe gunafuwade. Era abantu bona beyagenda nabo abami abava mubitundu ebirala neba'fa, naye abapakasi bebasinga; ba'fa nyo kitalo, kubo nga ¼ ba'fira mukubo nga bagenda, ate ¼ ba'fira mukubo nga bakomawo, ate ¼ ba'fira mumaka gabwe nga kyebaje batuke. Era n'Omugabe wabwe Kyiro-Ngobi teyawona na'fa mumwaka 1899, mutabaniwe eyali omuto nalondebwa namusikira.

22. Obuja nasikira kitawe nga mwana muto owe myaka 6 egyobukulu, oluvanyuma natwalibwa Mengo High School bweyali nga akuzeko, nga aweza emyaka nga 13. Mumwaka 1902 December, gyeyaigirizibwa, okutusa lweyagenda mu Somero eryaliwo mu Uganda mukisera ekyo nga lyerisinga obukulu eryaitibwanga King's School Budo, eryafulibwa King's College Budo oluvanyuma. Gidion Oboja nabera omu kubaizi abaigira mu Somero eryo mumwaka 1912 namala okuigakwe, kumkomerero yomwaka 1914 nga ali mu Somero yali omu kubazanyi abalungi abazanyiriranga e Somero eryo mumizanyo egyalingawo wakati wa basaja Bakabaka we Buganda e Mengo nabe Somero lye Budo, kyeyasinganga okukola mukuzanyakwe kwekuduka embiro zakafuutuko 100 Yards, nemirala egira kuKiranbo ekyembiro, ekyokubiri yali wamanyi mangi nga akasuka wala akainja ekazito, era nokukasuka akapira nga tewali amuka mutwe muko, era boobi ne mugandawe Sulemani Ibanda nga bwebali mu Somero eryo, baligasanga nyo muminenyo.

53 42

EBYE KIGULU.

Oluvanyuma Oboja nga amase okuigirizibwa,yadayo okutandika okukola emirimugye egye Saza-lye Kigulu lyeyasanga nga ligaziizibwa okusinga nga bweyagugibwanga bajajabe.Omwami Omuganda Nikolawo Tega eyali omulenzi wa Miro kitawe wa G.Oboja yakola nyo nobwesigwa,Gavumenti kyeyava edira Amasaza agali tegagasa goka nagawa N.Tega okugalabiriranga,nga bwalabirira ne Kigulu. Gawera bwegati :- Bukona, Katekalusi, Kwanalira,Kisambira, namalala amatonotono enyo, n'Oluvanyuma Kisiki yaga'tibwa ku Kigulu,okwe nkomerero yali Bukono, mumwaka 1907 bweyagatibwa ku Kigulu.Awo makisera Gidion Oboja weyatandikira okufuga e Saza-lye nga aligya mumikono gyomukumiwe Omwami N.Tega,gwali mwaka 1915.

Gidion Oboja nga atandise emulimugwe egwokufuga esaza-lye,kyeyasoka okukola kwekukyawa Mission kyeyasinganga okwagala kwekunywa omwenge.Era aga asanyukira nyo okuwanibwa,olwekyo nafuna abavubuka bangi nyo abayagalanga okwefunira nga bagenda gyali nebamuwana nga bwali omu'fumi owekitalo,emulungi era nga bwalina amagezi ageunyizibwa,awo Omwami nabakirizanga mubigambo byabwe,olwekyo nafuna abantu abasinga obubi abawi bamagezi gyali.Era nga banywa nabo,Omwami Oboja nga teyeyabiza bantu abagezangako okumulabula kwekyo kyaba asobeza nga abaita balabebe,era teyamanya kukuma bintubye kululwe,nga ebintubye byona bibera byabuli muntu gwaba ayagade,olwokubanga yalina bayagala bangi nga toinza kutegera nanyini mbuga.

Mukulyakwe teyayamlanga nnyo a/ nnukulu,kumezaye kweyaliranga nga buli muntu yena omuganzi yamalanga gaja naimirira nakwata kyayagala nalya nga tanabye mungalo,olwekye nataba nakitibwa nakatono.

Okumanya nga yakyawa okuigirizibwa olwamala okukwasibwa ebintubye byona nga atesa kugya bagandabe bona abalenzi nabawala nabagya muma Somero mangwago.Songa Omwami N.Tega yali abakuma bulungi nga baiga bweyali nga yemukumi wabwe bona.Awo bagandabe bona abali mu Balangira School nabagyayo, nabali Girls Boarding School C.M.S.Iganga nabagyayo nabera nabo songa bebana abato abali betaga okuiga.

Olwempisaze zeyalaga ezitali zimu zatuka kumirimugye nga nagyo tagikolera mumakubo gagyo.Kyeyava agobebwa amangwago,gwali mwezi gwa May 1923 bweyagobebwa kubwami bwe Saza-lye,neriwebwa Omwami Yekonia Menya Zirabamuzale Omwisemenya,eyali afuga e Saza lye Bugweri,yalabika nga omulimu gwakola agumalawo bulungi nga asanira okukuzibwa.

EBYE KIGULU. 53 ~~49~~

Bwekityo Omwami G.Oboja Ngobi,nga agobedwa e Sazalye lyali litekwa okuwebwa omu kubekikakye asanira obanga wali, naye mukisera ekyo Olukiko lwensi ne Gavumenti Enkumi balaba nti waliwo Omwami omu yeka ye Daudi Nsobani omwana wa Katekalusi owe kika ne G.Oboja, yali wa Gombolola mu Saza Bugweri, Gavumenti zombi zalaba nti tanaba kutuka okulya e Saza edene bwerityo.Kyeyava awebwa e Saza lya Menya Bugweri, ate Menya nawebwa e Saza lya Ngobi Kigulu. Nga kigendererwa nti singa Omwami D.Nsobani bwalirabika nga atuka aliwebwa e Saza lya Bajajabe Kigulu nga empisa ye Busoga bweri.

23. Bwatyo Y.M.Zirabamuzale nawebwa e Saza lye Kigulu mumwezi gwa May.22 1922.Nokutusa ~~kuleeno~~ lwe yakyusibwa ga akyafuga Kigulu nga Omwami N.Tega nga akyafuga.

Omw. Y.M.Zirabamuzale yemwana wa Nyende e Buyende, yomu kubabaka 4 abanansi be Uganda abalondebwá okugenda okuwayo Obujulizi mu Bungereza kunsonga eyokuga'ta awamu ensi zino :- Kenya Colony,Tanganyika Territory ne Uganda. Ababaka abava mu Uganda bali Omuwanika we Buganda S.Kulubya,Owagombolola Namutwe,S.Bazongere.Abo kulwa Buganda. Owesaza Y.M.Zirabamuzale ono kulwa Busoga,Owesaza K. Rabwoni kulwa Bunyoro. Abo bebagenda e Bulaya mumwaka 1951. kulwa Uganda.Bamala Sabiti biri mu Bungereza, naye mulugendo lwona bamalamu ebanga lya mwezi gumu nenaku 5, eno Memolandamu ya Basoga kunsonga eyo :-

Uganda yona abantu bamu,Abazungu,Baindi,Banansi era nabalala tebasima okugatibwa kunsi endala.

Basitula April 2nd okuva e Jinja,ate batuka June 5th. e Jinja.

Esaza lye Kigulu lyagatibwako e Saza lya Kisiki ne Lya Nkono. Olukiko lwa Busoga lwalaba nti ekitundu kyama Saza ago 2, kiri wala ne Saza Kigulu lyenyini Olukiko kyerwava nerutesa nti kyandisanide okwaulako ekitundu ekimu ekyagatibwako kibere e Saza lyoka.Era lifugibwe Kisiki nga e Saza liitibwa Busiki, gwali mwaka 1926.Oluvanyuma entesa y'Olukiko yawerezebwa eri Gavumenti Enkumi. Naye tekyakirizibwa okukolebwa bwekityo, olwomulimu omulungi ogwali gukolebwa omwami Y.M.Zirabamuzale. Gavumenti teyakikiriza.

Oluvanyuma Abasiki beyongera okukayanira e Saza lyabwe lizibwewo nga bwekyalinga eda.

54

Ebye Kigulu.

Era nabantu abenda ya Ngobi owe Kigulu baletanga okusaba bulijo eri mu Gavumenti zombi nga bagala e Saza lyabwe Kigulu lifugibwe muganda wabwe owenda Yangobi e Kigulu. Gavumenti enkumi netakiriza kino mangu ,nga ekyatya okukendeza omulimu gw'Omwami Y.M.Zirabamuzale.Naye olwokubanga abasabi bombi bali nga batairira okusabanga bulijo obutakowa.Bwetyo Gavumenti yawandikira Olukiko mumwezi gwa October 1936. Nti kyandisanide okusala ekitundu kya Kibulu ekye Busiki kifulibwe okubera e Saza nga bweryalinga eda. Era liwebwe Omwami Enoka Muinda owomululyo lwa Basiki abere Owesaza lye Busiki.

Ate nga ekitundu kye Saza lye Kigulu yenyini ekye'da kisigale nga ye Kigulu kiwebwe owomululyo lwabenda ya Ngobi.Omwami Daudi Nsobani Owesaza Menya. Kakano ate Omwami Y.M.Zirabamuzale abade akola nga ye Ngobi eyo adeyo ewe e Bugweri mukitundu kya Bajajabe,Olukiko lwa Busoga lwasima mangu entegeka eyo.Era neruwereza okukakasa kwalwo eri Gavumenti Enkumi.Abasako emikono :-

Owesaza W.W.K.Nadiope Gabula.
" Y.M.Zirabamuzale Ngobi.
" Y.K.LUbogo Zibondo.
" Z.Nabikamba Tabingwa.
" D.Nsobani Menya.
" Y.Balita Luba.
" E.Wako Ntembe.

Owekitibwa E.Wako President Busoga Lukiko.

Naye Owesaza S.Mugoya Wakoli yagana okusako omukono,kubanga Olukiko lwakakasa nti nga e Saza Busiki litekebwawo kisanira Gombolola lya Mumyuka we Bukoli e Bulange esalibwe ku Bukoli ezibwe e Busiki mubananyiniryo.Era nti omutala Wangobo ogwobutaka bwa Bagweri oguli mu Bukoli era nagwo guzibweyo mu Bagweri bananyinigwo okusala nga okwo kwaluma nyo omutima gwa S.Mugoya Wakoli kyeyava nagana okusako omukonogwe kubaluwa Olukiko lwa Busoga gyerwawandikira Gavumenti Enkumi kunaonga eso.Olwanyuma nga Gavumenti enkumi nga emaze okufuna okukakasa kwe Lukiko lwa Busoga nayo yakiriza okukola nga Olukiko lwa Busoga bwerusimye okutekawo e Saza lya Kisiki, nokuliwa Omwami Enoka Muinda , Olukiko lwatula mukifo Namutumba e Busiki kulunaku lwa Wednesday 9Sept.1937.

EBYE KIGULU.

Ate kulunaku lwa March 4. 1938, nga esawa 4. 30. Owekitibwa Bwana E.A. Temple-Perkins Provincial Commissioner Eastern Province, natula ku Kituti ekyomu Lukiko lwe Saza olwe Kigulu e Iganga, wamu n'Owekitibwa Ezekieri T. Wako President Busoga Lukiko, ne Bwana O.C. Noel District Commissioner Busoga, era n'Omukyala U.N. Nadiope muk'Owesaza Gabula, abo bebatula ku Kituti mu Lukiko.

Abamasaza bona mu Busoga baliwo :-

Owesaza	W.W.K. Nadiope	Gabula	e Bugabula.
"	Y.K. Lubogo	Zibondo	e Bulamogi.
"	Z. Nabikamba	Tabingwa	" Luuka.
"	S. Mugoya	Wakoli	" Bukoli.
"	Y. Balita	Luba	" Bunya.
Acting Saza	E. Muinda	Act, Kisiki	" Busiki.

Era Nabamasaza bombi abali bagenda okukyusibwa.

Owesaza	Y.M. Zirabamuzale	Ngobi	e Kigulu.
"	D. Nsobani	Menya	" Bugweri.

Nabani Abamagombolola bona abomukitundu kye Kigulu nabava muma Saza amalala, Abalangira n'Abambeja abe Kigulu, era nabantu bangi nyo abajula Enyumba y'Olukiko, nebweru mu Kibanja kyona ekye Lukiko ne Office, ekiweza Acres 8 obumene, omwali mujude abantu abakubi beng'oma nebinyumu ebyabuli ngeri zona nga bivuga elwesanyu. Kubanga olunaku olwo lukulu nye eri Abantu bona abazaliramwa abomukitundu ekyo. Olwa Gavumenti okukiriza okukyusa okugyamu Omwami Y.M. Zirabamusale owekika kya Baisemenya nokuwa Daudi Nsobani owekika kya Baisengobi abe Saza lye Kigulu, mutabani wa Katekalusi owe Bugabula, omwana wa Nkobe, Omufu'zi we Saza lye Kigulu.

Awo Bwana O.C. Noel D.C. Busoga naimirira nga ayanjulira P.C. - E.P. neri abantu bona nti Nyanjula Omwami Daudi Nsobani Owesaza Menya okubera Owesaza Ngobi, kubanga kyekizibu omuntu okulya Obwami enaku zino. Era kyekizibu Omwami okusanyusa abantu bona, naye gwemulimu gw'Omwami okugezako nga bwaiza okusanyusanga abantu batwala. Bwekityo Gavumenti yalaba nti okusanyusa abantu abasinga obungi kye kirungi enyo, kyevude ekiriza okukyusa abami bano, bombi sirwabubi bwabwe newankubade emirimu gyabwe obutatukirizibwa.

EBYE KIGULU.

Sikyekikyo, wabula kwekugendererа okulongosa abantu nokukolera awamu nokukuza ensi awatali kuyomba.

Awo D.C. nasaba nti asaba abantu bona abomu Saza lino bafubenga okutabagananga n'Omwami wabwe, nga mumuberanga mungeri zona zona. Era kya sanyusa nyo D.C. ne P.C, E.P. okulaba Abakyala bangi nga bebamu kubantu abatude mu Lukiko, nagamba nti kiraga okukolera awamu obutaleka Abakyala emabega. Era P.C. E.P. nagamba nti Abakyala bebazade era abalezi babana, kyebava basanira okulabanga endigambo ebikulu nga bikolebwa balyoke bairzenga okuigiriza abana bobabere kuoigambo ebifa mu Gwanga lyabwe. → (Buddu's Busoga Lecture - in full)

Awo P.B.L. natuma Nayanjula Omwami D.Nsobani eri D.C. ate D.C. Nawanjula eri P.C. E.P. nti ono yewe Saza Ngobi owe Kigulu Kakano. Oluvanyuma Adresse ezasomebwa ezava eri Omwami D.Nsobani neri Abekika, kye Ngabi eye Kigulu, ezasomebwa oluvanyuma nga Owekitibwa P.B.L. (in law) amaze okwogera kulwe Gwanga lya Busoga, nga bwasimide dala. Era kubanga Gavumenti ekiriza okutukiriza okisubizo kyeyasubiza mu mwezi gwa May 22. 1922. Bweyali ewa Omw. Y.Zirabamuzale esaza Kigulu nti, Bwekirirabika nti Omw. D.Nsobani akola bulungi mu Saza lye Bugweri, kiriinzika kiriinzika okunuwa esaza lyabajajabe erye Kigulu. Awo nekitukirizibwa kulunaku lwomwezi gwa March 4, esawa nga 4 nekitundu mumwaka 1938, wali wakaitawo ebanga lyamyaka 15 nemyezi 9, nenaku 12, okuva Owesaza G.Oboja bweyagobebwa ate Omw. Y.Zirabamuzale naliwebwa. Era munjogera zona Omw. Y.Zirabamuzale yebazibwa nyo olwomulimu omulungi dala gwakoze mubanga eryo lyona awatali kabi.

Zino zenjogera ezaliwo :-

Oluvanyuma Bwana E.A.Temple-Perkins B.C.E.P. Nayogera nabitono nga ategeza abami nabantu bona nti Gavumenti yegendereza nukufuga abantu kyeva bulijo efuba okusanyusa abasinga obungi nga bwekiinzika. Nti okukyuka kuno okwalero kulungi nyo olwokusanyusa abantu, era olunaku luno lukulu eri e Gwanga lya Busoga, nadala eri abantu abekituuda kino Kigulu, nayogera nti nsanyuse nyo okuulira enjogera ezengeri zona emungi eziwera. Era Omwami Daudi Nsobani ayogede nga alaira nga bwaja okukolanga nobwesigwa. Kele kisanira otukirizenga okulairakwo okwo ogezengako oksanyusa abantu abasinga obungi.

Nategeza nti Owekitibwa P. .L. ansabye awamu Nabalangira abe Kigulu okutusa okusima kwabwe eri Owekitibwa Omulungi enyo Governor.Kale nzikiriza njija kukutusayo nga bwemunsabye..wo P.C. E.P. neyebaza Omwami Yekoniya M.Zirabamuzale emirimu emirungi gyakoze nga ye Ngobi e Kigulu,ayogende okukuza e Saza lye Kigulu.Era nategeza abantu nti Omw. Y.M.Z. takyusibwa olwobubibwe oba okulemwa emirimu,sibwekityo. Naye akyusibwa olwensonga zensi eno ezobuzaliranwa era kubanga Gavumenti yakisubiza olubereyeberye nga Omw Y.M.Z. awebwa esaza lino,kyekiva kitukirizibwa nga Omw.Y.M.Z. awebwa.

Awo Olukiko nerwabuka,newaberawo okukubwa Ekifanaayi, noluvanyuma P.C. E.P. ne D.C. Busoga n'Owekitibwa P.B.L. nabamasaza nebava e Iganga nga esawa 5-25 okugenda e Busesa e Bugweri okukwasa Owesaza Y.Zirabamuzale e Saza lya bajajabe Bugweri okulifuga emulundi ogwokubiri.

Oluvanyuma Abami bamasaza n'Owekitibwa P.B.L. bakomawo e Iganga nga esawa 7.45 ezolwegulo okulya embaga enene eyafumbibwa Abalangira be Saza lye Kigulu, eyaliko emigati,enere,Kyai,ebinyumu nabazinyi bamazina agabuli ngeri byaliwo okutusa ekiro.

Bwekityo nebigwa nga Kigulu alina esanyu eritsyogerekeka olwokufuna e Sazalye nate

24. Daudi Nsobani omwana wa Katekalusi owomwana wa Gabula. Gwolulyo lwe Ngabi eye Kigulu,nalya obwa Ngobi obwa Bajajabe, bweyalya ku March 4.1938. Nga abukwasibwa Gavamenti zombi eya British ne Nzaliranwa.Olwokugoberera engeri ne mpisa ye Ganga lyona erya Busoga nga bweryetaga okufugibwanga.

EBYE KIGULU.

Abaliwo kulwa Gavumenti Enkumi Bwana O.C.Noel District Commissioner Busoga. Yayanjula, Bwana C.W. Switzer Assitant District Commissioner Busoga.

Abaliwo kulwo Lukiko, Owekitibwa E.Wako President Busoga Lukiko. Owesaza Y.M.Zirabamuzale Ngobi, Owesaza Y.K.Lubogo Zibondo awandika ebyafayo ebya Busoga.

Okuva kulunaku 9th.Sept.1937. Esaza lya Busiki nerizibwawo nga bweryali eda. Esaza lya Nkono nalyo nerigibwa okuva e Kigulu gyeryagatirwa nerigatibwa ku Busiki nga liweza abantu 2900 abawa Omusolo.

Egula 6. 8

EBYE BUGABULA.

Kitimbo yali mwana wa Mukama,bagamba nti yali omu,kubana abenkomerero kyeyava amuwa ekitundu kyensi ekye nkomerero.

Okuja kwa Mukama mu Busoga,bagamba nti Mukama yafuluma kului lwe buvanjuba e Masaba.Ekifo oba kitawe, newankubade ensonga eyamuleta mu Busoga tebitegerekeka.Era tewali nomu ainza okubyogerako,wabula bona bamanyi nti Mukama yafulumira kului lwe Buvanjuba naingira mu Busoga; yali mutambuze munsi nga ayagala nyo okui'ga ensolo, yalina embwaze 2 zeyalinga nazo nga ai'ga ensolo,zali zamagezi nyo mukui'ga,yalina abanabe 7.Yafulumira Bukono oba Bukoli,nga amaze okusomoka omu'ga Mpologoma oguli wakati wa Busoga ne Bukedi,kigambibwa nti yafulumira Bukono,yasanga nga ensi yona eya Busoga nga njerere yadungu omutali bantu wabula ensolo enjerere ezengeri nengeri nga Njovu,Mbogo, Mpologoma.Ngo, Mpisi.Ensunu.Nnangazi.Mbi'zi.Ebibe.Enjaza.Njobe.Era nendala.

Kigambibwa nti Mukama yalina abantube beyatambulanga nabo abebika ebyenjaulo ebimu kubyo bali Bakoya,abaitibwa "Abaisebaganze "(oba Baganga,) abedira akanyonyi akaitibwa Akadnyu. 2. Ngogolo Baisemukoyo (oba Bakoyo.) 3.Isanga,oba "Baisanga" abedira enyonyi eNkofu.4.Nangwe Abaisenangwe (oba Bananangwe,) abedira embuzi ento efude.5,Kibande abe Njaza.6,Nabala, Abaisemususwa,Abasuswa bedira Mpisi.7,Ntole,Owe Mpologoma ,8.Igulu, owe Njaza,9. Bauba Nagaya abo Lugave.10,Kisule,11,Nsaiga owe Njaza.12,Mukwanga,13, Nwaikya owo Butiko,14. Namuduli owe Ngeye,oyo yeyali jaja wa Kitimbo,15, Namuinda owe Nkima,oyo yali munzi lu/ wante za Mukama nga bali mulugendo,naye waliwo abantu abalala abali ne Mukama abatamanyidwa bulungi manya gabwe.

Mukama nga aingide mu Busoga yasoka okubera kului lwemanga olwetolola Omu'ga Mpologoma.Eyo gyeyasinzira natulira dala wakati mu Busoga nga agenda atambula okubunya ensi yona wekoma alyoke agyetegereze alabe nga emmalawo, bulungi "ye" yenyini nabantube. Nga amaze okulaba usoga eyokumu'ga Mpologoma,era nokulaba wakati wayo kyeyava ayagala okweyongera ewalako engulu yetegereze nga ensi bweri,kyeyava agenda natuka Kulusozi Kigulu,nagenda atuka eNyenda,natuka mubitundu byensi ye Bunya, awo nakomawo eBulubandi (Iganga Kakano) owa Lagwe,nalyoka aserengeta nga alaga kului lwe nyanja Kyoga nga aserengeta nga omu'ga bwegugenda,

58 59

EBYE BUGABULA.

Natuka mukifo ekiitibwa nti Kabetambwa (ye Luzinga kakano), mukifo ekyo yamalawo ebanga deneko, nalyoka yejululawo nalaga e Namunyagwe eBupajsngo nakuba awo embugaye, bweyava awo, nayagala okusomoka Kiira agende emitala we Nyanja Kiira era n'owa Kyoga. Awo nasitula naunguka enyanja Kiira natuka awali akasozi erinya lyako Nakintu, kali mukitundu kye Bugerere kakano. Awo Mukama nagenda e Bunyala ne Bugerere, mukisera ekyo ensi yona yona eye Bunyoro yali nsiko njerere, era eBugerere gyeyaleka omwanawe Namuyonjo, ye Mukama yenyini nagenda nga yeyongera okutambula.

Naye Mukama bweyali nga atambula okuva mu Busoga, yagabira abanabe ebitundu ebyensi mu Busoga bwati :-

1. Ngobi-Mau Muzaya yamuwa ekitundu ekyokulubalama lwomu'ga Kiira ekiitibwa Buzaya.
2. Kitimbo I Gabula namuwa ekitundu okuva ku Buzaya okutuka kunyanja Kyoga, kyaitibwanga Butimbito, kakano kiitibwa Bugabula.
3. Ngambani Zibondo namuwa ekitundu okuva ku Kitimbo neku Nyiro, era nokugabana ne Ngobi I Munyoro okutuka ku Nyanja Kyoga.
4. Ngobi Munyoro yamuwa ekitunda ekyawakati mu Busoga ekyaitibwanga Bunyoro, kakano kiitibwa Kigulu.
5. Nyiro Tabingwa yamuwa ekitundu ekyawakati wa Ngobi Munyoro, Ngambani, Kitimbo, ne Ngobi-Mau, ekiitibwa Luuka. Naye abamu bagamba nti Nyiro mwana wa Ngobi-Munyoro, ate Lagwe ye Lubandi ye mwana wa Mukama, yeyawebwa ekitundu kyensi yengulu munsi ye Kamigo okugabana ne Ngobi-Mau, era ne Kitimbo. Kigambibwa nti Lagwe bweya'fa mugandawe Ngambni yeyamusikira, naye te asima kutula munsi eyo, awo yagireka naberayo namaka goka. Era wakyaliwo omutala gumu ogwa Zibondo okumpi ne Kiroba e Luuka, awo Nyiro omwana wa Ngobi Munyoro bweyakula natwala ekitundu ekyo nafuka omufu'si eyamala okufanana nga abana ba Mukama.

Naye abe Luuka bagana okukiriza ekigambe kino, be bagamba nti Nyiro mwana wa Mukama yenyini mxyx. Era nti Lagwe Lubandi mwana wa Kitimbo so si mwana wa Mukama yenyini naye ye muzukulu.

6. Okali Wakoli yamuwa ekitundu ekyobukika obwakono okutuka kunyanja Nalubale, ne kumu'ga Mpologoma nagabana ne Kisiki, ne Kakaire era nga agaban nabantu Abakavirondo, ate era nebika ebiri mukitundu kye Bunya. Ekitundukye kiitibwa Bukoli.

59. 5.

EBYE BUGABULA.

7. Kitimbo II eba Unyi Nkono yamuwa ekitundu ekyokumu'ga Apologoma ekiririrana Ngambani,ne Kakaire,era ne Kisiki;Kakaire gweyagabananga naye, naye oluvanyuma Kisiki namulwanyisa namugyako ebitundubye ebimu.

Bwatyo Mukama bweyaleka abanabe mu Busoga ye nagenda mu Bunyoro, yatambulira dala okumala ensi yona yona eye Bunyoro,eyo gyeyasanganga ebika ebimu ebyali biri munsi nalwana nabyo nabiwangula nafuka Kabaka, abanabe abasigala mu Busoga bagendangayo okumulaba nokugendayo nga babade nekyebagala abasabire emikisa.Kyokolebwanga bwekityo okutuka ne kubazukulu aboluvanyuma,okutusa Abazungu bwebaja munsi.

Abana abo bwebamala okuwebwa buli omu ekitundukye,buli munta yagendanga mangwago mukitundukye kyaweredwa,nga alina nabakungube kitawe beyamuwanga.

Kitimbo I (Gabula kakano,) bweyatandika okutambula munsiye yasanga ensi yona nga nsiko njerere nga temuli bantu,yasokera mukifo ekiitibwa Nakyere wakati wensozi etano, Makale, Kagwese, Mpango,Tororo, ne Kabaganya yalwawo mukifo ekyo,nalyoka agenda nga atambulatambula nga si'ga ensolo,natuka mubitundu bye Kagulu munsozi nakubayo embugaye,navayo nagenda e Naminage nakubayo embuga, bweyava awo nagenda akuba embuga eye Nawandio.Era awo Nawandio yasimbawo ejembe eriitibwa Nawandio,yalisimba okubera kintu ekyokuleta okukakanya mugandawe Ngobi-Mau aleme okwegombanga ensiye nokuleta e'gye okumulwanyisa,nga ayagala Ngobi-Mau akome kumu'ga Kiko aleme okugobuka.Era yadira abakungube nabaleka mukifo ekyo, ye yenyini nadayo emabega ku nyanja eKagulu nabera kulusozi Ingo.Era eyo gweyafira,teyada nazikibwa eyo eKagulu.

Kigambibwa nti mubiro Kitimbo weyatukira munsi eyo nga amainja gona magonvu nga etaka,kubanga kulusozi olumu kweyasokerako okulinya ye yenyini nabantube nembwaye obubonero bukyalabika.Obwekigerekye nobyabantube,webaimirira,era Omukyalawe weyafukamira nga amuwa ama'zi agokunywa era Kitimbo weyasimba efumulye n a agenda okunywa ama'zi, nembwaye weyaimirira okumutunulira ebyo byona birabika kulusozi olwe.

Embwaze zali biri ezoka yali erinya lyayo "Nalyamudi" neyokubiri "Mutumuli" era amafumage gali abiri erisoka erinya lyalyo "Kibulu" neryokubiri lyali erinya lyalyo Mani-galulagala.

EBYE BUGABULA.

Era yalina engomaze ezamuvugiranga,emu kuso yali erinya lyayo Liso-ekulu, nga alina nengalabi eitibwa erinya "Mpe-eigumba".Engalabi eyo ekyalabika nekakuno. Bwatyo Kitimbo nafira eyo munsozi,yaleka azade abanabe omukubo yeyamusikira.

2. Mawerere mutabaniwe namusikira, mubiro bya Mawerere abantu beyongera okuja mukitundu ekyo,era Mawerere yazala abana bangi dala yagaziya nyo ekitundukye era yayagalibwa.Na'fira kulusozi oluitibwa Tororo,oba Ingo.

3. Nadiope omu kubane ba Mawere namusikira,oyo naba nomululu okwagala okugaziya ekitundukye kulai lwa South East,kyeyava abera muntalo bulijo nga alwana ne Zibondo bulijo era ne Tabingwa,omulundi gumu yawangula e'gye lya Zibondo na'ta abamira bangi aba Zibondo.Era ye yenyini naoasajabe bweyalabanga nga agobye e'gye lya Zibondo mukifo Mwang'a,kubanga e'gye lyona erya Zibondo bweryaduka nerisomoka omu'ga Lumbuye awo Nadiope naye nasomoka nga aduka mbiro okugoba e'gye lya Zibondo eryali liduka nga liraga eri Zibondo eGadumire.

Naye yali esigade nga mairo 5 okutuka kumbuga ya Zibondo eye Gadumire omusaja omu kubalwanyi begye lya Zibondo eyali akoye enyo olwokugobebwa enbiro enyingi bwezityo,kyeyava ainirira kumabali gekubo nga omalako omutala Buyonjo nga okirira okuingira omu'ga Bukere,awo nalaba Nadiope nga akulembede egyeiye balaga eGadumire,namufumita efumu namanyi mumbiriri,awo Nadiope nagwa nafirawo.E'gyerye nerisitula omulambogwe okugitwala eBugabula nazikibwa e Laminage.

Naye Zibondo yanakuwalira nyo omusaja oyo eyafumita omwami omukulu nga oyo namu'ta,songa mumpisa yeasi omukulu ta'tibwa.

Zibondo kyeyava alagira okuzikiriza ekika kyona omusaja oyo eyakola ekyekive oku'ta omuntu omukulu.Ekika ekyo kyekika ekye Ngo abaitibwa Abalemo mululimi Olulamogi oba Abaisekisui mululimi Olutamba Olusoga olwawakati.

Olwokuiganyizibwa okwo okwaliwo mu Saza Bulamogi kukika ekyo ekye Ngo,abantu abedira ekika ekyo bona baduka mu Bulamogi nebadukira muma Saza amalala.Era nebeita nti Baisonga mululimi Olulamogi oba abe Mondo,okuva olwo mwa ebika ebyo byega'ta.

EBYE BU'ABULA.

6. Kagoda omwana wa adiope nasirira kitawe,olwomusai gwa kitawe adiope ogwali gumunoganye yena , tegwamukiriza kubera nirembe munsiye, bwatyo ye yalumba abuka we Buganda,kigambibwa nti yalwana nyo n'Abaganda kului olwo, era nti omulundi gumu bweyagoba e gye lya aganda nalitusa ku kyalo Kasai. ga e'gye lya Kabaka ligobedwa okutuka eyo,oluvanyuma Kabaka we Buganda yagaba e'gye edala nerigenda okulwana na Basoga abali basomose omu'ga Kiira nga baingide mu Buganda. Olwo omwana wa Kagoda eyali omuvubuka nga ali mubalwanyi Abasoga erinyalye yali Wambusi,yakwatibwa Abaganda nebamutwala eri Kabaka Suna namwokya omuliro nasirira. Era e'gye lyona erya Basoga nerigobebwa obutada Buganda lwa kubiri.

Naye Kagoda bweyaulira nga mutabaniwe Wambuzi akwatidwa era nga ayokedwa omuliro, nanakuwala nyo kitalo natayagala muntu yena okugenda gyali.Kubanga yali ayagala nyo omwana oyo nga gwayagala okumusikira, oba okumuwa ekitundu kyensi ye Buganda okuba ekikye singa agoba Abaganda mukitundu ekyo.Bwatyo Kagoda natalya mere yona newankubade okunywa ekintu kyona.Abantube, abakyalabe, nabakungu, nabalangira, nabambeja, bamwegairira alyeko kukamere naganira dala.Bwatyo na'fa enjala nga amaze enaku 9 (mwenda) awatali kulya kantu kona newankubade okunywa . Nazikibwa e Naminage awali kitawe Nadiope.

5. Kitamirike I omu kubana ba Kagoda namusikira kitawe, eyasalibwa omukazi omuzana.Era teyali mukazi mulungi mundabikaye,naye Kagoda bweyega'ta naye omulundi ogumu omuwala oyo omuzana nabera lubuto nazala omwana wabulenzi eyatumibwa erinya Kitamirike.Naye ate naitibwanga erinya edala bweyali nga akyali muto, nerinya eryo lyali nti "GABULA" amakulu galye nti Amatoke gainza obutaba Mulusuku olulime olulungi enyo,naye nebabera(mukikande?) mulusuku olutali lulungi,olutadabirizibwa bulungi,oluli munsiko?

Naye olwokubanga luli awali e'taka e'gimu edungi, amatoke gainza okubera mu Lusuku olwo.Kwekugamba nti Kagoda yega'tanga nabakazibe abalungi bayagala bazale era abekitibwa abalowezebwako,abalungi,naye nebatazala bona abasinga obulungi, naye bweyaingira eri Omuzana yafuna olubuto nazala omwana wobulenzi, Kitamirike,kyeyava aitibwanga erinya edala nti "Gabula" mulujube gaba mu Lusuku oluli munsiko" (Lusoga.)

Oluvanyuma Kitamirike bweyakula erinya eryo teryamuvako lyeryasinga okumanyibwa enyo nate,

EBYE BUGABULA.

Era naye yenyini nalyagala nyo,kubanga yali amaze okutegera amakulu galyo.oluvanyuma lyafuka erinya ly'Abami abafuganga eSaza eryo,era nerinya lye Saza nerifuka Bugabula ne kakati.

Awo Kitamirike I Gabula nga amaze okuterera kungoma y'Obugabula, yatesa okugenda eri Kabaka we Buganda okukola emirimbe naye,kubanga Kabaka we Buganda yali alina obusungu bungi eri Gabula.Awo Kitamirike yenyini nasituka nagenda eri Kabaka Suna okutesa naye ebyemirimbe.Naye Kabaka Suna teyamukiriza Kitamirike okutesa naye amangwago,era teyakiriza okumuwa ekisera okumulabiramu,okutusa Suna bweyagenda okutabala,eyo gyeyalwalira obulwade na'fa nga tanaba kumala bigambo ebyaleta Kitamirike gyali,era nga Kitamirike akyali mumikono gya Katikiro.

Nga Kabaka Mutesa asikide kitawe Suna nalyoka akiriza okutesa ne Kitamirike okumuleka okudayo euwe eBusoga,kubanga Suna yali amuku'te obutamukiriza kudayo.Mukutesa okwo Kitamirike yawayo ekitundu kunsiye okubera ekya Kabaka we Buganda,era ekitundu ekyo Kabaka Mutesa nakiwa ekitongole nti Kigulunguzi nga kiingira Mufumbiro.Era natekawo nomukulu womwalo ogwe Bugonja erinyalye Kayongo okuwozanga omwalo ogwo. Era Kabaka Mutesa nalagira nti tewabangawo e'gye okutabala Gabula,kubanga mufumbiro wange,naleka Kitamirike nadayo euwe.

Kitamirike I Gabula nga akomyewo okuva eBuganda yafuna abantu bangi munsiye,nafuga bulungi nyo,kubanga teyayagala ntalo okufanana jajawe ne kitawe,naye yamanya bulungi okutesa, abantube nebamusima olwenfugaye enungi,yalina abanabe abobulenzi 87 beyaleka nga bamaze okufumbirwa,era nabalala abato,nagabira abanabe abo ebyalo munsiye.Bwatyo na'fa;Nazikibwa eKagulu.

6. Bwamiki Kajumbula omu kubanabe namusikira,yamala ebanga lya myaka ebiri na'fa nga talina kyakozeko,nazikibwa awamu nekitawe eKagulu.

7. Kitamirike II Mutibwa omu kubana ba Bwamiki nasikira kitawe,yalwana entalo nyingi ne Babingwa era ne Bibondo,yamanya okutegeka abakungube mubifo ebyokufuga kwabwe,era yafuga bulungi abantube. Yawangala nyo,era abakungube bangi nabo nebawangala mumyaka gyabwe.

Mutibwa yali omufu'zi eyasinga okwagala okunywa enyo Enjaga (Enjaye). teyayagala okulaba omuntu gwebaita nti Mulogo,oba alina edagala eri'ta abantu.Era nakyawa nyo abenzi,yalina abasajabe abambowa aba'tanga abantu abawawabirwanga emisango egyobulogo oba egyobwenzi.T[illegible]

BY BUGABULA.

Teyasonyiwanga muntu yena eya/ Nawabirwanga mum soge oguno kumisango egyo,wabula ekibonerezo kyalinga ku'ta bu'zi. Bambowabe bali babiri, Kajankya ne Batama, Mutibwa ya'fa mumwaka 1994;yazikibwa aninage.

8. Katalo omu kubana ba Mutibwa namusikira,oyo Katalo yasigibwa mu lubiri lwa Kabaka wanga,ate Naika nasigibwa mulubiri lwa Kabaka we Bunyoro. Empisa eye'da eye Bugabula nti omwana akulira mulubiri lwa Kabaka we Bunyoro tasikira bwami,kubanga amaze okutegera bingi ebyenizizo gya jaja wabwe,nga bagamba nti aja kwerowozako nti ainza abalala bona kubanga amanyi obyabajaja babwe.

Bwekityo waliwo empaka nyingi nyo mubantu be Bugabula okulonda kubalenzi 2. Katalo eyakulira mulubiri lwe Buganda neku Naika eyakulira mulubiri lwe Bunyoro,era eyali omwana owobulenzi omukulu kubana bona aba Mutibwa.Naye kubanga abantu abayagala Katalo asikire bebali abasinga obungi, awo nebadira Katalo nebamuteka kungoma yobwa Gabula,bamutekako kiro nga empisa bwetiri eye Bugabula.

Bwebwakya enkya abantu bona nebategezebwa nti Katalo ye Gabula kakano. Okutesa okwo Naika yali tanaba kutuka okuva e Bunyoro,naye oluvenyuma Naika bweyamala okutuka obigambo nebimutukako nti waliwo abantu abayagala ye yaba asikira kitawe.Awo abantu nebaja gyali okutesa naye amangu okulaba kyebanakola okugoba Katalo kubwami bwa Gabula.Era nebamukweka Naika natalabika,era Abakungu bona abakulu aba Mutibwa nabagalagalabe bona nebagenda eri Naika kubanga yemwana omukulu,ngasikitufu okudira omwana omuto okusikira songa omukulu wali,newankubade nga waliwo empisa obutawa busika eri omwana eyakulira eBunyoro.

Olwokutesa okwo okwatwala ebanga,kyebava Abakungu batuma eri Kabaka we Buganda okumwebuzako kubanga Katalo muduwe waleme okubera empaka oba okulwana olwokugabako Katalo kubwami obwa Gabula.Naye Kabaka wanga nakiriza bumu nabantu be Bugabula nti Naika yaba asikira kitawe. Awo Katalo nagyibwa kubwami bwa Gabula nebuwebwa Naika.

9. Naika nga asikide kitawe Mutibwa nga Katalo mugandawe agidwako kubwami,teyayagala kunyiza mugandawe Katalo,kyeyaza adira emitala (5) nagiwa Katalo,wewawo abami nabalangira bona bamala okutesa nebakirizaganya bumu nebalyoka bawa Katalo emitala egyo etano.

Naika nga ali kubwamibwe obwa Gabula,teyalina mikisa mubwo,ebiro ebyo byali biro bya Bamungu nga bali mu Busoga eBukaleba,Bwana Grant nga ye mufu'zi wa Busoga.

EEYE BUGABULA.

Gwali mwaka 1895,bweyatanula okufuga, okusoka nga kyaje amale okulya obwami obwo Omwami Semei Kakungulu Omuganda yamuwawabira eri Bwana Grant nti anyaze ebintubye.

Awo Bwana Grant nalagira Naika okuwa omutango gwente (300) ebikumi bisatu,ezimu kunte ezo neziwebwa Omw. S.Kakungulu nanyini bintu ebyanyagibwa,naye kino kyakolebwa olwokubanga abantu abaganda bebalinga bebaulirwa mubuli kigambo kyona eri Abazungu,kubanga buli kalimu kona kalinga mumikono gya Baganda,era nga buli muganda kyeyategezanga eri Abazungu nga kyekikirizibwa.Abaganda bakozesanga Abazungu ebigambo bingi nyo ebitali nga byamazima,kubanga Abazungu tebesiganga Gwanga dala lyona mu Protectorate eno wabula Abaganda boka, newankubade owe Gwanga edala nga abade mutufu oba ayogera amazima olwa bataputa okubera abaganda nga oyo taulirwa, awo Abaganda nebafuna buli kyebayagalanga nga tewali abaziiza.Olwekyo Naika yawairizibwa natanzibwa ente 300 awatali kuwozako.

Oluvanyuma nate mangwago Naika na'za Omusango, omulala,kubanga Abamubi Abami aba Abasudans abali bajemye,bwebava mukigo eBukaleba nebaduka okutuka eri Naika,yabawa amato nebasomoka okugenda e Bunyoro gwali mwaka 1898, nga gwakasoka.Naye omusango ogwo yasonyiiwa natatekebwako kibonerezo.

Waitawo ekiseera kitono kyamwaka gumu abalenzibe olwobutamwagala nebasala olukwe nebagenda ekiro nebokya e Kanisa eye Naminage eyali e Kanisa enkulu mu Sazalye.Amangwago nebagenda e Iganga nebawawaba nti Owesaza Naika yayokeza e Kanisa.Awo Govrnment netuma Mr. Weatherhead(eyaitibwanga Sabaganzi we Budo) owa C.M.S. nemuwa abaserikale okugenda okukwata Naika.Awo Weatherhead bweyatuka e Naminage nakwata Naika namutwala eri Bwana Grant eyali District Commissioner Busoga namusalira omusango namusiba emyaka etano (5). Yasibirwa mukomera Etebbe,gwali mwaka 1899.

Era Naika nagobebwa kubwami bwa Gabula.Awo Gavumenti neragira abakungu bomu Saza eryo batese balonde omuntu omulala mukika kya Bagabula anatwala Obwami obwo,Abakungu bwebakungana nebatesa nebalaba nga tebagala kuwa mulala wabula Katalo nga gwebagala okukomyawo.Kyebava bagenda eri Government nebagamba nti tewali bagandabe balala; se era talina mwana ? Naye Rev. Yoswa Kiwavu Omuganda eyali asomesa eNaminage mubiro ebyo era mukisera webayokera e Kanisa yeyaliwo,yali, amanyi nga waliwo omwana wa Mutibwa omulala eyali omulenzi omuto emyo nga wamyaka 11 kumi nagumu egyobukulubwe. Bwatyo Reverand Yoswa Kiwavu olwokumanya omulenzi oyo,

70 00

C.M.S. Hattersley 67 65

EBYE BUGABULA.

Era nga omulenzi oyo yomu kubana abato abasomesebwa mukifo e Naminage, kyeyava ayanjula eri Reverand Weatherhead owa C.M.S. nti waliwo omulenzi omuto erinyalye ye Nadiope ye muganda wa Naika, mulenzi mweru era mulungi mukulabikakwe. Bwatyo Rev. Weatherhead nayanjula eri Bwana D.C. Busoga Mr. Grant nti Abami be Bugabula balimba okuganba nti tewali muganda wa Naika omusibe, waliwo omwana Nadiope era asoma. Awo Government neragira okuleta omulenzi oyo Nadiope lwamanyi . Awo Nadiope naletebwa nawebwa Obwami bwa mugandawe Naika mumwaka 1899 nga guli kumbi okugwako.

10, Nadiope II yawebwa Obwami Bwa Gabula nga asemberera okubera omukulu owemyaka 12, nafukira dala okubera Gabula omufu'zi wa Bugabula mu mwaka 1900. Nga aweredwa obwa Gabula nawebwa abakungu babiri abakulu okumukuza abo nga bebananyini okukuma e Saza lyoma Bugabula, amanya ga Bakungu, bali Isaka Kagwa, oyo yeyawebwa okutwalanga ekitunda kye Saza ekyengulu e Kamuli.

Owokubiri ye Kategere oyo nawebwa ekitundu kye Saza ekidirira kunyanja Kyoga. Abo batekebwawo bafugenga ensi eyo Bugabula mulinya lya Nadiope .

Naye Nadiope natwalibwa mu Somero lya C.M.S. eryali . erimu lyoka mu Uganda mukisera ekyo nga lye Somero erisanirako okuigiramu abantu abaliba abafu'zi, e Somero eryo lyali Kampala Buganda nga liitibwa Mengo High School eryali wansi womwami Hartley owa C.M.S nga lijude abana babaali abavanga mubitundu byensi ebiri mu Protectorate. Bwatyo Nadiope nabera mu Somero nga aigirizibwa, mweyamala okumpi emyaka 6 mukaga. Era nga ali mu somero eryo, yabatizibwa erinyalye Yosia, awo naitibwa Yosia Nadiope. Oluvanyuma mumwaka 1906 mu January yaingira e Somero eryali erigya okutwalayo abalenzi abamaze amasomero amalala agawansi abetaga okweyongera okuiga ebirala. Weyeitibwa Reverand Weatherhead owa C.M.S. yeuyo eyakwata Naika, era yalina mugandawe Rev. T.H.C. Weatherhead nebatekateka esomero eryo erigya erya zimbibwa ku lusozi Budo eBuganda, neriitibwa King's School Budo. Bwatyo Yosia Nadiope yomu kubalenzi abaliababeryeberye okuingira mu Somero eryo, namala esomero eryo kumkomerero yomwaka 1908. Nakomawo munsiye nga yomu yeka kubami bona abomukitundukye ekye Busoga abali abafuga mukisera ekyo, alina okuigirizibwa okwawagulu okwomu Uganda.

Yosia Nadiope okumala ebyokuigakwe okwo yagenda okukomawo nga munsiye mujude abami abaganda nga abami 2 abasoga abawebwa obukulu okukumanga e Sazalye kululwe nga bagobedwako Goverment newa Abaganda.

EBYE BUGABULA.

Kubanga mubiro ebyo Government enkumi yali tenaba kweziga Mawanga malala nti nago gainza okukola nga Abaganda,kyeyava ewanga Abaganda buli muliwu gwona ogwalingawo munsi endala.

Yayagalanga okulamusibwa buli muntu,yali mukwanyi.Naye yali munyomi nyo eri abakulu bane. Mutwakagwe Mutwagakwe teyali wamabega yaiga nyo,nga bwekyali ekisera ekyabantu abogera olulimi Olungereza okubera abakekwa.Ye'fa mangu yafira mu Dwaliro lya C. .S. e Namirembe, ku 9th January 1913 - okuo. yagibwayo nazikibwa Kamuli.Y.Nadiope nga yomu kubatendebwa okumanya Olungereza enyo,era yali mukalabakalaba mubigambo bingi,mubirobye byeyatandikiramu okufuga yalabika nga yemufu'zi wa Busoga yona ekitibwakye,songa yali wa Saza.

Ye'fa January 9th. 1913.

11. William Wilberforce Bwamiki Kajumbula nasikira kitawe Y.Nadiope bweyali nga wamyaka esatu egyobukulu.Nyina ye Susana Nansikombi Kagwa, muwala wa Sir Apolo Kagwa K.C.M.G. Katikiro we Buganda.

W.W.B.Kajumbula nga amaze okusikira kitawe, olwokubanga yali muto bwatyo teyainza kukwasibwa bwamibwe amangwago,naye Gayumenti yalonda Omwami Daudi Mutekanga eyali Katikiro wa Kitawe nawebwa okubera omukuza nga akuma ebintu byona ebyobusika ebyobugagabwe,era nokufuga e Saza Bugabula okuva 9th.January 1913, nafuga bulungi nyo e Saza eryo,Daudi Mutekanga yali mwana womusaja omukopi Igaga,omusaja oyo Igaga yava mu Saza Bugweri nebaja mu Bugabula nga bebamakazade ba Mutibwa.Mubirobye ebyobuvubuka yali musubuzi natwalanga engoye nenkuabi,nensimbi nobunyere netaba,nagulanga ente ne mbuzi e Bukedi naleta e Busoga.Okutusa bweyafuka omugaga mubingi, olwokutambulatambulakwe okwo kwamufula nga omuigirize nai a okukuma ensimbi,naiga okukola nemikono,naiga okufuga ebibye, naiga okuvisa amagoba, mubiatubye, naiga okwefuga,naiga okufuga abalala. Olwekyo yainza okufuka Omwami w'Omuluka mukifo okumpi ne Kamuli,oluvanyuma nawebwa Gombolola yobwa Babawali,awo weyagibwa nawebwa obwa Katikiro mumwaka 1911.

Nga Daudi Mutekanga afuga Obwegombolola yeyongera nyo okutegera okukuma ensimbi,nasala amagezi mangi nyo agamuinzisa okufuka omugaga asoka mu Busoga,yalinanga amasamba ga Pamba,Kasoli,Muwemba,Bulo,era nebitoke nafunanga nyo mwebyo,era naziraba amadukage,nabera nemotoka esokusubula,nabera nabantu bamuberanga okukola ebyobusubuzi nga ye yenyini akola muliwu ogwokufuga,mweyafunanga empera enene enyo eyamuyambanga okukola ebyo,bwatyo nafuka naga'ga.

EBY[illegible] BUGABULA.

Mugavunenti-ye gyeyakoleranga omulimu ogwokufuga yali mwesigwa, nyo, nayagalibwa nyo, era nga yebuzibwako amagezi bulijo mungeri nyingi. Okutusa ku 3rd. February mumwaka 1950, Omwami W.W.B.Kajumbula bweyakwasibwa obwamibwe, awo Daudi [illegible]utekanga nasigala okubera omuwi wamagezi eri Omwami W.W.B.Kajumbula okumala nate emyaka 4 emirala, ate nalyoka asaba okuumula namalira dala natula mu'takalye Free hold land okwerila Pension yoka nga ebyokusubula gwemulimugwe.

Omwami W. .B.Kajumbula bweyakulako okut ka kumyaka 8 egyobukulubwe yatwalibwa mu Somero eryali okumpi neayumbaye eryali e Somero ekulu lyoka munsi ye Busoga, eryali esomero lya C.M.S. eryazimbibwa mumwaka 1911, neriitibwa Balangira School, oluvanyuma eryafulibwa Busoga High School. Bwatyo Kajumbula nabera musomero eryo nga aiga.

Oluvanyuma n[illegible]a yeyongede okukulako, jajawe Sir Apolo Kagwa yamutwala eMengo High School, eyo yamalayo ebanga tono jajawe Sir A.Kagwa namuwereza mu Bungereza okuigirizibwa mumwezi gwa September 1924. okutusa bweyakomawo mumwezi gwa May 1929, nga amaze okuigirizibwa, nga ayogera Oluzungu nalukangul[illegible]mukulwogera.

Yali wak[illegible]una mukukomawokwe, yayagala nyo Edini-ye era nga abulira nyo Mukamisa, nayagalibwa nyo abavubuka, yamala omwaka gumu, nga akyaiga enkola yemirimu gyobufu'zi, era kubanga yali akyali muto nga aweza emyaka 21 egyobukulubwe. Bwatyo nawebwa obwamibwe nga 3rd. February 1930.

Mukutandika okwo nga bwali omuvubuka yatandika nebugumu lingi, Bugabula neyesima nyo okufuna omwami wabwe owomululyo olufu'zi lwa Bugabula, nokukyuka nekuberawo kunene mubamibe abamu nebajululwa nga abalala balya.

78 68

EBYE BUGABULA.

EKIKA EKIKULI KY'AMALALO GA BAGABULA.

Abekika kye Kjaza abaitibwa Abaisemwase.Ensonga eyabafunyisa omulimu ogwo ogwokukumanga Empanga zabafu'zi be Bugabula,waliwo omusaja erinyalye Kalange yali walulyo lwa alangira,yatuka mukifo e Kalango, nga alina omusaja oyo Kalange,awo Kitimbo nazimba ensisiraye e Kalango,kale bweyali aleka ensisira eyo nagisigira Kalange oyo nagikuma era na'fira mukifo ekyo.Oluvanyuma ku Malaloge nemufulumamu omuti gwo Muvule.Era mumuti ogwo nemufuka Lubale nasinzibwa nyo, kubanga amalalo gali ga ulangira. Nazinabibwa masabo amalongi bulijo omwokusinziza Lubale Kalange.

Era nebalonda ekika kye Kjaza okubera abakumi ba alalo ago, okuva awo buli alalo ga agabula mu Bugabula ne Empanga zebwe abekika ekyo okubera abaluberera okukumanga amalalo ago nempanga zabafu'zi be Bugabula nokutusa kakati.Era Amandwa eyo ekyaliwo esinzibwa ye Lulange.

E BYEBUGABULA.

Abantu bomukitundu kya Kitimbo, kakano ye Bugabula. Eda baitibwanga Ba- Jo. Pa Lwoo oba Pakoyo. Era nokutusa kakano kimanyidwa nti Abadiope baitibwa ba Pakoyo. Pakoyo kiva mu Jo, Pa, Lwoo. Bebantu abava e Bunyoro eda enyo mubiro ebya Baswezi webabererawo mu Bunyoro. Era kiringa olulyo olufuzi lwa Bunyoro omuva Mukama, lwava mukika kya Jo, Pa Lwoo noluvanyuma olulyo olwo lwafuka olufuzi lwebitundu ebinene mu Uganda. Ekika kino Lwoo tekimanyidwa bulungi obanga kyekika ekyava mu Abyssinia nga Mukama yemukulembeze ekiitibwa ekya Bagalla oba kyekika ekyava mu Nouth Sudan ekya Lwoo. Ebigambo bingi ebirina obubonero obutegeza kunsonga eno Lwoo nga okulamusa okwabakopi eri Abami mu Bunyoro baganba nti Zona Lwoo. Amakulu nti Mirembe ?

Amanya gensi ye Bugabula gakyukakyuka nga Madiope bweyafuka erinyalye lyakyusa ensiye neitibwa Budiope nabantu nebaitibwa Badiope. Ate Gabula bweyafuga ensiye nekyusibwa neitibwa Bugabula ate nabantu nebaitibwa Bagabula. Naye erinya Pakoyo terikyukangako, abafuzi bona abafuganga Bugabula nga bogera olulimi oluitibwa Olupakoyo. Era nabantu nga baitibwa ba Pakoyo nga lisinzira ku Banyoro, era ebika bingi ebyabantu abalowozebwa nti bava Bunyoro naye nga baitibwa Lwoo Jo. Pa, Dhola Abadama Ja Lwoo Kavirondo, Lay(Lang'o) nebirala ebika ebyo byemanyi nti kyekimu nekika ekikulu ekifuzi ekya Bunyoro era bedira Ngabi.

Ebika ebya Jo Lwoo beba Pakoyo, ebika ebyo byava mu Banyoro nebitula kulubalama lwenyanja Kyoga nemitala wayo nokwetolola omuga Mpologoma emitala wagwo nerui. Nokutukira dala kulubalama lwenyanja Victoria Esamya ne Bukoli. Enjogera yebigambo efanana era nemubika byabwe bedira Ngabi. Wewawo okukyuka tekulema kuberawo olwebanga edene eriisewa nga beyaudeyaudemu ekitabo kyengere ze Bunyoro ekyawandikibwa Katikiro we Bunyoro mu Sula..... Egamba nti..... Yava Madi kiraga bulungi ekubo erituka Rumbek kului lwakono olwebuvanjuba munsi ye Bahrel Ghazal District mu Sudan mululimi olu Pakayo, omulangira aitibwa Omubito ekiva mululimi Olu Lwoo, nti Bito Singa Nolunyoro Mubito era nemu lu Pakoyo oba Lulamogi, Lukono, Lugwere, Omulangira aitibwa Mubito.

Ebigambo ebyawandikibwa President Father Fr J.P.Crazzolara mu Uganda Journal owa July 1957 Vol V NO.1. Kunsonga gyeyagamba nti The Lwoo People nemukitundu ekirala ekigamba nti The Lwoo in Bunyoro the Baswezi Problem ebitundu ebyo bikakasa ekika kya Lwoo.

Obuchu oba omini.

Abakavirondo abaitibwa aba Ja Lwoo. Ebigambo byabwe munjogera bifanana nolu Pakoyo oba Olulamogi Lukono, Lugwere, era kakano lufanana ko no Lunyala, era nokulirana n'Olunyoro. Mbigambo ebimu ebifananako byebino:-

	LULAMOGI oba Lupakoyo.	LUKAVILONDO.
1.	Omwami abirehaima ?	Omwami yachiru hena ?
	" Bamwetere Jinja.	" Bamulanga e Jinja.
2.	Omugeni abaire hano	Omukeni obere hano
	Azwire haima ?	Atulire hena ?
3.	Abaire mageni wani ?	Abere Omukeni wonenu ?
4.	Mbu abaire wuwo.	Mbwe Abere owowo.
5.	Yakanindire nimubonaku.	Yahanindire ndamubonaho.
6.	Akobere nti abaire mangu ino.	Abalire nti abere bwangu mumo.
7.	Akobere nti yalira eizuli nakubona	Abolire ati aliha chusi yahubolera.
8.	Omusaiza ono ndoleta byenkutumire ?	Omusahha wumo soletere bihutumire?
9.	Oyeta aho Owalwire aize mutumeyo mbone.	Langa Aho Walwire yeche mutumeyo mbone.
10.	Embuligyo bagisibire ?	Mbusi echo bachibolole ?
11.	Omwai Abubaho	Omwai abalawo.
12.	Okulwana Okuiwa	Ohulwana.
13.	Twalana naiwe.	Hunalwana nawe.
16.	Iwe otaka kutengana nanze ?	Owe odaha chusolana nange?
17.	Omwibo.	Omwibo.
18.	Onkoko.	Engoho.
19.	Amagi.	Amaki.
20.	Gnyonyi	Eyoni.
21.	Oidudu.	Adyedo Edwadwi.
22.	Namkaduka.	Ahasiduka.
23.	Oyemba	Oimba.
24.	Onkodole.	Khodole oba eninga.
25.	Owalu.	Owangi.
26.	Obutu.	Awudu.
27.	Enyange	Enyange.
28.	Ogubi	Esindu.
29.	Emini	Obichu oba omini.

Lulamogi	Lukavirondo.
30. Ombogo	Emboko.
31. Ombiri	Enfubu.
31. Mpongo	Embongo.
32. Kaduyu.	Ahaduyu.
33. Omondo.	Emende.
34. Enkembo	Ehembo.
35. Osekeseke.	Enjegejege.
36. Ombizi.	Embichi.
37. Okibwe.	Ibwe.
38. Ombwa.	Embwa.
39. Ntaka kunkwera mukali.	Ndaha ohuhwera Omuhasi.
40. Ebintu byazwaha ?	Ebintu bitulahena ?
41. Olihde omwonyokowo bamukwa ebintu nibyo ebyewalisumiramu. omukali.	Linda mbochowo bamuhwe ebindu ebiri mutulaho nibyo byolifuniramu omuhasi.
42. Abantu bano.	Abandu bano.
43. Entamu.	Endamu.
44. Migaire.	Emituba.
45. Enyumba eno omulyango bagulolerye haina ?	Enyumba ino omulyango kwalingala?
46. Onkoko oyo yabikire amagi mameka ?	Engoho eyo yatera amagi Panga ?
47. Ongiri	Engiri.
48. Omwana agwire ahansi	Omwana Akwire ahasi.
49. Namukubamu oluhi	Namuhunya Oluhi.
50. Omwana	Omwana.
51. Omuholo.	Omuhana.
52. Omwami.	Omwami.
53. Oize olye.	Ika Olye.
54. Tinataka kulya.	Sindaha ohulya.
55. Oli mulamu ?	Oli mulamu ?
56. Otakaki ?	Odahasi.
57. Oli mubibi.	Oli mubi.
58. Mwize musiye Obulo.	Mwicho musye Obule.
59. Okulima.	Obulima.
60. Yani Omulwaire ?	Namu omulwai ?

	Lulamogi	Lukavirondo.
61.	Oyo aizireki hano ?	Odaha sina hano. ?
62.	Ebig ambo byona byona obimpererye.	Embosi Chyosichyocsy.
63.	Okulya ekibalima kuzira	Oteba sibalima hungira.
64.	Atambula omusana tagota.	Okenda esidete sakota.
65.	Embuli nigisiba hano enzala nogana okwiza okusibula.?	Embusi nichiwonga enjala nokana ohuisiha ohubolola ?
66.	Mbaire nkola mirimo.	Mbere hola emirimo.

ENDA Ya TAHINGWA.

Bagamba nti eda enyo waliwo omusaja erinyalye ye Kigenyu eyatulanga mukitundu kyokunsozi ze Masaba yalina abaanabe 2. Omulenzi n'Omuwala, abana abo amanyu gabwe Omulenzi nga ye Mukama ate Omuwala nga ye Naudo. Awo olwatuka omulenzi Mukama nalaba n,a emindiye waliwo agyasiza nakowosa nti omuwala Naudo ya gyasiza. kyeyava amuw wabira mumoso gakitabwe Kigenyu. Awo Naudo naitibwa omusango ng'ajingirwamu, kitabwe nalaba nga Naudo tayasiza kindi ya Mukama, nasinga omusango. Mukama bweyalaba nga asingidwa omusango kyeyava anakuwala enyo nokutesa matesa okuleka kitawe abere nemuwalawe ye agende wona walisanga.

Awo nasitula nga alina abasajabe, Kitandwe, Musoko, Nabala n'omukyala omu muka Mukama, awo nebaleka ensi yabwe nebatambula nga balaga kului lwebugwanjuba olwa Africa.

Naye abasinga obungi baganba nti Mukama yemuntu eyafulima kului olwe masaba kyoka kitawe, era nekifo wafuluma teblimanyidwa, wabula yaja bu'zi nga alina embwaze 3, n'omukyala nabantube abasatu yaja bu'zi awatali kumanya ekyamuleta; yagukira mukitundu kye Bukoli mukifo Bufuta. Bwebava awo e Bufuta nebatuka kukusozi Busoga okumpi ne Namakoko, awo nebatuka e Buyonga. nga atuse awo abantu beyasangawo nebamusaba asigale awo abafuge, ye nagana nabagamba nti obanga munjagala mungoberere, kale nga nzade omwana gwendibawa nabafuga. Abantu abo bakiriza okumugoberera; bagamba nti bakika kya Kaisegoga owokulusozi Nyenda, nagenda nabamu kubo.

Awo Mukama natambula nekibina kinene nga aita kulubalama olwengulu natuka mukifo ekiitibwa Busoga era ekifo ekyo kikyalabika weyatukira bakisinza nga bawayo ebiwebwayo. Kiri munsi ya Ntembe okumpi ne Jinja, nga avude awo yetolola kulubalama lwomu'ga Kiira naita e Buzaya natuka e Kakindu eyo gyeyasomokera natuka kulukalu lwa Bunyoro, munsi ye Buggarere kakano kiri mubufuzi bwe Buganda, natuka kumu'ga mutonotono oguli wakati wa Bunyoro ne Buganda, nga atuse awo Mukyalawe nazala omwana wobulenzi namutuma erinyala lyomuga bweryali Ngobi.

EN.. Y T.BINGA.

.wo Mukama nalonda abamu kubakungube nabakwasa omwanawe oyo azalidwa bamuzeyo emabega mukitundu kyensi ye Busoga akiruge, nga bweyasubiza. .wo ye Mukama nagenda olugendolwe natuka e Bunyoro nokukati teyada nate, wabula bulijo yawerezanga Entebe n' mafumu ne Ngabo, nebirala ebyomuzizo ebyabanga byetagibwa eri abandbe.

Naye Mukama nga tanaba kusibula Mwanawe nabakungube yali alina abakazi abalala 2 nga bali mbuto nabo nabakwasa abakungube abo beyala ira okuzayo omwanawe e Busoga nabagamba nti mugende nabakyala abo ababiri abali embuto, bwebalizala abana, kale singa ono Ngobi a'fa omu kubalizalibwa abakazi abo yaliba omusika wa Ngobi.

Awo abakungu abo awamu nomwana Ngobi nabakyala bombi nga bakulemberwa omukungu omu omukulu mubo yali Mwingo,nebasomoka nate omu'ga Kiira nebaguka e usoga mukitundu kye Bugabula Kakinda nebatambula okutuka e Nyenda ewa Igaga. .wo omwana Ngobi weyakulira. ra abakyala bombi nebazala abana babulenzi bombi. .wo Ngobi nafuga ekitundu ekyawakati mu Busoga, nokukirira okutuka kumu'ga Mpologoma nga ebitundu bino Luuka, Migulu, Bulamogi, Bukono era ne Busiki nga byebiri wansiwe,ate ebitundu ebirala ebisigade ebyokului lwe North west wa Busoga byawebwa, ekimu kyawebwa Muzaya nekirala nekiyebwa Kitimbo, bebabo abana abazalibwa abakyala ababiri abaja ne mbuto. te ebitundu ebyali ku South ne ku South West nokutuka East wa Busoga byatwalibwa abantu abalala abaliyo eda, abe Mjama nebika ebirala.

Awo Ngobi nga amaze okutwala ekitundukye ekyo, teyasangamu muntu mulala, wabula ensi yali Dungu jerere.Oyo Ngobi nabera Omni'zi enyo, olwekyo yabunanga okulambula wona nga agenda atambula nga ai'ga ensolo. Oluvanyuma abantu bajanga nga beyongera bavanga engulu ku South wa Busoga nebasasanira mukitundu ekisinga obunene, naye era walingawo abantu abalala abavanga e Bukedi nebaja basenga munsi.

Mbiro ebyo ebyambalo gali Maliba gansolo, gebalongosanga nebayamu ebyambalo.

ENDA Y TABINGWA.

Ye emere yali ya Mulo n'Omuyemba ebyaja ne nkima nga zita, naye emere ya Matoke nendala byaja luvanyuma nga bifuluma eBugeshu Masaba.Naye Mubugo zifuluma kulu Mwengaku wa Busoga.

Naye kigambibwa nti oluvanyuma Ngobi yajulukaka nava e Nyenda nagenda akuba embugaye mukifo ekiitibwa Malibo natula awo obanga nalyoka adnyo e Nyenda, era yawangala nyo nalyoka a'fa nga mukade nyo nga azadc atana bangi,naye tebamanyidwa manya gabwe wabula bagamba nti omu kubo ye Nyiro oyo ye Tabingwa, abalala ye Zibondo ne Nkono, naye abo amanya gabwe tegamanyidwa bulungi,era ne Izimba.

Awo nagabira abanabe ebyalo nga tanaba ku'fa, Zibondo yamuwa Bulamogi nagenda nga ai'ga, Nkono namuwa Bukono;ate Nyiro namuwa Luuka.Naye bweya'fa Izimba namusikira. Oyo ye Ngobi.

1. Nyiro nga amaze okuwebwa Luuka yatukira kulusozi Kiroba, natulira dala awo nabera mui'zi nyo owebisolo, awo weyazalira omwanawe Inyensiko Serwanga Idondo, awo weyafira nazikibwa awo.

2. Inyensiko I nasikira kitawe Nyiro, Oyo yalwanalwana nyo nabalala abamuliralana nga ayagala abafuge,oyo na'fa nazikibwa Kiroba.

3. Wambuzi I. Mutabaniwe Namusikira, oyo yajulula embugaye nagikuba e Kiyunga,era naye yalwana nyo era nalima ebitoke emanga e Nankongolo,na'fa yazikibwa Kiroba.

4. Kakuku Nasikira kitawe Wambuzi, mubirobye ensi yali mirembe yatirwa Buganda mubiro bya Kabaka Suna.

5. Kalogo Nasikira muganduwe Kakuku, era naye yatirwa Buluba Mbaganda bebamuta mulutabalo.

6. Kibalya. Nasikira muganduwe Kalogo oyo yatula mirembe, naye naiganya nyo abakungu ba Kakuku, olwekyo abantu nebamukyawa kyebava ba'ba omwana wa Kakuku erinyalye Nanjungu oba Kalimugi eyali omusige eri Zibondo.Omwana oyo nebamutwala e Buganda Kabaka we Buganda nalagira Mujungu afuge ekitundu kyengulu newaberawo olutalo lunene, oluvanyuma Kibalya bweyagenda e Buganda Kabaka Mutesa namu'ta awo Mujjungu nalya.

EKIDA Y. T.BINGWA.

8. Mujungu. Nalya nga ada mubigere bya Kitawe omuto, waliwo okulwana kunene nyo. Era abana ba Kibalya ye Mambuzi naletanga nyo Abaganda okulwanyisa Mujungu nebalemwanga kubanga abakopi Kitawe yabakola bubi, oluvanyuma nebagenda okuwoza eri Nabaka eBuganda, nga bali eyo Mambuzi na'fa. Awo Mujungu nabera kubwami okutusa Iweya'fa nazikibwa Kiyunga.

8. Nabwana Inyensiko II Nasikira Kitawe Mujungu, oyo yali musaja wantalo, era omukambwe enyo, mubirobye baliwo emundu nyingi nyo ezize ezawera nga 800, mu Birobye Abazungu baliwo e Mukaleba. Era nayetuma erinya Tabingwa nga akyali mulangira bweyali alwana nabantu be Luima.

Naye erinyalye kitawe lyeyamutuma lyali Inyensiko. Era erinya eryo lyeryafuka eryoburuzi bwe Baza Buuka nekakano.

Nalwala Mazuku nyingi, awo nadira omwanuwe Mujungu II namuwa Obwami.

Naye Nabwana yalwana entalo nyingi ne Kibondo ne Gabula nga ayagala agye ku Kibondo ekitundu kyensi Mwang'a naye yalemwa.

9. Mujungu II Manzu, oyo yamala omwaka gumu na'fa.

10. Gidion Mambuzi II. Nammsikira nga asikira kitawe omuto, oyo naigirizibwa mu Mengo High School ne Kings School Budo gyeyava mu December 1916 nawebwa obwami, oluvanyuma nagobebwa olwobutasobola kufuga, kubanga yali wansonyi, mugandawe Salimu Isiko.

11. Salimu Isiko naiya nga ada mukifo kyamuganiawe 1919, era naye nagobebwa mumaka 1926 olwoku'ba ensimbi z'Olukiko lwensi. Awo Olukiko nelulonda Lefaniya Nabikamba Omwana wa Katikiro wa Nabwana nawebwa okukuma e Baza lyabakamab$;oyo yaigirizibwa Mengo High School, ne Kings School Budo, nakuweyuma Mwami wa Gombolola e Mugweri, ne Mulamogi, Kitawe yali Nuwa Mwanga eyali Katikiro wa Nabwana, oluvanyuma nawebwa Obwami bwa Benya, yali muzira nyo nyo mukulwana.

Esula ~~7~~ 10

EBYE BUGWERI.

KAKAIRE NE OKALI.

Bagamba nti Kabaka we Bunyoro Mukama yalina mutabaniwe ye agola. Bwatyo Omulangira oyo Magola yalina mukyalawe eyamuzaliira omwana owobulenzi gweyatuma erinyalye Kakaire. Bwatyo omwana Kakaire nakulira awamu n'Abalangira, Okali ne Ngobi Lugwa, abo bombi bali bana ba Mukama abalangira abo bonsatule, kigambibwa nti Kakaire yeyali abasingako obukulu n'obukalabakala, ~~ba~~ Kakaire yali mwana muzukulu, eri Mukama. Era balina mwanyinabwe omumbeja omwana wa Mukama erinyalye ye Fitimbo, era bakulira mukisera ekimu. Naye Abagweri abalala tebakiriza nti Kakaire yali muzukulu wa Mukama, naye bagamba nti yali mutabani wa Mukama dala, era Magola yali mwana wa Kakaire gwe yazaliira e Busoga, so si mwana wamulangira Magola nga abalala bwebagamba. Era Kakaire yali mufumbo.

Bwatyo Kakaire ne Mukyalwe nebagandabe 2 nemwanyina 1, bona bawera batano (5) nebatesa okuva e Bunyoro okugenda e Busoga. Kitabwe Mukama yabakiriza okugendayo, n'okukolayo obwa Kabaka obwabwe kubwabwe. Kubanga banabwe bali bamaze okukola obwabwe.

Bwebatyo nebasitula okuva e Bunyoro, baungukira ku mwalo ogwomunsi ye Bugabula nga baita kunyanja Kyoga. Nga batuse mu Busoga baita owa Kitimbo nebamala okumulaba, nga bamazewo ebanga tono batuka ewa Ibanda Tabingwa, nebatuka mukifo ekiitibwa Namatolo awo balwawo, era munabwe Ngobi Lugwa nasigala awo.

Awo Kakaire ne Okali n'Omumbeja, era n'Omukyala wa Kakaire nebasimba ekubo eriraga engulu okuita munsi ye Kigulu (Iganga). Nebasala nemunsi ye Bugweri nebatuka mukifo ekiitibwa WANGOBO, , kiri munsi ya wakoli, nebatumawo erinya nti KITUKIRO, kubanga webatukira. Balwawo ebanga deneko mukifo ekyo nagafuka maka gabwe. Naye ensi eyo yona yali nsiko njerere. Awo Abalangira bombi nebabera abai'zi bensolo.

Era nebalima nyo ekifo kyabwe awamu nabantu babwe bebali nabo. Oluvanyuma nebatesa okujulukuka mukifo ekyo nebagenda mukitundu kyensi ekyengulu gyebalengeranga ensozi emiri kului lwe Nyanja Nalubale ,

92

8078

EBYE BUGWERI.

Olwokuba nga bayagala nyo ensozi, nebagenda nebatuka mukifo ekiitibwa nga/ BUKOWE. Nga bali awo e mukowe Okali nalengera ensonzi ze Bukali eziitibwa Namakoko, Luwalambogo, era ne Busoga. Kyeyava atesa ne mukuluwe, Kakaire nga ayagala agende mu nsozi ezo zalengera, nemugandawe, yamukiriza nagenda.

Okali nga asitude yeka nabasajabe beyaja nabo, yasokera mukifo ekiitibwa Kigobero kiri munsi ya makoli, nabera eyo nga aiga ensolo, kubanga balina embwa zabwe, buli omu yalina embwa eziso, Okali namalayo ebanga dene nga takomawo, oluvanyuma nat ka eri Kakaire nga amusaba amuwereze mwanyina Kitimbo agende amuwerezenga nga amufumbira emere. Bwatyo Kakaire nakiriza Kitimbo nagenda eri mwanyina Okali eKisimbiro gyeyali nga ai'ga ensolo, nakubawo embugaye natwala ekitundu ekyo okubera ekikye.

Oluvanyuma Okali natandala okutambulatambula munsi eyo, nagenda e Namakoko munsi nga ali ne mwanyina, nga bali e Namakoko Okali ne yega'ta nemwanyina Kitimbo nabera Olubuto. Era ebigambo nebituka eri Kakaire nti Kitimbo ali lubuto lwamwanyina Okali. Kakaire nanyiga nyo era namalirira okukyawa Okali olwekukola bwatyo ekitategerekeka. Awo ekisera bwekyaitawo Okali nasitula okugenda okukyalira mugandawe Kakaire e Bukowe. Naye Kakaire bweyakiulira nti Okali aja kukukyalira, nakunganya e'gye okumuziiza aleme okuja gyali kubanga yakola ekyomuzizo okusula nemwanyina. E'gye lyasisira mumu'ga KITUTO, naye Okali bweyaulira naleka okugenda eri magandawe, naye namutumira abantube nga amusaba amuwe endagala zebitoke ezokusandikira kuntanu, nga bafumba emere. Naye Kakaire bweyalaba ebabeka nalagira e'gye okubakwata nokuba'ta bona. Bwekityo bwekyali bona neba'tibwa awo Okali ne Kakaire nebaukalira dala nga tebagalana. Oluvanyuma nga waisewo emyaka mingi abazukulu ba Okali naba Kakaire nebatandika okufumbiriganwanga nekakano.

Empisa yabantu ba Okali okukima endagala e Bugweri yafuka eyoluberera eri aba Koli, kubanga buli makoli bweyafanga nebatekawo omwanawo okumusikira nga batuma abantu e Bugweri okugenda okukimayo endagala ze Bitoke nga Okali bweyakola.

Era abo abatumibwayo bona ba'tibwa nga Kakaire bweyakola, bwebamala okukola bwebatyo awo omukisa negaja eri omuzika nawangala, nafuga bulungi, nazala abana. Empisa eyo yakoma ku Busitwa Wakoli eyasikira mu Tanda nga mumwaka 1899. Awo nekoma, kakano tekyakolebwa.

81 9-

EBYE BUGWERI.

Kitimbo yazala omwana wa buwala,natumibwa erinyalye Kagoya.Amakulu gerinya eryo YAYONONA. EKIKA NAKIGOYAGOYA. NAKYONONA. Nekakati ryerinya ekulu eryabambeja be Bukoli lyebatumibwa, Kakaire yalina abantu bangi bebabo kitabwe Mukama beyabawa okubawerekera nga bava gyali okuja mu Busoga, abantu abo baweranga 55,bano ababiri batwalako batono nyo,naye basinga obungi basigala ne Kakaire, gano gamanya agabamu kubo :-

1. Mukuve oyo yemukulu okubaza emandwa enkulu Bugweri.
2. Nalwenyi(Owengabi oba Omwisempina) ano yeyali omukulu kulu'Kuve.
3. Mupupi Owenituga.
4. Musubo owe Nyonyi,Mukama beyatekawo okukumanga abanabe bona mu Busoga. ~~Abo Mukama beyatekawo okukumanga abanabe bona mu Busoga.~~

Kigambibwa nti mukitundu kye Bukoli mwalimu abantu kunyanja era abantu nga balina omuntu omu omukulu wabwe erinyalye nga aitibwa Naminya. Omusaja oyo Naminya yasinzibwanga nga Katonda,era era okwetolola weyatukanga nga waliwo Amakato amasongovu abantu kwebafukamiranga, kumakato ago kekalinga akabonero eri omuntu oyo asinza okutegera nga gyagala okusinza.Naye bwalabibwa nga teyafukamira mangu era obulungi kumakato ago aberako omusango ogwokumu'ta;kubanga tasinzisa nakitibwa.

Bwatyo Kakaire nabera e Bukowe,yali amaze okuita mubitundu bino:- Insozi-ibiri gyeyasokera nga ava e Wangobo bwebali ne Okali,Idudu gyebasula,Mulanga era nawo basulawo ne Mbulamuti. Awo webasinzira okutuka e Bukowe. Era Kakaire weyafula amakaga nakubawo embugaye enene enye. mukifo Nabuyanja.

Kakaire nga ali e Bukowe mubugaye Nabuyanja, yawasa abakazi bangi era nazala abana bangi,abamu kubo babulensi gano gamanya gabwe :-
1. Kirunda,2.Kizibiriri,3.Nyenda,4.Mulondo,5.Menya,6.Kibede,Kyina yali erinyalye Nakaziba Koteka,7.Lubogo ne Njoga.

EBYE BUGWERI.

Mubiro bya Kakaire waliwo abantu bekika kye Nyonyi entono abava kului lwe ngalu munsi ya Nanyumba owe Mpologoma e Bunyuli,abantu bali bagala nabo okufula Bugweri okuba ekitundu ky'Obwakabaka bwabwe,awo baja nebalwanyisa Kakaire naye kakaire nabagoba nebadayo e Bunyuli gyebafuluma.Naye oluvanyuma abamu kubo bakomawo nebaja nebasanga Kakaire, nabawa omutala gumu mu Bugweri oguitibwa Kalalu.Eyali omukulu mubo okuja erinyalye yali Musubo,okuva kulinya eryo erya Musubo abekika ekyo baitibwa Baisemusubo,omutala gwabwe ogwo bagukuma nyo nokutusa kakano.

Lwali lumu Kakaire natesa okugenda mukifo gyebasokera eWa-Ngobe nga ayagala okugenda okulongosa ekifokye ekyo .Bwatyo nasitula nagenda, amangwago nga kyaje atukeyo nalwala na'fa,nebatesa okumusika eyo kubanga yembugaye gyeyasoka okuzimba, awo nebatanula okusima Entana mukifo ekyo Wangobo nebera mpanvu nyo kitalo; nebazinga omulambo nebaguteka Muntana nebatafukako ta'ka nga balindirira eby'Omuzizo okuva eBunyoro, omulambo negumala omaku 3 muntana,naye kulunaku Olwokuna(4) abantu bali,bali awali entana bangi nga bakaha nga empisa eyabulijo eyokukaba bweri, awo ebire nebitanula okubindabinda kugula,Enkuba ne'ja nga eyagala okuto'nya, embuyaga eyamanyi neja,Kikung'uta naja owe kitalo. Enfufu nebika kubantu nga tewali alaba mune, songa nokutuna kainza kutunula olwenfufu enyingi eyaja neking'unta,okuuma nekuulikika okwamanyi enyo dala.

Awo olwebyo byaziiza okutegera ekija okukolebwa,nga tebainza kulaba kintu olwenfufu,newankubade okuulira olwembuyaga nokuuma kwayo okunene bweknyo. Awo ebyo bwebyakakana abantu nebatunula Muntana nebalaba nga temuli kintu kyona nga Omulambo gutwalidwa Embuyaga eyo eyaliwo. Abantu nebatanula okweunya enyo nokukabira dala namanyi.Naye bali bakyali mukukabira Kakaire nga enaku ziisiwo 8 kasokede embugaya etwala Omulambo nebalaba e Jinja nga ligalamizibwa awa-li Omulambo gwa Kakaire mu Ntana.Era e Jinja eryo likyaliwo nekakano, lyafuka lwazi. Naye Abagweri batesa obutayongera kuzika mukifo ekyo Wangobo nate,wabula bafula ekifo Bukowe okubera ekyokuzikangamu abafu'zi ba Bugweri abolulyo lwa Kakaire;Noluvanyuma ebifo ebirala Mulanga kyafuka ekyokuzikangamu.

EBYE BUGWERI.

2. Kiswiriri nasikira kitawe Kakaire. Bugweri yali emaze okugabibwa abantu,(oba Ababito) abana baba Kakaire nga buli mwana alina ekitundakye.

Kirunda yamuwa Nondwe ne Namavundu.
Nyende yamuwa Buyende
Kiswiriri " Omutala Kakono oguitibwa Biswiriri.
Menya Kibede gweyalamira,yamuwa Butende, Ibako,Nawansega,Mulanga,
Ibulanku ne Mulenge.
Koteka yamuwa omutala oguitibwa Bukoteka kakano.
Kasinda " " " Businda "
Njoga " " " Buyoga "
Lubogo " " " Busesa .

Kwatyo Kakaire ya'fa nga amaze okugabira abanabe ebye.

Mubiro bya Kiswiriri nga afuga tewali ntalo cba ekiteganya,kubanga buli muntu yali mukitundukye nga yerimira emreye nokulabirira abantube era n'Okui'ga ensolo,eyo na'fa , nga afude obwami bwakayanirwa abekika bagandabe nga bebegala okusikira maganda wabwe se si banabe.

Kyebwa badira Kirunda mugandawe namusikira.

3. Kirunda nasikira mugandawe Kiswiriri.
4. Nyende " " Kirunda. Yayagalibwa nyo abantube,era yali mufu'si mulungi eri abantube.
5. Menya Kibedi namusikira mugandawe Nyende,okuwa kulinya lya Menya nokutusa kubafu'si abalala bona abafuga ekitundu ekyo Bugweri baitibwa erinya eryo " Menya" Amakulu galyo tegategerekeka bulungi. kyoka ekigambo kino Menya kigamba kumenya kintu.okukikutulamu eba okukiwetamu. Mpe'si waliwo kyeyakola kubyombi kyeyava aitibwa Menya.

Era yazala abana bangi nyo bebabuna Bugweri yona,era yawangala nyo nga tainza kutambula,bweyayagalanga okugenda mu Lukiko okulamula abantube yasitalirwanga Kudiba ly'Ente natwalibwa mu Lukiko abantube nebamulaba.Naye taliko kyeyakola na'fa.

6. Mulondo mugandawe namusikira,naye abalala baganba nti Mulondo yeyasikira Nyende,ate nga Mulondo afude Menya Kibedi nalyoka asikira nga asikira mugandawe,Mulondo.Awo nga Menya Kibedi afude omwanawe Kalugodi namusikira.

EBYE BUGWERI.

8. Nalugoda nasikira kitawe Menya Kibedi,Nalugoda yazalibwa Omukyala erinyalye ye Namusobya.Nga afude yanikirwa mugandawe Wanume.

8. Wanume nasikira mugandawe Nalugoda,Wanume yazalibwa omukazi erinyalye yali Namuwaya.

Mubiro bya Wanume teyeyagala kufuga kitundu kyensi ye Bugweri,kyeyava nagisalamu nadira ekitundu ekyengulu e Buyende nakifula e Saza,nakiwa abana ba Nyende okuba e Saza lyabwe.Ate ekitundu ekirala ekyasigalawo neribera e Saza erirye nekiitibwa Bugweri,ate ekyengulu ne kiitibwa Buyende okutusa ate oluvanyuma ebitundu Bugweri bweyayankanamu neberamu ama Saza ana (4) gakyetwala:-

1. Bufulutu,nekifugibwa Kiyuba.
2. Bukasenke " Lwalanda omwana wa Nalugoda.
3. Buyende nekifugibwa Obira Owomulo omwana wa Obira Nataasi.
4. Naigombwa nekifugibwa Lugoja omwana wa Wanume.

Okutusa Amasaza ago bwegagenda nga gagatibwa mpola,mpola ,nerifuka e Saza limu lyoka kakano nga bweryali mukusoka.

9. Obira nasikira mugandawe Wanume, naye obira yalina erinya eddala lyeyaitibwanga nga aitibwa Obira Byenge-bito,yafuga okukoma kusu'ga Kitumbezi oyo na'fa.

10. Ababani namusikira mugandawe Obira Byenge-bito,nafuga obwami bwabwe na'fa mangu teyawangala.

11. Kiringa-waigulu mutabaniwe namusikira,mubirebye emsi yetabulatabula nyo newabawo okulwanagana bulijo bulijo boka naboka,Kiringa-wagulu na'fa.

12. Wangubo nammsikira,abalala bagamba nti Wangubo yali mutabani wa Menya Kibedi naye nga sibwekiri, naye yali muzukulu wa Menya Kibedi.

Bagamba nti Wangubo ya'tibwa Baganda mubiro bya Kabaka Suna, nga kyaje amale okusikira Obwakabaka bwe Buganda amangwago nagaba e'gye mu Busoga lyelya'ta Wangubo,gwalinga mwaka 1840.

15. Nku-tu nasikira kitawe Wangubo nga muvubuka nafuga obwami bwakitawe nga ajude amanyi mangi agobuvubukabwe.Naye nga olugero lwa Balamogi olugamba mululimi Olulamogi nti EKINOBA OITEWO KINOBA NOWANA. (EKIKYAWA KITAWO KIKYAWA NOWANA.) Era naye ya'tibwa Abaganda abatabala mu Busoga mumwaka 1975, lwe lutalo lwa Kaira bweyali omugabe.

EBY' BUGWERI.

Nku-tu yeyaga'ta ekitundu kyensi yona eye Bugweri nakifuga nate ekyali kyaulidwamu.

14. Ntengwe nasikira kitawe Nku-tu. Naye mugandawe Kijuba natasima nateka-teka e'gye nalwana ne Ntengwe, wo Kijuba yeyagoba mulutalo nalya obwa Kenya. Ntengwe yali yakana emyezi esatu (3) kubwami bwa kitawe bweyagobebwa kubwami obwo.

15. Kiyuba nalya obwami bwa mugandawe gwebagobako nawangalira nyo kubwami-bwe. Mubirobye yasala ebitundu bina (4) mu Bugweri nga bwekitegezebwa engulu. Bufulutu, Bukasenke, Buyende, ne Kaigombwa. Ebitundu ebyo ebina (4), buli kitundu kyefuganga kyoka nga kifugibwa omwana owolulyo okuluku owe kitundu ekyo. Nga omu bwa'fa mugandawe oba mwanawe nga yamusikira, naye tewaitawo banga dene nga ebitundu ebyo bikyainza okwetwalaq

Kubanga Kenya Nkola omwana wa Kiyuba bweyafuka Kenya, yaga'ta mangwago Bukasenke ne Bufulutu.

Mubiro bya Kiyuba Abawalabu abaitibwanga Abalunguzi batuka mu Bugweri. Era nebalaba Kiyuba nebamuguza kubintu byebali nabyo; zongoye emyufu nenjeru n'obunyere(Beads.)Era mubirobye waliwo entalo nyingi okulwanalwana buli lui lwona. Mubiro bya Kiyuba Abazungu baitaita mu Busoga kului lwe ngulu era Omulabirizi Haningtan weyatukira mu Busoga lweyatibwa nga ali e Bukaleba ewa Luba. Kubanga Luba yatya okumukiriza okugenda e Kampala kyeyava atuma eri Kabaka we nganda okubuzaye obanga anakiriza Omuzungu oyo okuitawo okutuka eBuganda, naye Kabaka we Buganda yagana natuma ababakabe nebaja e Bukaleba nebasufumita Omulabirizi nebamu'ta; Gwali mwezi gwa October 1884.

Oluvanyuma bazungu Abadaki batuka mu Busoga, gwali mwaka 1889, ebiro ebyo Kamya nga ye Wakoli e Bukoli. Entalo nyingi ezaka'vunkana zaliwo mu Busoga yona. Era n'Abaganda nebatabala nyo mu Busoga, ezimu kuzo lwelutalo olwa Kago n'olwanamutwe Nebatabala mu Busoga, noluvanyuma elutalo lw'Abaganda olwaitibwa olwa Mupere, omugabe yali wakiku era ya'tibwa mulutalo olwo. Nyiro oba Miro weyakomerawo mu Busoga nga ava e Buganda mubunyago mumwezi gwa April 8th. 1892, bweyamalamu emyaka egyawera 15 okuva mumwaka 1879 lweyanyagibwa nga kitawe Walusansa a'tidwa abaganda, omugabe Balikumbuga. Era mumwaka ogwo waliwo Omuzungu eyaita mu Busoga Nagenda eBuganda, erinyalye terimandwa bulungi mumpandika enzunga.

EBYE BUGANDA.

Naye mu Lusoga bamuitanga Lidi.Kiyuba na'fa mumwaka 1895 nazikibwa e Mulanga.

16. Naigamba mutabani wa Kiyuba namuskira, mubirobye tewali ntalo, era baziizanga abantu be Busoga okugenda e Buganda, bakola ekigo ebukaleba naye nakuzimba baitanga abantu abagala okupakasa nebakola nebabawanga obunyere (beads) okubera empera yomulimu gwebakoze, mubiro ebyo nga ensimbi n'obunyere kyekyobugaga eri abantu.

Awo oluvanyuma nga badaki bamaze okukola ekigo era nga basiimyewo olunya okukyetolola nokutuka nakunyanja,awo Bwana Grant nafulumira eSamya,naye Abadaki bnebalaba nga Grant atuse nebaleka ekigo nebagenda, olwo ekigo nekifuka ekya Manzereza, Bwana Grant nabera mukigo ekyo nga yemufu'zi wa Busoga.Era naye nayongera nyo okunyweza eteka obutakiriza Abasoga okugenda e Buganda.Era nakunganya abana baza bona aboma Busoga nebaita okugenda gyali e Bukaleba okunuzimbira ekigo.Awo nateka-wo Olukiko lwan oluga'ta Abasoga bona,ebigambo byona byona ebya Busoga bimalibwenga Olukiko olwo era luitibwenga Olukiko lwa Basoga,nga lutulibwamu abafu'zi bona bona aba Busoga, nga Bwana Grant yemukulu walwo, noluvanyuma balonda Omwami omu Busoga nabera omukuiu walwo, balemenga okweyanlanga nga bwekyali e'da.Olukiko olwo lwasoka mumwaka 1895.Era Bwana Grant nalagira buli Wasaza abere nembugaye mukifo Bukaleba, nebakola bwebatyo.Ate Abamasaza nebalagira buli muiangira yona n'omukungu yona alina abantu bafuga newankubade nga bebatolo agende eBukaleba azimbeyo enyumbaye.Bwakityo Bukaleba nekijula abantu obuyumba bw'Abami nebubera kulusozi wagulu nga ekigo kiri wansi kunyanja, wakati nga waliwo Olusenyu olweru omutali subi newankubade emiti. Wakati okumpi kunyanja wewali akatale naye mukigo munda mwemwali enju y'Olukiko eyatiganga abantu okugendaye,kubanga ekigo kyali kyetolodwa olusalosalo olunene enyo,era olwaka enyo wansi nga waliwo olubawo olwatekebwawo okuitako okuingira mukigo,abantu nebatyanga okuita kulubawo olwo okugenda munda mukigo.Bwana Grant naziiza obutanyagunga bintu byabantu, era naziiza okugobanga omuntu yena wabula nga amse okuwozesebwa omusango mu Lukiko lwa Busoga.

Naigambi teyawangala na'fa mangu mumwaka 1896.

EB E BUGWERI.

Munulo mutabaniwe nabusikira mumwaka 1896, amangwago nga Munulo amaze okusikira kitawe yafuka Omuisiramu, bweyasala okufuka owe Dini ye Kisiramu,nabera owamaala ga gaitiride, era omui'zi enyo, mangwago nagoba bagandabe bona. ;era nayokya e buga zabwe zona,era najemera ebiragiro ebyamuwebwa Bwana Grant. Awo bagandabe nebamuwawaoira eBukaleba eri Bwana Grant,awo nakwatibwa nasibwa mukomera lya Gavumenti eBukaleba gwali mwaka 1897 October, oluvanyuma nga ali mukomera eryo erye Bukaleba Abanu'bi Abaserikale abali kulugendo ne Bwana Mcdonald ne Jackson, nga bali mu Kenya bajema nebakomawo mangu emabega nebatuka mukigo eBukaleba. Basanga Bwana Thruston mukigo,era ye nasaba Luba e'gye mangabkulwana n'Abanu'bi abo,era waliwo Abazungu abalala 2. Bwana Dorman ilson,yeyali afuga ekigo kye Bukaleba,ate Bwana Scott nga yafuga e Kyombo kya Bazungu. Laye abajemu balumba e'gye lya Mcdonald, balwana nyo,naye bagobebwa e'gye lya Mcdonald bali Basoga. Laye ekiro ekyo Abanu'bi ba'ta Abazungu basotu bebakwata nga kyebaje batuke,omu kubo ye Bwana Thruston ne Scott.

Mumwezi gwa January 1898 e'gye eryembalasi lyatuka nga liva e Mombasa, nga balina ba Captains, Mr. Harrison ne Austin, abo bebatuka olutalo nerubera olwamanyi nga Abanu'bi bajemye,bali mukigo,bakwata byena byona byebasanga mukigo. Era olwo nga nabasibe bali kulwabwe. Mukisera ekyo Mr. Pilkington owa C. .S. eyali omusomesa eya'tibwa abajemu,era ne Major cdonld natibwa mukisera kyenyini, Mr. Pilkington yali ali kumulimu ogwokulongosa ebitabo mu lulimi olusoga, nga akozeko ebimu.

Nga Abanu'bi abajemu bakute ekigo kyabasibe,era nga abasibe bali mubuinza bwabwe.Kyebava basaba abasibe nti obanga mukiriza okulwana kulwafe tulibasumulula.Era nebasubiza nti Gwe Munulo bwonotubera ne'gyeryo nga tugobye Abazungu mu Busoga gwe tulikuwa wakabaka bwe Busoga, Awo Munulo nakiriza okubabera, era n'abasibe abalala..Era nabantu abalala abe Dini ye Kisiramu abali ebweru bega'ta kubajemu abo.

Oluvanyuma Munulo yabomba ku Banu'bi nga Olutalo lukyalwana nadayo e Bugweri bali 2 mukutoloka okwo,omulala ye Nabuso.Oluvanyuma Abanu'bi nga bamaze okuduka nebagenda e Bunyoro. Awo nate Munulo yakwatibwa awamu nabalala 5 abega'ta kubajemu, bali Nabuso, Kifujwa, S.Bwagu, ne Y.Luzige, bona bali balsiramu,oyo Munulo, Y.Luzige ne S.Bwagu basibibwa nebatwalibwa Entebbe.

EBYE BUGWERI.

Ate Nabuso ne Kifujwa abo bombi basalirwa gwa ku'fa nebakubibwa emundu neba'tibwa.Naye Mumulo yatwalibwa e Nairobi nga musibe eyo gyeyafira.

18. Nkolo nawebwa obwami bwamwanawe Mumulo,kubanga Nkolo ye mwana wa Kiyaba,oyo Kiyuba yeyazala Kaigambi eyazala Mumulo. Nkolo nga afunye obwami bw'Omwanawe,yafuga bubi nyo, kubanga yalina abadubo bangi beyayagalanga enyo,abo nabalagira okunyaganga abantu nga bwebagala, bwatyo najoga nyo abantubo, kyebava bamukyawa enyo,era natanzanga nyo abamibe emitango egyamanyi.Era abamibe nebamutuma olwempisa ezo.

Mubiro bya Nkolo omusolo gwemitwe ogwa Rupia (3) esatu ezasasulwanga buli musaja atusiza emyaka egyobukulu 18,gwali gusolozebwa mu Busoga yona nga buli mwaka omusaja awa Rs.3. ze Shs 6/- okuba omusolo ogwa Gavumenti Engereza,gwatandika mumwaka 1904.Era walingawo n'Omusolo gwemundu nga buli muntu alina emunda awa Rupia (5) satu buli mwaka.

Emisolo egyo gyakalubirirwanga nyo abantu okugiwa, kubanga makisera okyo ebyobusubuzi byalinga bitono,era nga emirimu tegiriwo omuntu wainza okugenda okukola alyoke afune Rupia zanawa omusolo,naye batundanga binu byabwe,embuzi,nente, waliwo ekyobusubuzi ye Kamulali namaliba era nentungo ebitainza kubunanga bantu bona balyoke bagyemu ebyokusasula emisolo egyabuli mwaka. Newawo abantu bali tebanaba kutegera okufuna ebintu ebyomumaka gabwe,wabula singa bamala okuwa omusolo gwa Gavumenti nga tewali Kirala kyetazisa omuntu oyo okufabina nti anonya nsimbi ndala nate,okutusa nate mumwaka omulala omugya.

Bwekityo abami bangi mu Busoga bwebalabanga nga kikalubirira abantu babwe okufuna ensimbi ezokuwa emisolo egyabuli mwaka,abami bawangayo ensimbi zabwe kubwabwe,noluvanyuma ate abami nebasoloza ku bakopi babwe ebintu ebirala okusasula olwensimbi (Rupia) zabwe zebawaye eri Gavumenti olwomusolo gwa bakopi abo.Kino bakikolanga olwokusasulira, kubanga abakopi tebalinanga webainza kufuna Rupia ezimala,era nokuwandika abantu bona abawa omusolo kwali tekunaba kuterera bulungi.

Omwami Nkolo yasoloza Rupia 300 (Shs 600/-) okuva mubantubo nga gwemusolo ogwemitwe ogwa Gavumenti ogwabuli mwaka. Rupia 500.zona yazikozesa mirimugye nazimalawo natazitwala eri Gavumenti wanyini musole ogwo,awo Gavumenti yamwawabira nemukwata nasalirwa omusango negumusinga,nasibwa emyezi esatu mukomera,nagobebwa mumwaka 1907 nga gugwako.

EBYE BUGWERI.

Naye mubiro bya Mkolo yava ku bwami nga amaze okuga'ta ebitundu byona ebiina ebyali byesazesazemu nabiga'ta awamu byona nebifuka Saza limu. Yabigatira wakati wemyaka 1897-1906. Naye okusinga yaga'ta Bufulutu ne Bukasenke, era ne Kaigombwa, ebitundu ebyo Menya Mkolo yeyabinyweza okubera e Saza erimu.

19. Mumwaka 1907 Gavumenti enkumi awamu no Lukiko lwa Busoga, batesa nebalonda Omwami Nuwa Mwanga Katikiro wa Tabingwa okugenda okubera Owesaza Menya e Bugweri. Omwami oyo N.Mwanga yali musaja muzira mukulwana, yali mwesigwa eri mukabaawe Tabingwa era neri abantu bona abamusiya, yali omusaja atasirikira kigambo, nga buli kyalaba nti sikitufu tatya kukyogera newankubade nga mukamawe yakyagala okukikola. Yali wakika ekirala ekitali kika kya Menya, ekikakye yali wa Mpologoma (Baiseumbwe) abava e Bunyuli mu Saza lya Nanyumba e Runya nebagenda basenga Tabingwa.

Omwami N.Mwanga oba Muziramulungi nga bweyaitibwanga olwobuzirabwa, nga awerodwa obwami bwa Menya yafuga balungi nyo e Saza eryo. Kyoka lyakenderamu abantu olwendwade ya Mongota era nensolo enyingi ezalya enyo abantu mu Busoga, era zalya nyo abantu bomu Saza erye Bugweri. Mubirobye e Saza lyeyongera nyo okuterezebwa mumirimu gyalye olwabatabanibe abali abavubuka abamanyi nebamubera nyo mubuli mulimu gwona, newankubade nga ye yenyini teyakolanga nyo naye yagasibwanga nyo batabanibe, okusinga ye Zefania Nabikamba yenyo oluvanyuma eyafuka Owesaza Tabingwa, Kakuma, era ne Kosia Mukasa eyali omuto kubo, era waliwo nebagandabe nabalenzi, bega'tenga mangi nebakola ekyetagibwa kyona awatali kulindirira Owesaza yenyini.

Mubulamubwe yali tategerekeka ngerize, anti olwobutayagalabwe kunyiza muntu, oba okumulumya njala, yamalanga gogera nekyatalina nti mulete emere songa teriyo, oba okugamba omugenyi nti linda onywe Kyai olinde era alye nemere, songa byona tebiriyo, namala gogera olwokwagala okukusanyusa oleme okukowa oba okunnkuwala. Bwatyo N.M.Muziramulungi bweyasobola okufuga Bugweri nagifugira emyaka 12, nekitunda okutusa April 1919. Bweyaumula eSaza neriwebwa Nkoniya Nyende Menya owolulyo lwekika kya Kakaire bananyini bwami bwabwe obwo obwe Bugweri. Naye Nuwa M.M. nadayo mu Saza lyewabwe gyeyava e Luuka nga akadiye munyakagye egyobulamubwe, era aga takyatusa ebyomulembe ogwo ogwaliwo kunkomerere yokuumula omulimugwe.

90 87

EBYE BUGWERI.

20. Yekonia Zirabamuzale omuzukulu wa Nyende yawebwa obwami bwabajajabe mumwezi gwa April 14, 1919, okubera Owesaza KBugweri.Y.M.N.Zirabamuzale yali mulenzi womw. Batulumayo Bafirawala eyali omu kubalenzi ba G.Oboja Ngobi.Bwatyo yawereza nobwesigwa bungi eri onwami B,Bafirawala,nga omw. Y.N.M.Zirabamuzale akyali mulenzi wa B.Bafirawala yatandika okuiga mu Day School C.M.S. Iganga.Oluvanyuma yaiga mukibina kyabalenzi abali baiga ebyobusomesa abaitibwanga Abasizi.Nbanga bweryaitawo omulenzi oyo yalabika nga aize okuwandika obulungi era nokubala.Awo Omwami N.Tega eyali akuma obwami bwa Ngobi namutwala okubera Kalaniwe era nokukolanga nga omulenzi wominyumbaye. Bwatyo Y.N.M.Zirabamuzale yeraga yeka nga bwasobola obulungi buli ekimutiagirwa okukola.Olwobwcaigwa obwo nobugezigezibwe byamulopa eri District Commissioner Mr.Jervoice, bwatyo namutwala mu Office ya D.C. Busoga e Jinja nga amufula Interpreter era Omuwandisi.Omuvubuka Y.N.M.Zirabamuzale okugenda okubera Interpreter yali amaze okuigako kululimi olungereza lweyaiganga eri Abakyala Abazungu aba C.M.S. e Iganga,awo bweyagenda ewa D.C. neycyongera nyo mululimi olungereza mukulwogera okulusinza abaluigira mma somero,mukuwandika nabera omuku'ga enyo.

Nga aweredwa e Saza lya bajajabe teyatula butuzi oba okweyagala olwokubanga aziza esaza lyabwe , naye yanyikira bunyinkizi okulongosa ebyali bisobye ebyetagibwa nabitukiriza.

Okutusa bweyalebika nti Menya mufu'zi mulungi,mumwezi gwa may 22. July 1923, nakyusibwa okuva mubwambibwe obwa Menya nawebwa obwa Ngobi okuwanyisa nabekika kyabe Ngabi abe Kigulu.Kubanga omwami Gidion Oboja bweyagobebwa kyagenderewa okuwa owekikakye e Saza eryo erye Kigulu.Naye Omwami Daudi Ngobi owekika kya Gidioni Oboja eyali nga yalowozebwa yeka nti yasanira okutwala obwami bwabekikakye obwe Kigulu,mukisera kino yali Wagombolola Sabadu e Bugweri.Bwekityo Olukiko ne Gavumenti Enkumi balaba nti okuwa Omw. D.Nsobani esaza lye Kigulu kwekumuwa ekintu ekimutirira obunene okukitukako amanga,wabula okusoka okumuwa ekitonotono asoke okuiga.

Omwami Y.M.N.Zirabamuzale kyeyava awebwa obwami bwe Saza e Kigulu olwokubanga ye amaze okulabika nti amanyi okufuga,era asobola esaza edene nga eryo, newankubade nga siyali asanira okulitwala olwokubanga siwakika kya Baisengobi.

94 88

EBYE BUGWERI.

Era nga empisa ye Gwanga lye Busoga ekigana o.e Saza edala okugenda nafuga e Saza edala eritali lya kikakye.Naye okumalawo okunyiga nokutukiriza empisa eyo.Omwami Y.M.N.Zirabamuzale bweyawebwa e Saza lye Kigulu, até Omwami D.Nsobani yawebwa esaza lye Bugweri.Era abekika kye Ngabi e Kigulu bagambibwa nti D.Nsobani bwalikola obulungi oba omulala owekika kya Oboja aliwebwa e Saza lyabwe erye Kigulu. Awo Omwami Y.M.N.Zirabamuzale Menya nafuka Ngobi owe Kigulu okuva July 1922.

21. Omwami D.Nsobani mutabani wa Katekalusi e Mugabula awazimbwa ekigo kya Gavumenti e Iganga,kakano waliwo C.M.S.Iganga,wakika kya Ngabi eye Kigulu.Kitawe munukulu wa Mkobe owe Saza Kigulu,naye jajawe Gonza-Abato yajemera Malusansa Ngobi neyefula kyetwala mumitalagya emitono.Bwatyo Omwami D.Nsobani bweyali omuto yasoka okuiga mu Day School C.M.S.Iganga mumwaka 1905,oluvanyuma yafuka omulenzi wa Rev.Hamhington okutusa kitawe nga afude namusikira,awo natwalibwa e Mengo High School mumwaka 1909 August.Oluvanyuma nagenda King's School Budo mu 1914.Naiga bulungi dala,naye mukusamba omupira,mumizanyo egyokuduka embiro,okukasuka ebizitowa oba ebyangawa,okubuka wansi oba wagulu,yali wakitalo nga ali mu Somero,kyalinga kiziba okulaba omulenzi omulala amusinga mwebyo. Naye okuimba enyimba ezedini ezo zaitirira kumalobozi 4 agali munyimba kyali kyalwatu gyali nti buli luimba lyona mukitabo kyenyimba yali asobola okuluimba mudobozi lyona lyona lyoba omusabye okuimba.

Yakolako mu Uganda Police Kampala bweyali nga ekyali mu Somero mumwaka 1916,mubiro byolutalo.Nga avude mu Somero yakolako mu Office ya D.C. Busoga,noluvanyuma yakolako nga omwezi gumu mu C.M.S.Iganga mumwaka 1917,era nga wamuluka,awono nalyoka afulibwa Owagombolola mumwezi gwa September 16th.1919 mu Saza lye Bugweri era eyo gyeyafulirwa Owesaza Menya mumwezi gwa May 22nd. 1922.

Gano gemanya gabantu be Bugweri abamanyibwa nebayatikirira olwobuzira bwabwe,naye tebali bami :-

EBYE RUGWERI.

1. Baanotyo omwana Kobira.Kibenge omwana wa Kenya I.
2. Baibani, yaliwo mubiro bya Kenya Iku-tu. Nayagalibwa nyo abantu abekitundu ekyo,era abantu olwokumwagala enyo bwebatyo batekawo omuzanyo eri kitawe wa Baibani erinyalye yali aitibwa Kawa Mutangula,badiranga empumunpu ezokumatoke nebazitwala eri Kawa Mutangula nti tulese ente zizimo obugume mutabaziwo Baibani,Naye bakolanga bwebatyo lwakuzanya buzanyi,kubanya empumunpu zokumatoke tezigula mantu. te era omwana wobulenzi tagulibwa bigulibwa nga omwana wobuwala bwakolebwa.
3. Kdikobo yaliwo mubiro bya Iku-tu.
4. Nakalangaka yaliwo mubiro bya Kenya II,ono yemuzira owoluberyeberye eyesoka okuwebwa engabo.eyobuyonjo enyo eyaluubibwa nokutibwa nga eriko ebikwizi,era nga kuliko nediba lye geye,yeyali engabo ekwatibwa omuntu omuzira yekaa abantu bona gwebategerenga nti mazira.
5. Walyosana,yaliwo mubiro bya Iku-tu.
6. Kyebaiga.
7. Mulalu.
8. Galuvuvu.
9. Namani.
10. Nagoba.
11. Igoba.
12. Lumbali.

BA ATTIWO [illegible] TWALI WITO N UGANDA :-

1. Kawa yali Katikiro wa Kakaire era nekubazukulu.
2. Baisemusobya yali Katikiro okutuka ku Kenya Kamuma.
3. Lukenge " " wa Wangubo nokutuka ku Kamanya 5,abadiriza
4. Kdegeya,yali Katikiro wa Kiyaba.
5. Mulalu " " Kaigambi okukoma mumweka 1907.

EBYE BUGANDA. 95-94

Naye kizibu eri Omufu'zi okusanyusa abasinga obungi,nsubirira dala dala nti muja kwona okwegaja nokukolera awamu nga mumubera.

Kwo S.B.K. naimuka nayanjula Omwami Y.M.Zirabamuzale eri D.C. ate D.C. nawanjula eri P.C. E.P.Oluyanyusa Omwami Y.M.Zirabamuzale nayogera mubitono nti Nawebwa e Gaza lino mumwezi gwa April 14,1919, nga nva mu Office ya D.C. Jinja, ate nkyusibwa mumwezi gwa May 22. 1922 nempebwa esaza lye Kyagulu gyemaze emyaka kumi netano nemyezi 9. nemaku 12 nga mpereza Gavumenti zombi awamu nabantu bona nga fena tuberagana mubwesigwa,nate kumulundi guno ogwokubiri,neyebaza natula.

Kwo P.C. E.P. Naimirira nayogera mubyangu nagamba nti ekigambo kino kikulu eri Ebyafuyo ebya Busoga nokusinga eri abantu be mugweri, ategeza nti Gavumenti eyagala nyo okusanyusa abantu abasinga obungi, newankubadde n a teinza kutakiriza okusanyusa buli muntu,wewawo wandibadewo kakano abantu batono abatasiyo kino ekikolebwa kakano.Kyekizibu omuntu okusobola okusimisa abantu bona.

Kinsanyusiza okukomyawo Omwami Y.M.Zirabamuzale kuntebe ya bajajabe abeda nga ava e Kigulu gyakolede emirimu okumala ebanga edene bwerityo eryemyaka 15 nemyezi 9, nemaku 13.Gavumenti eyagalira dala abantu abazaliranwa okufugibwa abami babwe abazaliranwa,tekiri bwekiti musasi endala,naye gwonukisa eri Busoga okufugibwa abami babwe abazaliranwa mu bufu'zi.

Waja kutekebwawo engeri empia eye Nkiko mu Busoga,nentula yazo eja kulongosebwa,kyoka e Nkiko ezo zinatulangamu abantu abalonde abengeri zona abomu Busoga.Kirowozebwa nti zirigasa nyo abantu bona munsi eno,kubanga zinatulangamu abami abamu,era nabantu abaigirize obulungi.Kyoka enkiko ezo tezirigyawo buinza obwabufu'zi bensi eno.

Kyekimu nga Governor bwalina eNkiko ezimubera nga Olukiko lwa bantu abangiko Legislate Cauncil.Era nolukiko olulala olutulamu abantu abatono,naye enkiko ezo tezigyawo buinzabwe,wabula Enkiko ezo kwekuwayo endowoza yabantu abangi abomu Gwanga nokutegera kyebagamba. Kyekimu nga bwekikolebwa eBungereza.Era P.C. E.P.Nayongera okugamba nga bwasanyuse nyo okulaba abakyala mulukiko,nategeza nti kino kirase okukula kwe Gwanga nga bwekuli,kubanga abakyala bebaigiriza babana basanira okulaba ebigambo ebikulu nga bikolebwa balyoke bainzenga okuigirira abana.

EBYE BUGWERI.

Awo P.C. E.P. nakulisa omwami Y.M.Zirabamuzale olwomulimu omunene gwakoze nga ye Ngobi e Kigulu nateweza nti aja kubera nga Wasaza Bugweri eriryo, newankubade nga lye Saza etono kasita nga lye Sazalye. Kyoka akoze kya nagezi nalungi okukomawo mubantube abeda era abekikakye. Era newankubade nga anafuga abantu abatono naye emperaye gyabadde afuna nga Yowesaza Ngobi gyaja okufunanga. F 1300.(Shs 26000/-) buli mwaka.


Era mwsgaliza omukisa ye awamu nabantube bona abe Bugweri.Engalo nezikubibwa olwokwebaza kwabantu bona.

Awo Owekitibwa P.B.L. naimuka nayogera eri P.C. E.P. neri abantu bona, nti nina esanyu eriviire data kuntobo yokusima okuleba nga Omwami Y. .Zirabamuzale akomyewo mu Sazalye eryobuzaliranwa omulundi ogwokubiri okuva mwezi gwa May 1922 lwe yakyusibwa okubera Ngobi e Kigulu, kyekisinze obulungi enyo okukomawo nga olugero bwerugamba nti OLUNDA ENTONO NGA ZI'ZO. Naye awe abekikakye nemikwano gye musanira okumuberanga bulijo mubuli kigambo, obutamulekanga yeka nga mulowoza nti ye nagezi, neda okyo tekigasa wabula okukolera awamu.Nga Bwana Mukubwa P.C. E.P. bwagambye mukukoleranga awamu mwena, anti EMITIMBIRA NOBUZIRA.

Awo Owekitibwa P.B.L. ngyebaza Omwami Daudi sobani olwomulimu omunene ogwobwesigwa gwakoze nga ye Menya.Era nayogera nti ebanga lyamaze wano akozewo emikwano mingi olwekyo teja kwerabirwa mukitundu kino.

Awo Bwana Mukubwa P.C. E.P. Nabuza abantu abe Bugweri abali mu Lukiko nti.Abantu be Kigulu bansabye nze okutusa okusima kwabwe eri (Owekitibwa Omulungi) Hi Excellency the Governor we Uganda,naye awe abantu be Bugweri mugamba mutya,nanwo era mwandiagede bumu bwemutyo ?

Awo Omwami F.N.Kireri Owekika kya Baisemenya Omumyuka we Bugweri naimuka nadamu kulwa Bagweri bona nti yee ekyo nafe tukyagalira dala dala,kubanga ekikolwa kino ekikoledwa okukyusa abami bama Saza bano bombi fena Abasoga kyetwgalira dala dala buli bantu okufuga ekitunda kyensi yabwe nga bwebakifuganga okuva eda neda lyona, so sikukyusakyusa nga bwekibade.



38

ali

zi

EBYE BUGWERI.

Scbo,..C. E.P. Tukusaba otuse okusima kwafe fe abe Bugweri eri E.H.Governor wa Uganda nga bwetulina esanyu okukomyawo Omwana Omuzaliranwa owekitundu kino okuva omufu'zi,awo abantu bona nebakuba mungulo okukakasa nti baslaye okwdamu kw'Omwami F.N.Kireri kulwa Bugweri.

..wo Olukiko no lwabuka.Oluvanyuma newaberawo okukubwa ekifanaanyi ekyalimu H.C. E.P. D.C.Busoga,P.B.L. Abamasaza bona nabakyala nabantu abalala.

nyo

ya

maka-

i-

no

-

ano:-

e,

97 28 ~~11~~

Egula ~~9~~ 11

EBYE BISAMBIRA.

1. Igaga owe Mbogo, kigambibwa nti amkisera Mukama kyeyajireeta mu Busoga era bweyaja nemusajawe omukulu aitibwa Igaga. Bwatyo Mukama bweyali agabira abaamube ebyalo era nemukunguwe Igaga yaamwa ekitundukye kulusozi Nyenda, era namukwasa omwana Mbanda amulabirirenga, kubanga Igaga yali koja wa Mbanda.

Amkisera ekyo olusozi olwo Nyenda nga tekuli oantu wabula ensiko enjerere. Igaga nabera kulusozi Nyenda nga ai ga ensolo ezali enyingi enyo Ensiye yagabananga ne Kakaire kului lwebuvanjuba, ate kukono yagabananga ne Kayanga. Yazimba embugaye wansi wolusozi Nyonda nabera awo nazaliro abaabe babiri amanya gabwe. Kisambira ne Mutanda.

Bwatyo Igaga Kisambira Mutanda nafira e Nyenda, mutabaniwe Kisambira Namusikira.

2. Kisambira nga asikide kitawe Igaga, mugandawe Mutanda yayamkana naye naleka ekifo kyabwe naserengeta ebunga kumu'ga Mpologoma nakuba eyo amakage. Kiringa ye Nantamu ali mu Saza Bulamogi ne Bukono. Kubanga Nantamu owe Bulamogi era nowe Bukono bombi bakika kimu, jajawabwe emu. Era baziikibwa amkifo kimu, newankubade nga baufu mubifo, naye Nantamu owe Bukono bwa'fa bamuzika kumutala Izinga ogwe Bulamogi, guli wakati mumu'ga Mpologoma era ne Nantamu owe Bulamogi bwatyo. Era omutala ogwo kyekiinga ekiri wakati mumu'ga Mpologoma, kiitibwa ekizinga kya Nantamu omwana wa Igaga, nekakati kimanyidwa bwekityo.

Kisambira yasigala mukitundukye e Nyenda, nazala abana bangi, bebano:- Mugadia, Kumulo, Kayanga, Keta, Mulita, Nantamu, Maleka, Kabuye, Musira, Mukanza ne Okeya.

Mubiro bya Kisambira taliko kyeyakola, wabula okulima ekitundukye nokui'ga ensolo, yagangala nyo na'fa, omwanawe Mugadia namusikira.

3. Mugadia yabera mumbuga ya kitawe, era nagabira bagandabe ebyalo okumwetolola, nayagala nyo bagandabe bonna. Era nafuga bulungi abantube, nazala abana, Kisubi, ne Nsiubi mabalala. Bwatyo na'fa omwanawe Kyxxxxxx Kisubi namusikira.

EBYE BUSAMBIRA.

4. Kisubi eyo yakola nga kitawe Mugadia bweyakola, nazaba kyangwa nabalala, bweya'fa omwanawe kyangwa namusikira.

5. Kyangwa yafuga ebyalo byona, naye abantu bali beyongerayongera okwala mubitundu obyo,era natamula okulwanaaga na Bagweri era ne kayanga,yalina abanabe Izizinga ne Lukakamwa era nabalala bangi,na'fa omwanawe Izizinga namusikira.

6. Izizinga teyalwawo na'fa,mugandawe Lukakamwa namusikira.

7. Lukakamwa yazala abana bangi ,mubo eyamusikira ye Kisamo.

8. Kisamo yalina abana, Mulo,Kimpowoli , bweyafa Kimpowoli namusikira.

9. Kimpowoli yalina abanabe abatamanyidwa bulungi,mbo Ijoba yeyamusikira.

10. Ijoba nasikira kitawe,naye teyalina mwana wabulenzi,bweya'fa Walinda omwana wa Mulo ye yamusikira.

11. Walinda nga amaze okusikira Ijoba yajulula embuga nagenda agikuba kumutala Buluza nga agigya eNyenda.Bweya'fa mutabaniwe Eria Kisambira namusikira.

12. Eria Kisambira bweyasikira kitawe Walinda, yali mulenzi mu'tè,natwaibwa mu Balangira School ekamuli, gyeyasigira okutuse bweyamala okuigiriziwekwe nadayo nawebwa obwamibwe obwali bukumibwa musajawe.Naye kitawe Walinda oku'fa ekitundu ekyo kyali kimaze okuga'tibwa ku Saza lye Kigulu, kifuse Gombolola.Awo E.Kisambira yakola nga Owagombolola okutusa bweyagobebwa mu Bwamibwe munwaka 1921.Obwamibwe nebuwebwa Danieri Falajala owe Ngabi ye Kigulu nakakati ekitundu ekyo nekigibwa ku bekika kyenda ya Igaga.

Esula 12 99

EMBERA YA KISIKI OKUVA E'DA.

Kisiki bagamba nti Jaja wabwe erinyalye ye Ne-mwe eyaja ne Mukama ne Oshwa mu Busoga,nga bafuluma ebuvanjuba e Masaba.kitawe tamanyidwa oba yali mukungu oba omu kubawereza ba Mukama.

Okutukakwe mu Busoga, kigambibwa nti bweyaja nebakamabe basomoka omu'ga Mpologoma nebaja mu Busoga nga basinzira mukifo ekiitibwa Namagero e Buwola, nebaingira mu Busoga bona omulundi gumu bwebava e Namagero baingira nyo munda mu Busoga, nebatuka kulusozi Nyenda nebaberako awo oluvanyuma Ne-mwe nakyusa ekirowozokye okudayo emabega gyeyafuluma, naleka bane bona awo kulusozi Nyenda nagenda e Namagero natula eyo yeka.

Oluvanyuma Ne-mwe yejulula nga ayagala okufuna ekitundukye okufanana nga bane bwebafunye, naganda e Namunyagwe okulima era e Namunyagwe gyeyazalira omwanawe owobulenzi Kairu. Mukisera kino ensi eyo yona yali ejude ensolo ezabuli ngeri,era nga nsiko njerere.

Bwatyo Nemwe nafuba nyo okui'ga ensolo e Kyova, e Mbogo ne Mpologoma era nensolo endala.Bwatyo Ne-mwe na'fira eNamunyagwe era gyeyasikibwa omwanawe Kairu Namusikira.

2. Kigambibwa nti Kairu bweyamala okusikira Kitawe yaleka nyina eBusiki nagenda Nasaba gyeyawasa omukaziwe eyaitibwanga Saba gweyawasa mu bakojabe kitawe gyeyava, nabera e Namunyagwe,mubirobye abantu bangi abavanga e Budama ne Bugwere nebajanga okusenga mukitundukye nebabera bangi, nakola e Tambiro awali e sefulubya eri kumasiga eku'tirangawo abantu buli mwaka nga empisa bweri eya Busiki eku'ta abantu 5 mpx mumpalo mumwaka ogumu. Mukyalawe Saba yazala omwana eyaitibwanga erinyalye Mumeeula
2. Kawangusi era oyo yeyamusikira bweya'fa.
3. Mumeeula I
Kawangusi nga asikide kitawe enyi yaliwu abantu bangi era nga erimidwa bulungi, emere yali Balo era nama'ta gente zeyafunanga okuva emitala eBukedi.Ebyambalo gali maliba agembusi agalongosebwanga obulungi enyo negagonda,namaliba agensole emungi zamaliba agawalibwanga negaiitibwa elujabali.Abakasi bayambalanga obugogwa obuluke obufanana nga obunyere. Kawangusi yali wakinyumu.

Yawasa Omukyala erinyalye Kase gweyawasa mmasi ye Bugweri. Omuwazi oyo Yazala abana abalongo bombi bali babulenzi amanya galwe. bali Mmeesula. Omulala nga ye Muinda.

Mumesula I. nasikira kitawe, oyo teyalina bikulu byeyakola naye na'fa mangu mugandawe Nagwere namusikira,

4. Isiko Mugwere nasikira mugandawe oyo naye na'fa mangu, kubanga yalya nga akadiye nyo.

Isiko Mugwere nasikira mugandawe oyo era nayagala nyo okuwalana abantu abalwanyisanga mugandawe Kidandaire,ye olufanyuma na'fa nga azade omwana omuberyeberye Muinda era yeyamusikira.

Isiko yalina erinya edala lyeyaitibwanga nga liva kulinya lyomukazi eyamuzala Nagwere,bwatyo naye yaitibwanga Isiko Nagwere.Yageja nyo obunenebwe nga buinza okuweza ft 72 mubwetolovu obwomubirigwe,bweya'fa yazikibwa Nawasagwa. Naye muku'fakwe tekyategerekeka nti afude okumala emyezi 2 ebiri, era ekikondo kyekitandakye ekyemiranzamiro kyaloka nekifuka muti ogwomusita era weguli kakano.Ensonga obutamanya nga afude kubanga munju mweyasulanga nga temusula muntu, yena, wabula omu yeka. Era nga tainza kutambula olwobunenebwe,olusi nga tainza kusula kukitanda wazira kukituti ekirongose ekifanana nga ekyente kwezisula.Naye nga yawangala nyo dala.

5. Kawanguzi I. Nasikira Mugwere omwana wa Mumesula I, oyo nazala Kidandaire ne Isiko.

6. Kidandaire namusikira oyo yalina entalo nyingi kwoyo,ebyafayo ebirungi ebya Busiki gwebisinga okuulikikaneko enyo ebyentalo.

7. Muinda I. Kyazalibwa mumusai ogwentalo nasikira kitawe Isiko, nga amaze okulya okusikira najulula embuga yakitawe nagenda akuba eiye kumutala Nawansagwa, nga ali eyo nazalirwa abana 3 abobulenzi :- Nabong'o, Kalange, ne Mulyampindi.

Muinda amanyidwa nyo muntalo, era yagaziyanyo Busiki, okusinga abamusoka tebalina ntalo zamanyi nga ye zeyalina, yalwana entalo nyingi nyo kunjui zona ezali zimwetolode, Yalwananga na Bakoli, ne Nkono, Menya, ne Ngobi era ne Zibondo, Mukulwanakwe kwona yawangulanga muntalo ezisinga obungi, era ye yeyasinga okunyweza ensalo zajajawe Kidandaire zeyali amaze okutekawo.

ENDA YA NE-MWE KISIKI.

Kului lwe Vukulu Bukono, nakoma kuka'ga Nawanbete, nekakano eyo yensalo eri wakati wa Bulyampiti ne Nkono, era nekului olwe buvanjuba nakoma ku Mpologoma, neyo yensalo nakakano wakati we Busiki Kabasiki.

Ebe kului lwe Bugwanjuba nakoma ensalo yali kumu'ga Kaigombwa okusala Bugweri ne Busiki, Era Ngobi ne Zibondo nebikoma kumu'ga Kaigombwa kaga Buegugenda, okuga'ta ku Mpologoma nga gumaze okufukibwako ama'zi kumu'ga Nawanbete.

Era nayongera okukakasa ensalo ku mu'ga oguli wakati wa Bulange ne Kaiti (e Bombolola ya Babagabo, Bako, omu'ga ogwo Kaigombwa negumunyibwa nga ye nsalo kitawe gyeyakomangako Kabakoli, kale neguja nga guva ku Mpologoma neguga'tako omuga omulala ogutibwa amalowe okugenda ebugwanjuba ku Kaigombwa omu'ga.

(I) Yayagalanga nyo abantu abazira, (II) Yagaziya ensiye era yawangala nyo, nga tumba ku Ta yagabira abanabe bano ebyalo nga amaze okwetegereza nti Sibatene omwanawe owokubiri aitibwa Bulange namuwa ebyalo ebyali okumpi nensalo Kabakoli, oyo nakuba embugaye kumutala Bwayuya. Kiringa yagenderera nti omwana oyo wamanyi nyo mpo'zi tebalimutako nokuwangula ensalo zabwe kubanga yalegera nga bayala amanga bulijo na Bakoli abamulwanga oyo namufula nga ombomi kului olwo.

Oluvanyuma nawa omwanawe omulala nate eyali owamanyi BULYAMPITI. Namuwa ebyalo ebyali okumpi nensalo Bulamogi ne Vukula, Bukono, era lwansonga yakuziiza abalabe, mpo'zi abalifuluma kului lwe Bisundu ebibiri Bulamogi ne Bukono, omvubuka oyo owamanyi nasoka okukuba embugaye eyasoka ku mutala Nakyere, nagikuba Nukibale, oluvanyuma. Era nekakano ebyalo byona biitibwa Bulyampiti.

Kalenge yazalirwa abana bano, nga ali mu Bwayuya, omwana eyasoka ye Ntende, Mutegule, Mantege, era nebeyongera nga besikiragana nokutusa ku makiku, Makiku omo aliwo kakadi ye muzukulu wa Kawalaga.

Bulyampiti nazala Bugo I, Walube, Isiko, ne Wayasa I nabalala.

Kawangaza II

Bugo I omwana wa Muinda omuberyeberyewe, era gwatagabira byalo namusikira, oyo najulula embuga yakitawe nakuba embugaye kumutala Walubombe, Bunyagwe. Oyo tewali atale mubiserabye, yazala omwana Jemusi Nyabongo (ebe Nabongo)

EBYA NE-OWE KISIKI. 103 96 95

Jatemwa. okuva olwo abantu be Bugweri nebeyongera pokutuse [illegible]

102 95

EBYANEMWE KISIKI.

Kawanguzi II. na'fa endwade eyasinzira kumagwa agaitibwa Busone oba Busiono (Busana Luganda,) erigwa erya Kasana lyamufumita ekigere nga agenda okulwana na Bagweri bwebali nga bagezako okubuka ensalo, bweyakomawo mulutalo olwo ekigere ekyafumitibwa erigwa nekyeyongera nyo okulwala era omwo mwemwasinzira oku'fwakwe.

9. Nabong'o omwana wa Kawanguzi II yasikira kitawe Kawanguzi II,era yaberra mumbuga ya Kitawe e Bunyagwe e Nalubembe,talina byeyakola bingi.

10. Mumesula II. Nasikira kitawe Nabong'o nabera Mutesa, mulungi nafuga nemirembe ensiye okutusa lweya'fa nga akadiye nyo.

11. Jatemwa omu kubanabe ,yeyali owokumusikira naye abantu nebagana,olwokubanga yali muntu wàmpaka teyayagalanga kutesa nebane, era kubanga teyalyanga mere yakyemisana.Obusika kyebwava buwebwa Jatemwa mugandawe. Era nga Jatemwa amaze okusikira, awo bagandabe Mulyampindi nekalange nebajema olwobutayagala kufugibwa muganda wabwe omuto Jatemwa, nebefula boka bakyetwala, awo obusika nebweyaulamu ebitundu bisatu byebino :- Bulange,Bulyampiti,ne Bunyagwe.Naye entalo zeyongera obungi okulwanagana boka naboka abo abasatu.Oluvanyuma Jatemwa yagoba Mulyambiti nadukira e Bulamogi, noluvanyuma lwebanga etono na'fa nazikibwa Nalubembe.Katikirowe erinyalye yali ye Kasege owe Itonko eyali Katikiro wakitawe. Awo mugandawe Kirya namusikira.

Jatemwa okusikira kitawe Mumesula mubirobye ensi yona yali eterede era ye teyayagala nyo byantalo,yasoka okukwanagana nabantu abalala abebweru wekitundukye, era nabana abalala ababakungu abalala nebajanga okumukyalira noluvanyuma nabafumbirwa, ensi yona bweyamala okutegera nti muntu mulungi olwo Abebugweri nebatandika okuja okumukyaliranga era nebamusaba abakirize balimenga emere yabwe eyokusiga okumpi ne byalo ebibaliranye naye nabakiriza bakole bwebatyo.

Naye bwebajanga okusimba emere yabwe bajiranga wamu nebitoke nebabisimbanga munimiro zabwe nga Abasinginyi tebamanyi. Mbu Jatemwa [illegible] omulundi ogwokubiri yali agenda okukyala e Bugweri yeunya okulaba ebitoke ebirungi ate nga biri munimiro eziringu emere, nabuza kubantube bananyini bitoke ebyo,nebamutegeza nti bakodimibo abe Bugweri bebasimba ebyo,kale mbu nagamba nti obanga bebasimba bamale gasimba kubanga nensiko cinze bungi mpe'zi nabazigu balinetega nebanfubutukirako nga mbade njagala okutambulatambulako awalala okugenda EBunyoro. (Kigulu Kakano.)

Jatemwa. okuva olwo abantu be Bugweri nebeyongera nokutusa kakano, oluvanyuma nekikakasibwa ku Bugweri kumirembe gino Kmizungu egyaliwo mubiro nga tewaliwo namuntu akifako, kubanga Kisiki yenyini yagabira bakodimibe olwokwagala.

Oyo na'fa nga simwagazi wantalo, yalina abanabe Mumesula, Mkonte, na'fa Mumesula II namusikira.

Mumesula II nasikira kitawe era nebamu'ta olwempakaze zeyalina.

12. Kirya yasikira mugandawe Jatemwa,yabera mumbugaye, yazala abana banyi, kubo abana abobulenzi abamanyibwako amanya gabwe bebano :- Kawanguzi,Muyogi ne Muwangalasa, taliko kyeyakola mumirembegye, wabula yasasira mugandawe mulyampiti namuita okumugya e Bulamogi gyeyadukira namudiza ekitundukye, naye nga afugibwa Kirya. Ekisera kino Abazungu oba abawalabu bali batuse mu Uganda,kubanga kitawe yayambalako olugoye olwali oluberyeberye okutuka mu Busoki olwafanana nga ekimyanso mumaso gabantu abali tebalulabangako.Olugoye olwo lwamuwerezebwa okuva eri Kabaka we Buganda okuba ekirabe ekyamuwerezebwa, Kabaka we Buganda eyawereza olugoye olwo, alinga yali Suna, oba Suna gweyasikira.Era Kabaka oyo yawereza embogo endusi nente emsagala awamu nemagoye nga ayagala Nabong'o amuwereze Olutembe n'omago obyemandwa. Kubanga Kisiki yali kojawe era nga yatekateka Entembe ezemizizo emikulu. Awo Kirya na'fa nasikirwa mugandawe Nkulabwire. Nkulabwire nayagalibwako bagandabe kubanga yegerezako olwokutya okutemulwa

5. Nkulabwire yamala omwezi gumu kubwami, awo Kawanguzi owokubiri oba Mankati mutabani wa Kirya nakola olutalo lunene nyo nagenda alwana ne Nkulabwire, nkulabwire nadukira e Bukono era gyeyafira naletebwa nga mulambo,awo Mankati nawangula nalyoka alya obwami bwakitawe.

14. Mankati nabera kubwami bwakitawe Kirya,era mubiro ebyo Abazungu nebatuka mu Busoga nebakola ekifo e Bukaleba nebamuita okugenda gyebali nokuwaye emisolo nagana,awo kyeyava ajululwa obwami nebuwebwa Mulyampiti.

15. Mulyampiti yamala kubwami emaku 5, ate Abazungu nebamujululako nebawa Kawanguzi Mankati eyali agidwako. Naye mulyampiti nadayo mukitundukye ekye Bulyampiti.

1049

EBYA NE M.E KISIKI.

16. Ivuleikaile Mulyampiti bweyamala okugobebwa kubwami bwa Kisiki obwami bwasoka kuwebwa Omulangira Ivuleikaire.Atabulwako.Awo nebulyoka budizibwa Mankati nanyinibwo eyali amaze okubuwangulako namanyige, kakano Mankati nafugira obwa Kisiki emirundi 2.

17. Mankati yalya obwami omulundi ogwokubiri kubanga yeyali nanyinibwo mukisera kino Nyiro owe Kigulu yali amaze okulya obwa Ngobi Iganga . Naye era olwobujemubwe temwamuwangaliza bwamibwe yagobebwa, kubanga yali akadiye nga takyalina magezi, mumwaka 1906 nebuwebwa Muyodi mugandawe omuto.Era Olukiko nerumuwa Agent okumuberanga.

18. Muyodi yagobebwa kubwami mangwago mumwezi gwa May 1910.Awo Gavumenti neronga Omuganda Sulemani Kakuma eyali Agent okutwala ekitundu ekyo nga ali wansi wowe Saza Ngobi, erali Nikolawo Tega.Olwokubanga mutabaniwe Stanley Nabong'o eyandiweredwa obwami yali akyali muto.Abasiki bagamba nti ensi eyo Busiki kyeyava eyononeka, abafuzi bayo nebafuba abatabufu abatainza kukuma nsi yabwe nga eda bwebalinga, kubanga abafuzi bayo bano :-.Jatemwa, Kirya, ne Nkulabwire basobya olwobutatukirira ebyemizizo gya Basiki nga bwebyetagibwa bikolebwe.

19. Omwami Sulemani Kakuma yaja mu Busoga nga ava e Buganda yaja nga yomu kubavubuka abaganda abasenga Omw. Nyiro oba Miro ,bweyali nga akomawo okuva e Buganda mubunyage nga akomawo okulya obwami bwabajajabe. Bwatyo ne S.Kakuma naja awamu naye mumwezi gwa April 8th.1892,nabera omu kubaganda abayambanga enyo Omwami Nyiro, olulala yeyali omukulu mubalenzibe nga balina Omwami N.Tega .Era yawebwa emirimu mingi nyo mu Saza lye Kigulu. Bwatyo olwobukozibwe obwo yabwebwa ekitundu kyona ekye Saza lya Kisiki nga ali wansi w'Omwami N.Tega omukumi we Saza lya Ngobi, Omwami S.Kakuma, yakuma bulungi ensi eyo okuva lweyagiwebwa nga akola nga Agent wansi wa Muyodi. Era oluvanyuma yagifugira dala yona yeka nga tewali Kisiki yenyini,okutusa bwekyatesebwa okusalamu Gombolola, awo S.Kakuma nawebwako Gombolola emu eya bwa Sabadu bwa Ngobi, kubanga Nkono yali amaze okuwebwa Obumyuka bwa Kigulu.

Omwami S.Kakuma yatandika okubera Agent wa Kisiki mumwaka 1906, okutusa 1918 bweyagibwako Gombolola nga emirimu giwebwa bananyinigyo Abasoga.

Muyodi ya'fa nga amaze okugobebwa ku bwa Kisiki, Omwanawe Stanley Nabong'o namusikira, nga S.Nabong'o amaze okusikira kitawe yatwalibwa mu Somero eriitibwa Balangira School,

EBYA NE-MWE KISIKI. 105-98

oluvanyuma eryaitibwa Busoga High School Kamuli erya C.M.S. Gyeyaigirizibwa nakomawo nawebwa Gombolola emu i. oluvanyuma yagobebwamu mangu mumwaka 1955, olwobutatukiriza mirimugye. erinya

Erinya Kisiki amakulu Kisiki, kya Ne-mwe. Okwakalirirwanga enyama era nokwota bulijo nga tava mukyoto awali ekisiki.

Mubiro bya Kawanguzi e Bitoke webyatukira mu Busiki. Kubanga ebitoke byali munsi ya Wakoli, Abasiki nebagenda munsi ya Wakoli okusakayo emere yamatoke, bwebaletanga mu Busiki awo nebadiba eminwe gyamatoke nebasimba, nga basubira nti yensigo yebitoke, naye amatoke negatameranga, okutusa abasiki bwebafuna omuntu eyava e Bukoli nabategeza engeri eyokusimba ebitoke nti Ekikolo oba ekitoke kyenyini kyekisimbibwa so siminwe gyamatoke.

ENZIMBA. Enzimba yamayumba nga yemu nenzimba endala yona eyomu Busoga, amayumba agemiti emitonotono amekulungirivu, agataliko madirisa agasherekebwa esubi Isenke agajuzibwa empagi munda okuwanirira akasolya. Abasiki bali banjaulo mu Busoga, kunsonga eyobutakula manyo gabwe mukamwa nga ebika ebirala bwebyakolanga mu Busoga.

Kawanguzi naye yagenda mu Bugweri gyeyawasa omukyala era erinyalye ye Kose, era bafuna abana abalongo bona babulenzi, amanya gabwe Mumesula, ne Muinda. Era yeyazala Mulyankwambi ne Nagwere.

20. Mutakubwa nga ayambibwa omwami S.Kakuma. Yeyandisikide kitawe mubyobwami, naye teyasika olwensonga ezitategerekeka bulungi. Naye yakumako nga akola nga ye Kisiki.

S.Nabong'o yeyandisikide kitawe mubyobwami naye kyali kizibu eri bagandabe okugamba nti tewali mwana ainza kufuga kubanga bona bateganya nti waliwo Mankati yali kyaje ajululwe nebawa Muyodi, naye era aliba kyekimu nga abasoka, olwo natakakasibwa. Abaganda nebemala ekifo. Okusinga, kubanga Abaganda ekifo bali bakyagala okukyegwanyiza bwebutamwanjula eri Gavumenti, yeyakomererayo okutula kuntebe yobwa Kisiki.

Isiko Tongote muganda wa Muyodi yeyazala Enoka Muinda II. Namunyagwe mwana wa Mulyampindi nebagandabe abalala abogedwako. Ayo yeyazala Yerimia Nabo(go, Dugo, Nerikx Erika N.Kibwika. Bweyali nga amaze okukomawo okuva mubuyage kumirembe Emitesa oba Mikabya, nga tanaba kukomawo yatundibwa emirundi esatu nga mukamawe amutunda eri abantu abalala olwobwavu, naye oluvanyuma nabombayo nakomawo gyali. Ekyo kiraga omukisa nobuulize bweyalina, mukamawe yali kukyalo Nabirewe,

XXXXXXXXXX

EBYA NE-JWE KISIKI.

okumpi ne Katende kukibuga. Naye yasanga mugandawe Dugo nga musaja mukulu era kubanga yeyali omukulu, oyo bweyafa Namunyagwe namusikira.

Dugo ajukirwa okukiriza mubirobye ebyo Edini weyaberera eyamanyi, okugaba ebifo eri aba C.M.S. ne R.C.M. ku Kibale neku Nabisoigi. Era yalina empisa singa enkuba etonya nga tainza kutambulira kutaka wabula balira endagala okumala olugendo lwona, okwo kundagala ezo nga kwatambulira.

EBYA KISIKI.

21. Enoka Muinda omwana wa Isiko Tongole,oyo Isiko Tongole yali mwana Kayodi,yalya obwa Kisiki kulunaku 9th.September 1957.Naye nakwasibwa emirimu gyona egye Saza lya Kisiki kulunaku January 1st.1958.

Okuva Esaza lya Kisiki bweryatekebwa wansi wokukumibwa Omwami N.Tega eyali akuma e Saza lya Ngobi e Kigulu okuva mumwaka 1906,gibade giisewo emyaka 32.Esaza lya Busiki lyali lifulidwa eritali Saza okuva eda.Era nga Owesaza afuga Kigulu nga tayagala kuulira kigambwa nti eda Busiki lyali Saza lyoka okufanana nga amasaza amalala agomu Busoga.

Emyaka gyali gyakaitawo 16 kasokede Busiki bufuka Ekimu kubitundu bye Kigulu.Era Busiki zali zifuse Gombolola 5, nga ogaseko ne Gombolola eyagatibwa ku Saza lya Wakoli ye Gombolola ye Bulange eya Kalange omwana wa Kisiki Muindi.Obumyuka owesaza Wakoli nga bwebbumyuka e Gombolola endala 4, ezali mu Busiki, zali mubitundu bino:- Mamutumba nga ye Sabadu we Kigulu, Kibale ye Sabagabo Nsinze ye Mutuba IV Kigulu. Kaiti ye Mutuba VI Kigulu. Ate mumwaka 1926 Olukiko lwa Busoga lwasoka okujukira nokulaba nti e Saza Busiki Butembe, agaliwo okuva eda gasanira okukomezebwawo okuva gyegali gabere Amasaza goka amaufu nga eda bwegalinga kyali Muminutes ezava e Bulamogi 1926.

Bwekityo Olukiko lwa Busoga lwawereza okutesa okwo eri D.C. Wa Busoga abituse mu Gavumenti Enkumi. Naye Gavumenti Enkumi yagana okukiriza endowoza ya Lukiko lwa Busoga kunsonga eno okuzawo Busiki, wabula Gavumenti yakiriza nezawo eSaza Butembe.Oluvanyuma abantu abekika kya Kisiki batanula okutwala okusaba kwabwe buli kisera eri Gavumenti enkumi neri Olukiko lwa Busoga,nga bakayanira okukomyawo e Saza lyabwe lifulibwe e Saza nga bwekyali eda. Naye okusaba okwo kwakalubiriranga nyo Gavumenti olwensonga ezasinga obukulu enyo, zalinga 2, olwokubanga Omwami Y.M.Zirabamuzale eyali afuganga e Saza lye Kigulu olwokubanga emperaye eye Saza lye Kigulu nga ne Busiki kwali nga nene songa kyandibade kyakumukendeza kumperaye eyo singa basalako ekitundu kye Busiki ekiweramu abantu abawa omusolo nga 8000.nokusingawo nga bebamu kumuwendo gwabantu abamufunyisa empera enene bwetyo, olwa Masaza gombi Kigulu ne Busiki nga gagatidwa awamu, olwokuganga Gavumenti sombi Enkumi ne Nzaliranwa zali tezinaba kufuna muntu mutufu mukika kya Kisiki, eyandisaaide okufulibwa Kisiki anawebwa e Saza lya Kisiki.

EBYA KISIKI.

Naye nga Gavumenti Zombi Enkumi ne Nzaliranwa zamanyanga nti ekisera kirituka e Saza eryo erye Busiki nerikomezebwawo nga bweryali eda, Era neriwebwa bananyiniryo abenda ya Kisiki benyini obanga webali abasanira. Naye abenda ya Kisiki tebasirikirira nakatono newankubade nga basubizibwanga emirundi mingi nti baliwebwa e Saza lyabwe ekisera bwekirituka. Naye bo beyongeranga bweyongezi bulijo okusaba mu Gavumenti okukomyawo e Saza lyabwe amangu nga bwekiinzika. Era ensonga zabwe oluvanyuma baziisanga eri Pleader owe Jinja. Mr.E.A.Baerlein oluvanyuma Gavumenti yalaba nti ekisera kituse okutukiriza okusubiza kyayo era nga emaze okufuna empenda enungi okulongosa empera y'Owesaza ate nga nemubekika kya Kisiki mulabisemu abami aba Zigombolola 2 abasanira okufuga e Saza lyabwe Busiki singa omu kubo abade aliweredwa, bwekityo ekigambo nekitesebwa Gavumenti zombi nobwegendereza bunene okumalirawo dala enkayana yona eyaliwo kunjui 8,(a) kului lwowe Saza lye Kigulu.(b) Kului lwowesaza Bukoli eyali afuga ekitundu kye Bulange nga naye tasimira dala kimugibweko okudayo eri bananyinikyo Abasiki.(c) Nekului lwa Basiki benyini olwebitundu byabwe byona byebali bakayanira. Awo Kulunaku 9th. September 1957. Bwana O.C. Neol D.C.Busoga. N'Owekitibwa E.Wako P.B.L. Bwebalaganyisa Owesaza Ngobi okutekateka abantu bona abasaja abomuzigo,Owesaza Y.M.Zirabamuzale Ngobi, Owesaza Yekonia K.Lubogo Zibondo, n'Owekitibwa Ezekieri Wako President Busoga Lukiko, nebatula Bwana D.C. ne P.B.L. ne A.D.C. Bebatula wagulu kukituti mu Lukiko era nga kutekedwako Entebe emu njerere nga tekutulidwako muntu nga erindirira okutuzibwako Kisiki omugya, bwanamala okwanjulibwa eri abantu.

Awo D.C.Busoga nategeza abantu bona Abami nabakopi abali mu Lukiko e Namutumba nti nzize wano nga ndeta ekyesanyu gyemuli. Ekyo bweyakisirisa Omutpatawe Omwami Y.Basalirwa nategeza abantu.ate D.C. nagamba nti nzize okubanjulira nti Owekitibwa Omulungi enyo Governor wa Uganda akiriza okutekawo nate e Saza lino Busiki kwekulitonda obugya nate awo abantu bona Abasiki abali mu Lukiko nebagugumuka olwesanyu eringi enyo nebebaza nyo nga bagalamira wakati mu Lukiko mumaso ga D.C. ne P.B.L. ne mugabantu bona nga beyanza nga bwebakuba mungalo nemizira emingi enyo.Awo abantu bwebasirika ate D.C.Busoga nagamba nti era owekitibwa Omulungi enyo Governor owa Uganda akiriza Omwami Enoka Muinda Mumyuka we Bukoli okukola nga ye Kisiki, D.C.Naimuka nakwata E.Muinda mungalo,

Kwa Muinda II, "7"

EBYE BUSIKI.

ate abantu nebeyongera okweyanza enyo enyo enyo dala. Awo D.C. natuza Omwami Enoka Muinda kuntebe eyokukituti okudirira Owekitibwa P.B.L. okukakasibwa nti ye Kisiki aze mubigere bya Bajajabe abeda, oluvanyuma nga D.C. Busoga amaze okwanjula nalyoka yebaza Owesaza Y.M. Zirabamuzale abade akuma ekitundu ekyo nga kiri wamu ne Kigulu. Era nategeza abantu nti tekibasanira okulowoza nti Omwami Y.M. Ngobi abade mulabbe wamwe, neda sibwekiri naye abade mubezi wamwe mungeri nyingi nokubakuza. Awo D.C. neyebaza Owesaza Ngobi olwomulimu omulungi gwakoze mukitundu ekyo namukwata mungalo mumaso gabantu bona namwebaza Era D.C. Nayanjula Owesaza Y.K. Lubogo Zibondo nga bwaitidwa okuberawo nokuulira nga ekigambo ekikulu kikolebwa era amusaba nti kyandisanide nokuwandika ebigambo byalabye mubyafayo Busoga nga Owekitibwa P.B.L. n'Owesaza Ngobi nga bwebasanide okuberawo kunsonga eno enkulu okugiraba

Engalo wawawa. Oluvanyuma Owekitibwa E. Wako P.B.L. nayogera mubitono okukulisa Abasiki okufuna e Saza lyabwe. Era nokukulisa Owesaza Ngobi, oluvanyuma nategeza nga bwasanyuse enyo mumutimagwe olwokubanga Gavumenti etukiriza ekigambo ekyokutekawo e Saza Busiki nga emalawo Omutawana gwona gwona ogubadewo munsi nga gusinzira kunsonga eye Saza Busiki. Nti nsaba gwe D.C. etuse okwebaza kyange mu luno eri Gavumenti. D.C. yadamu nti anakutusa, awo ate abantu be Busiki nebeyongera okweyanza awo D.C. Busoga nasaba Omwami E. Muinda okwogera, awo Kisiki omugya nasoka okuimirira okwogera nga gwemulundigwe ogusoka okwogera nga ye Kisiki nayogera bwati nti. Nina esanyu lingi kulunaka luno kubanga Gavumenti einziza okutukiriza okusubiza kweyasubizanga gyetuli okukomyawo Esaza lyafe Busiki. Era nina esanyu lingi nyo kubanga nfulidwa Kisiki. Kale'no banange mbasaba nti ekisigalide kwekukoleranga awamu obanga nze nemwa okukola oba nsobeza mukigambo kyona kyona mujenga gyendi nemundabula tulyoke tuinze okukola emirimu mu Saza lino Busiki era nokulikuza era neyebaza Owesaza abade akuma Busiki. Awo engalo nezivuga nemizira nate. Awo Olukiko nerwabuka nga Kisiki omagya buli muntu amukwata mungalo okumuyozayoza okutuka kubukulu obwo obwali buzeyo, kakano nga erinya lya Bajajabe ba Kisiki lizukide nate okuva gyeryali lifiride e Kigulu ne Bukoli.

ERINWA LYA KISIKI.

Lisinzira ku Bisiki ebyaletebwanga ku kyoto ekyomulugya mumbugaye NE-MWE weyasulanga kumuliro nga akalirira enyama, nga alina mukyalawe Saba,olwebisiki ebyo ebyaletebwanga buli lunaku kyebava bamuita KISIKI nekakano.

EMBERA ABWE.

Okuva e'da mubuwangwa bwafe nga Omusiki takula manyo nga bwalabika nga akoze bwatyo oyo yanyagibwanga bunyagibwa era nabanabe nebatundibwa.

ENZIKA YABA KISIKI.

Kisiki, bweya'fanga yamalanga enaku 8 nga ali kungulu nga tanazikibwa , mukisera ekyo ekyenaku 8 balinga ~~batekateka~~ batekateka ebyemizizo emikulu, era bulijo waberangawo ebika ebimu ebyamanyibwanga nga omwo mwemuliva omuntu omukusike owoku'tirwa kulunaku olwokuzika Kisiki nga afu'da. Omuntu oyo bwetategeranga nga ye alitibwa bwatyo, oyo ekintu kyona kyeyayagalanga oba kyeyasanganga newankubade kya Kisiki yenyini ekintu yakyetwaliranga awatali kumugambako kigambo kyona,yaberanga nedembe eryokukola bwatyo.

Kulunaku Kisiki lweyasikibwanga era nemuntu oyo owokuzikibwa naye awamu lweyatibwanga, era teyafunitibwangako kufumu oba okutekebwako ekiundu kyona.

Nga ekisera kituse okyokumu'tiramu basokanga okutegeka ebintu ebyobugaga mukifo kyona ekiri okumpi ne NYUMBA OMWAMI KISIKI MWAZIKIBWA. Oluvanyuma olwokutegeka basalanga olukwe nebalyoka bamutuma okugenda okuleta kuby'Obugaga biri ebitegeke, Ente ne birala kubanga nazo era ba'tibwanga kulunaku olwo. Nga agenze okuleta ente oyo gyeyasanganga abantu abalala abamulimdiride okumukwata,nga bamukute bamumenyamenyanga amagumba nebamu'ta oluvanyuma nebamuleka awo, era abantu abo nebatira awo ente yona- abantu aba nse bagitwalangako olui lwayo lwona era nebalekawo olui olulalan'omulambo. Bananyini muntu bwebatukanga kumulambo awali omuntu wabwe webasanganga nenyama olwo nga basitula omulambo okugenda okuguzika era abamu kubo nebatwala enyama eyente olui olwasigadewo kubanga tebal•agirwanga okugireka awo enyama eyo.Olwo nebamutwala okumusula mukinya ekiri okumpi nentana ya Kisiki.Era omu ku bakyala ba Kisiki ba'tibwanga bwatyo oyo gweyasinganga okwagala.

Okusisa oba okusikibwa kwa Bakisiki.

OKUSISA OBA OKUSIKIRAGANA KWA BA KISIKI.

Kulunaku 8 bweyamalanga okuzikibwa amangwago nebalonda Omusika mubanabe oba mukikakye so sikukika kirala kyona. Kulunaku olwo lwasise yamalanga enaku 2 endala nga talya mere, oluvanyuma abantu bali abekika ekyavamu omuntu eya'tibwa bwebategeranga nga enaku ziwedeyo ebiri olwo nebalaba ente nebagiretera omusika Kisiki awamu namatoke amokye obulungi, ente netibwa nalira wamu kumatoke ago olwo abantu bona Abakungu nabalala nebagabulwa emere era nebivuga byona nebitandika ebyo nga biitibwa NAMUGOYE ebigamba nti KISIKI mwali atude bulungi, era ebyo byavugganga bulijo.

Kulunaku olwo lwasisibwa omusika yayambazibwanga olubugo olwe kyami olwaitibwanga " Wa KANYENYE " olwakolebwanga okufamana Busuti nebamukwasa "EFUMU" awamu "n'ENGABO " era ne bamwambaza ekikomo " ekya Lwera,era nebamwambaza e nga'te " ezebibya". Nga ebyo bimaze okukolebwa bwebityo omuntu omujwa namutuza (Namusaba okutala ku "NTEBE " eye" IKOMERO" RYO BWA KISIKI) olwo bweyamalanga okutula kuntebe eyo abakyala bona bona nebalyoka bakantaganya ebikomo ebiri kumikono gyabwe ebiitibwa "ENGAGA" ebyo byona byakolebwan a misana.

Oku'ta omuntu ku basaja era n'omukazi, kitegeza nti yalina obuinza kubantu bona era nga bakuma ebiragiro era nti abo bebawerezabe gyagenda.

EBYA NE-M.K. KISIKI.

Nate oluvanyuma Kenya Muzira-mulangi nga alondedwa okukuma Kigweri yasaba Gavumenti okumudiza ekitundukye ekyamusalibwako,era nga Gavumenti emulabye nga asobola okukuma obulungi,kyatesebwa nekimudizibwa okuva ku Bulange- Bukoli,Naye Bulange nebufulibwa okuba Obunyuka bwa wakoli nokutusa lero. (Mpo'zi nakyo kyasigalirayo olwokubanga tewanalabika Kisiki nanyinikyo okukisabayo.

AFUGA OBWA KISIKI.

Yatwalanga abantu 3 okuwayo eri jaja wabwe gyeyazikibwa okubera Sadaka eyomwaka eri omuzimu gwa jajawe,abantu abo 3 bagibwanga mubika bisatu ebyakirizibwanga okuggamu byebino; ekyasokanga mubika ebisatu okukola oluwalo kyekiitibwa Bakose abedira Obulo,ekyadiriranga kya Banangwe abo Kutiko eky'Okusatu ekyenkomerero mukuwayo omuntu owesadaka ya Jajawe ompalo, nga buli kika kiwayo omuntu omu awali entana oku'tibwa, mumpalo. nafira mu'taka awali Sefulubya. tafumitibwa wabula nga amenyebwa magulu nemikono nebamuzika nga akyali mulamu.

Omuntu eyawebwangayo nga taberako kamogo kona kona newankubada enkovu, kumubirigwe,yakumibwanga nyo mumbuga alome okuberako enkovu, amakulu nti omuntu atali mulongofu oba eyaiwa[illegible]saigwe tawebwayo okubera Sadaka entukuvu eri omuzimu omukulu.

Afuga obwa Kisiki yagendanga omulundi gumu buli Mwaka okusinza awali Entana.Omuntu aliwebwayo nga akuze yawebwanga omukazi okufumbirwa, naye nga wadembe kubintu byona okutwala nga bwayagala, nga taziizibwa.

Bwebatyo Abasiki okulekera okuwangayo abantu abasatu ababuli mwaka okubera Sadaka ewebwayo eri Lubale wabwe ,buli mwaka.

Awo Lubale wabwe kyeyava asunguwala nabaleka,awo ensi yona neyononeka nefugibwa abalala, songa nabo banamyiniyo webali era nga tebalina nsonga nkulu ebaziiza okufuga obwami bwabwe aga abalala bwebafuga ana Saza gabwe.

Naye kino sikyamazima . Era siye nsonga enkulu eba entufu ebaziiza okufuga e Saza lyabwe.

ENTALO ZABAGANDA EZIGAMBIBWA NTI ZATUKAKO MU BUSIKI ZEZINO :-

I. Olutabalo Abasiki lwebaita olwa Wenzige, olwo lwafuluma Bukoli kubanga Wakoli yeyaleta e'gye ly'Abaganda nga ayagala atwale Bulange era nebitunda ebirala.Abaganda banyaga ebintu bingi nyo, lwaliwo mubiro [illegible] TT. Bya Mwinda II

(Entabalo Mubusiki.) EBYA NE-AME KISIKI.

2. Olutabalo olw'Abaganda Abasiki lwebaita olwamabeye era naluno lwafuluma Bukoli,ba'ta abantu bangi,era nebanyaga bangi nebintu bingi nyo,lwaliwo mubiro bya Kabong'o III.

3. Olutalo olw'Abaganda Abasiki lwebaita olwa Kaira,olutabalo luno Abaganda bakola nyo ebyantisa,oku'ta abantu bangi nyo,lwaliwo mumirembe gya Kabong'o I.

4. Olutabalo olw'Abaganda oluitibwa olwa Seruti.Era Abaganda bakola mungeri emu nga ababasoka,era olutabalo luno basomaka Mpologoma nebatuka e Bunyuli nebanyaga abantu bayo nebagezako okubalakatako enjola zabwe ezali mumabega nekumbuto.Naye omugabe wabwe Abanyuli bamu'ta,olwo lwaliwo mumirembe gya Jatemwa.

5. Olutabalo lwa Baganda Abasiki lwebaita owemali,lwaja mubiro bya Jatemwa,olwo lwa'ta abakulu bangi mu Busiki.

Egula 10. 4/13

LUKALANGO.

1. Kasango Iumbwe owe Mondo. Bagamba nti omusaja omukulu Kasango Iumbwe yeyasoka okuja mu Busoga nga ava e Masaba . Wakika kya Mondo, ensonga eyamuleta mu Busoga olwokubanga e Masaba gyeyava yali ejude abantu,bwatyo naulira nga mu Busoga mujude ensiko njerere omutali bantu, kyeyava aja nga agenderera okwefunira ekitundu kyensi ekitalimu bantu akifuge.

Kitawe tamanyidwa,era ekifo kyenyini weyasinzira okuja,wabula kigambibwa nti bweyali aja yaita munsi ye Bugeshu,naberako mukifo Mambale mu Bugeshu,oba mpo'zi ekifo Mambale weyasinzira.

Kasango Iumbwe bweyatuka mu Busoga, yasoka kutuka mukifo ekitamanyidwa linya nagalamira mukifo ekyo nga aumulako olwobukou obwokutambula. Oluvanyuma ekifo ekyo weyagalamira waitibwa erinya Mambale amakulu nti okulambala.Kwekugamba nti kwekuumulako,kakano kiitibwa erinya eryo Mambale. Era kyekyafuka ekifo kya Kasango Iumbwe ekyokutulamu.

Kasango Iumbwe yalina abanabe 4, Olwita,oyo namuwa ebyalo ebiitibwa Kibugo Bukasango, owokubiri Mukou,oyo namuwa ebyalo Buyebe,owokusatu Ntulungunyu oyo namuwa omutala gumu mubyalo bya Olwita,era nafugibwa Olwita,owokuna Kyoiza,oyo Namuwa omutala Namalege mubyalo bya Olwita, era naye yaberanga wansi wa Olwita.

Kasango Iumbwe yaja nebagandabe nabantu abalala abamubera mulugendo lwona, yafuluma Bugishu nagukira e Bukoli nalyoka atuka mukitundu kyensi ekiitibwa Buwaga natula nekakano, tewali lutalo okulwana naye kubanga tewaliwo bantu balala munsi okumulwanyisa,kigambibwa nti bweyatuka munsi eyo yasanga e Nyanja Kalubale nga eri wala kalui lwe Kisumu era ne Mwanza. Naye yeyongera okuvanyuma okusemberera enyo kuluilwe Busoga mubifo ebyali eby'Olusenyu.

Kasango Iumbwe omulimugwe gwali gwa kui'ga nsolo. Era yalina e Mbwaye eyaitibwa Maimo.Makisera kino emere gyebalina bwali Bulo no Lumonde, abantu bwebeyongera nebavumbula e Bitoke. Mbyambalo gali Maliba, oluvanyuma bai'ga okufuna ekyambalo ekirala eky'Olubugo ekyafunibwa kumiti gye Mituba, nga abantu bona beberongosereza nebafunamu ekyambalo ekinene, era nebintu ebyokusulako nga omufalisi.

LUKALANGO.

2. Olwita Wambwa, yalina amanya abiri, oyo bweya'fa mutabaniwe Lukandaigo namusikira.
3. Lukandaigo bweya'fa mutabaniwe Mujogi namusikira.
4. Mujogi yasikirwa Kapapi mutabaniwe.
5. Kapapi " Musirira "
6. Musirira " Kataga "
7. Kataga " Magera "
8. Magera " - -
9. Lujaya " Nakiuzi "
10. Nakiuzi " Ndada "
11. Ndada " Lusoma "
12. Lusoma " Mabeza "
13. Mabeza " Wambwa II "
14. Wambwa II " Kitau "
15. Kitau " Masanja "
16. Masanja " S.Migoli "

Enda ya Kasango Lumbwe e Bukasango, naya Mubiko ski Tyerera yemu jaja wabwe yomu ye Kintu. Syaita mu Busoga, abamu gwebsita nti ye Mukama owe Bunyoro. Era oyo Lumbwe yazala abana 4 bebano :-

1. Wambwa oba Olwita.
2. Mukwa
3. Wamondo oba Ntulugunyu
4. Katambula oba Kyoiza.

Era ekika kyabwe kirimu ebika bibiri, abalala abe Bukasango beita abe Mondo, ate abe Kityerera beita abe Mpologoma, naye nga bega'ta ekika kimu nokusikiragana kumu. Era okuva é'da embera yabwe, nokutabagana nobutafumbiriganwa bwebumu. Era bategeragana bulungi nga bakika kimu nga abe Ngabi bwebali. Bona baitibwa ba Mpologoma so si Mondo, wabula okuwana wekuli kutonotono okugamba nti ba Mondo oba nti ba Mpologoma. Naye ekisinga okumanyibwa abantu abangi mubekika kino bona bamanyi nti ba Mpologoma.

Essula ~~11~~ 12. 14

ABAISEKOBA MPINDI.

1. **Ikoba owe Mpindi**

Kigambibwa nti e'da waliwo abantu abatulanga kukisinga Kigulu, ekiriranye ekisinga Nsamba ekye Kavirondo. Omusaja oyo Ikoba awamu nabantube yasenguka okuva e Kavirondo kukisinga Kigulu nagenda atula kulubalama lwenyanja Nalubale, kulukalu lwe Buganda mukitundu kye Kyagwe eBukunja. Teyafunirayo makisa natamwayo mangu ,kyeyava ajulukayo mangwago nagenda kulukalu lwe Busoga kulubalama lwe Nyanja , era baganba nti Ikoba yeyali nanyini Lyato Walukiriri eryaungulanga abantu abavanga e Busoga okuganda eBuganda kunyalo gye Bunya.

Era Muly-to eryo mweyali atekedetekede okuunguliramu Kintu oba Mukama simga yali ayagade okusomokera ku Njanya Nalubale okugenda e Buganda, naye yaita kunyanja Kyoga nagenda e Bunyoro.

Ikoba yaja mu Busoga lwansonga ya Buunguzi bwoka, naye oluvanyuma yayagala ekwefunira ensi okufuga, bwatyo naleka omulimu ogw'obuunguzi ku Nyanja nafuka omufu'zi, nafuga ekitundu kinene okuva ku Nyanja Nalubale n'okuingira munda mu Busoga ebanga dene nye. Yaberererawo nga mufu'zi kyetwala mukitundukye, okutusa Mongota eyazikiriza abantu mansi eyo mumwaka 1900-1908, ekitundu nekigatibwa awamu ne bitundu ebirala ebyafuka e Sasa Bunya.

Kuno kwekusikiragana okwenda ya Ikoba owe Mpindi :-

2. Nalugoda yasikira kitawe Ikoba.
3. Lukusi I " " Nalugoda.
4. Nsiko-emera " " Lukusi
5. Kamyuka " " Nsiko-emera.
6. Kigwe " " Kamyuka
7. Lukusi II " " Kigwe.
8. Kamirangoma " " Lukusi II.
9. Basanya I " " Kamirangoma.
10. Basanya Isabirye " Basanya I
11. Mpanda yasikira Basanya Isabirye II
12. Esikuire, Nyamu" " Mpanda
13. Muluta " " Esikuire
14. Batwagulaine " " Muluta

Aba Iseikoba. Mpindi.

15.	Luwanyi	yasikira	kitawe	Batwagulaine.
16.	Nkote 1.	"	"	Luwanyi
17.	Nkoto II	"	"	Nkoto I
18.	Nsondo	"	"	Nkoto II
19.	Nalugoda Kirevu	"	"	Nsondo
20.	Kirindwe	"	"	Nalugoda Kirevu
21.	Erusubye	"	"	Kirindwe
22.	Isabirye Mageja	"	"	Erusubye
23.	Kintu	"	"	Isabirye Mageja.
24.	Namirembe	"	"	Kintu
25.	Waiswa	"	Magendawe	Namirembe
26.	Lukusi III	"	Kitawe	Waiswa
27.	Basanya II	"	"	Lukusi III
28.	Kirimulukoba	"	"	Basanya II.

Esula ~~12~~ 15

MPINDI.

ENDA YA WAKAIBA OWE MPINDI.

I. Kigambibwa nti e'da Kintu bweyali nga aja mu Busoga yaja nemusajawe erinyalye Wakaiba owe Mpindi,Kintu yafuluma Nasaba naita mu Budama nagukira mu Bukoli,gyeyava natuka kulusozi Buwaya,awo Kintu bweyamala okutegera ensi yona nga njerere temuli bantu bananyiniyo kyeyava agigaba yona,era nadira omusajawe Wakaiba namuwa olusozi olwaitibwanga Bulume, oluitibwa Baitambogwe kakano.Awo Wakaiba nasibula mukamawe Kintu nasitula nagenda kulusozi olwamuwebwa,ebyalo byona ebyali byetolode olusozi olwo kintu yabiwa Wakaiba, anti tebyali byalo birime naye yensiko enjerere eyemitala emirungi enyo.Wakaiba nagenda azimba e Bulume nazalirayo abanabe,naye eyamanyibwako erinyalye ye Nkoto oyo yeyamusikira bweya'fa.

2.	Nkoto	Nasikira	kitawe	Wakaiba
3.	Katogo	"	"	Nkoto
4.	Mninda	"	"	Katogo
5.	Nakodome	"	"	Mninda
6	Mwanyi	"	"	Nakidome
7	Kalema	"	"	Mwanyi
8.	Kabazinga	"	"	Kalema
9.	Isabirye	"	Mugandawe	Kabazinga
10.	Maganda	"	"	Isabirye
11.	Kanabalwa	"	"	Maganda
12.	Mugalu	"	"	Kanabalwa
13.	Nambavu Ntumba	"	"	Mugalu.

Nambavu Ntumba okusikira kitawe Mugalu byali biro nga ebya Kabaka we Buganda Semakokiro,era waliwo olugero oluganba nti waliwo olutalo olwalwanibwa wakati wa Mityabule mutabaniwa wa Luba ne Kaima owe Njasa. Olutalo olwo lwalwanibwa mukifo Bukonge mu Bunya. Naye Mityabule yeyagoba mulutalo olwo, Kaima bweyagobebwa yadukira wa Nambavu Ntumba, nafuka musajawe nabera omutaka, naye olwobujagujagu bwa wa Kaima mukamawe Nambavu Ntumba nawagala nyo era namufula ombakawo okutwalanga ebitono.

ABAISEIKOBA MPINDI.

Awo Kaima namanyibwa nyo mbantu bangi;oluvanyuma mukamawe Nambavu Ntumba bweya'fa Kaima neyefula yeka okuba omusika wa Mukamawe Nambavu Ntumba.Era abantu olwokumwagala nobujagujagubwe bona balaba nti asanira okubera omusika newankubade nga siwakikola kya Mpindi.

Okuva awo Enda ya Mpindi nekoma okubera enfu'zi ya Batambogwe, ate okuva olwo Enda ya Njaza Kaima nefuka enfu'zi ye Batambogwe. Naye Muindi abe Mpindi nebafuka abataka abasamira omusambwa Batambogwe.

Kaima owe Njaza nasikira mukamawe N.Ntumba,okuva Kaima bweyamala okusikira mukamawe Nambavu Ntuma olulyo lwa Kaima lwelubade lufuga okukoma ku Damdi Gawole eyagobebwa mu mwaka 1955.Awo nate owekika ekirala nawebwa obwami obwo.

Laba obigambo ebya Kaima owe Njasa nga bweyatwala obwami bwamukamawe Nambavu Ntumba owe Mpindi byawandikibwa kubifa ebya Kaima..

EKIKA KYE NJAZA NGA BE KYAJA MU BUSOGA.

Baganda nti Kintu bweyali nga ali mu Buganda mukifo Nsege eKyagwe, yazaliranyo omwanawe namutuma erinyalye Kitaka, omwana Kitaka bweyakula kitawe Kintu namuwa ekifo ekyo Nsege, baganda nti mukisera ekyo ekitundu kye Saza lye Kyagwe okuva kmu'ga Musamya nokusomoka Kiira kyali kitundu kye Busoga. Kubanga ensalo ya Buganda ne Busoga yali kumu'ga ogwo Musamya, naye kigambibwa nti Kabaka we Buganda Kyabagu yeyakiwangula, ekitundu kyona ekiri wakati womu'ga Musamya ne Kiira neki'da mu Bwakabaka bwe Buganda.

Oluvanyuma Kintu yava mu Buganda naja atula mu Busoga, yabera mukitundu ekiitibwa Igoobe mukifo ekiitibwa Buswikira, yasinzira Magonga mu Buganda okuja mu Busoga. Era Kintu yalwawo mukifo ekyo ebanga dene nalyoka a'fa, era nazikibwa awo e Buswikira.

Kino Abaganda kyebagamba nti Kintu yabula bubuzi, songa yaja mu Busoga. Mukifo awo Kintu weyazikibwa kisinzibwa abantu bona mu Busoga. Era Abasoga bawayo ebintu bingi okuba Sadaka eri Entana ya Kintu, naye abantu abawongebwanga bebantu abazalibwa nga baliko akamogo kumibiri byabwe, oba ente, ne mbuzi era nenkoko ekizalibwa nga kiriko akamoge kumubiri gwakyo kitwalibwa nekiwebwayo eri Entana ya Kintu. Era waliwo emandwa enkulu nyo esamirira Kintu, era singa omuntu azalibwa, naye abazalisabe nebaganba nti omwana ono wa Mandwa, awo bamutwala mangu nebamuwonga mu Mandwa enkulu eya Kintu e Buswikira. Kyalowozebwanga nti buli kintu kyona ekizalibwa nga kiriko akamogo kona kumubiri oba omuntu oba ensolo oba enyonyi ekyo baganba nti Kintu yakyerondera yenyini ekukitwala, kyebavanga bakiwaye amangwago.

Oluvanyuma omwana Kitaka nava eNsege kitawe Kintu gyeyamuleka, naja e Busoga okunonya kitawe gyeyalaga, naye bweyatuka mu Busoga yasanga Kintu kitawe nga yamala oku'fa, wabula nga abantube beyaja nabo boka nga bebaliwo. kubo ye Maganda eyali omukulu mubantu Kintu beyali nabo eye Maganda yedira Mamba era balowoza nti Maganda oyo yali wakululyo lwa Bemba Omusota gwe Budo. nga Kitaka atuse mu Busoga nategezebwa nti Kitawe Kintu ya'fajera nalekibwa ekifo(Entana) kitawe weyazikibwa, yasangawo abantu abo abali ne kitawe. Awo Kitaka naye nabera mukifo awo awazikibwa kitawe, yali alina mukyalawe erinyalye Naigwe, nabakungube Kyema eyedira ekyo nyanja ekiitibwa Nsuma, Ingia, owo Musu, Kiimba owe Nyonyi Nakisige(Kasense mu Lusoga).

121 H4

EKIKA KYE NJAZA.

Awo Kitaka nabera dala awo e Buswikira, nazaliawo abana babiri omulenzi n'omuwala, omulenzi namutuma erinyalye Kifunvu oba Kibubuli n'omuwala namutuma erinya lyanyina Naigwe. Era Kitaka yaberera dala awo ku Malalo ga kitawe okutusa naye lweya'fa.

Kitaka nga afu'de yasikirwa mutabaniwe Kifunvu. Awo Kifunvu bweyakula nawasa omukyala gweyagya mukika ekiitibwa ba Iseiruba abe Njasa, erinya lyommwala yali Nalubanga. Era nate Kifunvu Kibubuli yeyongera nawasa abakazi abalala bangi era nazala abana bangi. Bwatyo Kifunvu najululu cubuga ya kitawe nagigya e Buswikira nagenda agikaba kumutala Buvuta kuluzozi oluitibwa Igombe mukitundu ekiitibwa Busamo. Bano bebana ba Kifunvu, Kibwika, Ibulabato, Mambala, oba Ngunirira, Igombe, Kalikola, Wangubo, Muluwe, ne Namabale. Awo Kifunvu nayagala okugenda okulwana nabantu abomubizinga Bugaya ebiri munyan, Nalubale, bwatyo yagenda nalwana nabantu abomu Bizinga Bugaya ne Buvuma, abantu abali abafu'zi be Bizinga ebyo bali bedira Mamba abaitibwa ba Maganda. Kifunvu nawangula natwala ebizinga ebya Buvuma byona nabiwa Kibwika, nadikira ekitundu ekyokulukalu ekimu kyeyali afuga nakiwa Igombe, kyekitundu ekiitibwa Busomo. Ibulabato Mambala oba Ngunirira oyo namuwa ekitundu ekiitibwa Babambala. Kalikolaki namuwa Busakira e'da ekyali kiitibwa Nanyima, naye oluvanyuma kyaitibwa Busakira nga kisinzira kulinya lya Busakira eyasikira Kalikolaki.

Wangubo yamuwa Bugaya e'da kyaitibwanga Buzimba. Muluwe namuwa ekitundu ekiitibwa Butambala. Namabale namuwa ekitundu ekyaitibwanga Namasaka ekiitibwa Bugalu kakano nga kiva kulinya lya Igulu omuzukulu wa Namabale.

Ebitundu ebyo nga amze okubigaba, naye yali akyalina omwanawe omuto erinyalye Nabwana gweyasalira mu Bizinga, oyo teyamuwa byalo, kubanga yali muto, Bwatyo abana abakulu bona nebawebwa ebyalo byabwe era nebagenda okufuga ebyalo ebyo.

Kifunvu Kibubuli nabera mu Bizinga, teyawayo era eyo gyeya'fira, naye abalala bagamba nti yadayo kulukalu na'fira eBusomo era gyeyasikibwa. Bwatyo omwanawe owenkomerero Nabwana namusikira. Era nga asikide kitawe natwala ekitundu kiam ekye Bizinga bye Bunya.

Kibwika yagana okutula mu Bizinga eBuvuma, yatulanga kulukalu eNabubi, oyo gyeyasinzirenga okugenda okufuga Buvuma. Era ya'fira Buvuma bweyali agenzeyo okulwabula.

Emula 17

NGundirire owe Njazo.

1. Kmda ya Ngandirire Ibulabato owoluberyeberе owe Njazo, yatuka mukitundukye ekiitibwa Bubambala, yazala abana bangi, Isinda, Ibulabato Kaluba I, Nambalagala, ne Mukwaya, abo bona bana babalenzi, abobuwala tebabalibwa, e'da nga abana abobuwala tebabalibwa.

Bwatyo Ngundirire Ibulabato owoluberyeberye nga afude yazikibwa kumutala Kavule.

2. Ibulabato yasikirwa omwanawe Nanyima.
3. Nanyima " " Egiruma oyo yatula muki kyakitawe weyali.
4. Egiruma " " Ejaya I
5. Ejaya I " " Ngundirire II
6. Ngundirire " mugandawe Kaluba I
7. Kaluba I " " Isinda II
8. Isinda II " " Ejaya II
9. Ejaya II " " Mbwala
10. Mbwala " " Mpindo II
11. Impindo " " Kaluba II
12. Kaluba II yasikirwa omusukuluwe Wakitega
13. Wakitega yakirwa omwanawe Nandigobe
14. Nandigobe (Ya'tibwa Bagalida) Mukwaya Iralu .xx
15. Mukwaya Iralu yasikirwa omwanawe Katabi. Katabi eno yajulula
16. embuga nagenda agikuba eBukawongo yasikirwa omwanawe Kawongo.
17. Kawongo yasikirwa omwanawe Walugoma
18. Walugoma ya'fa Kawali, omwanawe Ganatwaga namusikire.
19. Ganatwaga yasikirwa omwanawe Kisiwa
20. Kisiwa " " Kisambira
21. Kisambira " " Kaluba III
22. Kaluba III " " Wanjuki
23. Wanjuki " " Magumba
24. Magumba akyaliwo mulamu. 16-11-55.

Esula 18

ENDA YA KIBWIKA OWE NJAZA.

Kitawe Kibubuli,omwana wa Kitaka, omwana wa Kintu. Yamuwa Ebiziinga Buvuma ekukona e Sese,era yawebwa nekitundu ekyemai kulukalu ekye Bukonge omuli ekifo Nabubi, mukitundu ekye mweyakuba embugaye mukifo Nabubi kulukalu, ye teyagenda ku Biziinga byeyali atwala. Era bweya'fa yazikibwa Nabubi.

1.	Kibwika I	Nasikirwa	omwanawe	Musoga.
2.	Musoga	"	"	Agaliku-Ekibya
3.	Agaliku-Ekibya	"	"	Basangwa
4.	Basangwa	"	"	Ndolombe
5.	Ndolombe	"	"	Kibwika II
6.	Kibwika II	"	"	Ezira-Eryato
7.	Ezira-Klyato	"	"	Kifunvu
8.	Kifunvu	"	"	IgaluI Baliseku.
9.	Igulu I Baliseku	"	"	Igula II Miti
10.	Igulu II	"	"	Lusalalira
11.	Lusalalira	"	"	Aha'fa Eminya
12.	Aha'fa Eminya	"	"	Munyegero
13.	Munyegero	"	"	Oluwereire
14.	Oluwereire	"	"	Balya-Mungabo
15.	Balyamungabo	"	"	Ndikumwoleka
16.	Ndikumwoleka	"	"	Izimba
17.	Izimba	"	"	Kitundu
18.	Kitundu	"	"	Bobika
19.	Bobika	"	"	Igulu III Kibigwa-wala
20.	Igulu III Kibigwa-wala	"	"	Katologo
21.	Katologo	"	"	Awomye
22.	Awomye	"	"	Igulu IV Mugeja
23.	Igulu IV Mugeja	"	"	Naku-Jirija.
24.	Naku-Jirija	"	"	Walya-Igulu Obuto
25.	Walya Igulu obuto	"	"	Ekimenya Enku
26.	Ekimenya Enku	"	"	Kyebaiga.

KIBWIKA OKE MUZA.

27. Kyebaiga nasikirwa omwanawe Musito
28. Musito " " Mpango
29. Mpango " Mugandawe Nasanairi Bagenda
30. Nasanairi Bagenda akyaliwo mulamu 16-11-55.

Abo bona okukoma kuwomuwendo ogwa 28, bafugira Nabubi e Bukonge. Naye Ebizinga gali matwale ga Kibwika, gatwalibwanga abakungu ba Kibwika nga bebagalabirira okutusa wakati wemyaka 1752-1800. Ebizinga nebiryoka byefuga byoka ebiralaka nebitwalibwa Kabaka we Buganda, ebirala nebisigala e Busoga nga byefuga byoka.

Egula 16. 19

ENDA YA MULUWE.OMWANA WA KIFUNVU KIBUBULI OMWANA WA KITAKA.OMWANA WA KINTU OWE NJAZA.

1.	Muluwe I	yasikirwa	mutabimiwe	Muluwe II
2.	Muluwe II	"	"	Awavuga
3.	Awavuga	"	"	Muluwe III
4.	Muluwe III Dongodo		"	Tefe
5.	Tefe	"	"	Awali Oluva
6.	Awali Oluvu	"	"	Malibwa
7.	Malibwa	"	"	Nyago
8.	Nyago	"	"	Nkonge
9.	Nkonge owe Busala	"	"	Kagulire
10.	Kagulire	"	"	Magala
11.	Magala	"	"	Ausi Waiswa

12. Ausi Waiswa aliwo kakano 16/11/55.

Abekika ekyo batula Butamba e Bugulu mu Bunya.

Lewali muntu mukulu ainza okunyonyola ebyafayo kumuda eyo. Wabula omuntu omu yamanya bumanyi bumanya agabantu abakulu nga bwebaja nga baliana. naye nga tamanyi ebyabafako. oba ebyaliwo mubulamu bwabwe nukitumbu ekyo. Anti Kadwade Yamongota eyaliwo 1906 nokweyo nerayo yaliinga yamala okuzikiriza Abantu abakulu bona nukitumbu kino.

Egula 17.20

ENDA YA IGOMBE OMWANA WA KIBUBULI OM ANA JA KITAKA OMWANA WA KINTU

EIGOMBE BUTAMBA.

1.	Igombe	Yasikirwa	omwanawe Kiiribwa Kagolo I
2.	Kiiriba Kagolo I	"	" Iyunju
3.	Iyunju I	"	" Kigoma I
4.	Kigoma I	"	" Magumba
5.	Magumba	"	" Kagolo II
6.	Kagolo II	"	" Kyomunyani I
7.	Kyomunyani I	"	" Mugobi
8.	Mugobi	"	" Miodi I
9.	Miodi I	"	" Kagolo III.
10.	Kagolo III Nanjego	"	" Kigoma II
11	Kigoma II	"	" Iyunju II
12.	Iyunju II	"	" Kyomunyani II
13.	Kyomunyani II	"	" Mpiti
14.	Mpiti	"	" Kayanga I
15.	Kayanga I	"	" Miodi II
16.	Miodi II	"	" Tulye-Kumawolu
17.	Tulye- Kumawolu	"	" Kayanga II
18.	Kayanga II Mukoba 1900 A.D.		" Azimbyewa
19.	Azimbyewa yasikirwa		" Aberi Kibaire
20.	Aberi Kibaire 1911 A.D. akyaliwo Nov.16.1955.		

Abekika ekyo batala mu Igombe mu Saza Bunya.

Emula 16.21.

ENDA YA NAMABALE, OMWANA WA KIBUBULI, OMWANA WA KITAKA, OMWANA WA KINTU OWE

NJAZA.	Yasikirwa	omwanawe	Musoga.
1. Namabale I	"	"	Iguluibi
2. Musoga	"	"	Kifunvu
3. Iguluibi	"	"	Kabaja I
4. Kifunvu	"	"	Kairu I
5. Kabaja I	"	"	Kasaja I
6. Kairu I	"	"	Namabale II
7. Kasaja I	"	"	Kasaja II
8. Namabale II	"	"	Wangubo I
9. Kasaja II	"	"	Kasaja II Malusu
10. Wangubo I	"	"	Kairu II Nsone
11. Kasaja II Malusu	"	"	Namabale III
12. Kairu II Nsone	"	"	Kinani
13. Namabale III	"	"	Ikonde
14. Kinani	"	"	Kabaka
15. Ikonde	"	"	Kibale Kitambiro
16. Kabaka	"	"	Kasaja III Mugabi
17. Kibale Kitambiro	"	"	Kairu III Kiyemba
18. Kasaja III Mugabi	"	"	Wangubo II
19. Kairu III Kiyemba	"	"	Kasaja III Nagongo
20. Wangubo II	"	"	Kasaja IV Makiro
21. Kasaja III Nagongo	"	"	Namabale IV
22. Kasaja IV/Makiro	"	"	Erwanya
23. Namabale IV	"	"	Inyensiko
24. Erwanya	"	"	Miti
25. Inyensiko	"	"	Wamuma I
26. Miti	"	"	Eryenzemu
27. Wamuma I	"	"	Babitambiro
28. Eryenzemu	"	"	Mutebaka
29. Babitambiro			
30. Mutebaka akyaliwo Nov. 18. 1955.			

IGULU OWE NJAZA.

Abekika kino batula mu Bugulu, mu Saza Bunya. Bona abalya kubwami buno okuva kuwomuwendo 3 bona basokanga erinya Igulu, noluvanyuma erinyalye edala neridirira,era nensi nefuka neitibwa Bugulu nga kakano eitibwa Bugulu.

Egula 28.

KAYONGO OWE NJAZA.

Bagamba nti e'da enyo waliwo omuntu mubizinga bye Sese erinyalye Kayongo,bwatyo omusaja oyo yalina mutabaniwe erinyalye Mukasa,omusaja oyo Kayongo yatulanga kukizinga erinya lyakye Nango.

Bagamba nti omwana oyo Mukasa bweyakula lwali lumuku lumu nazabala erya-to lyabwe erinya lyalyo Buba,Mukasa yalina omusaja omukulu ye Kisui eyedira NNgo, era Mukasa yalina ne Mbwaye erinya lyayo Ibula.Bwatyo Mukasa naja okutula kulukalu lwe Busega,batukira mukifo ekyokunyanja Nalubale,ekiitibwa Lwamba kiri wakati wa Buluba ne Jinja. Ekifo ekyo kali Katale akatundirwangamu,nga baleta okuwanyisa emabugo oba nemere nebirala, kali mukitundu e Lwamba. Mukasa naleka awo eryato-lye Buba era nadira omwanawe omu nasigala awo ku Nyanja mu Katale alikumenga.Awo Mukasa ne Kisui nembwa yabwe nebanabwe abalala nebagenda okui'ga ensolo.Omwana eyasigirwa eryato erinyalye yali Nakibaja,oye nasigala awo kumwalo e Lwamba nga akuma eryato.

Mukasa ne Kisui nebanabwe bagenda nga batambula mukifo ekyo ekiriranye Lwamba nga bai'ga,okutusa lwebeyongera ewalako nebatuka mukifo ekiitibwa Kasita,nebasisira awo.Kubanga bali bamaze oku'ta ebisolo bingi nyo nga balina enyama nyingi, awo Kisui nalaba nti balina enyama nyingi tebainza kugyetika okudayo kumwalo,kyebava batesa okufuna omuliro balyoke bakalirire enyama yabwe eye.Awo Kisui nagamba Mukasa agende anonye omuliro mubantu abali mukitundu ekyo. Naye Mukasa nagana okugenda okunonya omuliro gyegali,nga agamba nti naja nabana bange siinza kubaleka wano munsiko ne ngenda okunonya omuliro,mpo'si Ensolo enkambwe zinabaluma,oba omuntu owamanyi anabalumba aja kuba'ta nga siriwo.Awo Kisui bweyamlira ekyo nasitula nagenda okunonya omuliro gyegali.

IGULU O.E NJAZA.

Naye waliwo okuwakanako nnkigambo kino nti Mukasa siyeyali omukulu mu Lugendo, wabula Kisui yeyali omukulu.Era nti Mukasa te,alina bana wabula abana bali ba Kisui,era ne Mukasa yali mwana wa Kisui.Bwatyo Kisui yatuma omwanawe Mukasa okugenda okuleta omuliro;naye abantu bekitundu ekyo abalina omuliro nebagana okunnuwa omuliro.Awo Mukasa nadayo eri kitawe Kisui nannfegeza nti abantu bensanse nomuliro bagenyi okumpako.Awo Kisui yenyini nateza okugenda,yadira Mukasa nannsigira bagandabe abato,kubanga Mukasa yeyali omukulu mubo,abo abana nebasigala mukifo awali enyana yabwe naye Kisui yenyini nagenda okusaba omuliro, era nagufuna nagaleta. Awo nga akomyewo yadira obukulu nabuwa Mukasa okufuganga bagandabe bona, ate Kisui nasigalira kubera mukulu gyebali okumalanga empaka mubo.Era nokubakoleranga ebyemizanyo byona, byebabanga basabye gyali.Kisui omusiro-gwe Wa Ngo,era abantu abedira Engo mu Busoga baitibwa Baisekisui,anakulu nti abazukulu ba Kisui.

Naye ebya Kisui okubera omukulu ku Mukasa sibya mazima,kubanga singa bya mazima singa abe Kika kya Mukasa bona singa bedira muziro gwa Ngo, naye bona bedira muziro gwa Njaza.Mukasa yonna ku bolulyo lwa Kibubali abonubisinga byo munyanja Nalubale e Buvuma.

1. Mukasa oluvanyuma yatula kumutala Wabulungu , guli mukitandu kye Bukasa,yazala abana, Ligwe, Balenge, Mugulu, Kyango ne Kijoma.Bwatyo ukasa na'fira mukifokye ewa Balunga nasikibwa eyo.Mutubaniwe Kijoma nannsikira.
2. Kijoma nga amaze okusikira kitawe yajulula embuga nagenda agikuba Wandegeya,era eMaundo gyeyafira nasikibwa eyo.
3. Nsaiga Kibwa nasikira kitawe Kijoma, Mubiro bya Nsaiga Entalo za Baganda enyingi wezajira mu Busoga.Era Abazungu bona abaingiranga mu Busoga okutabala bansulanga wa Nsaiga,bwatyo na'fa nasikibwa eMaundo, kakano kiitibwa Bukasa nga erinya lya jaja wabwe bweryali.

Nkifo Bukasa kakano wewali esamba ye Bikajo ebya Vitalidas Kalidas & co e Kakira.

IGULU OWE NJAZA.

4. Gunsala nasikira kitawe Nsaiga,yafira Maundo gyeyazikibwa.

5. Bandi nasikira kitawe Gunsala,oyo bweya'fa byali biro bya Mongota eya'ta enyo abantu mu Busoga,tewali kutekawo musika.Naye kigambibwa nti wakati wa Kijegwa ne Nsaiga waliwo abasika abalala 5 abatabalibwa olwokuberabira amanya gabwe. Ate wakati wa Gunsala ne Bandi waliwo 2 abasika abatabalibwa olwokwerabira amanya gabwe.Ate oluvanyuma lwa Bandi wandibadewo abasika 2,kwekugamba nti singa bategerekeka bulungi singa bafu'zi be Bukasa bawera 12 abakafuga naye 5 beka okutusa kakano November 1955.

Ennala 24. 23

ENDA YA MUSEGULA OWE NJAZA.

Bagamba nti e'da waliwo omuzaja erinyalye yè Musegula eyedira e Njaza, omusaja oyo yava engulu wa Busoga,alinga yomu kubolulyo lwa Kibubuli olwe Njaza,bwatyo yaja eri omwami eyaitibwanga Okwiri Mukwanga eyali afuga ekitundu ekinene ekyensi ekiri wakati wa Ngobi Mmu ne Kibalya Lagwe owe Bulole.

Bwatyo Musegula yaja nga alina omulimugwe gwayagala okukolera omwami oyo gweyasenga, gwali mulimu ogwokukomolanga embugo zomwami neza bakyalabe.Era Okwiri yasanyuka okumufuna,era amangwago namuwa omulimu ogwo e oluvanyuma yamuwa emitala 10 mukitundu ekyali ekiitibwa Batanira,kakano kiitibwa Busegula, naye oluvanyuma nafuka kyetwala najemera mukamawe Okwiri.

1. Musegula nafuga Busegula,omulimu ogwokukomola embugo nagulc na'fa.
2. Takambula nasikira kitawe Musegula.
3. Mutesa " " Takambula
4. Kasaja " " Mutesa
5. Bwoye " " Kasaja
6. Kisakiro " " Bwoye. Yatibwa bu'tibwa olwokubanga naye ya'ta omuntu omulala.Era naye nasalirwa omusango na'tibwa.
7. Mulereju nasikira kitawe Kisakiro okutusa kakano May 1955.

Egula [redacted] 24

ENDA YA KAGUMBA OWE NJAZA.

Bagamba nti e'da waliwo omuntu omukulu enyo eyafuluma e uvanjuba nabera-ko mu Busoga,erinyalye yali ye Kintu,omuntu oyo yalina abantube ne bakyalabe, ne mbwaze nebintu ebirala bingi.Nga ali mu Busoga yasiuga okutula munsi ye Bukoli kunsozi eziitibwa Busoga ne Luwalambago.Bagamba nti nga Kintu ali kulusozi Busoga yazalirayo abanabe bangi, kubo ne Ntembe yaliko.

Awo Ntembe nabana abalala nga bakuze bai'ga omulimu ogwokui'ga ensolo okufanana nga kitabwe bweyali, awo Ntembe olwokwagala okui'ga ensolo enyo yayagala okweyaula mangu agende munsiko ewala ai'ge ensolo nga bwayagala, era yali akuze nga alina nabana bazade, ye Kagumba, Ntambiyo ne Kaluba,era nga alina abasajabe abamuwereza, bwatyo nagenda nabo okumuyambanga mukui'ga.Yava mu Busoga naita e Bukowe mu Bugweri namala okui'ga mukitundu ekyo,era nagenda e Igombe naigirayo ebanga dene, bweyava eyo nagenda Butambogwe. Agenda nga ai'ga mukitundu ekyawakati natuka e Bugule nazimba mukifo awaitibwa Kagoma naberera dala awo obutadayo eri kitawe,ekifo ekyo nekifukira dala obutakabwe.

Naye abalala bagamba nti Ntembe si mwana wa Kintu wabula mwana wa Kasoga.Era bagamba nti Kasoga yaja ne Kintu bafuluma buvanjuba munsi eyenêsi ze Masaba nga bali babiri ne Kasoga (ye Mukama,) baita Mugeshu nebatuka e Budama ne Samia nebatuka e Bukoli,nebaingirira dala wakati munda mu Busoga nebalwana ebanga dene nga batambulatambula mu Busoga, nebatambula nga betolola Busoga enjui zona, nebalyoka batuka mukifo Bugoma kulusozi Bugule. Nga bali kuluzesi Bugule bamalawo ebanga tonotono nga bali 2 Kasoga ne Kintu, oluvannyuma Kintu yayaukana nagenda nga alaga kului omu'ga Kiira gyegulaga nga gukulukuta, eyo Kintu gyeyasinzira naunguka omu'ga Kiira nagenda munsi ye Bunyoro. Era omuntu ono Kintu abalala gwebaita Mukama.

1. Bwatyo Kasoga nasigala Kbugule nga alina abantube abamuberako mumulimu-gwe.Kasoga yasi-ga e'taka lye Bugule olwo bugimu bwalyo nalisanyukira nyo, naye Kasoga nagenda munsi ye Bagolo mu Kyagwe Buganda nawasaye omukyala. Kubanga mubiro ebyo mu Busoga nga temuli bantu,omuwala erinyalye yali Kumwenda muwala wa Kamunye owe Bugolo Kyagwe Buganda . Tewaita banga dene omukyala Kumwenda nazala omwana wabulensi natumibwa erinyalye Ntembe, ycuyo Abaganda gwebagamba nti Ntembe mazukulu wa Kintu.

EN A Y A W G M A O E NJA A.

Awo nebagamba nti Kinta yeyawa Ntembe Obusoga. Naye ekyo sikitufu wabula Ntembe yemwana wa Kasoga nemugandawe ye Kyamutwe.Naye olwekitundukye okulirana ensi ye Buganda era nerinya lyakyo nga kiitibwa Busoga nga erinya lyananyinikyo Kasoga. Awo Abaganda webasinzira okuita ekitundu kyensi yona Busoga olwa Ntembe,Songa Kasoga yafuga akatunduke akatono akali kumu'ga(Nile) Kiira ekutuka awali e Kibuga Jinja kyona ekiitibwa Busoga kakano,e'da tekyalina linya limu,naye buli kitundu kyaitibwanga erinya lyananyini kitundu ekye nga bweriitibwa,nga Bugabula ekya Gabula, Bakoli ekya Wakoli Busegula ekya Musegula Buiserwanga ekya Iserwanga, nebirala bwebityo. Busoga kiva mulinya lya Kasoga.

Bwatyo Kasoga bweya'fa mutabaniwe Ntembe namusikira.

2. Ntembe bweyamala okusikira kitawe Kasoga nayongera okunyweza ekifo Bugulo,nakizimba bulungi nyo okusinga kitawe.Era nayagala okuwasa, kyeyava agenda mubakojabe e Bugolo nawasayo abakyala bangi,era abakyala abo bazala abana bangi dala abamanyidwa amanya gabwe. Ye Waguma,Mikalu Lugembe,Idondo,Mbajwe. Era yagabira abamabe ebyalo bwati :- Yadira ebyalo ebyetolode ekiiriro ekye Jinja nolusozi Jinja nabiwa Waguma,ate nadira Ekyalo ekiitibwa Kyamagwa nakiwa Mikalu, ate Lugembe namuwa ebyalo ebiitibwa Bugembe nogusozi Igenge.Idondo namuwa Butageza kakano ekiitibwa Budondo, Mbajwe yamuwa Kakira era awo weyazimba embugaye,ate Wanume eBawambuzi ekamega ne Waijaki.

Naye Ntembe yenyini natulira dala e Bugulo nga ai'ga ensolo nga kitawe bweyakolanga,era yali amanyi okubamba Engoma,era engoma gyeyasokerako okubamba yagituma erinya lyayo MULYABYAKI. Naye Kabaka we Buganda bweyalirako nti Ngoma mungi nyo,era evuga bulungi namutamira ombaka nti Eng'oma Mulyabyaki Kabaka we Buganda agyagala okugifuna, bwatyo yagala ogimuwe.Awo Ntembe nagimuwereza.Eng'oma eyo yabajibwa mumuti ogwatemebwa kukyalo ekiitibwa Bwengo. Naye erinya lyomuti terimanyidwa.

Naye kigambibwa nti Ntembe yenyini siyeyawereza Eng'oma eri Kabaka we Buganda,wabula omusaja aitibwa Lukwata omuzukulu wa Ntembe yeyagiwereza eri Kabaka we Buganda. Lukwata yali mwana wa Lugembe nanyini Bugembe awali ekibuga kyobufu'zi bwa Busoga kakano.Ate Lubembe yali mwana wa Ntembe.Bwatyo oluvanyuma Ntembe na'fa nga awangade nyo magandawe Kyamutwe namusikira.

NTEMBE OWE NJAZA.

5. Kyamutwe nasikira mugandawe Ntembe,naye nabera mukifo e Bugule.Era tewali kikulu kyeyakola,wabula kimu nti yazala abana bangi, kubo abamanyibwa ye Mkombe ne Mulumba. Kyamutwe yafuga ebyalo ebirala bibiri ebyali mu Buganda mu Saza lye Kyagwe;Ebyalo ebyo Ntembe yeyabifunayo nga akyaliwo,ensonga temanyidwa bulungi kyeyava abifuna mpo'zi olwokubanga kigambibwa nti ekitundu ekimu ekye Saza lye Kyagwe kyali kye Busoga,yensonga yoka esinga okutegerekeka nga Ntembe bweyafuna ebyalo ebibiri mu Buganda,byali amanya gabyo Nakyesanja,ne Naninya.

Erinya eryo Naminya lyerinya lye Kisoga,era Ntembe yali asiaye obunya obunene kukyalo Namulesa. Awo Kyamutwe bweyagandanga okui'ga enjovu nazigoberanga mubanya obwo. Bwatyo na'tanga nyo enjovu balijo.Era nafuna amasanga mangi nyo neyesima,kubanga yagatundanga nafuna buli kyeyayagalanga,era yalina efumulye ye kenyini lyeyakwatanga nga ai'ga ensolo, erinya lyalyo nga liitibwa Nakanga,amakulu nti lyanguya oku'ta ensolo mangu awatali kulwawo.Kfumu eryo lya Ntembe.Era lyagendanga lisikirwa buli musika eyadangawo okutusa Yusufu Waiswa omwana omuzukulu wa Ndimulala.

Bwatyo Kyamutwe yasikira mugandawe Ntembe era naye nga akadiye, kyeyava alema okulwawo kubwami newankubade nga yawangala nyo,wewawo Ntembe ya'fa nga wamanyi nyo nga tanaba kukadiwa,awo Kyamutwe na'fa nga akadiye nyo.

4. Mkombe nasikira kitawe Kyamutwe,nga amaze oku usikira yajulula embuga nagenda agikuba kumutala ognitibwa Iwamba.Era yazala abana abobuleesi babiri, amanya gabwe ye Mulumba ne Waiswa era nabalala.

Mkombe emirimugye gyali nga gyakitawe era nomwana gyeyakola na'fa.

5. Ba'gye nasikira kitawe Mkombe,bweyamala okusikira yajulula mangwago embuga nagenda agikuba kukyalo ekiitibwa Lwanda era eyo gyeya'fira nasikibwa eyo.

6. Bamugye mugandawe namusikira,awo nga asikide mugandawe natya okubera mukifo eki'se mugandawe.Kyeyava ajulula embuga nagenda agikuba kumutala Kidubundubu.Era eyo gyeya'fira.

7. Mayanja omwanawe namusikira,awo okujulula embuga kwali kufuse mpisa ngabuli musika bwamala okusikira mune ajulula embuga mangwago nagikuba mukifo ekirala.

bwatyo Mayanja yajulula embuga nagenda agikuba mukifo ekiitibwa Nkalanga.Era eyo gyeya'fira,era nasikibwa eyo.

8. Luinja nasikira kitawe Mayanja,oyo naye yagoberera empisa yabane eyokujulula embuga.Bwatyo nagijulula nagenda agikuba kumutala oguitibwa Musima emabega wogusozi oguitibwa Igenge,eyo gyeya'fira nasikibwa eyo.

9. Ndimulala nasikira kitawe Luinja,naye bweyasikira kitawe yali alina ekifokye ekye'da,bwatyo najulukuka okugenda mukifo ekyakitawe,naye yakirekera bagandabe ye yenyini yabera mukifokye ekiitibwa Butiki era eyo gyeyafira nasikibwa eyo.

10. Mngabe omwanawe namusikira, nga amaze okusikira kitawe,yasenguka nagenda asenga mu Saza lya Gabula kumutala Buvoya gwali mwaka 1921. Bwatyo na'fira eyo gyeyasenga,naye era obutakabwe bwali bukyabalibwa nga bubwe newankubade nga yabulekawo nasenguka tekyainzika kutekawo musika mulala mubutakabwe okutuusa bweya'fa mmaweezi gwa June 1935.

11. Ndada msgandawe namusikira,oyo yakyaliwo,mukisera kya November 1935 kigambibwa nti abami bona kabenda ya tembe tebawasanga bakazi baagi nyo okwenkana n'abami abalala nga bwebawasanga. Newankubade nga Ntembe ne Kyamutwe bawasa abakazi abangi tebasinga bakazi basatu mumwendo.

Era nokuzala abana abasinga ekazala enyo bakomanga kubana okuva ku 2 okukoma kubana 5, naye kyali kisibu okuweza abazala abana okusuka kuba 5,wabula Ntembe yeka eyazala abana 6. Naye abamudirira bakomanga kubana 2 oba 3 boka,kigambibwa nti abawasa omukazi omu bebasinga obungi ate abawasa abakazi 2 bebadirira obungi, abasigadewo bebatono enyo. Mbajwe I yeyazala Lubale Wairaka omwana erinya lyomutala Wairaka.Era ne Byanoga-Mwana wa Mbajwe,ate Byanoga yeyazala Mbajwe II.

Esulaba 22. 25

Kaima owe Kjaza.

ENDA YA K IM O E NI Z..

Kaima yemwana wa Kibwika, Kibwika ye mwana wa Ibubuli Kifunvu, Kibubuli mwana wa Kitaka, Kitaka mwana wa Kintu, Kintu ye yaja mu Busoga nga ava ebuvanjuba oba Mukama.

Kifunvu Kibubuli ye yazala Kibwika, Ibulabato, Mambala, Igombe, Kalikolaki, Kigoma, Muluwe, Igulu era nabalala. Bwatyo Kibwika nga ali eBukonge mukitundu kitawe kyeyamuwa, yazaliraya abanabe bangi, abamu kubo ye Kaima ne Kaluba.

1. Kaima yalina ebyalobye ebyamuwebwa Kitawe Kibwika, ebyali e Bunya mukitundu kye Bukonge. Naye olutalo olwaliwo wakati wa Luba ne Kaima olutalo olwo Luba yeyagoba, lwalwanirwa mukifo Bukonge.

Bwatyo Kaima nga agobedwa yadukira wa Nambavu, yali wa Mpindi owenda ya Nakabi omukungu wa Kintu gweyaja naye. Bwatyo Kaima nga atuse ewa Nambavu Ntumba nabera omujagujagu nakola nobwesigwa, natumibwanga buli bulimu gwona. Naye N. Ntumba bweya'fa awo Kaima neyefula omusika wamukamawe, okuva awo olulyo lwabe Mpindi nelukoma okulya obwami bwe Batambogwe.

Kaima yalina abanabe abobulansi, Igodi, Kibugo, Nakasaja, Kitampiga ne Budanda. Bwatyo Kaima na'fa nazikibwa kukyalo ekiitibwa Kakano Buyodi nga kiva kulinya lya Igodi eyasikira Kaima.

2.	Igodi	Nasikira	Kitawe Kaima naye taliko kyeyakol
3.	Kibugo	"	mugandawe Igodi " " "
4.	Nampala	"	Kitawe Kibugo" " "
5.	Mpango	"	" Nampala " "
6.	Luwalalira	"	" Mpango" " "
7.	Nyago	"	" Luwalalira " "
8.	Tukube	"	Mugandawe Nyago" " "
9.	Nkwewembye	"	" Tukube" " "
10.	Kyebambe	"	" Nkwewembye" "
11.	Daudi Gawolo	"	Jajawe Kyebambe yagobebwa mumwaka-

1955.

R1 38

Egula ~~6~~ 26

LUBALE WAIRAKA OWE NJAZA.

E'da waliwo omusaja ye Mugulusi,abamu gwebagamba nti omusaja oyo e'da yatulanga munsi ye Bukoli mukifo mangobo,gyeyava okuja okui'ga ensolo,naye bagamba nti mu Bukoli yali mufu'zi we Mitundu ekitonotono. Bwatyo yagenderera okui'ga oluvannyuma nasima ensi gyo, awo natulira dala eyo.Era nadira ekifo kyeyatulamu nekiita erinya Wairaka,amakulu galyo nti yava waka nagenda waka,kwekutegeza nti gyeyava ne gyeyagenda kyekimu tewali nsonga eyandimuwaliriza okudayo e Bukoli. Naye ekyamazima kigamba nti Lubale Wairaka ye mwana wa Obajwe,ate Obajwe mwana wa Ntembe.

1. Bwatyo Mugulusi nabera e Wairaka,nazala omwana omu erinyalye Kazindo,gweyazala mu mmukyala erinyalye Mbeguyaki,egwangalye yali Muvuma eyedira Nkasimba.

2. Kazindo nasikira kitawe Mugulusi,yaiiga omulimu gwa kitawe ogwokui'ga ensolo,era nabera omuvubi we byenyanja kungwa. Bwatyo na'fa,mutabaniwe Balubula namusikira,yazikibwa kumpi ne Nyanja.

3. Balubula yakola emirimu nga kitawe gyeyakolanga, era yeyazala omwana eyaitiowa erinya lyomutala yali Lubale Wairaka. Bwatyo Balubula na'fa nasikirwa mutabaniwe Lubale Wairaka.

4. Lubale Wairaka nasikira kitawe,nabera mukifo kya kitawe,abamu bagamba nti kyeyava aitibwa Wairaka kubanga waliwo abantu abalala bangi abali baitibwa erinya lya Lubale,awo olwokwagala okutekawo enjaulo kulinyalye kyeyava aitibwa einya lya Lubale Wairaka nga omutalagwe bwegali.Bweya'fa yasikirwa mutabaniwe Kabega,gwali mwaka 1872.

5. Kabega nasikira kitawe Lubale Wairaka nafuga okutusa mumwaka 1905 bweya'fa nasikirwa mugandawe Waiswa.

6. Waiswa nga asikide mugandawe,ekitundukye kyona kyali kimaze okusalibwamu nga emitala emirala gifugibwa mubitandu ebirala,olwokubanga kitawe Lubale Wairaka ya'fa nga kalenzi kato nyo nga kayonka. Yatuka okusikira mugandawe nga muvubuka.

148

137

Egula 27

KALUBA OWE NJAZA.

1. Kaluba owe Njaza ye mwana wa Kibwika,Kibwika mwana wa Kifunvu,Kibubuli ate Kibubuli mwana wa Kitaka,Kitaka mwana wa Kintu.

Nga Kibwika ali e Bukonge mubyalobye era nga afuga nebimu ku Bizinga byomunyanja kitawe Kibubuli byeyamuwa,eyo ku Bizinga omwana Kaluba gyeyazalirwa ku Kazinga nkatono akaitibwanga Luyanzi eruvuma. Awo omwana Kaluba bweyakula,kitawe Kibwika na muwa ebyalo kulukalu ebyali ebyererere,oluvanyuma ebyalo ebyo byaitibwa erinya lyananyinibyo Kaluba nebiitibwa Kuluba.Ommbaka eyamutwala mubyalo ebyo yali erinyalye Muyobo,bajira mulya-to bwebali bava kukizinga erinya lyakyo lyali liitibwa Nsota,bagoba kumalo ogutibwa amagera. Bwatyo omubaka yamukwasa ebyalo ebyo nga temuli bantu,awo Kaluba natandika okulima enyo ebyalobye,era nazala omwana owobulenzi namutuma erinyalye Mugulu-gwanzu,oyo yeyamusikira.Kaluba yazikibwa mukifo Kakira-Kambuzi.

2. Mugulugwanzu nasikira kitawe,nazala Mumira,bweya'fa ye yamusikira.

3. Mumira nasikira kitawe Mugulugwanzu,oyo yazala mbana 2 Idondo ne Wakikinala.Bweya'fa Idondo namusikira.

4. Idondo Kaluba nasikira kitawe Mumira.
5. Wakikinala Kaluba " Mugandawe Idondo Kaluba
6. Bitege " " Kitawe Wakikinala
7. Kiigira " " " Bitege
8. Kitubi " " " Kiigira
9. Wangadia " " " Kitubi.

Yali mizira nye,era yasinga kuberanga Buganda mulubiri lwa Kabaka we Buganda.Era yalwananga nye muntabalo za Baganda zebatabalanga munsi endala,nga aitibwa nagenda natabala.Yaliwo okutusa ku Kabaka we Buganda Mutesa.

10. Alindaki nasikira kitawe Wangadia
11. Galuwombo " " Alindaki

Awo Mongota na'ta abantu bona mukitunda ekyo,abasigalawo nebadakira mubitunda ebirala .

Esula ~~X~~ 28

MUBIKO O E MPOLOGOMA.

Mubiko owe Mpologoma , kigambibwa nti yomu kubana ba Kintu,newankubade nga ekikakyo wa Mpologoma.

Ebyogerwa kumusaja Mubiko bigamba nti kitawe Kintu yali mu Baganda mukifo Magonga,era yalina abakyalabe basatu,Kambubi,Kaigwe ne Walamba. Bwatyo omukyala Walamba yazala abana 3, amanya gabwe Iumbwe,Kasango, ne Mubiko, bwatyo Kintu yava mu Buganda naja atala mu Busoga kumutala Buswikira,ensonga eyamugya eBuganda,olwatuka Kintu nasunguwala mangu nakwata omusigirowe era ye katikirowe erinyalye Kisolo nama'ta,kale nga alabye abaze oku'ta kisolo, ensonyi zamukwata bwatyo kintu naduka e Buganda naja yekweka e Busoga nga abe Buganda tebamanyi, awo Kintu natulira dala mu Busoga,nga Kintu aja mu Busoga yaita e Nyagwe mukifo ekiitibwa Nsenge nayagala okwekweka awo oluvanyuma navayo natuka e Busoga, nga alina abana 3 Iumbwe Kasango ne Mubiko,era nga alina abakyalabe bano :- Lubanga,Kiyebbe ne Ngia.Munsi yasangama abantu batono nye abali batula mukifo ekiitibwa Buyanirwa,abantu abo nga baitibwa Banaganda eba Baisemaganda,okuva kulimya lya jajawabwe aitibwa Maganda owe Mamba.Abantu abo balwanyisa Kintu, naye yabagoba era nabafuga.Oluvanyuma yabafula abatakabe okumumaliranga ebyemizizo byona.

Kintu yatulira dala e Buswikira,nga ali eyo omwanawe Kasange nasumulula omutwalo gwobulogoyetika bwebali nga bava e Buganda .Awo Kasango bweyasumulula omutwalo gw'Obulo obulo bwona obwaliwo nebusangibwa nga bwamba , awo kitawe Kintu natuma Kasango erinya erigya nga aligya kubulo obuumbye namutuma erinya Iumbwe.Oluvanyuma erinya eryo lyafuka ekika ekye ekitibwa Baiscumbwe,amakulu nti abazukulu ba Iumbwe nekakati ekika ekyo kinene mu Busoga.Era Kintu yawa Iumbwe obyalobye obye Nambale e Busoga,oluvanyuma byaitibwa Bukasango nga liva kulinya lya Kasango nanyinibyo.Ate Mubiko namuwa obyalo obye Kityerera e Bumba.Naye abakungube teyabawa byalo, yabera nabo wamu okumukumanga.Abakungube nabanabe abamu nebamusika e Buswikira,batabanibe nebadayo buli muntu mukyalokye,era tewaliwo musika eyasibwawo.

1. Mubike natula e Kityerera mubyalobye,nazalirayo abana abobulenzi 2. Nanombe ne Kaigwa.Mubiko yayagala okufuna abantu okuleta mukitundukye ekyali ensiko enjerere,naye teyasobola kubafuna bulungi kubanga abantu bali batono nyo wona mu Busoga, bwatyo na'fa nga talina kyakoze bulungi.

MUBIKO OWE MUGOGOBA.

2. Nanombe nasikira kitawe Mubiko,nga amaze okunywerera ku bwamibwe, yajirwa ekirowozo nga ekya kitawe nayagala agaziye emsiye, olwekyo kyeyava atesa okulumba ekika ekirala ekimulirakaaye okulwana nakyo nga ayagala akifuge,ekika ekyo kyali kiitibwa Banamwena abazukulu ba Namwena.Nanombe na'fa nga amaze okugoba era nokufuna ekitundu ekyo.

3. Kaigwa nasikira mugandawe Nanombe,kubanga ya'fa nga tazaide mwana. Awo Kaigwa amangwago omululu ogwokuwangula nga mugandawe Nanombe gweyalina gwamukwata,nalumba abekika ekiitibwa Baisekyema abazukulu ba Kyema abe Nenko,Kaigwa nabagoba kumutala gwabwe nagutwala.Kaigwa yalina omwanawe omu owobulenzi erinyalye nga aitibwa Irege,oyo yeya musikira.

4. Irege I nga asikide kitawe Kaigwa, talina kyeyakola natula mubyalobye,mweya'fira.Mutabaniwe Nanombe II Kasule namusikira.

5. Nanombe II Kasule nasikira kitawe Irege era naye yatula butuzi bwatyo bweya'fa omwanawe omu namusikira ye Mboli.

6. Mboli nga asikide kitawe Nanombe II,yalumba ekika ekye Njaza ekyali kitula kumutala Busala nalwana nyo nabo nabagobagobamu natwala omutala Busala.Bwatyo na'fa mugandawe Byalo namusikira.

7. Byalo nga asikide mugandawe Mboli,teyalwawo na'fa mangu,kubanga yali akadiye omu kubanabe namusikira.

8. Kamadi nasikira kitawe Byalo,nga asikide kitawe yayagala okulwana nabantu abali batula kumutala Ituba Lugala abaitibwanga Abaisekoba abazukulu ba Ikoba,naye Abaisekoba bali basaja bazira nebagoba e'gye lya Kamadi,era ne Kamadi yenyini na'tibwa mukulwana okwo, mugandawe namusikira.

9. Msabadi nasikira mugandawe Kamadi,era naye nga amaze okusikira yayagala okutukiriza omulimu mugandawe gweyasikira gweyali akola kwekulwana nabantu abo Abaisekoba.Era Abaisekoba Msabadi nebagoba e'gyeryeq naye yenyi Msabadi na'tibwa mulutalo olwe nga alwana olwokwagala okufuna omutala Ikoba,mugandawe namusikira.

10. Kalali nasikira mugandawe Msamadi, nga amze okulya obwamibwe teyalekerawo oba okusula ekirowozo kyabagandabe,naye era kyamulimu mundaye,awo namalirira okulumba Abaisekoba,nalwana nabo nabawangula natwala omutala Ikoba.Kalali yalina abana abobulenzi :-

MUBIKO OJE MPOLOGOMA.

1.Mukuwa,2. Mulindwa,3. tale-Kitengeta,4. Kagulire. Bwatyo Kalali na'fa.

11. Mukuwa nasikira kitawe Kalali,bwatyo bweyamala okunywera kubwamibwe yatesa okugenda okulwana ne kika ekiitibwa Buisekizibu abazukulu ba Kizibu abatulanga kumutala Buzibu.Bwekityo entalo ezokulwanira omutala ogwo Buzibu zali zakabi nyo nezimuzawo abolugenda abasatu nsba'tibwa; bebano :- Mukuwa,Mulindwa neNtale-Kitengeta.Naye muganda wabwe Kagulire bweyalaba nga bagandabe ba'tidwa nanyinkira nyo dala okulwana, nawangala abalabebe natwala omutala gwebayagala Buzibu.Oluvanyuma Kagulire yasikira bagandabe bona aba'tibwa mulutalo nawebwa obwami bwamugandawe.

12. Kagulire I nga ali kubwami bwamugandawe yazala abana abobulenni bangi,kubo ababiri bebalya obwami. Kirobe ne Irege II Kiumbi.Bwatyo Kagulire bweya'fa mutabaniwe Kirobe namusikira.

13. Kirobe bweyasikira kitawe Kagulire yamala emyaka ntono nagenda alwana nabantu bananyini mutala Buyebe abo nebamu'ta,awo mugandawe Kiumbi IregeII namusikira, mugandawe.

14. Kiumbi Irege II nga asikide magandawe Kirobe yatya okulumba abantu be Buyebe amangwago. Yalina batabanibe bano :- Mugoli I, Ntole,Nkomo, Mugoli II Mbyayagala ne Kayanja,oluvanyuma Kiumbi Irege II nalumba abantu be Buyebe nebalwana nyo abantu bangi abokunjui nombi nsba'tibwa, era batabani ba Irege bana (4) ba'tibwa mulutalo olwo,oluvanyuma Irege na'fa nasikirwa mutabaniwe Mbyeyagala eyasigalawo kukulwana okwaliwo, e Buyebe.

15. Mbyeyagala nasikira kitawe Kiumbi Irege II, nga asikide kitawe yafuga bulungi abantube,era mutabaniwe Tuve-mumiti yayasikira.Kayanja.Era oyo Tuvemumiti yeyamala Namsota,Kaigwa, Luwabira ne Jiwerera.eraMbyeyagala nga afude yasikirwa mutabaniwe Tuvemumiti.

16. Tuvemumiti nalya obwami bwa kitawe,naye ya'fa mangu, mutabaniwe Namsota namusikira.

17. Namsota nasikira kitawe,awo nga amaze okusikira yayagala okuwala egwanga kubantu Abakyema abali ba'se abantu bangi aba Mbyeyagala jaja wa Namsota,mukugenderera okuwalana egwanga,naye yawalanwa egwanga na'tibwa era ne Kaigwa Luwalalira lweya'tibwa,awo Jiwerera nalyoka asikira Namsota ne Kaigwa Luwalira.

MUBIKO GWE M.O.OGOMA.

18. Jiwerera nga asikide mugandawe Namusota,nabera mutefu nazala abana bano :- Kirigya, Speju,Kirihaigulu,Kagwei, ne Luneneke. Naye abo bona ba'tibwa mulutalo oli ali lulwanibwa mukifo e ugata n'Abakyema . Luneneke yeyasigalawo yeka.ra yeyasikira Jiwerera kitawe.

19. Luneneke nga asikide kitawe te e yongera kulwana nate, yali akyakabira bagandabe aba tibwa mul talo olwo. azala omwana omu owobulenzi oyo yeyamusikira bweya'fa erinya yali ye Mwanamubi,amakulunti okuzala om ana omubi kyekisinga obutazala.

20. Mwanamubi nasikira kitawe, oyo yeyazala Ndalula, jaye Kagulire. Bwatyo Mwanamubi na'fa mutabaniwe namusikira.

21. Ndalula nasikira kitawe Mwanamubi, teyawangala na'fa mugandawe namusikira.

22. Njaye Kagulire nasikira mugandawe Ndalula.

23. Ntale nasikira kitawe Njaye Kagulire II.

24. Ludigo nasikira kitawe Ntale

25. Mugaino " " Ludigo I

26. Nanyumba " " Mugaino

Oyo Nanyumba yeyazala Lugoko,Nfumbisi,Toire,ne Gulemye. Naye Lugoko,Nfumisi ne Ntoire ba'fa Mongota,Gulemye yeyazala Kisala naye teyalya ku bwami,Kisala yeyazala Nanyumba Ludigo II.

27. Nanyumba Ludigo II nasikira jajawe Nanyumba ,mubirobye Mongota weyatukira munsi eye Busoga,era natuka mukitundukye nazikiriza abantube bona,abasigalawo awamu naye nebagibwa munsi yabwe nebatwalibwa mukitundu kya Kayanga e Igombe okuva 1906-1919,lweyasibwaye ewe e Kityerera nga alina abantu 60 boka ,eyafuga abantu abasuka akasirivu akamu.Bwatyo olwobunakuwavu obwamukwata nga amaze okudayo munsiye era nomubirigwe nga gukadiye byanafuya emwoyogwe na'fa 1920.

28. Jemusi Basibe eyaigirizibwa mu Somero Balangira School Kamuli namsikira.Bwatyo eyali Owesaza nafulibwa Owagombolola nga bwekyamanyibwa nti e Saza lya Nanyumba lyalina abantu abekitalo mu Basoga, nga munsi eyo tewali awali ensiko, kubanga ensi yona yali nime.

Kigambibwa nti waliwo abantu abalala abalya obwami bwa Mubiko oba Nanyumba abatamanyidwa bulungi,obanga babulyake,oba neda kubanga tewalikikakasa,gano gemanya gabwe :- Mwambala,Mutaka,Mugerere,Balima, Namanda, Kairugavu, Kajume,Mutabuza,Naigobya,Mutakubwa,Kayanga,

148

142

MUBIKO O M.OLOGOMA.

Irega-Munda,Katembe,Namjeja,Makula,Kisozi,Kabaka,Olisa Batyamye, Ifalu,Lunayonda.Nkolero,Tibatuke,Bamulese,Kyasama, abiireha,Kalali, Atole-Kiyubba ne Bajubi.

Naye kiringa abo bali Balangira abana babami abalyanga obwami obwa Mubiko owe Mpologoma.

Esula 26, 29.

KATAM ULA OWE MPOLOGOMA.

1. Kasango Iumbwe yazala banabe bangi omu kubo yali Katambula, bwatyo Katambula bweyakula kitawe Iumbwe namuwa ekitundu kyensi kinene mu bwakabakabwe. Iwo Katambula nabera mukitundukye, kitawe kyeyamuwa nga ali wansi wakitawe, nga yamufuga. Naye Iumbwe bweyamala okufa awo Katambula neyesalako nafuka bwakaba yeka nga yetwala. Era ekitundukye nekiitibwa Lukasango olwa Katambula. Era Katambula bweya fa nazikibwa mukitundukye, omwanawe Lukalango namusikira.

2. Lukalango I nasikira kitawe Katambula, nyina erinyalye yali ye Nakitiyo.

3. Lukalango II nasikira mugandawe Lukalango I nyina erinyalye ye Nabuwongo.

4. Kasubi nasikira kitawe Lukalango II.

5. Wamondo II Katanywa nasikira mugandawe Kasubi.

6. Kayaba " " Wamondo Katanywa

7. Wamondo II Lubondobondo" " Kayaba

8. Kinala " Kitawe Wamondo Lubondobondo.

9. Oluta " " Kinala

10. Ngabo " " Oluta

Ate bano wamanga nabo balya ku bwami bwa Katambula, naye tekitegerekeka bulungi nga bwebasikiraganganga, naye kikakafu nti bafuga kubwami bwa Katambula era nga bamululyo olwo, abataka abakakasa abo okuva ku 1. okutuka ku 10. Bakakasa nti nabo wamanga bali bafu'mi mululyo lwa Katambula.

11. Mabale, 12. Kitali, 13. Muzaya, 14. Muku, 15. Mujoji, 16. Mbajira, 17. Nakasasa, 18. Muguwa, 19. Oluta, Nadira, 20. Naguwa Miupa, 21. Namsiku, 22 Kintu, 23. Kiyoza, 24. Kisegu, Matakogante, 25. Nauwano, 26. Oluta Aganka, 27. Kisegu, 28. Mwanalira, 29. Ntulungunyu, 30. Mbada, 31. Kalogo, 32. Maiga, 33. Katabi a-34. Kabali, 35. Migoli, 36. Kyezindu, 37. Kabala, 38. Kagaya, 39. Mpiti, 40. Binywera Majoji, 41. Wamondo, Kitanwa, 42. Muzaya Lukalango, 43. Gwanamagalo, 44. Lukalango nyina ye Nankofu, 45. Katambula Kagoye, 46. Ekaya, 47. Katabi, 48. Lukungu Lukalango. Lukalango Oluta ono ye wenkomerero okutuka mumwaka 1854.

148

144+37

Esula 30

NALWEBE OWE 'NGO.

Ebigambo ebye'da enyo ebyogerwa ku Nalwebe owe'ngo nga bwebyaja byogerwa nti,e'da waliwo omuntu omu omukulu eyaja nga aita munsi nagukira munsozi ze Masaba Bugeshu,natuka mu Busoga nabera mukifo Mpundwe,nga ali eyo yazalirayo abanabe abobulenzi 4 amanya gabwe :- Kiwalo,Wampala, Wamango ne Kivule.Era kintu oyo yagabira abanabe ebyalo bwati nga tanaba kugenda mulugendolwe :-

Kiwalo yamuwa ekyalo ekiitibwa Bukibwa.
Wampala " Olusozi oluitibwa Mpandwe.
Wamango " " " Busomo
Kivule " Ekyalo ekiitibwa Bukali.

Awo nga kintu amaze okugabira abanabe abo ebyalo,bwatyo nalagira buli mwana agende mukyalokye,ate ye yenyini nasitula nagenda mulugendolwe nga alaga ebugwanjuba ate oluvanyuma yakomawo nabera e Buswikira e Igombe.

Naye abana bweyabaleka mubyalo n a bafugibwa muganda wabwe Wamango , lubanga yali wamanyi,era omuzira, bagandabe nebamutya nye.Era singa kubo waberawo amuwakanya nga ainza okumu'ta amangwago,eba okumugoba mukyalokye.

1. Wamango nafuga bagandabe,yazimba embugaye mukifo awaitibwa Nabwango. Era nawasa abakyala,nazala abana;- Nanjubu,Kidanga ne Weyale nabalala. Wamango yategana bulije nebagandabe, kubanga oluvanyuma bajemanga olusi nolusi,nabera nentalo ezitakede,naye era nga Wamango abawangula nabagoba nemubyalo byabwe.Oluvanyuma bagandabe basala olukwe natemulwa na'tibwa ekiro bweyali yebase,omutemu nasima wansi naingira munja nga aita mutaka Nalyoka atemula Wamango namu'ta.Awo omwanawe Kidanga namusikira.

2. Kidanga nga asikide kitawe naye yagoberera engeri ya kitawe nalwana nye bulijo nabajema,naye era nabawangula nabafuga.Kidanga yalina abana abobulenzi 7;- Kasaja-Mulu,Kasina,Walugyo,Bazibala,Bumpi,Waziga,ne Nanjubu.Bweya'fa mutabaniwe Nanjubu namusikira.

3. Nanjubu nasikira kitawe Kidanga,awo naye natesa okubonereza abekikakye abayagala ekujemajema bulije.Awo abekikakye bwebaulira nti atesa okukunganya e'gye okubalumba,nebagenda manga gyali nebamwetondera nti tebagala kulwana,kubanga bona bakika kimu lwaki okulwanaganganga bulije.

NALWEBE OWE 'NGO.

Nebamusaba nti kisanâra atekewo emirembe wakatiwe nabo. So si kutekawo ntalo nga bwekibade bulijo. Awo Nanjubu nakiriza okusaba kwabekikakye nebatekawo emirembe okubafuganga. Awo entalo nezikoma awo ozali ozakalwanibwa abami 2, abamusoka. Awo Nanjubu na'fa nasikirwa mutabaniwe Kiyaya, kuno kwekusikiragana okuva ku Kiyaya :-

4. Kiyaya mutabaniwe namusikira nga a'fude.
5. Kalema I " " " "
6. Kiganira " " " "
7. Intaba " " " "
8. Luvulu " " " "
9. Iteng'e I " " " "
10. Kajome I " " " "
11. Galira " " " "
12. Nzimuli " " " "
13. Kasaja I " " " "
14. Balikunjaye " " " "
15. Lawangwa " " " "
16. Nabiha " " " "
17. Kwasa " " " "
18. Kalatwa " " " "
19. Nanundye " " " "
20. Kasaja II " " " "
21. Kajome II " " " "
22. Waziga " " " "
23. Kalema II " " " "
24. Galira II " " " "
25. Nkweitire " " " "
26. Lubunju " " " "
27. Walugyo " " " "
28. Mukiru " " " "
29. Iteng'e II " " " "
30. Buganga " " " "

148

146 139

NALWEBE OWE'NGO.

51. Yusufu Nalwebe mutabaniwe namusikira nga afude. Owenkomerero yasenga Baganda nga Mongota a'ta abantu mukitundu kyabwe,oluvanyuma basenga Abazungu, naiga nyo okumba engeri zona zona ezemere ye kimunga.Okufumbakwe tewali njawio nokufumba okwomuzungu yenyini,oluvanyuma yaleka omulimu gwokufumba nadayo ewabwe nawebwa obwami bwa bajajabe.

Esula ~~20.~~ 31

MBAJI OWE IGONGOLO.

Okuva eri entegeza ya Munoga omusaja omutaka era owekika kya Mbaji owe Igongolo e Bukalanzi, agamba nti Mbaji yali mwana wa Kinnta, bwatyo omwana bweyakula namuwa ekitundu kyensi ekiitibwa Bukalanzi ekyetolode kunyanja Victoria ku South wa Busoga, naye yatula kumutala Bukalanzi. Era yalwana entalo nyingi nyo nekika kye Mpologoma ekyatuta ekityerera ekyenda ya Mubiko, Emirundi mingi yawangulanga olusi nebamuwangula.

Okulwana entalo ezo kwaliwo kwaluberera bulijo nokutuka ne kubanabe, nabazukulube abadirira nga entalo zibaberako. Naye newank ubade waliwo okulwana okungi bwekutyo naye ensiye teyatwalibwa okumugibwako newankubade kumirembe gya bazukulube ekitundu kyabererawo nga kifugibwa olulyo lwa Mbaji owe Igongo, okutuusa endwade ya Mongota lweyaja nga efuluma munyanja Vivtoria nezikiriza abantu bona , awo'no abasigalawo nebadnka okulaga mubitundu ebirala eoya Busoga omutali ndwade eyo, abalala basomeka nebagenda e Buganda gyebawonera.

1. Mbaji nga afude yasikirwa mutabaniwe.
2. Magala " " " "
3. Namwijo " " " "
4. Lwanianga" " " "
5. Kitama " " " "
6. Tibajubye" " " "
7. Kjiruma " " " "
8. Muziba " " " "
9. Kiyobye " " " "
10. Bulezibuka " " "
11. Waibi " " " "
12. Walubi " " " "
13. Magwede " " " "
14. Kabuba " " " "
15. Ahatuka-embuzi " "
16. Owedi nga " " "
17. Kisambira " " " "
18.
19.

148

MBAJI OWE IGONGOLO.

18. Bamwite nga afude yasikirwa omwanawe

19. Mabale " " " "

20. Manoga " " " "

Abekika ekyo bafuga okutuka ku 1906, Kongota nabasansanya. Nebali batono nyo abamaze okundayo makitundu kyabwe eBukalansi eyali owa Kabaka bwabwe.

Esula ~~89~~. 32

LUBA OWE NYONYI ENYANGE.

Ebigambo ebyanyonyolwa abataka era abekika ekyo bikakasa engeri yekika kino nga bwebaja mu Busoga, abakakasa ebyo bebano :-

Omw. Tomasi Geme Omwami Owagombolola owenda ya Luba.
" Erisa Kibikyo owe Kyando " " "
" Erisa Wambi " Iganga " " "

Nga bebataka abekika kye Nyonyi ekya Luba. Bagamba nti jaja owe Benyonyi Nyange erinyalye ye Kituma kitawe ye Mbazira eyatulanga mukifo ekiitibwa Bulimwe mu Kyagwe Ebuganda. Kituma yakulira awali kitawe,bweyakula nga muvubuka naiga omulimu ogwokuiga ensolo,nga alina abasaja 2, abamusenga, asoka erinyalye yali ye Lugonda,oluvanyuma abazukulube beita abekika Baise-lugonda nekakano bwebaitibwa, owo kubiri erinyalye yali ye Muwanga oluvanyuma abazukulube beita abekika Baisemuwanga nekakano.

Bwatyo Kitumwa natandika okutambulatambula nga agenda yetolola olubalama lwe Nyanja Nalubale(Victoria) nga agenda ai'ga ensolo awamu nabasajabe abo bombi,awo Kituma natesa okugenda okui'girako kubizinga ebiri munyanja ebye Buvuma. Bwatyo nasitula okugendera mulya-to natuka kukizinga Buvuma kumwalo oguitibwa Nama-tomangi,navayo nagenda kukizinga Lingira ewo musaja erinyalye Luwano eyedira ekye nyanja ekitono ekiitibwa Mwisekiyuka,kigambibwa nti omusaja oyo Luwano yali mufu'zi we Kizinga ekyo Lingira. Kituma okutuka kukizinga ekyo yagenderera mulya-tolye eriitibwa Walukiriri lyeyava nalyo e Buganda, kubanga Kituma teyali mulunyanja nekitawe,olwekyo tebalina lya-to lyabwe kubwabwe.

Kituma yalina embwa-ze biri amanya gazo, esoka erinya-lyayo Ekitwala-omunaku, neyokubiri erinya lyayo Mabiro.Awo Kituma bweyava e Lingira yagenda kukizinga Bwema, naye kirowozebwa nti yasoka kutuka Bwema nga tanaba kugenda Buvuma, Kubanga kyekyali kulwi gyeyafuluma. Nga ali eLingira yeyongera okufunayo abasaja abaja gyali nga bagala okumusenga,bwatyo naye nakiriza nabasenza, amanya gabwe :- asoka aitibwa erinyalye Ikumi, oyo yeyawebwa omulimu ogwo kukumunga omuliro, owokubiri erinyalye Muluta oyo yamuwa omulimu ogwokutumwanga mubyalo okulaba ensi obanga erimu abantu oba terimu. Awo Kitumwa nga afunye abantu abamubera 4 nembwa 2 awo yenyini nabera 7,kumwendo gwabantu abali mulu_endo.

Ezuba 30. 150 +#?

LUBA OWE NYON I NY NGE.

Obanga tobazo embwaze ebiri, yenyini yali 5, kubantu obuntu. Awo nebasabala erya-to lyabwe nga bali 5 nembwa 2, nebagenda nebagoba kumwalo oguitibwa Mawagala, oguli kukikono ekyolubalama lwe Busoga ekiitibwa Nakalanga ekiga'ta kulukalu lwe Bukaleba kulusenyi olulungi nolusozi olulengera obulungi enyanja.

Nga avude mulya-to nabantube nembwaze, nebintu byabwe, nadira erya-to nalireka awo mumwalo, ate nadira omwonko oba Omugolomolo nagusimba kubali awo kumwalo nebabireka awo nebegendera kulukalu lwe Busoga lwe bagobako. oluvanyuma omwonko ogwasimbibwa gwaloka, gwali muti gwa Lusanbya. Era bwegwaloka gwali muti gwa Lusambya, era weguli okutusa kakano 1955.

Awo Kituma naingira mulukalu lwe Busoga nga alina abantube 4 boka beyatuka nabo, yasanga ensi eyo ekyo ekitundu kyona temuli bantu, nasoka okuzimba mukifo ekiitibwa Ngulumo, era natuma okitundu kyensi ekyo erinya"BUNY ! Nga aligya kumakulu gekikakye abaitibwa "Abaisemunya", mukisera Kituma mweyatukira munsi eyo, ensi yali nga terina mi'do muwanvu nyo, ensiko yali yamm'do oguitibwa Entete nga gwegubunye wona wona era nga ensi terina miti mingi nga ensi njeru. Era kimuli zali nga tezirabika nyo nga bweziri kakano, nga bwezemaze wona wona mukitundu ekyo. Naye zaletebwa oluvanyuma abantu bwebamala okwala munsi, kale abo abayagalanga okuzimba ebiswa byabwe nebanonya emuli gyegyali okuzimbisa ebiswa kubanga emuli zezisinga obulungi okuzimbisa ebiswa. Okuva awo emuli nezeyongera yongera muli mwaka, nga basinga okuzigya mubitundu ebyalirana Bunya nga e Buyodi ne Buima gyezali okuva e'da. Bwatyo Kituma natandika omulimugwe ogwokui'ga ensolo nga asinzira e Ngulumo, nagendanga mubitundu ebirala ebirira- nyewo. Lwali lumu natuka mukifo eky'olusozi lwatannyi linya nebaamulirawo obukowu, awo bwebagolokoka okugenda neyerabirawo Engombe- ye erinya lyayo Luuta. Oluvanyuma natuma olusozi olwo Manta olwoku- jukira engombeye Luuta gyeyerabira kulusozi olwo, oluvanyuma gwafuka omusambwa omukulu ogwekika kya Baisemunya (Enkuni ya Baisemunya.) Bwatyo yayongera okutuka mukifo oluvanyuma weyakuba embugaye, ekifo ekyo kiitibwa Kivumu, bweyava awo nate nakuba embuga endala eyokubiri mukifo ekiitibwa Buvuta, bweyava awo nagenda azimba eKyando awo weyafula okubera obutakabwe, era nabasikabe webatula okutusa kaka 1955.

LLMSOC.86 0
4100

KITUMA C E NYONYI ENYANGE.

1. Kituma yazala omwana omu yeka, gweyazalira eNgulumo, gweyazala mumukazi gweyawasa mu Busoga mukika ekyaliyo.Kituma na'fa nazikibwa Ngulumo omwanawe namusikira,erinyalye yali Busuka.

2. Busuka yasikira kitawe Kituma era yalina abana 2.Kisoma ne Kirikoka, ye talina kyeyakola na'fa,nazikibwa Kiumo.

3. Kisoma I nasikira kitawe Busuka .Kisoma yali musawo nyo, era yalina obuinza okulagiranga enyama okuvawo nevawo,oba okulagira ama'zi okukomawo a negakomawo. Bwatyo nga atuse kunyanja nga ayagala okuitawo okugenda emitala wayo teyateganangga okunonya erya-to, wabula okulagira nevawo namala okuitawo neryoka ekomawo.Bwatyo ya'fa nazikibwa Kiumo,mugandawe Kirikoka namusikira.Naye Kisoma 1. yaleka abana abobulenzi, mwolya, Mukyula,Mutyabule, ne Mambavu.

4. Kirikoka nasikira mugandawe Kisoma I, bweya'fa omwana wa Kisoma omukulu Muwolya namusikira.

5. Muwolya nasikira kitawe omuto Kirikoka, mubirobye ensi yali mirembe, tewali kyeyakola na'fa, awo mugandawe namusikira.

6. Mukyula nasikira Muwolya mugandawe, olwokubanga yali akadiye, ya'fa manga mugandawe namusikira.

7. Mutyabule nasikira mugandawe Mukyula, era yazala abana babiri abana-nyibwa Mpagi ne Lwayi, nga a'fude omwanawe Mpagi namusikira.

8. Mpagi nasikira kitawe Mutyabule I.

9. Lwayi I " mugandawe Mpagi.

10. Munulo I " Kitawe Lwayi I

11. Lume I " Kitawe Munulu I

12. Kisoma II " " Lume I

13. Mutyabule " " Kisoma II

Yali musaja muzira nyo, yalwana entalo nyingi nagaziya obwa Kabakabwe okusinga bwebwali, waliwo olugero olutegeza nti Mutyabule bweyali nga ali mulutalo alwana nabalabebe yagenda naimirira kulusozi mukyalawe nafukamira okuwuwa Endeku y'omwenge okunywako okwozawoza ku Balagobwe embwaye gyeyalina neyimirira kumabalige, n'endeku weyasibwa okutula, obubonero bwebigerebye, amavivi g'omukyala wegafukamirira, embwa we yaimirira, weyamimba efumulye, era endeku weyatazibwa byoma bikyalabika okutusa kakano nga myaka 400 nokusingawo egyakaitawo kasokede okyo kibawo; bikyalabika kulwazi olwo Buba-li mu Saza Bunya.

KITUMA O E N'ONJI ENYANGE.

Abanabe abobulenzi abasinga okumanyibwa bebano :- Nandigobe, Mukedi, ne Munulo. Okumanya nga Mutyabule I yayagala nyo okul ana, lwali lumu natesa okugenda okutabala bakojabe eBukasa, awo bakojabe bwebategera nti omwana womuwala wabe gwebazala yagenda okubatabala nebatesa okumutega amawolu ne Nyana (Amere entereke kukibanyi). wo bweyagenda okulwanyisa bakojabe bwe atuka mulugya lwakojawe nga alina e'gyerye, yasan a bakojabe baduse, awo ye naingira munju okulya amawolu nenyama empolu nge empisa yabana abajwa bwebakola nga bagenze eri bakoja babwe, naye bweyamala okulya yali afuluma munju efumulye nerimufumite, awo nakyuse nadsyo nga mulwade nakiundu, yam lawo enaku ntono na'fa nasikirwa omwanawe Nandigobe.

14. Nandigobe nasikira kitawe Mutyabule II
15. Mukedi " a mugandawe Nadigobe.
16 Munulo II " Mukedi.

Yazala abana bano :- Muuna, Kasoma, Mwiru, Kamirimwe, Kituma, Lwai, Wanyoki, Nsube, Busuka, ne Nandigobe.

17. Kituma II asikira kitawe Munulo II
18. Lwai II " Mugandawe Kituma II.

Yazala abana bano :- Lume, Mpagi, Katagwa, Kisozi, Ba'sa, Kyemba, Mwitule, Owala, Nyagozigombye ne Lwai. Natuma e'gyerye nebatabala Lwai nebamukwata nebalyoka bakunganya enku nyingi, era nebakola ekitindiro nebateka enku wansi wakyo nebatekako omuliro awo nebawanika Lwai wagulu kukitindiro, omuliro negumwokya na'fa. Naye yelake amaze okulumira omwanawe Lume okubera omusikawe.

19. Lume II Nasikira Kitawe Lwai
20. Mpagi II " Mugandawe LumeII
21. Owala " " Mpagi II
22. Nyago-zigombye" " Owala.

Yazala abana bano :- Lugezi, Kisoma Mutyabule, Gusalaire, Muhamadi, Mumulo, Yokana Mukajanga, Nabalala bangi.

Erinya lya Luba lyaingira muba'fuzi be Bunya nga kisinzira ku Nyago-zigombye, eyalyetuma yeka, asakulu nti Luba lwe Mbuzi terubula kerwegaya. Erinya eryo yalyetuma nga akyali muvubuka, kubanga yali muzira, olwekyo nga tainza kuberera awo nga taliko kyakola, gumakulugerinya eryo Luba lwa Mbuzi.

1337 47

KITUMA OYE NYONYI ENYANGE.

Oluvanyuma erinya lyasalibwako nebamuita Luba. Bonga erinya lyona liitibwa Luba-lwambuzi.

Ekigo kya Bazungu kyakubibwa 1892 e Bukaleba mubiro bya Nyago-zigombye Luba-lwambuzi. Era yeyali afuga obwa Luba-lwambuzi mumwaka 1890, kubanga omulabirizi Hanington ya'tibwa mumwezi gwa October 29 1885, nga Nyago-zigombye Luba-lwambuzi yafuga obwa Luba. Era yeyatumira Kabaka owe Buganda nti waliwo Omuzungu ali wano aja eyo eBuganda, yabuna obanga kirungi amuwe olukusa aitewo agende e Buganda oba amuziize, yakola bwatyo olwokutya nti singa akiriza Omuzungu okuita mukubo nga eryo eritaitibwangamu mumungu okugenda e Buganda nti Kabaka we Buganda aja kumunakuwalira era aja kusindika e'gyerye okugenda okumunyaga nokumugoba munsiye, kyeyava akwata Omulabirizi alemwe okugenda noluvanyuma omusango kubera ku Luba nga omutambuze amaze okugenda. Naye ababaka bebakomawo obatumibwa eri Kabaka we Buganda bategeza nti Kabaka alagide oku'ta Omuzungu oyo era nomugabe aja atekedwawo okuja okuzim'ta. Bwatyo omugabe yaja Omulabirizi naserengesebwa mukasenyi nabantube na'tibwa nga afukamide asaba katondawe gwawereza, omu kubantube beyalina era beyafumitibwa nabo yawona, bweyafumitibwa kyalowozebwa nti afu'de, oluvanyuma yagenda mu Busoga naja njabibwa ebiundu mukyama nawona bulungi nalyoka adayo ewabwe e Mpwanyi, nategeza oku'fa kwa mukamawe Bishop Hanington wa East Africa.

Mumwaka 1897 waliwo olutalo lwa Baserikale Abanubi abajema nga bali kulugendo n'omuzungu nga batuse munsi ye Kenya, Abaserikale abo nga bamaze okujema baja mangu nebaingira ekigo ky' bazungu eBukaleba nga balina amundu nyingi zebajema nazo, nga bamaze okuingira mukigo e Bukaleba nebasumulula abasibe abamu bebasanga mukigo, abalala ne bababera okulwana. Abanubi ba'ta abantu bangi nyo abadugavu era neku Bazungu bawezako nga Major Thruston rebane abalala 2. Oluvanyuma bagobebwa mukigo nebagenda e Bunyoro mumwaka 1898 nga gwakasoka. Olutalo bwelwamala oku'gya Abasoga bangi nyo balondebwa okuzayo ebyokulwanyisa ebyaletebwa okuva eMombasa, era nokuzayo ebintu bya Abaserikale abalwanyi Abapanjabi (oba Abazinzibali nga e'da bwebaitibwanga Bulusoga.) Abami nabo bawerekera mulugendo olwo, abantu abo bwebakomawo eBusoga bakomawo nobulwade bwa Mongota, mumwaka 1899.

154 #49

8806

KITUKA OWE NYON I EMY NGE.

Okutuka mumwaka 1900 enjala eitibwa Mugudya yagwa nezikiriza enkumi nenkumi ezabasaja n'abakazi mu Busoga.

Oluvanyuma nga enjala ewede ongota yatandikira dala okuva 1902 nalyoka abera wakitalo mumwaka 1906, awo ekitundu kyona ekya Luba ne Bizinga nebitundu ebirala ebiriranyewo ebyoku South e Busoga nebizikirira obutasigala mu muntu kabula abo abaduka, mumwaka 1899 Ekigo kya Gavumenti kyajululwa e Nkaleba nekitwalibwa e Iganga, gyekyali okutusa 1901 mumwezi gwa April nekitwalibwa e Jinja gyekiri kakano.

Nyago-zigombye Luba-lwambuzi yasoka okufulibwa President wa Busoga, kubanga e Kigo kyazimbibwa munsiye mumwaka 1893 enkaleba, awo Gavumenti neragira abami bona abafu'zi bebitundu byabwe okubera e Nkaleba nokuzimbayo embuga zabwe, bwebatyo abami nebakikola. Bwetyo Gavumenti neragira nti Luba yaba aberanga omukulu mu Lukiko lwamwe mwoka, era bwekyali bwekityo, nga ebigambo ebisinga obungi ebigenda mubami bisoka kutegezebwa Luba oba okumwebuzako nasoka okuwa amagezi nga tekinakolebwako, yabererawo nga President, wewawo teyaitibwa linya eryo, era teyalina buinza obumala kubuli mwami yona, naye yali mukulembeze mubo nga President wa Club. bwabera, okutusa bweyafa mumwaka 1906. Okuva kuye buli asikira obwami obwekika ekyo ekya Kituma aitibwa Luba.

Olwokubanga Mongota ya'ta nyo abantu munsiye era nemubitunda ebyama-Saza agamu nga Igombe, Buyodi, Buyende, era ne Bunya namalala mangi. Ago Gavumenti yagaga'ta nemuvamu e Saza limu erya Luba eriitibwa Luba eBunya.. mu 1908, abantu abalwade ba Mongota bazimbirwa edwaliro mukifo Busu okumpi ne Iganga, oluvanyuma kyajululwa nekitwalibwa e Kyetume mu Buganda.

25. Kisoma III nasikira kitawe mumwaka 1908, yamala emyaka 2 Mongota namukwata na'fa mangwago endwade eyo.

24. Tenywa Balitenswa Luba nakikira kitawe Kisoma III, naye teyawangala yamala omwaka gumu na'fa Mongota mumwaka 1909.

25. Wandira Mulyabirime ewekika kya Ngabi owe Kigulu nalondebwa Olukiko lwa Busoga agende akumenga eSasa erye Bunya, okutusa omwana Yonasani Kisaja omwana wa Luba eyali mu Mengo High School nga aiga lwalikula nalyoka awebwa e Saza lyakitawe. Awo Wandira Mulyabirime Luba nafuga obwa Luba.

153-446

KITUMA OWE MYONYI EMYANGE.

Yamalamu omwaka gumu endwade ya Kongota nemmkwata,awo nejululwayo nadayo ewe elganga gye yafira endwade eyo.

26. Kibunduka omuzukulu matabani wa Mutyabule omwana wa Luba nawebwa obwami bwa jajawe,mangwago nga kyaje awebwe nakwatibwa endwade ya Mongota, nalyoka adira Omwami Yusufu Balita Omulisiramu Omuyukawe namusigira omwamibwe obwe Saza lya Luba eryali liwedemu abantu oku'fa Mongota nga ensi ejude nsolo njerere olwensiko,era nga ebitundu byona ebyali biitibwa ama Saza nga biwedemu abantu abafu'zi babyo bona nga bawedemu oku'fa,byona nebigatibwa okubera esaza limu,wabula Nanyumba eyali akyali nga mulamu nga alina abantube 60,yasigala nga aitibwa wa Saza nga ali e Igombe gyeyadukira endwade ya Kongota.Okutusa lweyadayo munsiye nabera Owesaza nga alina abantu 60 mumwaka 1919.

27. Yusufu Balita nakakasibwa Gavumenti n'Olukiko lwa Busoga abere Owesaza Bunya okuva 1914,kubanga abolulyo lwa Kituma bona bafude nga basigadewo bazukulu bakyali bato, ne K.Munulo eyali tasanira kuwebwa bwami nga obwo olwempisaze ezali embi.

Awo Yusufu Balita Luba natanula okufuga ensiko enjerere nsolo okutusa endwade ya Kongota bweyakendera empolampola,abantu nebatandika okudayo mubifo byabwe bbyebavamu.Era kakano beyongedo nyo,era ama Saza gona agakitundu ekyo naga'te olwobutono bwabantu abaliyo, Amasaza agamu gafuka Gombolola,amalala Miruka,amalala kufirawo dala, kubanga abantu tebanaba kudayo.Era Esaza lya Nanyumba lyagatibwa ku Bunya mumwaka 1920, Ludigo Nanyumba bweyamala oku'fa.

Yokana ukajanga yemukulu wekika kya Kituma owe Myonyi,batula mukitundu kye bugwanjuba obwa Bunya oweda.

1080

15-8 HP9

Esula 33

BAUBA OMO L'GAVE.

Bategeza nti waliwo omuntu eyatulanga munsi ye Bunyoro erinyalye ye Magaya,okifo kyetulamu mu Bunyoro tekimanyidwa linya lyakyo. Omusaja oyo Magaya yalina abana basatu abobulenzi,amanya gabwe :- Lukonda,Kisamo ne Bauba,buli mwana yalalibwa nyina yeka,naye amanya ga bakazibe abazala abana abo tegamanyidwa.

Abavubuka b abakula nebamanya nyo ku Busoga, olwokubanga eriyo Abalangira bo Bunyoro bangi. Era nebaulira nga nti munsi eyo nitala eriyo balangira eriyo nsi njerere temuli bantu bangi, awo bo nebegombanga baljo okugenda munsi eyo befunireyo eoifo okutulamu nokwerimira,lwokubanga ensi yabwe Bunyoro yali ejude nyo abantu nga temuli banga dumi okwerimira.Awo abalenzi bonsatule nebatesa nebamalirira okuleka nebagenda eBusoga,basoke a kumwalo oguitibwa Kyamatende oguli mu Saza Bugabula. Mbanga bweryaitawo etono nga bamaze okumanyirira ensi,nebeyongerayo okutuka kumutala Namasala, naye batuka mu Bugabuka mubiro bya Kitimbo weyajira mu Busoga bali ba kungu babana ba Mukama abali mu Busoga.Era nga bali mu Busoga bamaze okufuka abakungu bafuna obutaka bwabwe obwabawebwanga bakama babwe. balangira abana ba Mukama.

Lukonda yafuna ekitundukye ekiitibwa Bukyemayema,Kisamo mukamawe Kitimbo yamu Namazala.Bauba mukamawe Nyiro oba Mbanda namwa Bugonya.Bwatyo Bauba yazimba kulusozi oluitibwa Kasozi.Era awo weyafira nazikibwa awo mumbugaye.Era abasika bona aboluvanyuma babera mukifo ekyo.

Mbigambo mbisinga okunyonyola abekika kya Bauba byebimu nebigambo mbinyonyola ebya Lugave ebiri musula 35.Era bikakafu nga bebamu.

KIBALYA KAIGWA OWE NGABI.

1. Bagamba nti Kitimbo owe Bugabula yalina mutabaniwe erinyalye ye Kibalya,olusi bamuitanga Lugwe,kitawe Kitimbo namulagira okugenda kunsalo ne Nyiro orui ne Muzaya,namugamba atule eyo okunyweza ensalo eyo era nokuli'ga ensolo.Kwatyo omwana Kibalya nagenda atula kumutala oguitibwa Nakabale,oluvanyuma ogwafuka Bulole nga liva kumufu'zi wagwo Malole,bwatyo omwana bweyatukayo nalemerayo nutadayo eri kitawe, olwokubanga yasima nyo dala ekitundu ekyo olwobugimu bwakyo. Era abantu bangi nebajanga okumusenga,awo oweyalaba nga afunye abantu bangi meyeyaula ku kitawe nafuka kyetwala,era kitawe teyamufako yamulcka bulesi yefuge yeka,natwala ekitundu kinene okukigya ku Kitimbo kitawe ekyaliisi emitala eniingi.Awo Kibalya Lugwe na'fa, mutabaniwe namusikira,yasikibwa Nakabale mumbugaye.

2. Nabong'o nasikira kitawe Kibalya,oyo yajulula embuga ya kitawe nagenda agikuba Namuli era eyo gyeyafira nazikibwa eyo.

3. Malole nasikira kitawe,mubirobye ekitundu kye nsiya kyafuga nekikyusa erinya lya akabale nekiitibwa Bulole,okuva awo Bakutusa kakano kiitibwa Bulole,Malole na'fa awo abami bano nebaja nga basikiragana mumpalo buli mwana nga asikira kitawe,wabula Abiasali yeyasikira mugandawe Kitakufe.Era waliwo abami abalala ebawere 4 berabirwa amanya gabwe naye nga bafuga Bulole :-

4. Kikologo
5. Mawerere
6. Bwamiki
7. Kaigwa I
8. Kikatufu
9. Abiasali Kaigwa II.

Egula 35

KIKI OWE NGABI.

Samuwiri Nkondo nebane 8 abekika kya Kiki owe Ngabi baganba nti jaja wabwe Kiki yava Bunyoro,omuzirogwe wa Ngabi . Kali musaja muvubi kunyanja eBunyoro.Bwatyo lwali lumu nayagala okuvubira kutale lye Busoga, bwatyo yatesa nebane bano :- Kamuwera,owe 'ngo,Pangobi em ise Apupi, Mutyaba Omwisekisige,eyadira enyonyi Eyemba ne Kabunda owo Lugave,era yalina batabanibe basatu, Kijubwanga,Kawongoli, ne Kauma.Awo nebasomoka enyanja nebatuka kulukalu lwe Busoga, nebasomokera mukifo ekiitibwa Lumuli ekiri kumuga Kiira era nga gwenwalo oguitibwa Lumuli.

Babera mukifo ekyo nga bavuba ebanga deneko , okutasa Kiki bweyatesa okuva kumwalo nokweyongerayo munda munsi,najulukuka naye teyagenda banga dene,kubanga nga ayagala okugenda okuvuba ku Nyanja,bwatyo yajulukuka ebanga tono natuka mukifo ekiitibwa Lubanyi nazimba awo embugaye eyoluberebery e,ekitundu kyonsi eyo nga kiitibwa Bukwanga.Bwatyo nakitwala nga ekitundu ekimu akigya ku Muzaya nekirala nakigya ku Kibalya Lugwe, nekului olulala nagya ku Kasoga. Awo neyefula kyetwala nabera mukitundukye okutuka kumu'ga Kiira.

Awo Kiki na'fa nazikibwa e Lumanyi, mutabaniwe Unyi I namusikira.

2. Unyi I bweyamala okusikira kitawe Kiki yajulula embuga nagitwala nagikuba kumutala Namwendwa.Era bweya'fa eyo gweyazikibwa,kuno kwekusikiragana okweluvanyama nga bwekuli :-

3.	Okwiri	nasikira	kitawe	Unyi I
4.	Maiso	"	"	Okwiri
5.	Mukaluba	"	"	Maiso
6.	Kaguya	"	"	Mukalula
7.	Kavui	"	"	Kaguya
8.	Unyi II	"	"	Kavui
9.	Mwangwa Musubo	"	"	Unyi II
10.	Bazanya	"	"	Mwangwa Musubo
11.	Salamu	"	"	Bazanya
12.	Kakoko	"	"	Salamu
13.	Samwiri Nkondo	"	"	Kakoko

Abo bona basikibwa Namwendwa.

Emula 36

LUBANDI OWE NGABI.

LUBANDI ALI amanya wa Kitimbo bali baluganda ne Kibalya,omwana oyo bweyamala okulaba mugandawe Kibalya Lagwe kitawe amanwade ekifokye ekyo kwefuga yeka, nga ye tawazedwa,kyeyava aleka kitawe agenda nga omuizi wensolo natuka mukitundu kyensi ekyali ekyerere nazimba awo, nafula ekitundu eko okubera ekikye.Naye kirowozebwa nti Lubandi teyagenda yeka mukitundu ekyo ,wabula kitawe Kitimbo bweyali nga agaba ebyalo eri abamabe abo bonti,ya a Lubandi ekitundu ekikye era ne Kibalya Lugwe namuwa ekikye.Lubandi yatula mukifo Kabikunyu,bwatyo Lubandi naberera dala mukitundukye,oluvanyuma erinyalye neritwala ekitundu ekyo nekiitibwa Bulubandi nokutusa kakano.

Waliwo olutalo lunene Lubandi lweyalwana n' baganda abali baja okutabala mu Busoga,bwatyo Lubandi natayagala baingire mu Busoga natekawo olutalo nalwana n'abaganda,olutalo lwali lunene nyo kitalo,oluvanyuma Lubandi yenyini ya'tibwa mulutalo olwo,era abazirabe bangi nyo bona nebatibwa.Abantu abatali balwanyi abakyala n'abana banyagibwa era nebintu bya Lubandi ebyo byona abaganda nebabitwala,yali alina abamabe 2 abobulenzi,omukulu nga aitibwa Lubandi nemugandawe omuto.

Kuno kwekusikiragana kwa Lubandi nabazukulube :-

1. Lubandi.
2. Lubandi nasikira kitawe Lubandi
3. Kiguwa " Lubandi
4. Magolo " " Kiguwa
5. Mulowoza " " Magolo
6. Kasa " " Mulowoza
7. Kintu " " Kasa.

Olwekubanga abantu abataka abamanyi enyo ebye kika kya Lubandi eBulubandi nga bona bamala oku'fa,nze awandise bino byenzigye mubalirirwa babwe nemubantu abomukitunda ekyo , abatali bakika kya Lubandi, mbade nokukalubirirwa kunene okusoka okubikakasa.Kyenvude nsandika bino ebitono enyo dala nga bwebinyonyodwa, anatali kirala okukendesako oba okwongerako.Naye kyeka bikakasibwa nti byamazima kubanga baganda babwe babimanyi abomululyo lwa Kitimbo nga bya mazima. wabula amanya gabafu'si bekitundu ekyo gabusibwabusibwa nti gandibade mangi okusinga ago agategezebwako.

160 153

LUBANDI LWA NGABI.

Naye nswankubade baleta amanya amalala tegaliko bakakafu obuganywoza nga bamululyo lwa Lubandi, wabula abo baka abawandikibwa bebakakasibwa.

161 75-7

Esula No. 37

MULEMU OWO LUGAVA.

E'da munsi ye Bunyoro yaliyo omusaja erinyalye nga ye Lugaya,ekifo weyatula mu Bunyoro tekimanyidwa, naye yali musaja alina abana abangi, okusoka abanabe 5 beemvako nebaja mu Busoga, ne Kitimbo;amanya gabwe bali LubandimKisamo, ne Bauba. Abo bebasoka okuja mu Busoga, nga bava mu Bunyoro oluvanyuma lwabo muganda wabwe nitibwa Mulemu yaja mu Busoga nga ava eBunyoro.

1. Mulemu yali mwana wa Lugaya,bwatyo yali muvubuka omutambuze enyo, era omulimu ogwabantu abeda gwebakolanga ogwokui'ga ensolo yali agumanyi nyo era yalina embwaze 2 zeyaizisanga ebisolo,amanya gwmbaze gali Bakima,Obuna neLugabe, eyo yamberenga nyo mukui'ga,nga bwaba nezo teyetaga bantu kumubera nate zamweyagazanga nyo. Bwatyo Mulemu lwali lusu natesa naye asomokeko enyanja agende emitala gyaulira nti bagandabe gyebagenda eBusoga,awo nasitula olugendolwe nga alina mukyalawe erinyalye Nabirye nembwaze zombi nagenda kumwalo ogwe Kyamatende bagandabe gwebasomokerako,kubanga gwegwali omwalo gwe Busoga mu Saza Bugabula. Nasokera awo kumwalo okui'ga ensolo olwokubanga yali tamanyi nsi eyo nga mugya,kyamngwanira okugira nga aberako mumwalo nga yetegereza ebifa munsi.Bweyava awo nga amze okwetegereza ensi yagenda kumpimpi mukifo ekiitibwa Lukono mu Bugabula nazimba awo enyumbaye munsiko, olwokubanga ensi mubiro ebyo yali nsiko njerere,kyali kisibu eri Kitimbo oba abalala okumanya omuntu omulala omugya nga oyo aingide munsi yabwe.

Bwatyo Mulemu nazimba awo eLukono nalwawo nyo nga ai'ga ensolo,era nazalirawo abanabe 5 abobulenzi.

Lugaya	yamuwa	ekifo	ekiitibwa	Nambale	mu Bugabula
Kijika	"	"	"	Nakavule	"
Makwata	"	"	"	Kaliro	"
Lukonda	"	"	"	Itakaibolu	"

Musumba oyo yeyamusikira.

Mulemu okufa ekitundu ekyo kibusibwabusibwa nti bweyamala okuingira mu Bugabula, bwatyo yega'ta ku Babula Kitimbe nalyoka amuwa ekitundu ekyo kyona kyeyagabira abanabe abo,oluvanyuma kyafukira dala okubera obufu'ni bwabwe okyobutaka bwabo Lugave, Mulemu na'fa nazikibwa Kasozi.

MULEMU OWO LUGAVE.

Era ya'ta omugabe we'gye lya Kabaka we Buganda bweyabalaba mu Busoga, nga lirimu omugabe Kabali eya'tibwa mulutalo olwo, Musumba II ya'ta abalamanyi bangi,abali abomugabe oyo,so sigwali mulundi ogwo gwoka naye era bulijo yalwanganga naho abo abaitanga munsiye nga bamaze okutabala mu Busoga.Oku'ta omubaga Kabali kyava kubujozi bwe'gye lya Baganda,kubanga baita munsi eyo nga baliko gyebagenda naye bwebatuka munsi ya Musumba II nebanyaga ebintu bya bantu bensi, era nebya Musumba yenyini,era nebatema ekisakatekye. Naye Musumba yenyini yali taliwo yali agenze kukika ewa Nsaiga emaundo,owo abakunguba nebamutegeza nti e'gye lya Baganda banyaze ebintubyo nebya bantubo,era batemye ekisakatekyo nebaingira munda nebanyaga ebintu. Awo Musumba nalagira okukunganya e'gyerye, nabalumba nebalwana nyo nabagoba na'ta bangi nyo, mubo.Kwolwo omugabe Kabali teyaluvamu.

Oluvanyuma omusango gwamuwawabirwa eri Kabaka we Buganda mubiro bya Kabaka Mutesa, Musumba yawoza nasinga; kubanga teyalina mmaanga okulumba ensiye okuginyaga nokwonona ekisakatekye.

Musumba II yalina eng'omaze 2 emkulu ezekika ekyo ekyo Lugave, Eseka yatumibwa erinya lya jaja wabwe Mulemu,neitibwa erinya eryo Namulemu awakulu nti ekya Mulemu. Eng'oma eye yeyakubibwanga nga waliwo akabi kona okuita abantu okuja amangu nebyokulwanyisa byabwe.

Nga kifanana ne Ng'oma ya Zibondo eitibwa Namuwahala ekubibwa okuita abantu abasaja okuja okulwana. Era Eng'oma endala emanyidwa mu Busoga wona wona nti bwekubibwa mumubala gwayo ogwedobozi erimanyidwa ensi yona Busoga nti gwakabi, buli muntu yena aduka mangu okweyuna omubala ogwo gyeguva,omubala ogwengeri ogwo buli muntu yena aba atukidwako akabi kona kona akabuli ngeri.

Gnitibwa MUKIDI oba "OKULAYA". Bwekityo Eng'oma eno Namulemu yakubibwanga okutegeza abantu bona abekitundu kyayo okubalabula nti waliwo akabi eri mukama wabwe; olwekyo bamanira okwanguwa.Kyekimu nga Engombe ya Baserikale eyakabi,bwevuga omuserikale yena talindirira agenda mangwago nga bwainza okuyamba mukabi akaliwo. Kulunaku lweba'ta Kabali omugabe we Buganda Eng'oma eyo yavuga abantu nebaja bangi nyo kitalo.

Eng'oma 2,yaitibwanga erinya lyoyo Musumba Mukalu bambamba .Era ye Ng'oma eyakubibwanga nga waliwo emirembe, bweyakubibwanga abantu bona abagiulira nga bamanyi nti waliwo esanyu nemirembe, olwekyo buli alina Eng'omaye nga ainza okukuba nga bwayagala kubanga mukama wabwe ali musanyu.

MULEMU OWO LUGAVE.

2. Musumba yasikira kitawe Mulemu, Musumba yazaribwa omukazi owekika kya Banakijugu,oluvanyuma yajulula embuga nagenda agikuba Kaliro eyo gyeyafira nazikibwa eyo.

3. Magaya I nasi l a kitawe Musumba, ate naye yajulula embugaye nagikuba kumutala Mbale,oyo azalibwa omukazi owekika kya Banabuyenga, yatibwa e gye lya Kabaka we Buganda, waliwo omusaja Kizindula yagenda nasaba eri Kabaka we Buganda e'gye okuja okumubera agobe mugandawe aititibwa Lujobyo kubwami, bweritye e'gye bweryaja nerirwana ne Magaya I ~~xxxxxxxxxxxxx~~ natibwa nazikibwa e Mbale mumbugaye.

4. Magaya II oyo yeyasikira kitawe Magaya I,era azalibwa abakazi abekika bya Banamulwasira,yazimba embugaye e mmanda (oba Namasiga Lukonko) eyo gyeyafira nazikibwa e Lukonko.

5. Kyamawa azalibwa abakazi abekika kya Banamukasa nasikira kitawe Magaya II na'fa.

6. Seku'fa azalibwa abakazi abekika kya Banamutamba,nasikira kitawe Kyamawa.Embuga yagikuba Namayengere era gyeya'fira nazikibwa eyo.

7. Alabiko owa Banakalesa nasikira kitawe Seku'fa, nazaya embuga e Kasozi gyeya'fira.

8. Kizirabo owa Banamawaza nasikira kitawe Al abiko, yazikibwa Kasozi

9. Kaiso owa Banamwase yasikir kitawe Kizirabo,yajulula embuga nagikuba e Nabutambula.Era eyo gyeyazikibwa.

10. Mpambe owa Banamutamba nasikira kitawe Kaiso,oyo yabera mumbugaye eBufodi era gyeyazikibwa.

11. Mwangwa owa Banaigaga nasikira kitawe,nabera mumbugaye e Bulija, eyo gyeyazikibwa.

12. Mutega owa Banakaima nasikira kitawe Mwangwa oyo nazayo embuga e kasozi nate eyo gyeyazikibwa.

13. Waiswa owa Banandase nasikira kitawe Mutega,nakuba embugaye e Nanfugaki,eyo gyeyazikibwa.

14. Luba owa Banawamwena nasikira kitawe Waiswa, nakuba embugaye eNalulangaire,eyo gyeyazikibwa.

15. Nabundagala owa Banakirimira nasikira kitawe Luba, nazimba embugaye e Nabutambala gyeyazikibwa.

16. Musumba II owa Banawagama nasikira kitawe Namundagala,yali musaja muzira era nga mukambe nye, yenyo eyagarerwako luno nti ekijamojamo Banba yakikola mu Bugaya

MULEMU OMO LUGAVE.

Era nga olunaku lwevuga waberawo okugabula abantu emere,enyama, noMMwenge nokuwera mumaso ga mukama wabwe nti betesetese okulwanirira obu'fuzi lwabwe mubuli ageri zona ezakabi ezinabalumbanga.

Musumba II teyatulanga kuntebe embaje,wabula bulijo yatulanga kudiba.Era Musumba II yamanyibwa nyo mubitunda bingi ebyomu Busoga nemu Buganda,olwokubanga yaliira empisa ezobuzirabwe nobukambwebwe era ate nga ayagala abantu,bwatyo na'fa Mazikibwa e Kasozi. Ekifo kino Kasozi munaku zino waitibwa Bugaya kulugudo oluvae Jinja okugenda eKiyunga Maliro 17.

17. Bwonga owa Banaigaga nasikira kitawe Musumba II,oyo yajulula embugaye nagenda agikuba mukifo Bugobya eyo gyeyazikibwa.

18. Biwero owa Banamutamba nasikira kitawe Bwonga, naye mubiro bino obwami bwe kika kino obwe kye Twala bwali bumaze okujibwawo olwobutemo bwekitunda kino, bwafulibwa Gombolola ya Mutuba II Luuka nekakano, Abasika tebatwala bwami bwe Gombolola.

Esula 38

KYAMAY MA OWO LUGAVE.

Waira owe Bukyemayema owo Lugave e Butembe.

ne Gaifuba" Kaliro " "

Abo bombi bebataka era abazukulu ba Magaya, abo mululyo lwa Magaya, nga baberebwa bonabwe abebika ebirala. Bagamba nti e'da enyo munsi ye Bunyoro yaliyo omusaja erinyalye Kyamatuka, yali musaja muzira nyo, era nga yomu kubazira ba Mukama Kabaka we Bunyoro, bwatyo omuzira oyo bweyamala okweraba nga alina amanyi mangi; era nga asobola okwefunira Obwakabakabwe yeka okusinga okubera wansi wa Kabaka we Bunyoro kyeyava atesa amangu kululwe nalowoza nti singa asomoka nagenda e Busoga nyinza okwefunirayo ekintundulye kyalifula obwakabaka. Awo nasitula nga aleka Kabaka we/ne nsiye Bunyoro, nga alina mukyalawe omu, era nga alina abasajabe omu kubo ye Bajube owe Fumbe, nagenda kumwako eKyamatende nasabala erya-to natuka e Busoga e Bugabula. Awo naberako ekisera mu Bugabula nga ai'ga ensolo; oluvanyuma navayo natuka mukifo Namazala ekiitibwa Lukonko e Namasiga, nabera e Lukonko nga ai'ga ensolo, yalina abanabe 2 abobulenzi, amanya gabwe Magaya ne Kyemayema. Awo abana abo bombi bwebakula nebagabirwa ebitundu byabwe ebyensi, nadira Magaya ye nuba namuwa ekitundu k ensi, oluvanyuma ekyaitibwa Lugaya nga erinya lya Nanyinikyo bweryali. Ate nadira ekitundu ekirala nakiwa Kyemayema oluvanyuma ekyaitibwa Bukyemayema, nga kigibwa kulinya lya Kyemayema.

Mukisera kino ebitundu ebyo byona mwalinga temuli muntu nomu nga tewali abakiyanira. Awo Abavubuka abo bombi buli muntu nagenda munsi eyensiko kitawe gyamuwade okwerimira nokugifula eiye okubera obwakabakabwe, naye kitabwe yabera awo e Lukonko, eluvanyuma ekitundu ekyo kyagatibwa ku kya Magaya Bamba. Ebugaya. Mubiro ebyo oba emitala byali tebinaba kutumibwa manya, wabula abantu bwebamala okwala munsi awo nebatandika okutuma ebifo amanya era amanya agasinga obungi gasinziranga kumanya gabantu abali bananyini bife oba ebyalo ebyo.

1. Kyemayema yatula mukifo ekiitibwa Itakaibolu, era nazalirawo abana abobulenzi :- Kijiki, Mutatyama ne Muwombi, oluvanyumba nga ensi yona emaze okujula abantu abazukulu ba Kyemayema balwanaganganga nabantu abafuga ebitundu ebibaliranye, nga Kaima owe Buima Serwanga owe Buserwanga, era ne Nsaiga owe Mukasa oba Mundo, nga bavunana buli muntu okufuga munc, nga balwanyisa mafumu namiunda ne Mi'go.

KYEMA EMU OMO LUGAVE.

Naye tekyainzika,bona babererawo nga buli muntu yefuga yeka,nga ye nabaka owe kitundukye, okutusa ebiro bya Bazungu bwebyatuka.Awo ebitundu byona mu Busoga nebijululwa mumbera gyebyalimu, nebifulibwa ebitundu ebiga'te.Ebimi byafulibwa Gombolola,ebirala Miruka,ne birala Mitala.Kyemayema yaziiza abalabe okuwangula okutusa bweyakuma ekitundukye obulungi nga yakifuga. Yafira Kavule era gyeyazikibwa.

2. Kijika yasikira kitawe Kyemayema,taliko kyeyakola. Kigambibwa nti ya'fa nga yamala omwaka gumu ku bwami.

3. Mukwata mutabaniwe omu yeka namusikira, naye abekika baganda ba kitawe tebamusima kusikira, kubanga yali akyali muto nyo. Naye abakungu bona era nabakopi nebasima omwana Mukwata asikire kitawe Kijiki,awo Abalangira nebakola olutalo okulwanyisa abakungu abagala omwana omuto okusikira. Naye omusaja erinyalye ye Mubialiwe owekika kyo Lugave oyo yeka yeyali kului lwa bakungu nabakopi okwagala omwana okusikira kitawe.

Abakungu n'abakopi bebagoba olutalo olw ,awo omwana Mukwata nanywererera kubwami bwa kitawe. Era nafuga bulungi abantube,yalina abana abobulenzi 2, Kinatama ne Luulo, Mukwata na'fa nazikibwa e Kavule.

4. Kina-tama nasikira kitawe Mukwata nafuga bulungi, era yazala abana abobulenzi 8, na'fa nazikibwa Itakaibolu.

5. Muhombi nasikira kitawe Kinata-ma,yazikibwa Kazosi.

6. Lukanda nasikira kitawe Muhombi,yazikibwa Itakaibolu yatemulwa butemulwa.

7. Kakwikiri oyo yasoka okukola olukwe na'ta mugandawe Lukanda, awo nga amaze okumulyamu olukwe namu'ta, awo ye nalya obwami bwa mugandawe.Era naye yatemulwa butemulwa okumulanga omusango ogwokutemula mugandawe Lukanda.

8. Lumba-Omwavu nalya nga amaze okusala olukwe n'abakopi nabawererera nebagenda batemula mugandawe Lukanda. Awo Kakwikiri abakopibe nebamutemula na'fa, awo Lumba-Omwavu nawebwa obwami bwamugandawe.

Mubiro bya Lumba-Omwavu Abazungu webasokera okutuka mu Busoga. Oluvanyuma Lugolole mutabani wa Kakwikiri nakunganya e'gyerye okulwana ne Lumba-Omwavu, yalina e'gye dene nagoba e'gye lya Lugolole,na'ta abantu bangi nye, gwali nga w akati wo mwaka 1897-1899.Oluvanyuma Lugolole yagobebwa mukyalokye kyeyalina, nagenda mubitundu ebirala.

KYEMAYEMA OWO LUGAVE.

Naye Lugolole bweyalaba nga Abazungu basala emisango okuzayo abagobebwa mubiro byabwe naye nagenda e Iganga eri Bwana William Grant nga ye Collector we Busoga mumwaka 1900,ensongaze nezirwawo okuulirwa, okutuusa mumwaka 1902 nga ekigo kiri e Jinja, awo Bwana W.Grant nalagira okusalamu ekitundu ekyo buli omu afuneko ekitundu ekikye. Naye Lumba-Omwavu natasima nsala eyo, bweyalaba nga taliko kyanakola naleka ekitundu ekyamuwebwa, nagenda asenga e Buzibirira mu Bugabula . Awo Lugolola bweyalaba nga omulabewe alesepo ekitundukye, nasanyuka natwala ebitundu byombi.

9. Lugolole nafuga ebitundu byombi nga asikira kitawe omuto Lumba-Omwavu eyaleka,Lugolole yafuga bulungi nemirembe gy'Abazungu abali babuganye ensi yona eya Busoga. Era yazala abana bangi nyo.Naye bweyalaba nga akadiye nadira obwami nabuwa waira omwana wa Lumba-Omwavu,mukisera kino obwami bwali bufuse mutala kubanga abantu bakendera nye mubitundu byona ebitwalibwa ekika ekyo ekya Kyemayema.

10. Waira mutabani wa Lumba-Omwavu nalya obwami bwa kitawe,naye kitawe teyakomawo okuva gycyagenda okusenga nokutusa kakano.Era nenda eye eya Kyemayema efuse nga abakopi bona mu Busoga bwebali olwekitundu ekyo okugwamu abantu.

Egula 39

Kambato owe Jobyo.

1. Kambato yemwana omu kubana ba Kintu. Kubanga Kintu yatukako eBwembe nga akyali mu Busoga nga alina mukaziwe ambi, oyo Kambato Kitawe Kintu yamuleka mukitundu ekyo Bwembe, awo nga Kambato asigade yeka okufanana nga bagandabe abalala. Bwatyo Kambato nawasa omukazi erinyalye Naikonde gweyagya mukika ekyali awo kunyanja.

Ebyafayo byabwe tebiriko kibinyonyolwako okubifula ebingi, naye kimanyidwa nga bali bufu'zi obuitibwa obufuzi owe Bwe be abe ohyo. Obwaliwo nga bwefuga bwoka e yaka nyona gyebabererererawo mukitundu ekyo.

Okutuusa bwebaga'tibwa ku Saza lye Bunya olwe ndwade ya Mongota okumalawo abantu oku'ta abali mu Bwakabaka obwo, mumaka 1906 nebalyoka baga'tibwa obutabera Bwakabaka nate, era nebumanyebwa obutaberawo Gombolola oba Muluka, kubanga abantu bona ba'fa nebagwawo newatasigalawo muntu munsi eye, wabula abo abaduka nebagenda mubitundu ebirala.

Okufuna ebyafayo byabwe Owesaza Luba owe Bunya yanonyereza abekika ekyo abasigalawo nebaja gyendi okutegeza ebyafayo byabwe.

2.	Lugendo	yasikira	kitawe	Kambato.
3.	Mpuluzi	"	"	Lugendo
4.	Kirikwiziranya	"	"	Mpuluzi
5.	Mugairebusa	"	"	Kirikwiziranya
6.	Kasolo	"	"	Mugaire-busa
7.	Mulwanyi	"	"	Kasolo
8.	Bamunoniza	"	"	Mulwanyi
9.	Byamundu	"	"	Bamunoniza
10.	Bwaga	"	"	Byamundu
11.	Nabutala	"	"	Bwaga
12.	Kikonyogo	"	"	Nabutala
13.	Nakasasa	"	"	Kikonyogo
14.	Tabawo	"	"	Nakasasa
15.	Nzito	"	"	Tabawo
16.	Kisungo	"	"	Nzito
17.	Kiganira	"	"	Kisungo
18.	Nkolongo	"	"	Kiganira
19.	Nsankana	"	"	Nkolongo
20.	Naku	"	"	Nsankana.

KAAB.TO O E JOBYO.

21.	Nawano	yasikira	kitawe	Naku
22.	Magala	"	"	Nawano
23.	Mpalakaire	"	"	Magala
24.	Kirigwa	"	"	Mpalakaire
25.	Mube	"	"	Kirigwa.

Abasika abo kyebava nebabera abangi bwebatyo, kubanga abasika omerero okumala abantu nga 10 bafanga mangu nyo; olwendwade ya Mongeta,ekika kino ekya Kambato ekye Jobyo, bafumbiriganwa nekika ekya Baisekyama ekye Jobyo, kubanga newankubade nga ebika byombi nga byedira Jobyo, tebemanyiganyi, kwekugamba nti jaja wabwe siyomu.

17a 463

Emula 40

MULUI O E MKEREWE.

E'da Kintu bweyali mu Busoga yatukako mukitundu ekiitibwa Mului kakano, bagamba nti mukisera ekyo omwana nazaliibwa eyatumibwa erinya Mului. Naye ekyalo kyali kya Nanyumba. Bano wamanga kwekusikiragana kwa Mului owe MKEREWE :-

1. Mului
2. Nsomi
3. Mwaimbo
4. Kisiba
5. Iungira
6. Mpagi
7. Kasaja
8. Kitalo
9. Kisobi
10. Kaswa
11. Mwanalira
12. Kunwani
13. Bweni
14. Kasindike
15. Byawa
16. Mulaya
17. Bulwala
18. Nyengo
19. Katunga
20. Kyeya

121 164

Esula ~~56.~~29 41

KYEMA ABADIRA WAKAIMA.

Kyema yali mwana wa Mukama oba Kintu gweyazalira e Buswikira. Bwatyo Kintu nadira omutala Nabuzi naguwa omwanawe Kyema era nemitala emirala (11) kumi nagumu, nagiwa Kyema okuberа obwakabakabwe.

Omulimu gwa Kyema gweyakolanga gwali gwakulima mere nokulukanga enzigi zo mumayumba.

Ekitundu Bukyema nakyo kyazikirizibwa Mongota nga ebitundu ebirala ebyolui olwo. Era obwakabaka bwa Kyema nebu'fa, kakano bakopi olwabantu bayo bona okuzikirizibwa Mongota.

Bano bona basikira ku bwami bwa Mului jaja wabwe. Era obutaka bwabwe buli kumutala ogmitibwa Mului nga erinya lyananyinigwo.

Ekitundu ekyo tekikyali kitundu ekyefuga, naye olwa Mongota eya'ta abantu munsi eyo, nabamalamu, kakano eriyo abantu batono abakomawo okuva kyebadukiranga, kakano mitala butala.

Okusikiragana okwenda ya Kyema :-

1.	Kyema	yafira	Nabuzi		
2.	Muntira	"	"		
3.	Lufudu	"	Bulagala		
4.	Kambwa	"	Bumanyanjwa		
5.	Mutawe	"	Bulagala		
6.	Kawoma	"	Nanaigoma		
7.	Sigala	"	Bulagala		
8.	Kandi	"	"		
9.	Mukaduna	"	"		
10.	Mansuto	"	"		
11.	Nkumbi	"	"		
12.	Kigomo	"	"		
13.	Kambafu	"	"		
14.	Kasiri	"	"		
15.	Kirya-nseka	"	"		
16.	Talamo	"	"		
17.	Kyemba	"	"		
18.	Mpalaka	"	"		
19.	Lugwe	"	"		
20.	Kivule	yafira	Bulagala		
21.	Kasukantu	"	"		
22.	Kalume	"	"		

Abekika kya Kyema obutaka bwabwe buli kumutala Bulagala.

Esula ~~39.~~ 42 42

MUSUBO OWE NYONYI K.SAASE O.. ..MUSUBO.

Ebya Yeremiya Kamira, Nadikya, Musa Kaduyu, Daudi Mutekanga, nebano abekika kya Musubo.

Bagamba nti e'da Kintu bweyava Mugulu naka kumsi nga alina mukyalawe Nambi nenkoko era n'Obulo, olwokulisanga enkoko yabwe, Kintu yabera mukifo Buswikira munsi ye Igombe eBunya, nga ali e Buswikira yamala abana bangi, Kimera, Kibubuli, Ntembe, usubo, ne Lukedi.

Bwatyo Mukama Kintu yalwa nyo mukifo ekyo Buswikira, oluvanyuma yejulula nagenda e Uganda, eyo gyeyazalira abana abalala, nga Mukasa gweyawa ensi ye Bizinga nomulala namuwa ensi ye Bunyoro. te abanabe abomu Busoga nabo nabawa buli muntu ekitundu kyensi.

Musubo yamuwa ekitundu kyensi kakano ekiitibwa Bugweri. Era musubo yakuba embugaye kumutala Kalalu. Bweyagya awo embuga nagenda agikuba eBuyende, nga alina batabanibe 2, Kizingule, ne Kikalangufu, nabawa ebyalo byokusozi ezo eziitibwa Buzenguli ne Kikalangufu, ezaitibwanga bwezityo okava kumanya gabananyinizo. Awo usubo nakuba embuga kulusozi Buzinguli ewa Kizingule, nabera awo okumala ekisera kineneko era nafuna omutala omulala oguitibwa Mukole.

Ekisinga okumanyibwa ku usubo kwekumanya okutesa, bwewalingawo empaka ezokukayana mubagandabe oyo Mudubo yeyabalongosanga mukukayana okwo.

Waliwo olugero olutegeza kukuja kwa Mukama mu Busoga/ olugamba nti Mukama muzukulu wa Kintu, ya'ja mu Busoga, oluvanyuma nga atuse mu Busoga nayagala okutwala ensi yona eye Busoga okugigya kwabo beyasanga nga bagifuga abana ba Kintu. Era nga babusabusa nti si mulangira, kubanga bali sibamumanyi kyoka mukuja gyeyafulumira tebamanya, naye bategera nti yava Bunyoro olwenjogeraye nempisaze eze Kinyoro. Abana ba Kintu bona nebatesa okutuma e Buganda eri Kintu kitabwe okubuzaye obanga Mukama nuye mulangira.

Ebigambo bwebyatuka eri Kabaka we Buganda naye yatuma Kikwata owe Nkezi nebane okugenda eri Unyi Kabaka we Bunyoro okubuzaye okulaba nga Mukama ali e Busoga eyeyita Omulangira oba Kabaka we Bunyoro nga kyamazima Mulangira dala. Awo Kabaka Unyi nategeza ababaka abatumibwa nti, mutegeze Kabaka we Buganda nti waliwo omulangira (Mukama) eyava munsi ye Bunyoro nagenda nga anonya awokutulabo olwokubanga nali muwade ensi ntono mu Bunyoro, gyeyalekawo nagenda. Ensi gyenali muwade eitibwa Kung'ambwa gyeyalekawo nagenda yenye ali eyo mue(Busoga).

123 +66

MUSUBO OWE NYONYI NAMUSUBO.

Awo Kikwata nadiza Kabaka ebigambo ebyo,kabaka owe Bunyoro byeyamutegeza Kabaka we Buganda yali Chwa 1. Awo Kabaka Chwa nalyoka atuma ababaka 2 amanya gabwe Walusimbi owe Fumbe, ne Katende owo Lugave eyatumwa kulwa Katikiro, nebaja e Busoga nebategeza abana ba Kintu nti Mukama Mulangira dala,ababaka abo bakunganyiza abana ba Kintu mukifo Buswikira.Awo nga ekyo kiwede nebatesa okusala munsi okuwa Mukama.Era Musubo yeyasinga okutesa, era natekawo ababaka ababe okugenda ne Walusimbi ne Katende okuwa Mukama ensi.

Basala munsi okuva kunsalo ya Busoga Esamya,nebaisa owa Dunga Kavironde,kakano kiri mu Budama District, nebatuka kulusozi Namakoko mu Bukoli webasimba omuti gwe nsalo,awo wewava ensalo ya Mukama nabana ba Kintu. Mukama naserengeta natwala Bugweri,Busambira,Busiki,Bunyoro (ye Kagulu kakano) Luuka,Bulamogi,Bugabula, ne Buzaya.Nga Mukama amaze okufuna ekitundu ekyo kyona nakigabira abanabe nga bwebali kakano nga ogyako Kakaire (Menya),abana ba Mukama bali 7 gwoka beyawa ebitundu bye'nsi.

1. Musubo yasigaza kitundu kye Buyende, era ne Bugulu.Awo Musubo Mafira mumbugaye eye Buzenguli, awo Mutabaniwe Kizengule namusikira.
2. Kizengule nasikira kitawe Musubo era naye yafira kulusozi olwo lwenyini mumbuga ya kitawe.Mugandawe Kikalangufu namusikira.
3. Kikalangufu nasikira mugandawe Kizengule.

Naye yatula ku lusozi oluli e Buyende oluliranye Bugulu oluitibwa Kikalangufu nga erinya lya nanyini-rwo bweriri era nomutala gwona ogulimu olusozi olwo lwelwafuka obutaka obwa be Nyonyi Namusubo. Kikalangufu yazala omanawe erinyalye Lyanala.

Okuva kumusika Kikalangufu ekika kya Musubo kyagenda nga kida nabega ekufenana nga ekika kya bakopi, nokutusa kakano kyafuka kika kikopi, kubanga bagandabe bamunyagako ensi yona,awe ye nasigalira awo,waliwo omuntu omu azalibwa mukika kya Musubo eyali aimuse nayatikirira nyo olwo busawobwe, yamanyibwa nyo mubintunda bynsi eye Busoga byona ebimuliranye,Yali Lubale Kalalu.Era bweya'fa mukifo kyeyafiramu wafuka Mandwa Kalalu,era nomutala kweyazikibwa guitibwa Kalalu, guli mu Bugweri era e Mandwa eyo nkulu ewebwa Sadaka,embuzi,ente,enkoko nebirala nga bweba esabye etibwa nyo,era esibwamu ekitibwa kinene nye mukitundu ekyo nweri.

~~134~~
174 ~~467~~

MUBUBO O.E NYONYI NA'USUBO.

Abaisemusubo Bebabaza eba Bebakabona abomu'ga Naigombwa,okuwayo Sadaka eyabuli mwaka.

Ekika kya Musubo bebasoka okubera bananyini e Saza Bugweri,naye nebanyagibwako Kakaire nagitwala nekakano e Seza lya kika kya Kakaire.

IKOBA OWE MPINDI.

Waliwo omuntu aitibwa Ikoba eyatulanga munsi ye Kavirondo, kukizinga ekiitibwa Sigulu (oba Kigulu) ekiriranye ensozi ze Kavirondo eziitibwa Nsamba. Bwatyo Ikoba nayagala okuleka ekizinga nokugenda kulukalu, awo nakireka nga alina abantubo nagenda e Bukunja eBuganda. Naye kigambibwa nti Ikoba bweyaulira nga Mukama afulumye obukika obwebuvanjuba nga alaga ebugwanjuba, yetekateka okumuungula mama-toge okumutwala gyayagala okugenda, naye ekyenaku Mukama bweyatuka e Samya naita kulukalu okuingira munsi ya Wakoli natagenda kuita kunyanja nga Ikoba bweyasubira.

Oluvanyuma Ikoba bweyalaba nga Mukama aise amulese, kyeyava asenguka okugenda e Buganda. Naye yabera eBukanja ebanga dene nga ali kulubalama lwenyanja Nalubale, olwokubanga yalina ama-toge mangi nga asinga kwagala kubera kumpi nanyanja, ate Ikoba yajulula ekirowozokye okubera e Buganda naja kulubalama lwe Busoga nasenga eyo nabera ku nyanja mama-toge. ensonga eyamuwalirisa okusenguka amangu e Buganda, olwokubanga yali amanyi de abantu be Busoga, era nga ama-toge gyegasinga okubera.

Oluvanyuma yeyongera munda munsi ye Busoga nafuna ekitundukye ekyetaka kyeyafuga nga kabaka wakyo ekiitibwa Bukoba. Ekika kyakula nyo nekibamu abantu bangi nyo abalala okwefuga boka okutusa mumaweka 1908 lwekyagatibwa ku Baza lya Luba, kubanga abantu bali bawedemu oku'fa endwade ya Mongota. Kuno kwekusikiragana kwekika kya Ikoba owe Mpindi:-

1. Ikoba
2. Nalugoda
3. Lukasi I
4. Nsiko-emira
5. Kamyuka
6. Kigwe
7. Lukasi II
8. Kamirangoma
9. Bazanya I
10. Bazanya Isabirye
11. Mpanda
12. Esikwire
13. Muluta
14. Batwagulaine
15. Luwanyi

IKOBA OKW MWINDI.

16. Nkoto I
17. Nkoto II
18. Nsodo
19. Nalugoda Kirevu.
20. Kirindwe
21. Mrusubye
22. Isabirye Mageja
23. Kintu
24. Tamirembe
25. Waiswa
26. Mukasa III
27. Bazanya II
28. Kirimubukoba.

Abasika abo bona buli musika yasikiranga kitawe nga engeri nempisa eyekika bweb; aberanga.

Mukama ne Kintu.

Waliwo engeri biri ezitegeza kubantu aboluberyeberye mu Busoga, ate mungeri ezo ebiri waliwo okwaulwamu nate engeri biri kubuli muntu. Nga bwemusomye nemulaba enyanjula eyabuli lulyo ku Jaja wabwe, gyeyava nensonga ezamuleta mu Busoga nokufuka Omutaka mu Busoga.

Ebigambo byosomye kubuli lulyo byebibyo ebyanyonyolwa abantu benyini abedira omuziro ogwolulyo olwo,era nabantu abakulu abomululyo olwo. Olwekyo omusomi kimusanira yekanye entegeza eyabuli lulyo,aja kutegera mangwago nti buli lulyo lulina engeri yalwo gyerumanyi kukuja kwa Jaja wabwe,era nga teruinza kunyonyola kululyo olulala nerubifanaanya nga bananyini lulyo olwo bwebagamba.

Ekireta ekigambo kino nokuzitowa enyo bwekiti kwekukumira ebyafayo byafe mumitwe so simubitabo,kubanga tekiinzika omuntu yena okufuna ebyomumutwe gwomuntu omulala nabera nabyo nga bwebiri mumutwe gwoyo gyabigye, wewawo okutusa atusiza dala ensibuko naye tainza kuliranya okutusa nga oli eyamubulira,kyangu okudira ekikomererayo nakisosa,, ate akyawakati nakitwala kunkomerero,ate ekyokubiri nakifula ekyomunana (8).

Awo ebyafayo bya Busoga Bikaluba nyo okubyenkanyankanya obulungi. Naye osanira okwesiga nti ensibuko yebigambo bino ntufu.Kubanga buli kika kyona mukusoka kisoka noyo azala jaja wabwe,okutuka kujaja owenkomerero.

(a) Busoga esalibwamu ebitundu bibiri,ekitundu ekisoka,kyekikyo okusala mu Busoga wakati dala okuva e Samya Kavirondo,kakano ye Budama District nokuita kunyanja Nalubale ye Victoria, nogireka noita munsozi eze Luwalambago. Nyenda,Bulanga,Kamigo,Bukwanga, era nomu'ga Kiira okutuka kunyanja Nyoga,era nokusomoka omu'ga Mpologoma,notwala ekitundu kyomu Bugwere District ne Kitundu kya Bunyuli Budama District nokuguka gyosokede e Samya,ekitundu ekyo kyona yenda ya Mukama.Nga ogyako Misiki Igaga.

(b) Okuva ku Saza lya Nakoli wagabanira ne Igulu kunyanja Nalubale Victoria. nokutwala ebizinga Buvuma,Kingira,Buluta,Bugaya,Kabale, Nasaja, nebirala.Nokugatako ebizinga bino ebiri munyanja Victoria:- Nairima,Lingira,Butale,Kabale,Kasaja,Bugaya,Jaguzi,Namiti,Iziru, Sagitu nebirala. nokukirira nomu'ga Kiira okunala Ntembe,Bukwanga, noku'da e Bugule, Kamigo, Butambogwe.Igombe,Bunya.nokuka ku Igulu [illegible]

Ekitundu ekyo kyona yenda ya Kintu nga ogyamu abenda ya Kituma abe Nyonyi e Nyange (Luba).

MUKAMA NE KINTU.

2. Singa ogenda nga wekanya nyo enyinyonyola zona ezabenda ya Mukama, olaba nti baukana mukutegeza kwabwe mukuja kwabwe mu Busoga.

(a) Abamu bagamba nti Mukama yafuluma Buvanjuba nalyoka atuka mu Busoga nga alina abakyalabe,Abanabe,Abadube, ebisolobye nga Ente, Mbuzi,Endiga,Embwaze, enkoko, era nebirala.Naye kyoka tewali nomu ainza okutegeza Mukama gyeyava okuja mu Busoga.Era nebakakasa nti abana abali mubitundu ebiri musula eno mukitundu I (a) bona bona ba Mukama dala dala,era bona bakika kimu.Ebyemizizo egyekika ekyo gibakwatira wamu nga bwebinyonyolwa mubigambo byabwe ebyabuli lulyo.Wabula omwana Kakaire bane bona bamubola,tebamutegera nti muganda wabwe naye bamanyi nti yemukungu wabwe.

(b) Ate abalala bagamba nti Mukama teyaja mu Busoga yenyini, wabula yawereza banabe mu Busoga,era ye yenyini atulira dala Bunyoro so tavangayo, abanabe bebabo abafuga ebitundu nga bwebiri mu Sula eno mukitundu ekisoka mu (a).Era bano bakiriza nti bona baluganda nebyemizizo egikwata abana ba Mukama gibakwata bumu.Era bakiriza nti bona kitabwe ye Mukama,wabula baukana nti Mukama teyaja mu Busoga yenyini nga abalala bwebagamba nti yenyini yeyaja mu Busoga nalyoka agenda mu Bunyoro, ekyo sibwekiri.

Abana ba Kintu 'bo beyaulamu nyo muntegeza yabwe, newankubade nga bona bakiriza nti bana ba Kintu,ate beyaula buli lulyo, era ebyemizizo gyabwe tebakirizaganya, abamu ba Mpologoma, abalala ba Njaza, abalala Nkerewe, abalala Ngo,abalala Nyonyi, abalala Jobyo, era nebirala. Era bafumbiriganwa.Naye sibwekiri kityo mululyo lwa bana ba Mukama, bona bedira ensolo emu Ngabi, abo bona tebagirya era tebafumbiriganwa nga ogyako Kakaire gwebatakiriza, era nebyemizizo egibakwata bona gibakwata bumu, era omukulu wekika kye Ngabi abera omu nga bwebagala okumulonda,olwekyo abekika oba olulyo lwa Kintu okubakakasa nga bona bana ba Kintu kiinzika okubera abana ba Kintu abamu kubo, nga abe Njaza boka nabalala bebakungu oba abakulira awali Kintu.Naye kyamazima Kintu yaliwo mu Busoga, oba Mukama. Amanya gombi kiringa bali abantu babiri oba omu, nga abalala bamuita Mukama ate omuntu omulala abantu nebamuita Kintu.

Singa okebera olaba nti ebitundu ebimanyi Kintu byebitundu byensi ebyengulu okulirana Buganda,songa e Buganda gyebamanyi Kintu.Kisoboka okumanya enyo Kintu nga kisinzira kubaliranwa babwe aba Buganda.

181 +74

180 +93

MUKAMA NE KINTU.

Ekitundu kyensi ye Busoga ekyawansi kudyo olaba nga bona bamanyi Mukama yeka okuva e Budama ne Tamya, ate ne Jugwere District, songa ebitundi ebyo ne Bukoli, Bugweri, Kigulu, Bukono, Bulamogi, biri wala ne Bunyoro, era tebandiulide nyo ebye Bunyoro noku bikakasa, kubanga e Bunyoro tebainza kutukayo nokukolagana, ekikakasa enyo ebyo, enjogera yolulimi okuva eBusoga okutuka e Masaba, Bugeshu, nolyoka osanga olulimi olwenjaulo enyo ku-Lunyoro. Naye ebitundu ebisinga obungi ebyo mu Busoga ebyawansi nga osomoka ne Mpologema River okumala e Saza Bugwere District osanga olulimu lumu olwogerwa olufananira dala Olunyoro. Era nokukula amanyo nga aba Nyoro, noku-tuma abana erinya lya Mukama jaja mabwe, nebirala ebyempisa nengeri, zabantu bokakasa nti abantu bomukitundu ekyo bebana ba Mukama dala Omunyoro

Abana ba Kintu abamu bagamba nti Kintu yaja nga ava olui olwe buvajuba naja mu Busoga nalyoka agenda e Buganda, ate oluvanyuma yakomawo mu-Busoga mweyafira e Igombe. Naye abekika kya Musubo bagamba nti Kintu yava mugulu nemukyalawe Nambi. Era nti Kintu yeyasoka okuja mu Busoga nga Mukama tanaba kuja mu Busoga, obanga abana ba Mukama tebanaba kuja mu Busoga.

Abalangira abo gamasiga amakulu enyo mu Busoga, agabana ba Mukama . Omuzizo gwabwe bona bedira Ngabi.

Kintu oba abanabe bebasoka okuja mu Busoga, naye abana ba Mukama baja luvanyuma. Era kifanana mubigambo ebimu kubanga nga mukulaba nti abantu abamu basangibwa kulubalama lwenyanja Victoria bebabo abana ba Kintu Era kiringa mu Bukoli ekitundu ekyo kyasoka kufugibwanga bana ba Kintu. Naye oluvanyuma omuntu omu owekika kye Ngabi erinyalye alinga ye Mukwaya, yafuna okutwala Obukoli lwamagezige nemukisa. Kubanga yalonda Ekivuma(beads) ekyobwami bweyali nga alunda ente zabakamabe abekika kya Kintu abo Bukoli awo nayolesebwa nalonda Ekivuma ekyo ekyobwami awo oluvanyuma nga naze okufuna obwami bwamukamawe, yetuma erinya nti Mukwaya, amakulu nti mukulunda mwenafunira omukisa guno okufuna obwami obutali bubwe.

Naye erinya lya Mukwaya erisoka yali mpozi aitibwa Okali, kubanga tewali muwendo munene ogwabana ba ukama ogulabika mubuli Saza ogwabami abalide obwami mu Saza eryabwe ogusinga nga okuva ku 11-22. Naye abe Bukoli bawera 26.Kiringa Okali yalya obwa Wakoli nga waliwo abantu abalala abasoka okulya obwami obwe abekika kya Kintu, mpozi oba ye Naminya oba abamu kumanya ago agali mubami abalide obwa Wakoli.Bwekityo olulyo lwa Wakoli lweyunga kululyo olulala.

181 194

MUKAWA NE KINTU.

olwaliwo olubereryeberye nga Mukwaya, tanaba kufuna bwami obwo, obwabakamabe abanaba ba Kintu newankubade nga abalide obwa Ngobi Kigulu bawera 22. ne Bugweri 21. abalala, nga bano Mkono 16.Muzaya 11. Zibonde 12.Bugabula 11. Tabingwa ?

Abalangira abenda endala zona babade nga bafumbirwa abana aba Abalangira n'Abambeja abe Bukoli. Kyakoma okubafumbirwa mumwaka 1920. Abedira e Ngabi bwebasoka okwegata awamu ne Wakoli, naingizibwa. Ate Menya Nafulumizibwa.Naye Abawala be Bukoli ne Bugweri abenda ya Mukama abalala bona bali bafumbiriganwa nabo.Era nga tewali kabi aba okunenyezebwa olwekyo.

Esula 45

OKUZALA OMWANA MUKAMA.

Obubonero obutegeza nti omwana azalidwa alondedwa okubera owenvuma oba Omwenge eri Mukama, buli bwebuti :-

(a) Omwana nga azalidwa ekitegeza nti alina Mukama oba Mukama amwerondede yeka. Abazalisa bebategeza abazade bomwana oyo nti omwana oyo azalidwa nga alina Mukama nga basinzira ku bubonero bebalaba ku mwana obwengeri ono, omwana bwamala okuzalibwa mangwago ensiringanyi oba ekintu ekirala kyonna ekifanana omusota, ezo nebaziiza emisota ezizalidwa ku mwana oba abantu abafanana nga ensolo nga bajide mumusai oguva mulubuto lwomukazi eyakamala okuzala oba omwana oyo yenyini okuberako akamogo kona kona kumubirigwe oba ekibala ekidugavu, oba ekyera kumubirigwe, ebyo omuzalisa byaita obubonero obuvude eri Mukama okutegeza nti omwana oyo amulonze.

(b) Era nomuntu omukulu kiinzika Mukama okumulonda mungeri bweti; Olutuka omuntu oyo nalwala nyo okutukira d ala kuku'fa, oba abazadebe okulwala enyo oba omubirigwe okujako ebibala ebyeru oba bidugavu, olusi oba abantu abekika kyoyo Mukama gwalonze okulwala enyo.

Kale singa akamu kukabonero kalabise, awo nebabuzako eri omulagazi. singa omulaguzi abategeza nti akabonero ako akeze kumuntu oyo lwakubanga Mukama yamulonda naye mwe temwamanya okumulongosa nga empisa eyokulongosa Mukama bweri.

Engeri ezo zombi (a) ne (b) zeziitibwamu nekiryoka kitegerekeka nti omwana oyo alondedwa Mukama, era nomwana aitibwa erinya Mukama.

Engeri eyokuwa ekitibwa eri omuntu oyo Mukama gwalonze, Bwekigala okutegerekeka nti omwana oba omuntu gundi aliko Mukama tewali nate kubusabusa okujira abo abazadebe, wabula bakola mangwago ebyomuzise ku muntu oyo Mukama nga bwebiri, awo mangwago omwana oba omuntu oyo xxxxxxx ayanlibwa yeka nebamukolera ekisakate ekye sanja nekiitibwa Olubiri lwa Mukama, munda mu Lubiri bazimbamu enyumba emu, ezimbibwa olunaku lumu olwo lwenyini nebagimala era nesulibwamu olunaku olwo lwenyini.

Omukazi azala omwana oyo aitibwa Mukama nemwanawe basula mu Lubiri omwo. okutusa omwana okukula, obanga abade mukulu, okutusa xxxxx embaga lwefumbibwa eitibwa okufulumya Mukama.

Omwana ne nyina nga bali mu Lubiri lwabwe omusaja kitawe womwana tamulabako newankubade baganda bomusaja oyo tebalaba kumwana, okutusa embaga eyokufulumya Mukama lwefumbibwa.

183 176

OKUZALA OMWANA MUKAMA.

Embaga eyokufulumya Mukama,kitawe womwana Mukama agenda naita abasamize bananyini biganbo ebyokulongosa Mukama,bwebaja, basala empera gyebagala okuh sasulwa olwokufulumya Mukama okuva mu Lubiri,awo kitawe atekwa butekwa okukiriza negibawa,awo nebakola ebyemizizo byona ebya Mukama, nebafulumya omwana ne nyina nebava munju yabwe eyo lubiri,era nemenyebwawo nolubiri nerumenyebwawo,omwana nenyina nebadayo Mumaka gabwe age'da.

Emirundi minga bba Mukama babera baswezi oluvanyuma, tebalya Mdiga, ebyenyanja,byona, newankubade ekulya emere efumbidwa kumasiga oba muntamu eyafumbako ebyenyanja oba endiga.Era munju Mukama mwasula teminginzibwamu byanyanja,awebwa embwa eyolubombwe era neitibwa erinya Mukama,awebwa amayembe ne Nsimbi ne Nsasi nebirala ebyo busamize,oyo ye Mukama. Yazalibwanga bakika kya Ngabi boka.

Ezula 44 46 184 177

ABANA BA MUKAMA MU BUSOGA.

Ensonga enkulu abana ba Mukama bona kyebava babiri mu Busoga natangendako nemu kubo,tekitegerekeka bulungi mubantu abangi,wewawo abana ba Mukama bava Bunyoro nebawerezebwa eBusoga, nga Menya ne Wakoli naye Ibanda yagendayo bugenzi, nalyoka akomawo nate.Abana bona bawera 8 abali mu Busoga,era abo bebagenda nga bazala okubuna Busoga yona,era mubo mwemwavanga abalala nebeyaula boka nga tebagala kufagibwa baganda babwe.Mpo'zi kitabwe bweyafaganga abana abasigalangawo nga kuvuddeko omusika,abo emirundi mingi bajemerenga abasika nokweyaula nebeyaula nebafula abafu'zi oba Bakabaka.

Gano gomanya gabana ba Mukama beyawa ebitundu munsi ye usoga,buli omu nafuga ekitundu kye nga ye Kabaka :-

1. Unyi Nkono e Bukono.
2. Ngambani ye Zibondo eBulamogi
3. Kakaire " Menya eBugweri (Bagandabe bona mu Busoga tebamukiriza)
4. Okali oba Mwonja ye Wakoli eBukoli
5. Muyaza ye Muzaya eBuzaya
6. Kitimbo " Gabula eBugabula
7. Nyiro " Ngobi eKigulu
8. Ibanda " Tabingwa eLuuka.

Nebavumbula ebyuma nebatandika okuwesa enkumbi nebirala,era ebifo mwebaweserezanga nga bali mu Busoga bikyalabika nekakano.Mukama nga ali wakati munsi natandika okugabira abamube ensi Busoga. Okali ye Wakoli kakano,gweyawa ekitundu kyeyasokerama nga aingira mu Busoga. kyekyo ekiitibwa Bukoli,okuba obutakabwe,nagumo gwaka.Nadiro mutsbaniwe Unyi ye Nkono kakano, nammwa ekitundu ekiri kumu'ga Mpologoma.Era nagamba omwanawe Ngambani ye Zibondo kakano, okugenda ne mugandawe Unyi bagabane ekitundu ekyo,nga Ngambani afuna ekikye okuva kuNyiro wakuma okuva Unyi wanakoma.

Awe Mukama natambula nga aita mu Bunyoro ye Kigulu kakano, natuka ne Luuka naita nataka munsozi ne Kamigo.wano yalwawo nga ebanga dene,nga ai'ga enjovu ne nsolo endala.Kale nga akyali eyo omusaja omukulu, mpozi omu kubantu Mukama beyasanga mu Busoga, yaja g gyali mumusaba babere bamukwano ne Mukama nakiriza, nebabera bamukwano munene.Omusaja eyo erinyalye yali Kisambira,owo kulusozi Nyenda,

MUKAMA NE KINTU. 2

Wakika kya ba Isegaga.Bwatyo omusaja oyo olwokwagala enyo Mukama natesa okumuwa muwalawe,namalirira namuwa,erinya lyomuwala nga aitibwa "Tegulwa" amakulu nti ekirabo".Era ne Mukama yasima nyo oduda eryamuwebwa, nakiriza okumuwasa,waitawo mbale omuwala Tegubulwa naba Mukuto naye olwokubanga Mukama yali akyali kulugendolwe,olwokutambula. Omukyala natasobola kuyempetana okwo, Mukama kyeyava amutenera omugo ogwo nti omubanda,yagutema mukibira kumpi ne Kamigo naguwa omukyala akomerengako,nga atambula.Naye newankubade yawebwa omu'go omukyala Tegulwa teyasobola kenbo ako akabuli kakede,kubanga yali azitoweredwa nyo olubuto.

Naye kubanga Mukama yali asanyukira nyo olugendolwe, omukyala teyainza kumumenya meme, nokumuiniriza, kyeyava atesa namuzimbira awo eKamigo enyumba,namuleka omwo,era baganda bomukyala nebaja okumukumanga. Ye Mukama neyegendera nga aita kumpi nomu'ga Kiira,kubanga yagwagala nye,nolwekyo teyasima kugusulirira. Awo natuka mukitundu kyensi oluvanyuma ekyaitibwa Buzaya nga erinya lyomulangira eyakiwebwa bweryali,era nagabira nabanabe abalala ebitundu byabwe nga bwebanaberanga, nabawa nabantu okubakumanga.Nyiro ye Ngobi kakano,namuwa ekitundu ekya wakati mu Busoga,ekyaitibwanga Bunyoro,ye Kigulu Kakano.

Ate Ibanda(ye Tabingwa) oyo namuwa ekifo kyeyali yakavamu ekamigo. Ate nadira Buzaya namuwa ekitundu ekikota kumu'ga Kiira, ekyaitibwanga Bukwanga (ye Buzaya kakano.)Awo Buzaya natulira dala Mumbuga kitawe mweyali nga agaba ebyalo naguno gaaka.

Abalala baganaba nti Nyiro, Ibanda kitabwe yabawa ebyalo nga asinzira Bunyoro,era yabatekako ombaka ye Nabala owempisi,eyali kalabalaba we mbwa za Mukama,nga bwekiri mubigambo bye Kigulu ne Luuka.

Naye kirowozebwa nti Buzaya yeyali omwana omukulu ku bane beyagabira oluvanyuma,mbu nga yasinga Okali,Nyiro, Ibanda ne Kitimbo. Era kigambibwa nti abasinga obungi kubana bona abasigala mu Busoga bazolirwa mukubo nga Mukama atambulatambula, neyasinga obuto mubona ye Kitimbo.

186 +94

M'KAMA NE KINTU.

Mukama nga amaze okugabira abamube ebyalo,nesigaza kitimbo, natambula naye era awamu nabasajabe nga era agenda agoba Kiira, natuka ekakindu,nga ali eyo yalengera Bugerere kyekitundu kyensi ye Uganda, nayagala okusomaka eyo, ate nalengera olusozi Kasato olwe Busoga oluli kulubalama olwe nyanja Gyoga,lwelulwo Mukama lweyasoka okulengera nga ali emang'o,awo kyeyava atesa nakomawo e Busoga nate natambula nga akota ku Kiira natuka e Namasagali nagenda nga alaga kului North we Nugabula awo natuka kulusozi Wabiwenya ye Kasato, nalinya kuntiko yalwo,nalengera enyuma gyeyafuluma nalaba ne nsozi eziri mubitundu byeyaleka abamube era nalengera ensozi ze Bugondo eziri emitala wa Kioga, era ne kizinga Namulumuka kyeyalinya oluberyeberye bweyali emang'o.

Awo Mukama nabantube nga banaza okulengera, bategera nga olukalu lwa Busoga lutono,era nga teruja kumugasa awamu nabantube,singa buli muntu afuna obutakabwe.Bweyategera nga ensi ntono bwetyo, kyamuwaliriza okugireka amangu,kyeyava atesa nabantube okusomoka emitala weri ye-Bunyoro.

Bwatyo Mukama nabantube nebasitula okuva e Kasato, nebasabalira amawalo gwe Kasato, nebagenda e Bunyoro.Omwalo guno gwaanyidwa nyo, wona wona mu Busoga, era awo Mukama weyasabalira wewasanebwa ama'zi gebanaza omwana atumibwa erinya lya Mukama,olwokujukira jaja wabwe Mukama.

Nga Mukama amaze okuungaka okugenda eBunyoro, ye teyakomawo mu Busoga,wabula nga atuse eBunyoro yasangayo omusaja erinyalye Kitandwe (Abacwezi) nga atula kunyanja,nga empisa yabantu abeda bweri Mukama nasaba omusaja oyo bagende bombi wakati munsi,naye nakiriza nebagenda.Naye Kitandwe nga ye mufu'zi wensi eyo yona, bombi nebabera bai'zi babisolo. Naye Kitandwe bweya'tanga ensolo nga tayagala kuzake,[illegible] bantu yalyanga yeka,abantu kyebava bamukyawa nebagala Mukama abafuge. kubanga ye yali mugabi,era nga wakisa. Awo Mukama nafulibwa Kabaka we Bunyoro nakakati.Naye munsi eyo Bunyoro nga abasinga okutulamu. Ba Cope be Coli (acoli) na Balang'o,nga tebanaitibwa Banyoro,era Mukama okuva e Busoga yaleka amaze okuwa Kitiabo ekitandukye, yamuleka kulusozi Kasato,waba atandikira ebyobufu'zi bwe nokulinya emulu era Muzaya ne Ibanda.

MUKAMA NE KINTU.

Mukama nga ali mu Lang'o yagenda kukizinga ekiri mu anja Kioga,okuli ekisozi Namuli muka.Bweyalinya ku kisozi ekyo nalengera ensozi ze Busoga eziitibwa Masoto,Kagulu, Nsomba, era nendala.awo natesa okuunguka enyanja Kioga natainza,kubanga mukisera ekyo tewali ma-to,era nga tewali miti egibajibwa ama-to,era nekakano munsi eyo temuli miti egiinza okubajibwamu ama-to.Ate nabantu bali batono nyo munsi eyo, basinganga kubera kulubalama lwa nyanja nga bavuba, bavubizanga emiunda, gyasibwanga wamu okuva ku ebiri okutusa kukumi.Mukama olwokwagala okugenda e Busoga,kyeyava yekolobya nate okudayo mukitundu kyensi ekiitibwa Bukedi oba Teso naguka e Bugwere, nga agenda akota olubalama olwomu'ga Mpologoma.Natuka e Bugwere ne Bunyuli, ne Budama,eyo gyeyasanga ekubo eryolukalu nalingira mu Busoga. (kikano wano kitegeza kuba Lwoo nga bwaja nim Norta.

Mukama nga atuse mu Busoga,yasokera kulusozi Nang'oma oluli mu Saza Bukoli.Yamalawo ebanga tono nga yetegereza ensi,era nga ai'ga ensolo, kubanga mukutambula kwabwe emere gyebalyanga yali nyama eya bisolo byebaiganga.Bweyava e Nang'oma natuka mukifo ekiitibwa Walugoma,okiri mu Saza Butamba kakano kiitibwa Bunya.Nga ali e Bunya, yatesa okugenda nga aita kulubalama lwe nyanja Nalubale ,kakano ye Victoria Nyanza, mu Saza Butamba natuka e Bukaleba. Mukisera kino ye Luba abaliwo kakano nga tebanaja mu Busoga okuva e Buganda,wabula abekika kya Baisemagumba bebe Njaza mu Buganda, nga bebali kului olwo, era nga basinga kutula kulubalama lwenyanja Nalubale. Naye wakati munsi nga mulimu abantu bamunyoto. (kano kyogera kubana ba Kintu)

Ate Mukama nakyuka nadayo e Bukoli gyeyafuluma nabantube, omusajawe (Abo ja Lwoo) omumanyi aitibwa Nabala, Baisemususwa (oba Owempisi mu Luganda.) Era Mukama yalina embwasc biri, amanya gazo Lubale ne Manyoro,omusaja oyo Nabala nga yemukumi wembwa emo,okuzirisa nokuzikuma mukubo nga batambula,Mukama bweyatuka e Bukoli,teyalwawo nakyusa nadayo ebanya, natuka e Bukaleba omulundi ogwokubiri, eyo gyeyaima okulengera ensozi zi Nanso ezemitala e Buganda, ne zomubizinga ebye Buvuma. Awo nava e Bukaleba natuka e Buluba,naberayo ekisera kitono navayo nalaga munsi wakati,nga atuse wakati munsi

MUKAMA NE KINTU.

Ate abalala bagamba nti Mukama yli mukulu owekika ekinene ekitafuna bulungi kifo kyakuberamu eri gyebafuluma oba mpozi e Masaba oba mu North Sudan kyeyava asitula awamu nabantube ente,embuzi,endiga, embwaze era nebirala,nalamaga nga alaga kubukika obwadyo obwe Bugwanjuba.bweyava e Masaba nasomoka okuba nga agenda ku bukika obwa kono obwa bugwanjuba nga aita mukitundu kyensi ekiitibwa Teso naserengetera dala okutuka kumu'ga Kiira, munsi eitibwa Madi ye Gulu District kakuno.Nalyoka akyuka nada enyuma.Kuno kwekuja kwaba Ja Lwoo mu Bugwere, Bunyuli,Budama, Busoga, ne Kavirondo. Olwokubanga yali ayagala okusomoka okugenda emitala eri ensozi zeyalengeranga,mpozi ye Gambalagala olwe Teso,naye natafuna kubo,kyeyava akomawo nga akota kulubalama olwomuga Kiira, nokutuka kulubalama lwenyanja Kyoga,nga aita mukitundu kyensi ekyabantu abaitibwa Abamiro be Balang'o kakano.Naye singa osoma mukitabo kya Basekabaka abe Buganda ekyawandikibwa Sir Apolo Kagwa M.C.M.G. eyali Katikiro we Buganda kyawandikibwa mumwaka 1912, musula eyoluberyeberye. Agamba nti Kintu bamugamba nti yafuluma Podi yensi ye Bunyoro nga ava kului lwa Sudan ye North w'Africa.Ate mukitabo ekyawandikibwa Katikiro we Bunyoro Petero Bikunya ekiitibwa enfumo za Banyoro,nga ategeza kukutondebwa kwe Gwanga lye Bunyoro, musula II,agamba nti Abanyoro bafuluma Madi ye Gulu District Kakuno. (Ebyo bikakasa nti twava North Sudan.)

Era Sir Apolo Kagwa agamba nti, nga Kintu atuse mu Buganda, nadira omuzukuluwe erinyalye ye Ntembe mutabani wa Nnyi namuwereza e Busoga okubera ensiye"Awo abaganda bagamba nti Busoga bwa Ntembe " kino kyogerwa Baganda,naye Abasoga tebakikiriza.

Ate Petero Bikunya Katikiro we Bunyoro,agamba nti waliwo Omulangira we Bunyoro eyawerezebwa e Busoga nabera eyo,naye mwemwava Abasoga bona abaliwo kakano.Era nakino tekikirizibwa eri Abasoga,mungeri eyo wabula abamu mu Busoga bagamba nti waliwo Abalangira bana 4. abava e Bunyoro nebaja mu Busoga,Kitabwe Mukama beyawereza,naye Abasoga abasinga obungi tebakikiriza nti Mukama yasinzira Bunyoro nawereza abanabe mu Busoga; 'bo bakiriza nti abana ba Mukama basigala mu Busoga Mukama nga aitamu era nabagabira buli mwana ekitundukye, ye nasomoka emitala wa Kyoga.

Naye ekisinga okumanyibwa kwekukakasa nti Abasoga bebamu kubantu aba Ja Lwoo, abava e Bunyoro kukibina,ekinene ekyava North wa Sudan nekija kituka mu Bunyoro Acooli, Lang'o,Bugwere,Bunyuli,Budama, Kavirondo, era ne mubitundu ebirala bingi ebiri mu Uganda Protectorate

[illegible] wakati.-

MUKAMA NE KINTU.

Abalala bagamba nti Mukama yasindika abanabe mu Busoga ye nga ali eBuganda,abalala nebagamba nti Kintu yava mu Bulu na'ka ku'taka lye Busoga,nga alina mukyalawe ne Nkoko nebirala.

Mubyona kisanira okutegera nti bona bakiriza nga Kintu ye jajawabwe era mubo tewali kwaukana,era tewali aleta kirala nga agyako,ebika bitono kului olwo.Naliwo ekika kimu ekitategerekeka bulungi kunjui zombo, kului lwabana abaita nti ba Mukama owe Bunyoro.Nabo beita nti ba Kintu owe Buganda..Abana ba Mukama owe Bunyoro bona obasanga nga bafuga ekitundu kyensi ekinene nyo ekyandiwezemu abantu nga akasirivu singa kijula. Era nga balina obufuzi obwenjaulo obufanana nga Kabaka awatali kubusabusa.olwokubanga bafuga abantu bangi nyo nebainza okubera nebitongole bingi eby'Abami.Era nebazimba embuga enene enyo ezifanana olubiri lwa Kabaka.era nebabera nebyemizizo ebyengeri enyingi ebikumibwa mubifo ebirungi mukitundukye.

Era mubwakabaka obulala nga Bugabula ne Bulamogi, bazikulanga Ekiwanga kya Kabaka wabwe ne bakiyonja nyo nebakiteka mukibya ekibaje ekyomuti nebazimbawo enyumba eyekitibwa,nga bakola bwebatyo buli Kabaka omugya bya'fa nebazikula ekiwanga kyoyo eyasoka oku'fa.

Ekigambo ekyokuzikula Empanga zaba'fu'zi oba Bakabaka aba'fa mubafuzi be Bulamogi ne Bugabula,kifanana nga eEmpanga za Bakabaka be Buganda bwezikolebwa okuzikulwa neziyonjebwa nyo, nezikumirwa munyumba.Ekigambo kino kyekimu kwebyo ebikakasa nti Abalangira Abana ba Mukama abali mu Busoga bamazima bwebeita abana ba Mukama.Kubanga ne Bakabaka be Buganda basinzira okwo era bamululyo lwabwakabaka bwe Bunyoro,olwekyo empisa eyo yabakwata kubanga bona bamululyo lumu nempisa eyokuzikula Empanga za Bakubaka babwe e Busoga ne Buganda zifanana.Nakino kikakasa okuja kwabantu Abasoga nga bafuluma Bunyoro.

Empanga za Bakabaka be Bugabula zitwalibwa mukifo Kiwa Bulamogi. Empanga za Bakabaka be Bulamogi zikumirwa mukifo Lwamboga Bulamogi. Empanga zaBakabaka be Buganda zikumirwa Kasubi.

Ebigambo nga bino bireta enjaulo wakati wa bana ba Kintu ne Mukama. Abana ba Kintu bafuga ekitundu kitono nyo,olusi omuwera abantu nga emitwalo esatu noku'ka wansi.Ate olusi abalala bafuganga obutundu obutono enyo nga obuweza emitwalo 2-5. omutainza kubera abantu abangi nga enkumi ebiri, olwokuba ebitundu bitono nyo bwebiti,kyabakandezanga obutabera nakitibwa kinene,nobutainza okubera nabami abangi nga abana ba Mukama bwebalina. Bwetyo enjaulo neberawo neneko wakati.-

190+83

MUKAMA NE KINTU.

webika ebikulu ebibiri ebifu'zi mu Busoga.
Waliwo ensonga endala ebika byabana ba Kintu ne bika ebyabana ba Mukama, abasika abomubika ebyeita ebya Mukama sibangi nyo mumuwendo okwenkana abasika abomubika byabana ba Kintu. Enjaulo eyo eja lwansonga ino :-

Kiringa abana ba Kintu bebasoka okuja mu Busoga mubitundu byona ebyabana ba Mukama olaba nti ama Saza gabwe gona gajude abantu bangi, era abantu bamu bawangala-nyo okusinga ekika kiri ekya Kintu. Era mubika bya Kintu mubitundu byona byona webifuga endwade ya Mongota yazikirizamu abantu abamu.

191 184

MUKAMA NE KINTU.

Olwekyo omwaka ogumu bainzanga okubalamu abasika 2.Kwekugamba nti Omusika omu kului lwa Mukama atwala nga abasika 2 muba Kintu.Naye okufa nga kuno tekwaliwo okuva mukisera ekyewala enyo,wabula onutawangalanga nga buno bwasinziranga kukulwana kwolutalo lwa Basudans olwaliwo 1897-1898. e Bukaleba ewa Luba,mwolwo mwemwava endwade ya Mongota eyaletebwa abantu abawerekera Abaserikale Abapanjabi,era nabana ba Mukama abo boka abalina ebitundu kului lwa bana ba Kintu.

Olwekyo okuja kwa Kintu oba Mukama mu Busoga kwekwatesawo e Gwanga lye Busoga.Okuva kukuja okwo Busoga byatanula okuberawo mokutasa kakano.

Ebyafayo ebya Busoga bisinzira kukuja kwa Kintu oba abana ba Mukama mu Busoga. Naye tewali lutalo lwona wakati wabana ba Mukama nabana ba Kintu oluinza okulaga nti abagundi bebasoka nabalala nebadirira oluvanyuma.

Abana ba Kintu ebika byona nga bwekitegezebwa Engulu ebika ebyo byeyaulayaula nebifuga obutundu bwensi obutono enyo, kino kiraga nti abana ba Kintu tebamanya kwefuga,era nokufuga okufanana nga abana ba Mukama bwebali basobola okwefuga nokufuga.Kubanga abana ba MUkama nga bwekimanyidwa nti Ebika ebifuzi ebyabana ba Mukama bikono biwera munana (8) amasiga agafuga,naye amasiga ago omunana gafuga ekitundu ekyandimazemo ensi ye Busoga.ekitundu ekye Bisatu ebyokuna kunsi yona eye Busoga.

Ate ekitundu ekisigalawo ekyokuna kunsi yona eye Busoga kyekyebika ebirala ebisigadewo,naye nga abana ba Kintu bebatwlako ekitundu ekisinga obunene nga bisatu byakuna ebyekitundu ekisigalawo ku Busoga.

Era abana ba Mukama amasiga gali munana naye negafuga ekitundu ekinene.Era negamanya okugereka obwami mungeri enungi,era nebabera nebyemizizo gyona Engoma zobwami nebirala.Songa abana ba Kintu balina omuwendo munene mumasiga agabwe okusinga omuwendo gwabana ba Mukama. Era abana ba Kintu tebalina bifo binene nyo byebafuga okwenkana abana ba Mukama.

Ate abana ba Kintu tebalina Ngomba enkulu ezobwakabaka bwabwe nga eziri nabana ba Mukama nga Enjui eziri ne Gabula ne Zibondo, era ne Nkono.Era ne Ng'oma nentebe, namafumu nengabo, nebirala ebyabawerezebwanga okuva eri Mukama kitabwe.

Ebyo byona biraga obufuzi obunywevu obukakasa nti Abana ba Mukama bamanya byona kubanga Balangira.

MUKAMA NE KINTU.

Era bamanya okufuga ensi nga kitabwe Mukama,era batekatekanga ga abakungu babwe mumadala agasanira Abakungu. Abo bebafuga abalangira. Buli Mulangira yafugibwanga Mukungu.

BUSOGA OBUTABA NA KABAKA.

Buli muntu yena bwamala okusoma ebiwandikidwa nga biva mubumwa bwa Abataka abantu abakulu bebika byabwe nga bajaja bafe bwebaja mu Busoga nokugifuna,nokugigabanamu.Olaba nti kyekyangu dala ensi eyengeri nga eno obutaberamu Kabaka Omu.

Kubanga Mukama oba Kintu yagabira abanabe ebitundu,buli mwana namuwa ekitundukye,era namuwa obuinza obubwe kululwe obumalira dala mukitundukye.era natamuteka wansi wobuinza bwomulala yena newankubade okubera wansi we kitawe neda.

Naye ekyasingira dala obukulu enyo obutaba na Kabaka,kubanga abana Abalangira bwebamala buli muntu okufuna ekitundukye ekyobutaka-bwe bayagala obutayagala kujulula butaka bwabanabwe.Naye buli Musoga yena alina ekirowozo ekikakafu obutamenyawo Butaka bwamulala,okubera wansi we neda.Naye buli mwana yamuwa namufula Kabaka owekitundu ekyo.

Ate abana abo bona bawebwa ebitundu byabwe bategera nti kitabwe wabuinza.Singa numba muganda wange kiriinzika okumbonereza nokungoba Era bamanya nti bona baluganda,era batesa bulungi buli kigambo, tewali nsonga ebalema okumala boka singa weri.

Buli lulyo lwali bwa Kabaka lwoka nga lulina Abalangira,Bambeja nebyona ebirala ne Bakabaka munsi,olwekyo tewali nsonga ebegombesa okumenyawo banabwe alyoke akuze obubwe.Ekigambo ekyo kikulu nyo eri Omusoga okumenya obutakabwe obwobuwangwa,"Kwekumukulamu Omutima mukifuba nokumu'ta". Kyebavanga bakyekuma enyo okutusa kakano omsoga kyasinga okukuma bwebutaka amakulu ensi oba etaka eryobuzali-ranwa.

193

BUBOGA OBUTAFA NA KABAKA.

Buli bwa Kabaka bwemanyira dala kulwabwe nti bulina Obwakabaka bwabwe,olwekyo basubiranga okukuma obukumi enyo nokuziiza abalala ga abayagalanga okugaziyako obwabwe okumenya obwabanabwe.

Ekyokulabirako waliwo Kabaka omu owe Bugabula erinyalye ye Nadiope eyali agoba egye lya Zibondo mulutalo olwaliwo e Mawaikoke.Kabaka Nadiope yenyini yatabala,olwekyo egyerye lya lyagoba egye lya Zibondo. Era Nadiope yenyini yeyakulembera egyerye nagoba egye lya Zibondo embiro nyingi, naye omusaja omu kubalwanyi ba Zibondo bweyalaba akoye nga takyasobola kuduka ate nga Nadiope ali kumpi naye nga agoberera abaduka,omusaja oli kyeyava amala gakasuka efumulye lyeyalina mungalo nafumita Nadiope mumbirizi na'fa,abasajabe nabamusitula okuzayo omulambo e Bugabula.

Naye newankubade nga omusaja oli yayamba egye lya Zibondo naziiza Nadiope eyali okumpi okukwata embuga enkulu eya Zibondo,naye olwokubanga okusaja oli omutabazi yakola bubi dala oku'ta Kabaka eyafukibwako amafuta.Obulungibwe nobuzirabwe tebwalowozebwako nti alokode Bulamogi naye ekikakye kyona kyatibwa nekigwawo mu Bulamogi mwona ~~obutassigizawa~~ abasigalawo nebekweka mubika ebirala.

Nakano kino kiringa nti Mbalangira bona abana ba Mukama bakakasa nti buli omu kubo ali mukitundukye ye Kabaka,nga bagalana,era nga tebagala akabi okubera kumunabwe.

Ensi olwobutabamu ngudo era Mbasoga olwobutamanya kutambula munsi zewala,era olwobutabera abegombi bebintu ebyabalala kyabaziizanga okumanya nti Obwakabaka bwabwe butono,buli katundu ko Kwakabaka bwabwe obwo kerowozanga nti kalina obwa Kabaka bunene nyo obumala,era nebifunibwa bingi tebiinzika kumalibwawo,olwensonga ezo buli kitundu kyalina ezanyu okusanyukira obwakabaka bwakyo, era nga bwebwabwe dala obwobwangwa obutajulukuka.Naye ensi bwegenda nga yeyongera okukula omululu negutandika okuja mpolampola negutandika okulwaniranga ensalo zebyalo.

1 Jk +87

BUSOGA OBUTABA NA KABAKA.

Ekyavamu kwekulwanira emitala,olusi ebitundajera n' balangira nebatamala okujemera baganda babwe nga nabo bagala ekwefuga boka nga Bakabaka okufuna obutaka bwabwe.

Esula 46 48

GAVUMENTI EY'EDA MU MUSOGA.

Abana ba Bukama oba Kintu buli nnaku gyeyawebwa okubera Obwakabaka-bwe yatekangawo enkola eyokufugiramu abantube, enkola eyo yatekebwangawo mungeri 2.Enkola esoka yatekebwangawo mubasajabe okulonda anafuganga nokulamula abasaja n'abakyala mumisango nokugoba, nokutesa ebigambo byona ebyensi.

Enkola eyokubiri,buli mufu'zi oba musaja alina abakazi abangi,mubo yalondanga omukyala omu okufuga Bakyala bane.

Kale tusoke ne Kabaka nanyini kitundu yalinga nobuinza bwona bwona kubuli kintu ekyo mukitundukye kyatwala ekiitibwa Obwakabakabwe, (kakano gemusaza) nga tewali kintu nekimu ekiva mubuinzabwe.Olwekyo yakolanga nga bwayagala kukintu kyona mubufu'zibwe bwafuga awatali mulala okumuziiza.

Buli Kabaka mu kitundukye yalondanga abasaja n'abakyala abokumubera okufuga abantube, yalinga n'obuinza okulonda gwayagala,naye era olusi yagendereranga okulonda nga empisa eyensiye bweri kumunta omulala,obaolwengeri yomuntu oyo emusanyisa oba emuganyisa okumulonda.

Katikiro yalondebwanga okuva mubika byona byona ebye kitundu ekyo, olusi obwa Katikiro bwasikirwanga,Katikiro nga alondedwa,yawebwanga obuinza bwona obumala mukitundu ekyo ekyo Bwakabaka obwo bwalimu nga ye Katikiro.Wansi wa Katikiro omukulu walingawo ba Katikiro abalala abaitibwanga abakungu abalondebwanga mu Kabaka yenyini owekitandu ekyo.Era walingawo abantu abaitibwanga Abaganzi ababeranga nobuinza olwobuganzi bwabwe.Era nabalangira n'abambeja.

Katikiro n'Abakungu olusi nabaganzi,nabataka, era n'Abalangira, bebaberanga nobuinza boka okusala emisango gyona gyona egyabuli ngeri. Era bebaberanga n'obuinza okutesa nokuteka amateka agabuli kigambo kyona kyona ekyomukitundu eky'Obwakaba bwabwe.Olukiko olwo olwa Bakungu olulimu Abataka olusi nga lutulamu Abalangira, bwerwamalanga okusala oba okutesa lwatwalanga ebigambo okwanjulira Kabaka wabwe,era ensala y'Olukiko luno yeyalinga eyakamalirizo, ate Kabaka nakakasa bukakasa,awo ekiragiro oba eteka kyo Lukiko lwa Bakungu ne kikola.

GAVUTAFETI EYE'DA MU MUSOGA.

Naye Olukiko olwo telwakolanga kigambo kyona kyona nga Kabaka tanaba kukakasa,wabula nga kibade kyangu nyo.Naye Kabaka owekitundu ekyo teyaganangga entesa oba ensala y'Olukiko lw'Abakungube,naye yayongeranga okuwako amage'zi obugezi oba okukyusako mungeri endala ebanga yetagibwa kunsonga eyo.

Olukiko luno olw'Abakungu lwe Lukiko lwoka olwalingawo mu buli lufu'zi bwabwo mukitundu ekyo nga ogyako eMkiko ez'Abami bamanyini byalo ezatekebwangawo abo benyini byalo kulwabwe nga bwebagala kulwabwe.

Olukiko lwabakungu, mulwo mwemwalinga obuinza, okulonda omufu'zi (oba omusika) omulala nga waliwo afude,lwafuganga ebitundu byona ebyomufuzi oyo nga lwerubikuma,lwafuganga Kabaka yenyini okumuziiza mubigambo ebitasanira,lwafuganga Abalangira,Abambeja,eby'Omuzizo ebya Kabaka.Okukuma ensalo zensi eyo, okukuma sma'gye,okukuma c'taka, emisolo egyomunsi,abagenyi obaingiranga munsi,Obusubuzi munsi,Edini y'omunsi,eby'muzizo ebyensi,ebyobufumbo munsi,era nokukuma edembe kyona olw'Abalangira'blwabantu bonunsi eyo.

Tewalinga nyumba ezimbibwa olwensonga eyo Lukiko luno,naye batulanga wona webagala muniti egyekisikirize mukifo ekyombuga y'obufu'zi bwekitundu ekyo, Abantu bona abalina ensonga zabwe bakirizibwanga okuzituma mu Lukiko olwo,naye nga tebazireta buterevu wabula nga basose okuzituma omu kubo Lukiko olwo mukyama era nga bamaze okusasula ekitundu kyona kyaba ayagade okuzaba oba Nte,mbuzi, Lubugo,Kuvala,oba Mu'ndu.Kale oyo omuwawabi oba omusabi ewekintu bweyamalanga okuwayo ekimusalidwa eri oyo omubaka wo Lukiko, awo omubaka mu Lukiko nuleta erinya lyoka nayanjulira ab'Olukiko, olusi nayanjulira Katikiro yeka, kululwe.Obanga kiinzika anayanjula buterevu eri Kabaka wabwe.Oyo Omufu'zi (Omuwawabi) oba omusabi bona baisibwanga buwu mukwanjula,nga bisoka okuita mukyama,oyo omuwawabi oba omusabiyasalirwanga ebintu ebirala ebifanana nga ebyasoka,bwamala okubireta nabiwayo,awo omusangogwe nagningirwamu omuwawabirwa naitibwa okuja okuwoza. Era naye Olukiko nga lumaze okubuza abajulirwa abenjui zombi,asingidwa natekebwako ekibonerezo.

GAVUMENTI EYE'DA MU BUSOGA.

Naye emiti tegigatibwa, gyaulibwa. egyabuli omu kwabo abawoza bombi, emiti egyo gikumibwa okutusa omusango ogwo bwegugwa.

Oluvanyuma nga abawoza bamaze okuwoza bona kulwabwe nga banyonyola Olukiko,ate Olukiko mukisera ekyo tebabuza wabula okusirika obusirisi abalala nga baliira endeku z'omwenge banywa abbalala bakyala babwe bali awo bakute engabo namafuuu bafukamide,era nga bakute mendeku zomwenge ezirimu enseke mingalo, awo abajulirwa ababuli lui nebaitibwa era nabo nebogera nga banyonyola Olukiko byebamanyi kumusango ogwo, so sikubanjibwa bubanjibwa nga bwekiri enaku zino.

Awo Olukiko nga lumaze okuulira omusango gwona obulungi,abaai abakulu boka beyaula mukyama nebatesa nebogera boka naboka,nokuwakana boka naboka abalala nga bali kului nabalala nga bali kului,awo nga bamaze okukakasa olui olusinga,era nolusingibwa nebakomawo,awo nebalagira abo abawoza bombi okuwayo ebintu ebyensala yomusango,buli lui nga luwa nga bwerulina oba bwelusobola.

Awo omulamuzi yenyini obanga ye mufu'zi nanyini nsi oba katikiro nategeza mbigambo nti gusinze gundi olwensonga bwegiti,nobujulizi bwebuti,oyo gwegasinze obanga ya'ta muntu era naye alagirwa ku'tibwa, oba yatunda muntu wamulala,alagirwa okuliwa ente nomukazi omu oba 2, abo abakazi nebawebwa oyo omuwabi nabatwala, omukulu nti agende w' azale mwabo omuntu omulala okuzawo omuntuwe eyatundibwa, olusi nogw'oku'ta omuntu gwakolebwanga mungeri emu nga egyokutunda omuntu womulala,oba oku'ba omwana.

Omukazi, nomuda womuntu omulala,oyo asingidwa omusango asasuzibwa omukazi alizala okuzawo omuntu womuwabi gwavunana.

Obanga gwabanja alagirwa okusasula ebimuvunanwa nangu nokutekako ezensuso yengasi,era neby'olukiko, omirundi egisiaga omungi eyo gwegusinze yanyagibwanga bunyagibwa,olusi nokugobebwa so sikusasula nga bwayagala,wabula nga waliwo ensonga emuso nyiiza obutanyagibwa nokugobebwa.

Oku'ta, nokunyaga, nokutunda abantu tekyakirizibwanga kukolebwa, nga alabise nti yakikola era nga waliwo avunana, gwalinga musango wamene kuye.

GAVUMENTI EYE'DA MU BUSOGA.

Olukiko olwo lwalinga n'obuinza okusala omusango gwona gwona ogwoku'ta omuntu o mu oba o_woku'ta abantu abangi,oba oku'ta omwami oba okumunyaga, oba ogwokunyaga abantu nokubatwala munsi endala okubatunda,oba okugya omuntu munsi nagenda munsi ezebweru. Naye obyo byona nga bikolebwa wabu nokukiriza kw'omufu'zi nanyini kitandu ekyo.

Naye era walingawo Olukiko lwa Kabaka yeka awamu ne Katikiro nga babiri oba olusi okwongerako omuntu omulala ng a Kabaka bweyasisanga,Olukiko luno lwe Lukiko olwe kyama,olusi lwalingamu Katikiro nabakyala nebaba basatu nebatesa.Luno lwe Lukiko lwoka omufu'zi nanyini nsi lweyalingamu. Naye Olukiko oluncne Katikiro yeyalutulangamu awamu ne bakungu bane, oluvanyuma nebayanjula eri Kabaka byona.

Engeri eyokuwawaba emisango okwekolobya okuita eri omu ku babaka bo Lukiko,efanana nengeri ye Kizungu mumisango, okusoka okutwala omusango eri Police oba eri Pleader (Lawyer) era namala okuwayo byona eri Pleader nalyoka aingira munsonga zoyagala okukukolera. Songa Omulamuzi Magistrate ali wali, nebwabera okumpi takiriza, wabula nga oisiza mumadala gabyo,era nengeri ye Kisoga bwetyo bweyalinga.

Omuntu yena bweya'ta nga omuntu omulala awatali nsonga yona, enkulu etegerekeka.Baganda bomufu nabo bagendanga eri oyo eya'se muganda wabwe nebamu'ta obanga bamusanzewo,naye singa tebamusangawo bainzanga okutta omulala mumyidwa mukika ekyoyo eya'ta mune,awo ogwanga nerigwa.

Naye singa oyo eya'ta abulira dala era nekitainzika oku'ta omuntu omulala mukikakye,abekika ky'omufu batwalanga nangwago omusango okuguwawaba eri Olukiko olufuga ekitundu ekyo nga bawawabira ebekika ekyomu'si oba omuntu omuzadewe oba omukumiwe.

Omusango bwegwalabikanga nti Omu'si yeyasobya oku'ta omufu awatali nsonga,Olukiko lwasaliranga oyo omusango okumusinga, natekebwako ebibonerezo bibiri :-

(a) Okuleta omuwala omu, (oba 2) omuto ava mukika kyomu'si,oyo omuwala nawebwa abekika kyomu'fu okubera enga'si. Amakulu gakyo nti omuwala alizala omwana nazawo omuntu oli eya'tibwa,oyo yenga'si kumuntu eya'tibwa.

(b) Okusala ente 1. oba 2, nebirala,eoyo bitwalibwa Abami nababaka abakola kumusango ogwo, ogwo gwemitango gw'Olukiko .

SAVUMENTI EYE'DA MU BUSOGA.

Ekiko tezateranga okusalira omuntu omu'si naye naye okumu'ta, kubanga e'da omu'si singa alabika abantu abekilla ky'omufu bamu'tanga mangwago. Kabula emisango gyawozebwanga babika byabo abu'si, nga aba'si benyini bakwese mansi endala. Naye e Nkiko zasalanga emisango nogitekawo ebiboneerezo ebyoku'ta, okusinga gye misango gino :- (a) okusisinkanyiza omuntu nga abade akola ebyo bulogo oku'tu abalala. (b) omuntu nga abadc asisinkanyizibwa nga ayenda kumukazi atali wuwe obanga yakola omukazi atali wuwe olubuto.

(a) Olusi nemisango egy'Obutemu nga okusalira mukamawe olukwe na'tibwa oba mungeri endala eyakabi aka'ta, oba oku'ba ebintu nakwatibwa nabye.

Ababaka (Abakungu) tebalinga nakisera ekigeredwa ekyokubera nga Mukungu mu Lukiko, ne'da naye baberangamu ebanga iyona okutusa lwaabya nagobebwa, oba okutusa lwakadiwa enyo, oba oku'fa nga kumutuseke.

Ababaka (Abakungu) tebalinga nampera ebawebwa olwo bukungu obwo, naye bafunanga okuva mubyalo byabwe ebyabaweb anga, era ne mumpawabi oba mubintu ebyaletebwanga abo abawawabi oba abawawabirwa. Era nendobolo gyebalobolanga kubintu ebiretedwa mu Lukiko okusasulibwa, oba ebirabe ebyawebwanga okuva mubantu ebyengeri ezitali zimu, era ne Kabaka wabwe okubagabira nga bwasima.

Tewalingawo ekiwandikidwa mungeri yona yona, oba okukuma "Record" mungeri yona, wabula ebikoredwa byakumirwanga mumitwe gyabwe nagyabo ababadewo, era nemu gyebananyini kigambo, nga mulimu gwabwe okujukira ekikoledwa kubo, n'Abakungu ababadewo munsonga emo nga zikolebwa. Naye byasinganga okumanyibwa olwekukyogerayogerako bulijo bulijo, nabo abatali-wo nebakiulira emirundi mingi awo nebakikwata mumitwe, ekwe kwekuwandika okwabe'da.

Walingawo okulonda abakyala oba Kadulubale. Omwami omukulu yena nanyini maka yalinanga obuinzabwe kububwe okweronderanga bwayagala omukyala omu namfala omukulu kubano bona, olusi omukyala eyasoka okufunibwa yeyalinga omukulu muba Kyala bano, naye obanga omulala owo-luvanyuma yalondedwa okubera omukulu, kyoka nga oyo eyasoka yana omusa-ngo, oba waliwo ensonga endala emuganyisa okumulonda obutabera mufu'si mubakyala bano, naye nga tewaliwo nsonga yona kuye, oyo omukyala eyasoka okuwasibwa yeyalondebwanga mubakyala abalala okubafuga.

200 +93

GAVIMENTI E'E'C MU BUSO A.

Omukyala eyalondebwanga okufuga bane yalinga nobuinza okwanjulira mukamwe ensonga ezekyama ku bakyala bane,naye teyalinga nabuinza okubasalira emisango gyabwe oba okutekawo ebibonerezo, wabula nga ainza okubonereza abawala abato ababa baziza emisango, naye si bakyala abakulu abalina amayumba gabwe.Kino kyalinga eri buli musaja yena alina abakazi abangi okubera nomu omukulu mubakyalabe abo.

Bani abalinga nembuga enyingi, mubuli mbuga nga muberamu omukyala omukulu muyo.Abakyala abakulu kyebasinganga okukola enyo eri bakama babwe kwekubakuma ekiro,era okumanya emere gyanalya,nomwenge gwa nanywa. era ebyemizizo byona eby'Omwami nanyinimu byakumibwanga omukyala eyo omukulu,era nga ebyemizizo bbikolebwa omukyala eyo yenyini mulimugwe gwona okukola.Era ebyama byona byabulirwanga mukyala eyo omukulu,era nokukuma ebyamakula.

Nga asibwamu nyo ekitibwa kinene mubantu bona abafugibwa omwami nanyini mukyala eyo. Yalinga waluberera kubukulu,wabula nga asobeza nogobebwa kubwami.

201 +94

Egula 44. 40

OKUWAABA ERA NE NSALA YEMISANGO.

Omuntu aze okuwawaba omusangogwe era noyo awogesebwa,buli muntu yajanga nemiti mingi mungaloze oba munsawoye.Kubanga omuntu nga abade awona omusango buli kibuzo agyayo kati kamu nakateka wansi,nekibuzo ekirala nakola bwatyo okutusa bwanamula byona byawoza.

Era nomuntu eyagendenge okuwawaba yamenyanga obuti bungi nyo nabera nabwo,awo bwaba ayanjula kya vunana nagyeyo obuti obwo obutonotono, era bumpimpi obutaweza futi emu,awo buli lwayogera erinya, kyekintu kyavunana agyayo akati kamu nakateka munono g'omwami gumboreza omusango, okutusa lwanalayo omnwende gwebintu byona byavunana,awo kati obwo nebusitwako nebusigala nabami.Nyo yempawabi yebiganbobye byayogede.

Ate omuwawabirwa naye bwaja aja nobuti obulwe,naye mukuwozakwe akola buna bwatyo nga omuwawabi.Era abami abalinza omusango bwebaba nga babuna omusango ogwo baleta emiti yiri egyempawabi nebalyoka bategeza omuwawabirwa nga bamubuza kubuli kati kanakamu,kyakiriza nebakyaula nekyo kyaganyi.

Era obuti obwo bwanlibwa mungeri zebintu ebiba bivunanwa,oba nte, obuti owente bubere bwoka ,n'obwembuzi bwoka, nobwebirala bwebutyo. Newankubade nga omuwawabi yemuntu omu,era munsala eyomusango ogwo oyo gwegusinze alagirwa okusasula nga awebwa obuti uti nte bweziti, embuzi bweziti, enkoko bweziti, embugo bweziti, ebyo byosalidwa okusasula gundi oba okubera omutango olwokukola ekigambo gundi ekibi, era obuti obwo bukunilbwa okutusa bwalinalayo,buli bwasasulako akati akamu nekagibwako nekasulibwa.

Olukiko olukulu olwabuli kitundu era no lkiko endala ezatekebwangawo bananyini byalo nga bwebayagalanga.Ekiko ezo ezengeri ezo zatulanga bulijo nga bwezainzanga buli lunaku lwona lwona lwalinga lwadembe eri Abami okuulirirako emisango gyona egibawo.

Okusiira emisango mu lukiko olukulu olwe kitundu ekyo, latikiro yeyalinga nanyini kutula muntebe nga ye mukulu w'Olukiko olwo okutulamu abakunga n'abami bebyalo,nabantu abalala.Emisango gyanlirwanga mungeri ya_yo nga bwegiri,obanga giriko obajulizi oba tokuliko negisalibwa nga bwegiri,era ebitonerezo nebitekebwako nga obuncne bwomusango bweguli,okutusa kumusango ogwoku'ta obulamu bwomuntu oba ekumukuta abantu,nokugoba,nokunyaga,nokusiba.

202495

ENSALA YA TSAMBO.

Okutunda abantu, nokuzikiriza ebintu byona oba ebizimbe obs ebirala obaobutakola kigambo. Naye Olukiko olwo terwakolanga kigambo nga ekyo ekyekiboneredzo awatali kusoka kubuza amagezi gagwami omukulu nanyini kitundu ekyo.

Olukiko zabamanyini byalo nazo zaulirwanga kkiganda emisango gyona mungeri emu, wabula nga tezirina buinza okumala emisango egy'oku'ta oba okuzikiriza ebintu oba okunyaga ebintu nabantu, nokutunda abantu, wabula nga Olukiko lufunye obuinza okusasuza ebintu nokutanza ebintu ebingi, era nokugoba.

Omusango ogutaliko bujulirwa obukakafu okuvumbula, singa waliwo ebintu ebibidwa naye omu'bi natalabika, kyoka newaberawo omuntu oba abantu abalowozebwa nti beba'ba ebintu ebyo ebinonyezebwa. Kale Olukiko bweruba nga lwagala okuvumbula omusango kubantu abo abalowozebwa nti beba'ba balyoke babasasuze oba babasibe, oba okubanyaga, oba okuba'ta, waliwo engeri nyingi ezikolebwa okuvumbula abantu abo. Naye engeri ezisinga okukozesebwa mukuvumbula ziri nya (4) :-

(a) Olukiko olwekyalo lukunganya abantu bangi abokukyalo ekyo okuli abantu abo abalowozebwa nti beba'bâ, era nabo abalowozebwa nti beba'bi nabo nebaitibwa mukukunganyizibwa okwo, oba bona bakunganyizibwa musaka 5 ezokumakya, awo abami nebatula. Awo nga abo Lukiko bategede nti abantu abetagibwa webali baletedwa, awo nebalagira okukola engeri emu kunya (4) ezivumbula omuntu akoze ekigambo ekyoku'ba. Olukiko lutegeza abantu nti mwena mukunganyizibwa wano olwoku'ba ebintu bwebiti ebya Gundi, naye obanga waliwo omuntu kunwe amanyi nti yeya'ba ebintu ebyo asanira ayetule kakano, naye obanga wali nagana okwatula kale gunaba musangogwa bwanavumbulibwa obuvumbulibwa namagezi gano getuja okukola agokukola akalulu.

Olusi obanga waliwo omu'bi yayatulanga nga ayagade oba agana okwatula nga ayagade, naye bwayatula amagezi gona agabade gagenda okukolebwa galekebwa, era abantu abalala abakunganyizibwa basibulibwanga nebagenda, omusango negubera kwoyo ayogede nti yeya'ba ebintu ebyo. Naye singa tewabade ayatula kululwe yeka nti yeya'ba, awo abami baleta omusaja omusawo omulogo, eyo bwaja akola edagala naleta ama'mi naleta olugali nakola olulagala lwekitoke olulamu omwali kituli ▼

EKITABO EKY'OMUSANGO.

Kaleta nakasuwa akatono nesanja eriva kubitoke bya gonja,awo omusawo nga yetegese nebyo , adira olugali naluteka wansi, natekako olulagala nafukako ama'zi natekamu edagala.Awo naita abantu abakunganyizibwa kinomu mumpalo,oyo buli waja alagirwa okuwanda amalusuge nkasuwa akaitibwa akasumbi,bwamala okuwandamu awo omusawo nadira esanja nateka nkasuwa nakolezako omuliro,bwalaba nga gwaka nadira akasuwa nakavunika muma'zi agali wansi kululagala awali olugali.Akasumbi ako kainza okukunganya ama'zi gona agasasanye okubuna olugali lwona.Kale bwebalaba nga ama'zi gona agali kululagala wansi gakunganide mu kasuwa, oyo omuntu awanzemu amalusu kumulundi ogwo,oyo abanga yeya'ba ebintu ebinonyezebwa,naye bwegatakunyana negaba nga gasansanye kulugali lwona nga bwegabade oyo abera nga si yemu'bi,oyo nga agenda bugenzi tabako musango gwona gwona.

Naye ama'zi bwegakungana, oyo aberako omusango oyo yemu'bi avunanwa omusango gwobu'bi bwebintu byona ebiba bivunanibwa. Engeri eyo yakolebwanga olwokuvumbula omu'bi era buli mulundi gwona walingawo abantu abakwatibwa akalulu nga ako.Eyo yengeri esoka.

(b) Nga abantu bona bakunganyizibwa olwomusango ogwoku'ba,awo omusawo bweletebwa natekateka ekyumakye ekyenkumbi ne kyoya ekye Nkoko,awo omusawo nateka ekyuma ekyo mmuliro nekibuguma nyo dala nekimyaka okufanana omuliro.Awo naleta ekyoya kye Nkoko nalyoka aita abantu abo abaletedwa naitako kinomu mumpalo,oyo gwagenda okukema nawanda amalusuge kukyoya kye Nkoko,awo omusawo naisa ekyoya ekyo kukyuma okiide enyo ekifanana nga omuliro.Awo ekyo bwekigya omuliro oyo nanyini luwalo olwo olwokukenebwa era abanga yenyo awanzeko amalusuge,oyo yakwatibwa omusango gwobu'bi obwo obunonyezebwa.Naye oyo awanda amalusuge kukyoya naye nekitekebwa kukyuma kiri ekiide, ekyoya nekitagya,oyo taberako musango gwona.Eyo yengeri eyokubiri eyokunonyereza omu'bi webintu.

(c) Nga abantu abalowozebwa oku'ba nabalala nga bakunganye,omusawo aleta akasuwa akatono,awo bwamala okukatekateka,naita abakunganyizibwa olwobu'bi bwebintu,buli muntu omu naja mumpalo, nawanda amalusuge nkasuwa,awo omusawo nadira esanja tonotono nateka nkasuwa nalyoka akolezako omuliro mutonotono,awo nateka akasuwa kulubuto lwoyo awanzemu amalusuge,obanga yemu'bi webintu akasuwa ako kakwata olubutolwe nekalunyema nyo, nekalusika nyo nokukaba nakaba.Oyo nga yeya'ba ebintu ebinonyezebwa.

204 199

EBSALA YE MISANGO.

Era avunanyizibwa omusango ogwobu'bi,naye singa nga akusuwa kalemedwa okukwata olubuto lwoyo awamsemu amalusage mako, oyo abera nga siyemu'bi webintu ebinonyezebwa,era oyo asumululwa awatali musango gwona kuye. Byo yengeri eyokusatu (3) eyokunonyereza ebintu ebibidwa nokubivunbula.

(d) Abantu abakunganyizibwa ol okunonya ebibi'dwa nga betesetese bona, awo omusawo bwaja aleta ekyuma ekyenkumbi emkade etakyakonesebwa,awo nabugumya ekyumakye ekyo nekigya nyo okufamana nomulilro,nga kiide aita abantu abakunganyizibwa olwensonga eyobu'bi obunonyezebwa,buli muntu neja mumpalo; awo omusawo nadira ekyuma ekikade kyenityo naisa kukugulu kwomuntu oyo nanyini luwalo olwo olwokunonyezako kuye ebigambo ebyoku'ba,singa ayokebwa okugulukwe nekyuma ekyo ekyokya,oyo abera nga yemu'biwebintu ebinonyezebwa.Naye okugulukwe bwekutagya nekyuma ekyo ekyokya enyo,oyo eba nga si yeya'ba ebintu ebinonyezebwa.Era tabeeako musange gwona.

Bwewaberawo omuntu kukyalo kyona kyona, nalabika nga alwade obulwade obwe Bigenge obendwade eyolukuku,oba endwade endala.Abantu bananyini muntu oyo banonyereza omuntu eyaloga oyo okulwala endwade eyo,singa waberawo omuntu alowozebwako nti yeyaloga - era nga Ali kukyalo ekyo,ebigambo bigenda mangwago mubami oba mubataka abokukyalo ekyo awo 'bo bebabera nobuinza okukunganya abantu aboku kyalo ekyo. Bona era noyo alowozebwa nti yeyaloga nga yomu kubo, awo nga bona bakunganye Abami oba Abataka baleta omuntu omulwade era nebaleta nana'zi nebagafuka mulutiba oba mukibya, awo nebalagira abantu bona abaleteawa okuja mumpalo kinoma,awo buli muntu neja awali omulwade nasena ana'zi aguli mukibya nengaloze nga ayogera nti obanga nze nakuloga olulwala ebigenge bino oba endwade eno owonanga,naye obanga sinze ofanga nabyo oba nayo.

Abantu bona bona era nabomunju yomulwade yenyini bakolanga bwebatyo okubuna. buli eyamalanga nga agenda bugenzi.Kale nga bona babanye omulwade nadayo mukifokye.Amirundi aingi abakolebwanga bwebatyo bawonanga endwade awatali kuwebwa dagala dala.Era olwokubanga omuntu eyaloga nana nalyoka aleta ebigenge ebyo oba endwade eyo yenanya nti bagenderede kugamba "YE" okuvumula omulwade oyo olwokunanya bwatyo bwabanga aja okufuka ana'zi kumulwade yesiga edagala mungaloze eryokuvumula endwade nakyana.

209-194

ENSALA YE MISANGO.

Bwatyo bafuka ama'zi kumulwade ama'zige kyegava gawonya omugenge oba omulwade oyo.Naye bwawona bona bakakassa eyo gwebalowozako nti yeyaloga, naye tewali kimukolebwako,era singa omulwade tawonye era tewali kimukolebwako.

Bwewabera omuntu ku kyalo nalwala na'fa,naye nga waliwo omuntu omulala alowozebwako nti ye yamuloze nalyoka a'fa. Omulambo bweguba nga guzikibwa muntana,waberawo omuntu asingira dala okubera nanyini muntu a'fude,bulijo abera mukyala,oba ye mukyala w'Omu'fu oba yenanyini oba ye mukyala. Nga oyo afude aliko oluganda olwengeri yona,oyo omukyala bwalaba nga bafuka etaka kumulambo abakas'taka eryo eriba lifukibwa ku mulambo,alikwatira mukubo nga terinatuka ku mulambo wansi gyeguli, alikwatira muganga wagulu nga aliva kungulu kwe'taka okugenda wansi ku mulambo nalikwatira wakati nga terinaba kutuka ku mulambo. Bwamala okulikwata nalikuma, awo bwebamala okuzika e'taka eryo eribakidwa nerigibwako erimu kulyo nerimansirwa wagulu ku bitoke mulusuku olulimu entana eyo.Amakulu nti omuzimu gw'omufu gusansane, gulome okubera awamu,kubanga singa gubera awamu omuntu omulogo ainza okuja nagutwala naguzikiriza.

Ate etaka erisigalawo litekebwa mukintu kyona ekinywebwa mukyana neritwalirwa omuntu alowozebwa nti yeyaloga omuntu oyo oku'fa.Kale oyo bwaliwebwa nalinywa obanga ye yaloga omu'fu,naye afa obanga si yeyaloga abera mulamu taberako kabi kona olwokunywa etaka eryava kutaka eryali lifukibwa muntana ku mulambo, oyo awebwa etaka eryo okunywa tamanya nga kyanywa kirimu olukwe, kubanga limuwebwa mu lukwe mukwanogwe yalimuwa,oba okuwanyisawanyisa ekintu kyanywa etaka neritekebwa mukifo ekyekintu kyanywa,bwatyo nanywa nga tamanyi nti waliwo omutego.

Naye singa a'fa tewali kirala ekikolebwa,wabula bananyini muntu,eya'fa basanyuka kubanga bavumbude eya'ta omuntu wabwe, era naye a'fude.

Naye obanga okukola bwekutye tekuinziza kusobola kuvumbula omuntu oyo eya'ta omuntu wabwe,bananyini muntu eya'fa banonyereza nyo omuntu omusawo enye asobola okubera nedagala eriinza oku'ta omuntu yena eyaloga omuntu wabwe oku'fa.Omusawo bwalabika adira edagalalye nalisimba mu'taka kuntana, okutusa bwebamlira nti waliwo omuntu gwebali balowoza nti yeyaloga nga afu'de,naye singa tewaberawo muntu a'fa olwomusawo omulala omulungi asinga oli. Amanyagabwa nate

ENSALA YEMISANGO.

Era naye bwaja akola mungeri nga agenderera oku'ta omuntu eya'ta omuntu wabo abamuise,noyo bwalemwa bakola bwebatyo okunonya omulala nate okutusa lwebamufuna ,bwakola edagalalye,amangwago nebanlira nti omuntu gwebalowozako nti ye ya'ta omuntu wabwe a'fude nebasima nyo olwoku'ta omulogo oli,era omusawo akoze ekyo atenderezebwa nye,era awebwa ebintu bingi.

Naye tewali kikolebwa kirala kului lwoli afude,olwokubanga yeyasoka oku'ta omulala.Naye abolui lwoyo gweba'se nga balowoza nti yeyaloga omuntu wabwe nabo nate nebatandika okunonyereza enyo nga banabwe bwebakola.

Naye bino byakolebwanga abantu bananyini muntu afude boka kulwabwe, so sibami.Era bananyini mufu tebainzanga kwabya Lumbe nga bakyanonyereza ebyo,okutusa lwebavumbula.

Egula 45. 46 50

OKUKUMA ABAFU'ZI.

Buli Mwami mukitundukye yakumibwanga nyo dala olwobutemu obwalingawo obunene ku bami.Era nolwokukuma ekitibwakye,Omuntu omulukulu teyalabikanga nyo mu bantube, wabula mubisera ebigere nga aze okugabula abantube omwenge nemere era nenyama,oba okuulira abantube kyebagamba,olusi okulaba abazirabe nga bagenda okulwana era nga bakomyewo,ate era nokulaba emizanyo oba ebinyanu,era ne naku enkulu ez'Omwaka.

Omwami omukulu teyalyanga mere mulwatu awamu nabantu abangi,naye yalyanga mukyama yeka,n'omukyala omuwereza oba omuduwe,olusi n'omukunguwe oba omwanawe omu gwayagala,so si mubantu bangi.Emirundi egisinga yalinga munyumbaye entono eyokuliramu, era n'okunyweramu, bwekityo nga bwekikolebwa,nga tanywa nabantu abangi newankubade nga abamanyi oba abagenyibe abakulu. Wabula yagabanga byona mubuli kibina nga bwekiri awatali kwetaga kutuka gyali mokulirayo.

Abami abakulu,n'Abakungu, N'Abalangira,era nabakyala abakulu,baisanga bumu mu kulya ne mukunywa nga bakikola mukyama.Wabula Abami abatonotono nabakungu abato nabalangira abato, abo bebalyanga mulwatu era nokunywa nga banywera mu bibina.

Omwami omukulu,mubuki kisera kyona yakumibwanga abasajabe abagalagala n'Abakungube,nga atambula, abalaguzi bebasokanga mumaso,namaycmbe, ate yenyini natambula nga alina ekibina kyabasaja nabakazi abakute engabo,namafumu,nemigo,nendeku zomwenge, ne Ng'oma nga zigenda zivuga. Olusi omwami yatambulanga nebigere,olusi yatambulanga nga asitulidwa kumabega gomusaja owananyi namutambuza nga mniro 10 oba 15 nga taumude. Mukutambula abera wakati mukibina kyabantube nga abakyalabe bamudiride abalina amafumuge nengaboze, nabasaja nebakulembera nokubera emabegawe.

Nga atu'de mumbugaye,oba nga akyadeko,atula wakati mubantube abamanyi boka, abakyalabe abaku'te engaboze namafumuge nendeku zomwenge nebamutula erui nerui okumulirana. Ate abakungu nebadirira enjui zombi nemabega ne mumaso okwetolola ekifo kyona watude. Bwatyo nga akumibwa nyo wona wona weyagendanga,era n'abami abalala abakulu nabakungu nabalangira nga bakumibwa mungeri emu obanga kiinzika.

Enju Omwami omukulu gyeyasulangamu Ebisakate byalinga biga'zi nyo ebiinza okuberamu amayumba nga 50 nokusingawo,emirundi egisinga obungi omwami omukulu yasulanga munyumba yomukyala asinga obukulu mubuli mbuga.

OKUKUMA ABAFU'ZI.

Naye olwokubanga tekyayagalibwanga omwami omukulu okutegerekeka gyasula olwekyo abantu bona bamanyanga nti asula munyumba yomukyala asinga obukulu,songa sibwekiri, yagendanga naingira munyumba mwasula nga tebategede ,era bwaingira tayogera olusi bwebutuka ekiro neyesiba nga omukyala nabera mumizanyo gyabakyalabe ekiro, abatemu baleme okumanya gyasuze nokugenda okumutemula.

Ekisakate kyasibwanga nemiti egyamagwa,egiitibwa Nkandwa oba nemuli, nekisibibwa nyo nekibera kigamu nyo nekitekebwako omulyango gumu.Era kumulyango ogwo nga gukumibwa abagalagala emisana nekiro.

Abagalagala abakumbanga abami bebana bobuleesi abasigibwanga mumbuga z'Abami okukuliramu nokuiga byona ebifa kunsi yabwe.Kubanga mumbuga nga mukunganiramu abantu abengeri zona,nebintu ebyengeri zona,namaulire. Era abana abo abasigibwanga mumbuga begenderezanga nyo obutazamu musango gwona gwona.Singa abade aziza omusango mumbuga nga mpo'zi ayenze kumukyala oba a'bye ebintu by'omwami oba eby'omulangira oba omusango gwona gwona,omulenzi oyo yavunanibwanga,ate nekitawe navunanibwa, obanga omusango muncne omulenzi natibwa,ate kitawe nanyagibwa ebintu byona nabantube nebatundibwa.

Abagalagala baletebwanga mumbuga nga abana bato, balyoke baige nga bakyali bana bato,era nga balina abalenzi abakulu abalondebwanga omwami nebafuga banabwe,abo nga bebananyini mulimu ogwokukuma enyo omwami wabwe.

Olwensonga eyokutya obutemu,buli muntu yena atamanyidwa oba amanyidwa teyainzanga kweyanjula yeka eri omwami yena yena,wabula nga alina mune omulala asinga okumanyibwa enyo, era eyesigibwa;nasoka okumukulembera nawanjula.

Kale singa oyo gwayanjude aza omusango bombi bavunanibwa,oba singa abula era oyo eyanwanjula aitibwa omuinawe yenanyini musango ogwo gwona, newankubade nga ebanga liisewo lyamyaka mingi nyo,okweimirira okwo tekwamuyekangawo okutusa bwa'fa. Ebyo byakolebwanga olwokutya abantu abaja nebewombeka songa bakesi.

Mungeri emo yakumanga nyo abami obutatemulwa,kubanga omusango ogwobutakola kabi kona kumukamawe.Bino byakolebwanga nemukuwebwa ebyalo.

OKUKUMA ABAFU'ZI.

Abami abakulu nga tebatera okusituka benyini okugenda okulwana mulutalo,wabulanga kyetagibwa agenda,naye agenda kuwa mageezi goka nalyoka atula emabega wabalwanyi, mumiti oba mulusisira.Naye abamibe nabakungube n'abalangira,nabazira, bebagenda nga balina omugabe mubuli 'gye.Ate e'gye edala nerikuma emabega.Abalangira abakulu enyo nabakungu,bakolerwanga ebimu nga ebikolerwa omwami omukulu,wabula okulwana nga 'bo bainza okulwana mulutalo,naye ebyokwekweka obutamanya wasula nga bikolebwa bumu nga omwami omukulu.

Abakyala bawebwanga ekitibwa kineme munsi yabwe gyebafuga,nga balina ebitundu byabwe byebafuga era ebintu byona byona ebifuluma mubitundu ebyo bitwalibwa munyumba yamukyala oyo aingiza ekitandu ekyo,era ekitundu ekyo kyaingiza nga bebananyimi kuzimba nyumbaye mumbuga yomwami.Era abantu bona abami nabalangira nabakungu nabalala abomukitundu omukyala oyo kyaingiza nga kineme nyo dala.Era nebitundu ebirala ebitatwalibwa mukyala oyo nga bimusamu ekitibwa kineme nyo, nga bwatambula mukubo nasanga omuntu omusaja oba muwala namala aita okumpi naye,amuwawabira oyo aise okumpi nomukyala nanyagibwa ebintu bingi nyo,olusi omukyala nga alina ekambeke ainsa okumutema newataba nsonga,olwekyo buli eyalabanga abakyala nga kutiim nga baita aduka nabalekera ekubo lyona nebaita boka.Era nga balina obuinza okunyaga ekintu kyona kyebasanga nomuntu mukubo newataba musango.

Abalangira n'Abambeja nabo balina obuinza bwebamu nga abakyala, okunyaganga ebintu bya bakopi awatali kuziisibwa,era singa omulangira anyaga ekintu nogezako okumuziiza oba oziza omusango mwene, bwakuwawabira bakunyaga ebintubyo byona nokukugoba.Abalangira batambulanga nabantu bangi nyo.

Esula ~~40~~ 51

OLULIMI OLWEDA MU BUSOGA.

Olulimi olwayogerwanga e'da mu Busoga yona lwali lulimi Lunyoro oluitibwa Olupakoyo mu Busoga.

Olulimi Olupakoyo lwerulimi lwabantu aba Jo-Pa-Lwo abatuka mu Bunyoro,Budama,Kavirondo,Acooli,Lang'o, ne Busoga, be Banyoro abeda. Oluvanyuma lwafuka Pakoyo,ate nti Lupakoyo.Era abantu be Busoga ku North eda nga baitibwa Bapakoyo nadala abomu kitundu kye Bugabula, ne Bulamogi.

Lwatwula ekitundu kinene ekyemyaka nga lukyayogerwa,naye lwagenda nga ludiba mpolampola,nensonga eyalwonona nerudiba yeno :-

Olwatuka abasaja abekitundu kyengulu kubukika obwakono nebatanula okukola obutale kulubalama olwenyunja Nalubale.Awo abantu abomubizinga e Buvuma abajanga okugulana n'Abasoga nga bogera olulimi olutali Luganda lwenyini naye olulimi olutabufu nga lutabuletabule nolulimi lwabwe.Awo bwebajanga okugula mubutale bwe Busoga,awo Abasoga nebagala okuiga olulimi olwo,era Nabavuma nebagala okuiga Olusoga (Olunyoro) awo olwokugegenya okwenjui ezo zombi nemuvamu olulimi oluvuma oba Olusoga olwogerwa ekitundu ekisinga obunene mu Busoga kakano.

Naye newankubade kiri bwekityo ekitundu kya Busoga ekya wansi kyabererawo nga kikyuyogera olulimi olufanana Olunyoro olwaitibwanga Olupakoyo.Busiki.Bukono. Bugabula nokusomoka e Luganda e Bugerere, abantu abaitibwa Banyala,na Baluli nokuga'ta ku Banyoro benyini,ate nokusomoka omuga Mpologoma mu Bugwere District nera ne Samya ne Bunyuli mu Budama District,newankubade nga waliwo enjaulo munjogera mubitundu ebyo ebikyalwogera,naye enjaulo eja olwebanga edene eriisewo kasokede bava e Bunyoro era nolwekwega'ta nabantu abengeri enyingi nebatabulatabula enjogera eyolulimi Olunyoro.

Kino kikakasibwa nti abami abafu'zi mu Busoga bavira dala mu Bunyoro.Era abantu be Bunyoro bakimanyi nti Bukama jaja wa Busoga.

yobulo musabo ntomotono nenyuma bwatye nendala nasula emabegawe

Okuva ed- neda lyona Egwanga lyaBusoga teryalinanga na Kabaka oba Omwami omu omufuzi wensi yona eyaBusoga okugitwala mubuyinza bwe , wabula buli ekitundueby'ensi ebiyitibwa Abasaza bakiko era nebirala ebyafuka Zigombolola, Miruka neMitala,ebyo bull kitundu kyefuganga kyoka nga kirimu obuyinza bwakyo obujuvu dala dala, okutusa Abanyangu bwebatuka munsi eno eya Uganda engeri eyo nekiri-aibwa buli omwami nafuga nga bweyafuganga eda. Naye kyekalubirira Gavumenti Enkuusi okufuga eoutundutundu nga obwo obuto obungi47, Gavumenti Enkuusi okufuga eoutundutundu nga obwo obuto obungi47, Gavumenti Enkuusi okufuga eoutundutundu nga obwo obuto obungi47,

Gavumenti kyeyava netekawo olukiko lwonga ensi yona.
Mulukiko olwo lwasoka kutula Bukoleba mu mwaka 1890. Era Owesaza Luba yeyasokaera dala okubera omululu walwo. Oluvanyuma nga e Boma eyude e Bukoleba eretedwa e Iganga mu mwaka 1900-01. Olukiko lwafugibwanga mumpalo. Okutusa e Boma leeyajululwa ne twalibwa e Jinja mumwaka 1902.

Part II

Era Olukiko lwali lukyafugibwa xxx Abami nga balufuga mu mpalo. Okutusa Gavumenti lweyaleta omwami Semei Kakungulu okumuggya e Bukedi Mbale , gyeyali nga akyalwanyisa Kabaka ebitali byangeri emu nga bwekakola okuva lweyava e Buganda.

Bwatyo S. Kakungulu nabera mufuzi Owolaberyeberye nawebuli Okufuga Busoga yona awamu. Ate ebitundu byona ebyaliwo olwa Kabaka nebifuka Abasaza era negatumibwa mu kufuganga nga amanya ga Masaza mu Buganda bwegali, Naye S. Kakungulu naitibwa Pesidenti wo Lukiko lwa Busoga.

Oluvanyuma Omwami S. Kakungulu yagibwako mumu okuva kubufuzi bwaBusoga nadayo e Bukedi . Ate Busoga nesigala nga afugibwa Olukiko olwatulangamu abami bamaSaza bona nga balufuga mu mpalo buli Masaza nga afugira mweri yamu nadayo mu Saza lye ate omulala naja afuga, okutusa mu mwaka 1918, Gavumenti enkuusi lweyasa nerabe nti Omwami omu asanira okulondebwa abere omufuzi omukuu nga ye President woLukiko mu January, 7th. 1919. Owesaza Zibondo ye Mukiori F. Wako II natekebwawo okubera President Busoga lukiko nga yemukulu wabami bona abamu Busoga mungeri. ezobufuzi. Era okumala emyaka 6 yali nga akola emirimu ebiri kuma e Sazalye Bulamogi nokubera P. S. L. okutusa mumwaka 1924 mu December, Omwami Y. K. Lubogo bweyatekebwawo, awo F. Wako nasigala mumulimu gwe ogumu okufuga Busoga, ate Y.K. Lubogo nabera owesaza e Bulamogi.

Oluvanyuma mumwaka 1926. Esaza lye Butembe bweryazibawo . kubanga lyali ligidwawo nga lirimu butundutundu obwazi eddolola olwali bufugibwa mumasaza awalabe. Kale nga obutundu obwo bufulidwa e saza nate, kyatesebwa nti Kubanga e saza eryaliyo eryo tono lisaaira okukumibwanga P. S. L. olwokubeganira P. S. L. atula musaza eryo Butembe nezigombolola zona mwene S-ntelede kumpi nekifo P. S. L. wali.

Oluvanyuma olwokutekawo Central Councils mu Busoga ezitalwa ababaka abava mubibina ebyabuli ngeri mu Busoga ebitandika okubala omulundi ogusoka. Busoga Central Council yatandika e Bulemba mu mweri gwa November, 1937, okuva kumulundi ogwo B. C. C. yeyongera okutula bulijo buli myezi 3 omulundi gumu okuli nga bwekyotagibwa.

Central Councils zatekebwa ku maSaza ne ku Zigombolola nga zitulamu ababaka mungeri yamu nga bwekiri mu B. C. C. Eno Councils nezitwebwa obuinza bwona mubuli kintu kyona kyazigiita mu Council yakye eyo Council nayagilira Council eninga okubalu okutusa ku Busoga Central Council eyo yeyandla enamba zona zona ezegwanga lya Busoga eri Gavumenti enkuusi. Omukulu

Omukulu wekitundu ekyo Omufuzi oba woGombolola , weSaza neP. S. L. buli mufuzi mukitundu kye yabera omukulu mukutesa kwona okwa Council eyekitundukye.

Atekwa okugobererа entesa ya Council eyekitundukye nga bweteka Naye ye abera nobuinza okuwayo endowozaye kububwe kunsonga yona singa ye alaba nti okukakasa kwababaka ba Council eninga obukulu oba Gavumenti ayanjula endowoza kububwe ku nsonga eyo gyaba nga ayanjula oba okukirizaganya nababaka ba Council mungeri yona singa ye alaba nti Endowozaye kunsonga etesebwako ofanena bumu nendowoza yababaka aboLukiko lwa Council eyekitundu kye gyakulira.

Gwali mweri gwa May, 1938 Busoga C. Council lweyatula, nga erimu ababaka bona ne P. S. L. nga temuli bami bona abamasaza kubanga mwemwali mugenda okulondebwa omu mubo okubera omuwanika w'Egwanga lya Busoga .

Abamasaza bona bakubirwako obululu , oweSaza Zibondo nasin nasinga obululu yafuna 58. Tabingwa yafuna 14 yeyali owokubiri abalala nebafuna 4, oba 2, Bwatyo Omwami nakakasibwa okubera Omuwanika wa Busoga mu 1st. July, 1939. natendika omulimu ogwo buwanika bwa Busoga nga ye muwanika omoluberyeberye mu Busoga.

B. C. C. eyatula Nov. 1938 yalimu ababaka bona ababuli kibina wabula abami bamasaza ne P. S. L. bebatalimu boka Kubanga mwemwali mugenda okulonda omu mubo abere Kyebazinga wa Busoga olwokubanga ensi yona tesimba linya lya President era abantu bensi tebategera nti yomufuzi owobuinza bwona eryo nga ensi lyeyagala liitibwe omufuzi wa Busoga .

Okulondebwa okwo kwalimu obuzibu bungi nyo kubanga ekibina ekirala ekisinga obunene kyali kyagala nti Busoga eronde omufuzi afulibwe Kabaka, nayenga ekibina ekirala kisima , nga kyagala kulonda mumu afuge egwanga lyona mu kisera kyona kyabererawo nga esanira okulifuga, nga alabise nti tasanira agibwewo, ate omuntu omulala alondebwe nga agibwa mubami bona ababerawo nga bami bamaSaza So sikubera mufuzi Wansikirano era neriaya aitibwe Kabaziinga wa Busoga so si President Busoga Lukiko .

Owekitibwa E. Wako President Busoga Lukiko yeyasing, eyawondirira ye Ngobi yafuna emikono 2, abalala tebafuna . Bwatyo yakakasibwa okubera KYEBAZINGA ku 11th. February, 1939.
Olumeku olwali olusoka mumaku enkulu esabadewo munsi ye Busoga Olunaku olwo lwakwatibwa nekitibwa kinene nyo nyo , abantu bona abaBusoga Abami nabakopi, Abasaja naBakyala, Abalulu nabato bakunganira mukibuga Bugambe . Owekitibwa P. S. L.P. Bwana Dudley Rourgue , D. C. Busoga Bwana C. C. Moel . Ababaka ka. Katikiro Nsuganda Owekitibwa Mantini L. Nsibirwa ku lwa Buganda OweSaza Kasija Lukwani Kulwa Bunyoro , nabari bangi abava, Teso, Bugwere, Budama, ne Bugishu Desirious baliwo. Omalabirizi Mu Uganda owa C. M. S. Stuart , Omulabirizi wa Mill Hill, Bishop Reencenh , Abayunge bangi aba Africaians baliwanga Owekitibwa E. Wako atekebwako okubera Kyebazinga wa Busoga .

Mbega Semabaga eyafumbirwako ente amangi, Embuzi , omigaali era eyaliko ebinumu byona eyabuli ngeri ebyo mu Busoga.

Emanyo okuwegana nokusina era nokuzamba omuira byaliwo Ebintu bingi ebyakolebwa ebitabangawo kasokede Busoga eberawo

Bwatyo owekitibwa E. Wako nakasibwa obwa Kyebazinga wa Busoga nga bumukwasibwa P. C. S. P. walinya lya Gavumenti ya Sabasaja Kabaka George VI . mumaso gabantu bona abe Busoga, wakati mulukiko lwaBusoga nga ababaka bona abengeri n bona nga bwebategezebwa enyulu nga webali mulukiko bulabe ayo omufuzi obugye obwa Kyebazinga wa Busoga pe butandika okuva kulumuku

olwo 11th. February, 1959 nga yemufuzi atali Kabaka, naye nga yemukulembeze wegwanga lyna erya Busoga, afuga ekiserakye kyona kyona kyabereramu nga akyasobola okufuga eranga akyasimibwa mumurimugwe nga siwansikirano, Kakano ye Kabazinga okuva mukisera kinao ; erinya lya President Busoga Lukiko nerigiwawo nerifa.

THE HISTORY OF BUSOGA

Y.K. Lubogo

A preserved Luganda historical manuscript concerning Busoga, presented in a new archival publication design.

The original manuscript is retained in its historical language and visual character, with the publication presentation renewed for contemporary readers and preservation.

SUIGENERIS PUBLISHERS

Knowledge • Heritage • Future